Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

EQUIPPING CHURCH LEADERS
• EAST AFRICA •

**OKUTENDEKA ABAKULEMBEZE BA'MAKANISA MU BUVANJUBA BWA'FRICA**

# OBUWANIKA OBW'OMU BAYIBULI

**kyawandiikibwa**

**Jonathan M. Menn**

**B.A.University of Wisconsin-Madison, 1974**
**J.D., Cornell Law School, 1977**
**M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007**

**Equipping Church Leaders East Africa, Inc.**
**714 S. Summit St., Appleton, WI 54914**
**+1-920-2846841 (mobile and WhatsApp)**
**jonathanmenn@yahoo.com**
**www.eclea.net**

mu mwezi gwo'mwenda mu mwaka 2008; kyalongoosebwamu mu mwezi gwo'kubiri 2014; kyatereezebwa July 2014; Omwezi gw'ekkumi nogumu 2016
**Kyavuunulwa Gumikiriza Ivan**
**+256-700570103**
**Gumikirizaivan7@gmail.com**

Okwanjuluza n'okuteekesa mu nkola Ekigambo kya Katonda ekikwata ku buwanika obw'omu Bayibuli, okuzingiramu amakulu, obutonde, n'ekikula ky'obuwanika obw'omu Bayibuli, n'emirimu gyaffe n'obuvunaanyizibwa bwaffe ng'abawanika mu bitundu by'obulamu bwaffe ebikulu. Obuwanika bw'obutonde bukwatiddwako nnyo, ebirowoozo byaffe, ebiseera byaffe, emibiri gyaffe, sente zaffe n'eby'obugagga byaffe, enkolagana, n'ekkanisa: ssente n'ebintu, n'ekkanisa: omulimu gwayo omukulu n'ekigendererwa kyayo; ekkanisa n'ebyensimbi; n'obuvunaanyizibwa bw'ekkanisa eri abaavu n'abali mu bwetaavu.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**EBIRIMU**

**OKUYITIBWA KWAFFE NG'ABAWANIKA**……………………………………………….…...……………4

**I. Amakulu "g'Omuwanika"**………………………………………………………………………...4
**A.** ***Abawanika mu Ndagaano Enkadde***…...…………………………………………………………….4
**B.** ***Abawanika mu Ndagaano Empya***…..………………………………………………………………4

**II. Obutonde n'Ekikula ky'Obuwanika bw'Omuntu**………………………………………………...4
**A.** ***Okuva mu kiseera Katonda lwe yasooka okutonda omuntu, yafuula abantu abawanika ba buli kintu ekiriwo***……..…………………………………………………...……………...4
**B.** ***Obuvunanyizibwa bwaffe obusooka ng'abawanika ba Katonda kubeera na nkolagana ntuufu ne Katonda yennyini***……..…………………………………………………………….5
**C.** ***Yesu anyonnyola kiki obuwanika kye kitegeeza mu ngero ssatu***…………………..…………………6

**OBUWANIKA BW'OBUTONDE**…………………………………………………….………………….7

**I. Ensi ne Buli Kintu Ekigirimu Ya Katonda**………………………………………………………….7
**A.** ***Katonda ye mutonzi w'ensi na buli kintu ekigirimu***…………………………………………...........7
**B.** ***Ensi n'ebintu byonna ebigirimu ya Katonda***…………………………………………………………..8

**II. Ensi ne Buli Kintu Ekigirimu Eraga Katonda n'Ekitiibwa Kye**………………………………………8
**A.** ***Buli kintu Katonda kye yatonda kirina omugaso n'omuwendo gwakyo ogw'obutonde kubanga Katonda ye yakitonda***……………………………………………………………………...8
**B.** ***Buli kintu kiraga Katonda***……………………………………………………………………………8

**III. Ebitegeezebwa Obutonde n'Obuwanika bw'Omuntu ku Butonde**………………………...........9
**A.** ***Tulina kusinza Katonda yekka; tetulina kusinza emmunyeenye, ensi, ebimera, ebisolo, oba ekintu kyonna ekyatondebwa)***……………………………………………………...........9
**B.** ***Katonda yawa omuntu obuyinza "okufuga," "okulima,"ne "okukuuma" ensi yonna n'ebitonde byonna ebigirimu (Lub 1:28; 2:15***…………………………………………….............9
**C.** ***Tetulina kunyunyunta, okwonoona, oba okutabangula obutonde, naye tulina kubuyisa bulungi***………………………………………………………………………………….............10
**D.** ***Tulina okukola byonna nga tulowooza era nga tukozesa amagezi mu kufuga obutonde***……................11
**E.** ***Twetaaga okuwonya obutonde bwaffe***…………………………………………………….................12
**F.** ***Twetaaga okufuba okwongeza obulungi bw'obutonde***…………………………………………….13

**OBUWANIKA BW'OMUNTU YENNYINI NEBIRALA** ……………..…………………………..........13

**I. Ennyanjula**………………………………………………………………………………………..13
**A.** ***Obulamu Obukristaayo lugendo, so si mukolo***………………………………….……………...13
**B.** ***Abakristaayo bonna baba bawanika b'mibiri gyabwe n'emyoyo gyabwe***…………………………...........13

**II. Obuwanika bw'Ebirowoozo Byaffe**………………………………………………………………13
**A.** ***Buli omu, mu buli buwangwa, alina engeri gy'ategeeramu ensi, ekintu ekisalawo ku ngeri gyanaatambuzaamu obulamu bwe***……………………………………………………………13
**B.** ***Bayibuli entukuvu kwe kubikkulirwa kwa Katonda okw'enjawulo eri omuntu***……………….........14
**C.** ***Entegeera yaffe ey'ensi yeetaaga okutuweebwa n'okulagibwa Ebyawandiikibwa***……………………..14
**D.** ***Embala enkusifu eziraga ebirowoozo ebimaze okuzzibwa obuggya***…………………………………….15
**E.** ***Kubanga entegeera yaffe ey'ensi yeesigamizibwa ku Bayibuli, tuteekwa okunyonnyola obulungi Bayibuli*** ………………………………………………………………………..17

**III. Obuwanika bw'Ebiseera Byaffe**…………………………………………………………………19
**A.** ***Ebiseera bulamu***………………………………………………………………………….……19
**B.** ***Gye tulibeera mu bulamu bwaffe obutaggwaawo n'engeri gye tulibeera mu bulamu obwo esinziira ku ekyo kye tukola n'obulamu bwaffe kati***……………………………………...20
**C.** ***Ennono enkulu mu nkozesa y'obudde***…………………………………………………….............20
**D.** ***Okuwa omuntu omulala omulimu n'obuvunanyizibwa***…………………………………………...23
**E.** ***Ebirala ebyeyongerako ku buwanika bw'obudde***…………………………………………………24

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**IV. Obuwanika bw'Emibiri Gyaffe…………………………………………………………………..26**
**A.** ***Emibiri gyaffe birabo eby'omugaso era ebyewuunyisa ebya Katonda…………………………………26***
**B.** ***Emibiri gyaffe gyakolebwa mu ngeri ey'enjawulo kubanga twatondebwa mu kifaananyi kya Katonda, n'emibiri gyaffe yekaalu ya Mwoyo Omutukuvu……………………….................27***
**C.** ***Waliwo okukwatagana wakati w'embeera yaffe ey'omubiri n'embeera yaffe ey'ebirowoozo, ey'obusimo, n'ey'omwoyo…………………………………………………………………..............27***
**D.** ***Tulina okunyonnyola Katonda ku bye tukoze mu buwanika bwaffe obw'emibiri gy'atuwadde.............28***

**V. Obuwanika bw'enkolagana yaffe………………………………………………………………......30**
**A.** ***Enkolagana eyesigamiziddwa ku nkola ne'nkolagana eyesigamizibwa ku kisa………………………..30***
**B.** ***Tuyitibwa okwolesa omukwano mu nkolagana zaffe zonna………………………………………….32***
**C.** ***Engeri gye tuyisaamu abantu eraga ddala kye tulowooza ku Katonda…………………………………32***
**D.** ***Bye tukola mu bulamu buno—naddala engeri gye tuyisaamu abantu—ejja kuba mutindo gwe tulina Okusalirwa omusango ku nsala esembayo…………………………………………….33***
**E.** ***Olukalala lw'ebintu eby'omugaso mu bulamu bwaffe okusinziira ku bukulu bwabyo……..................34***
**F.** ***Engeri ez'omugaso ez'okulaga omukwano: ennimi ettaano ez'omukwano……………………….....35***

**OBUWANIKA BWA SENTE N'EBY'OBUGAGGA………………………………………………….38**

**I. Endowooza ya Bayibuli ku sente n'Eby'Obugagga…………………………………………………38**
**A.** ***Katonda y'afuga buli kintu, omuli sente n'eby'obugagga……………………………………………38***
**B.** ***Buli kye tulina, mu butuufu si "kyaffe"—byonna bituwoleddwa Katonda; tulibawanika be (kwe kugamba, abawanika b'eby'obugagga bwe) era tulivunaanibwa okumunyonnyola bye twakola mu buwanika bwaffe…………………………………………………………….............38***
**C.** ***Katonda ayinza okutuwa omukisa ne sente n'eby'obugagga ebirala, naye ekkubo ly'ajja okuyitamu okutuwa omukisa ly'ery'okusooka okulaba nti tukoze bulungi, nga tusoose kuwa ye n'okwagala kwe ekifo ekisooka mu bulamu bwaffe……………………………..........38***
**D.** ***Ekintu ekisinga okuba eky'omugaso gye tuli kwe kubeera n'endowooza entuufu ku Katonda n'obukulu bwe mu bulamu bwaffe, ku sente, ne ku by'obugagga bye tulina……………………..39***
**E.** ***Obuwanika bwa sente n'eby'obugagga obulungi bulimu bino wammanga……………………………39***
**F.** ***Wakati mu buweereza bwa sente zaffe n'eby'obugagga byaffe kwe kutoola…………………………...40***
**G.** ***Katonda awa enkozesa entuufu eya sente zaffe n'eby'obugagga bwaffe omukisa*** **n'empeera...............40**
**H.** ***Kubanga bwe buwanika obuva eri Katonda, enkozesa yaffe eya sente n'eby'obugagga mu butuufu nsonga ya mwoyo era erina omugaso munene…………………………………………..40***
**I.** ***Ebirina okuteekebwa mu nkola mu buwanika bwa sente n'eby'obugagga………………….............40***

**II. Okugaba……………………………………………………………………………………………42**
**A.** ***Katonda mugabi…………………………………………………………………………………..42***
**B.** ***Okugaba mu Ndagaano Enkadde: etteeka ery'ekimu eky'ekkumi………………………………........44***
**C.** ***Okugaba mu Ndagaano Empya: kwa kyeyagalire, kukolebwa mu bungi, okusinziira ku busobozi bw'omuntu okusisinkana ebyetaago bya ddala……….…………………………………...51***
**D.** ***Okugaba okusinziira ku Yesu………………………………………………………………..........55***
**E.** ***Okugaba okusinziira ku Batume…………………………………………………………………60***

**III. Okunenyezebwa kw'Enjiri ey'Okugaggawala…………………………………………………..64**
**A.** ***Kiki "enjiri ey'okugaggawala" ky'eri……………………………………………………………64***
**B.** ***"Enjiri ey'okugaggawala" erina endaba ya Katonda, enteekateeka ya Katonda, n'enjiri enkyamu………………………………………………………………………………………..66***
**C.** ***"Enjiri ey'okugaggawala" erina entegeera enkyamu ku kukkiriza n'okusaba……………..............69***
**D.** ***"Enjiri ey'okugaggawala" erina endowooza enkyamu ku sente n'okugaggawala………….............73***
**E.** ***"Enjiri ey'okugaggawala" erina endowooza enkyamu ku kugaba………………………….............75***
**F.** ***"Enjiri ey'okugaggawala" erina enkozesa embi ey'ebiwandiiko bya Bayibuli kwe yeesigamye era ebinyonnyola bubi…………………………………………………………………………76***
**G.** ***"Enjiri ey'okugaggawala" enyonnyola bubi ebiwandiiko bya Bayibuli kwe yeesigamye……….....79***
**H.** ***Ebirala ebyeyongerako ebikwata ku njiri ey'okugaggawala………………………………………....84***

**EBY'OKWONGERAKO—Enjiri ey'Okugaggawala: Ya Bulimba era Etta……………….................85**

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**OBUWANIKA BW'EKKANISA**……………………………………………………………………..87

**I. Obubaka bw'Ekkanisa n'Ekigendererwa Kyayo**…………………………………………….............87
**A.** ***Ekkanisa eriwo olw'ekisa kya Katonda ne ku lw'ekitiibwa kye***………………………………...............87
**B.** ***Ekisa kya Katonda kilabisibwa mu ffe, era aweebwa ekitiibwa mu ffe, okuyita mu kukkiriza kwaffe mu ye***…………………………………………………………………………………...............87
**C.** ***OKUSINZA—Obubaka bw'ekkanisa n'ekigendererwa kyayo bisangibwa mu kusinza Katonda***…………………………………………………………………………………...............87
**D.** ***ENKULAAKULANYA (OKULEERA)—Obubaka n'ekigendererwa ky'ekkanisa kisangibwa mu kuteekateeka abatukuvu olw'omulimu gw'obuweereza***………………………………...............89
**E.** ***OBUBAKA OBW'EBWERU (OKUTUUKIRIRA AB'EBWERU)—Obubaka n'ekigendererwa ky'ekkanisa bisangibwa mu kuweereza n'okutuukirira abo abali ebweru w'ekkanisa***…..............90
**F.** ***OBUMU (OBULAMBA)—Obubaka n'ekigendererwa ky'ekkanisa bisangibwa mu kulaga obumun'obulamba***…………………………………………………………………………….92

**II. Ekkanisa ne Sente**………………………………………………………………………………….95
**A.** ***Ekkanisa yeetaaga okulaga enkozesa y'ensimbi zaayo***………………………………………............95
**B.** ***Ekkanisa yeetaaga okukozesa sente zaayo n'ebikozesebwa byayo okusinziira ku mbalirira eri mu buwandiike***………………………………………………………………………………..97
**C.** ***Ekkanisa erina okusasula omusumba waayo***………………………………………………...............98
**D.** ***Enkozesa ya sente ekolagana butereevu n'obubaka obw'omwoyo obw'ekkanisa n'obulungi bwayo***……………………………………………………………………………………...100

**III. Obuvunaanyizibwa bw'Ekkanisa eri Abaavu n'Abali mu Bwetaavu**……………………………..102
**A.** ***Mu Bayibuli yonna okufa ku baavu n'abali mu bwetaavu kukkaatirizibwa***…………………….........102
**B.** ***Ekitundu ekikulu eky'ebyawandiikibwa ekyogera mu bujjuvu ku ngeri ekkanisa gy'erina okuyambamu abaavu n'abali mu bwetaavu ye 1 Tim 5:3-16***…………………………............102
**C.** ***Pawulo ateesa ku nnono ez'enjawulo eziraga ani ekkanisa gw'erina okuyamba***…………………….102
**D.** ***Ebirowoozo ebirala ebikwata ku 1 Tim 5:3-16 n'okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu***………......103
**E.** ***Ebiva mu kanisa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwayo obw'okulabirira abaavu n'abali mu bwetaavu***………………………………………………………………………………..…….105

**EBITABO EBYEYAMBISIBBWA**…………………………………………………..…………..105

**OMUWANDIISI**……………………………………………………………………………………..108

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

# OKUYITIBWA KWAFFE NG'ABAWANIKA

## I. Amakulu "g'Omuwanika"

### A. *Abawanika mu Ndagaano Enkadde*

1. Ebigambo eby'Olwebbulaniya ebisinga okunyonnyola obulungi omuwanika by'ebigambo *ha ish asher al bayit*, "omusajja [oba, oyo]alina obuvunanyizibwa ku nyumba [oba, eby'omu nju]" (laba **Lub 39:4-5; 43:16, 19; 44:1, 4**, enyiriri ezo zonna zoogera ku musajja alina obuvunanyizibwa ku nyumba ya Yusuufu).
2. Newakubadde ebigambo eby'enjawulo bye bikozeseddwa, ekirowoozo kye kimu ekikozeseddwa ku Erieza, omuwanika w'ennyumba ya Ibulayimu (laba **Lub 15:2**).
3. Omuwanika ye muntu alabirira enyumba y'omuntu omulala. Aweebwa obuyinza era awa alipoota eri mukama we ku ngeri gy'akozesaamu ebintu bye. Omuwanika yavunaanyizibwanga amaka ga mukama we n'eby'obugagga bye. Ekyo kirabika lwatu mu buwanika bwa Erieza, eyaweebwa obuvunanyizibwa obw'okufunira Isaaka omukazi.

### B. *Abawanika mu Ndagaano Empya*

Ekirowoozo ky'omuwanika okubeera omuntu aweereddwa obuyinza ku nnyumba ya mukama we era alina okuwa alipoota eri mukama we ku ngeri gy'akuttemu ebintu bye esangibwa ne mu Ndagaano Empya.

1. Ebigambo bibiri eby'Oluyonaani bikozesebwa mu Ndagaano Empya okulaga ekifo ky'omuwanika:
   a. *Epitroposo*—musigire, nampala, omuwanika, omukuumi (laba **Mat 20:8; Luk 8:3; Bag 4:2**);
   b. *Oikonomos*—omusigire w'enju oba eby'obusika , omuwanika, omukuumi laba ne **Luk 12:42; 16:1, 3, 8; Bag 4:2**). Mu **Bar 16:23** ekigambo kitegeeza omuwanika w'abantu mu kibuga.
2. Ebigambo bombi bisangibwa wamu mu **Bag 4:2**, gye bivvuunulwa nga "abasigire n'abawanika" (mu Bayibuli ey'Oluganda), ekiraga nti byombi bitegeeza ekintu kye kimu.
3. Mu Ndagaano Empya ekigambo *oikonomos* nakyo kiweereddwa amakulu ag'omuntu aweereddwa obuvunanyizibwa obw'okukola ku nsonga ez'omwoyo.
   a. *Abakristaayo bonna bayitibwa "abawanika"mu Ndagaano Empya:* **1 Kol 4:1-2** egamba: "*[1]Omuntu atulowoozenga bw'ati, nga tuli baweereza ba Kristo era abawanika b'ebyama bya Katonda. [2]Era wano kigwanira abawanika, omuntu okulabikanga nga mwesigwa..*" **1 Peet 4:10** mu ngeri y'emu egamba: "*Nga buli muntu bwe yaweebwa ekirabo, nga mukiweereza mwekka na mwekka bwe mutyo, ng'abawanika abalungi ab'ekisa kya Katonda.*"
   b. *Abakulembeze b'ekkanisa nabo bayitibwa "abawanika": "Kubanga omulabirizi kimugwanira obutabaako musango ng'omuwanika wa Katonda"* (**Tito 1:7**).

## II. Obutonde n'Ekikula ky'Obuwanika bw'Omuntu

### A. *Okuva mu kiseera Katonda lwe yasooka okutonda omuntu, yafuula abantu abawanika ba buli kintu ekiriwo*

1. **Lub 1:26-28** eraga entandikwa y'obuwanika bw'omuntu ku bitonde byonna. *[26]Katonda n'ayogera nti, "Tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe; bafugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu n'ente n'ensi yonna na buli ekyewalula ku nsi." [27]Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda. [28]Katonda n'abawa omukisa; Katonda n'abagamba nti "Mweyongerenga mwalenga mujjuze ensi mugirye; mufugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu na buli ekirina obulamu ekitambula ku nsi."*
   a. Ekiragiro kya Katonda eri Adamu ne Kaawa kitera okuyitibwa "ekiragiro okufuga" (kubanga omuntu alagiddwa okufuga ebitonde byonna), oba "ekiragiro eky'obuwangwa" (kubanga omuntu alina okwala n'okujjuza ensi).
   b. Obuwanika bw'ebitonde Katonda bwe yawa omuntu bwaweebwa omusajja n'omukazi kyenkanyi (**Lub 1:28**).
   c. *"Okujjuza ensi" n'amazima nti ekiragiro ky'obuwanika kyaweebwa omusajja n'omukazi kyenkanyi kiwa obuwanika bwaffe ekitundu ekyekuusa ku nkolagana.* Tuyinza okugamba nti, tetuli bawanika "b'ebintu" eby'oku nsi kyokka, naye era tuli bawanika b'abantu be tukolagana nabo n'enkolagana zaffe n'abantu abo.
   d. *Mu **Lub 1:28** ekigambo eky'Olwebbulaniya ekitegeeza* "*okujjuza" ye kahvash.* Kiraga enkozesa y'amaanyi agafugibwa era agalowoozeddwako. Tuyinza okugamba, abantu balina okukola ku bitonde bya Katonda nga bakozesa okumanya kwonna n'amagezi gonna

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

agaabaweebwa okukozesa.

2. Enyiriri mu **Lub 2:15-17** zitulaga ebigambo ebirala n'obukwakkulizo obulala obw'obuwanika bwaffe. *[15]Mukama Katonda n'atwala omuntu, n'amuteeka mu lusuku Adeni alulimenga alukuumenga. [16]Mukama Katonda n'alagira omuntu n'amugamba nti Buli muti ogw'omu lusuku olyangako nga bw'onooyagalanga; [17]naye omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi ogulyangako: kubanga olunaku lw'oligulyako tolirema kufa."*

a. *Mu **Lub 2:15** Katonda agamba Adamu "okulima" ne "okukuuma" olusuku* (laba ne **Lub 2:5**; **3:23**).

(1) "Okulima" (*abad*) kitegeeza "kukola," "kuteekateeka ettaka n'okulikozesa," "okuweereza." Waliwo ebitundu bibiri ebya "okulima," nga bwe bwaweebwa mu buvunaanyizibwa obw'obuwangwa oba obw'obufuzi:

(A) Okulima oba okukola kitegeeza okutondawo ekyo ekirungi era eky'omugaso.

(B) Ekigambo eky'Olwebbulaniya ekitegeeza "okulima" oba "okukola" (*abad*) nakyo kitegeeza "okuweereza" era nga "okukola."

(C) N'olw'ekyo, obuwanika bwaffe ku bitonde bulimu okukola mu ngeri y'okutondawo obulungi, nga tulina ekirowoozo nti tuli baweereza b'omutonzi waffe mu kuweereza abalala.

(2) "Okukuuma" (*shamar*) kitegeeza "okukuuma," "okulabirira," "okutereka," "okukola ekintu n'obwegendereza." Ekyo kitegeeza nti tuvunaanibwa okulabirira n'okukuuma ebyo ebiri wansi w'obuyinza bwaffe ng'abawanika.

b. *Enkozesa entuufu ey'obufuzi bw'omuntu ku butonde eragiddwa mu **Lub 2:19-20.*** Eky'okulabirako ekisooka ekirabikirawo mu Byawandiikibwa eky'obufuzi bw'omuntu ku butonde kisangibwa mu **Lub 2:19-20,** Katonda mwe yaweera Adamu omulimu ogw'okutuuma ensolo amannya. Okuwa ebintu amannya nakwo ngeri ya kukozesa obuyinza. Kulimu okwawula, okuteeka mu bibiina, n'okuteekateeka okusinziira ku bika. Ebyo byonna byesigamizibwa ku kwetegereza, okutegeera, n'ensonga. Ekyo kiraga nti Adamu yakozesa ekitundu ekyo eky'obuvunanyizibwa bwe mu ngeri nnungi.

3. Mu **Lub 2:15-17** Katonda yeesigalizza obwa nannyini obw'oku ntikko n'obuyinza ku bitonde.

a. Katonda yawa omuntu obuvunanyizibwa n'obuyinza, naye yateekawo amateeka n'ekkomo ku buyinza bwe yawa omuntu, kubanga ye y'akuuma obwa nannyini ku buli kintu.

b. Katonda ayagaliza omuntu alipoota ku ngeri gy'akozesaamu obuwanika bwe (laba **Lub 3:14-19**).

c. Oluvannyma lw'okugwa kw'omuntu mu kibi, newakubadde Katonda yagoba Adamu ne Kaawa okuva mu lusuku, teyabajjaako buwanika bwe yali yabawa ku nsi n'ebitonde byayo (**Lub 3:14-24; Zab 8:4-8**).

d. Ng'abawanika ba Katonda, tujja kusabibwa okuwa alipoota ku kiki kye tukoze n'obuwanika bwaffe (laba **Mat 25:14-46; Luk 12:35-48; 16:1-13; Beb 9:27-28; 2 Peet 3:7; Kub 20:11-15**).

**B.** ***Obuvunanyizibwa bwaffe obusooka ng'abawanika ba Katonda kwe kubeera na nkolagana ntuufu ne Katonda yennyini***

Nga tunabeera abawanika abeesigwa, tuteekwa okubeera n'enkolagana entuufu ne mukama waffe mu kifo ky'okumujeemera. Ekkubo lyokka erisobozesa ekyo okubeerawo kwe kuyita mu Yesu Kristo. Ekikulu ekiri mu kuteekawo enkolagana ne Katonda okuyita mu Kristo kye kino:

1. Katonda mutuukirivu. Awali okubeerawo kwe tewali kibi n'akatono. Ataddewo amateeka amatuukirivu ku lw'omuntu. Katonda kwagala **(1 Yok 4:8).** Tayagala muntu yenna azikirire **(2 Peet 3:9).** Katonda mutukuvu **(Isa 6:3; Kaab 1:13)** era wa bwenkanya, n'olw'ekyo ateekwa okubonereza ekibi **(Bar 6:23).**

2. Abantu boonoona mu birowoozo, kwegomba, ebigambo n'ebikolwa, mu kukola ne mu butakola. Abantu bonna balina amaanyi ag'ekibi eky'omunda mu bo. Abantu boonoona olw'obutonde n'olw'okusalawo. Bagaana Katonda n'amakubo ge mu bugenderevu. Babulidde mu kibi, boolekedde okufa n'okusalirwa omusango, n'okwerongoosa oba okwelokola (**Bar 1:18-32; 3:10-18, 23; 6:23a; 14:23; Yak 2:10; 4:17**)

3. Yesu Kristo ye Katonda-Omuntu ataggwawo. Yafiira ku musalaba n'azuukira okuva mu bafu okusasula ekibonerezo eky'ebibi byaffe n'okutugulira ekifo mu ggulu, ky'atuwa ng'ekirabo eky'obwereere (**Isa 9:6; 53:6; Yok 1:1-14; 1 Kol 15: 3-4; 2 Kol 5:21; 1 Peet 2:24**)

4. Olw'ekisa kye kyokka, Katonda atuwa obulokozi ng'ekirabo eky'obwereere; si ky'ekintu abantu abajeemu era aboonoonyi kye bayinza okusasulwa oba kye bagwanidde okuweebwa **(Isa 9:6; 53:3-11; Yok 1:14; 1 Kol 15:3-4; 2 Kol 5:17-21; Bef 1:3-14; 1 Peet 2:24).** Obulokozi Katonda

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

bw'atuwa olw'ekisa kye bulimu obulamu obutaggwaawo, oba okubalibwa abatuukirivu (okubeera mu kifo ekirungi mu maaso ga Katonda), obulamu obuggya, okutukuzibwa (empisa ennungi mu maaso ga Katonda), ekirabo eky'Omwoyo ajja mu ffe okutulung'amya mu kkubo ery'obulamu obuggya, n'emibiri emiggya egy'ekitiibwa mwe tulibeera mu ggulu eppya n'ensi empya (**Yok 10:10; 14:1-20; Bar 6:3-6; 8:9-17, 26-39; 1 Kol 15:35-57; Bef 2:8-9**).

5. Twetwalira ekisa kya Katonda nga tuyita mu kwenenya obulamu bwaffe obukadde obwagala okwekolera ebyabwo, n'okwaniriza Yesu Kristo ng'Omulokozi waffe okuyita mu kukkiriza. Okukkiriza kitegeeza okwesiga Yesu Kristo yekka olw'obulamu obutaggwaawo (**Yok 1:12,3:16; Bik 16:29-31; 17:30-31; Bar 10:8-13; 2 Kol 7:10; Bef 2: 8-9**). Okukkiriza kwaffe kulabika nga bwe tufuuka nga Kristo mu kubeerawo ku lulwe n'okugondera ekyo, okuyita mu kigambo kye, ky'atugamba okukola (**Yok 14:21-24; Bef 2:10**).

**C. *Yesu anyonnyola kiki obuwanika kye kitegeeza mu ngero ssatu***

1. Olugero lw'abaddu abeesigwa n'abatali beesigwa (**Mat 24:45-51; Luk 12:42-48**).

a. *Mu lugero luno Yesu akozesa ekika ky'omulimu ekikusike* (okugaba emmere—**Mat 24:45; Luk 12:42**), empeera y'obwesigwa (obukuumi bw'eby'obugagga bya mukama wo—**Mat 24:47; Luk 12:44**), obuvundu bw'empisa (okulwana n'okutamiira—**Mat 24:49; Luk 12:45**) eby'abawanika ab'omulembe ogwasooka.

b. *Empeera n'ebibonerezo eby'abaddu abeesigwa n'abatali beesigwa* (**Mat 24:50-51; Luk 12:46-48**) bifaananyi by'Olunaku olw'okusalirwa omusango olugenda okubaawo ku nkomerero, kubanga okwogera kwa Yesu ku "kukaaba n'okuluma obujiji" mu lugero oluli mu Matayo (**Mat 24:51**) lwe lulimi olukozesebbwa ennyo awantu awalala okutegeeza okubonerezebwa mu Ggeyeena (laba **Mat 25:30; Luk 13:28**).

c. *Amakulu amajjuvu ag'olugero gali nti:* "(1) Katonda alisasula era alibonereza abantu ku lunaku olw'omusango ogulisembayo okusinziira ku buwanika bw'omulimu ogwabaweebwa.
(2) Obuwanika obulimu obwesigwa bwetaaga obugumiikiriza n'okusigala mu kukkiriza, kubanga enkomerero eyinza okutuuka obudde bwonna. (3) Abo aboongerayo obuvunanyizibwa bwabwe ne bagenda mu maaso n'okukola ebibi mu kiseera kino mu nnaku bayinza okwesanga nga obudde obw'okutereeza ebyo bye baasobya bubayiseeko." (Blomberg 1990: 193)

2. Olugero lw'omuwanika atalina bwesigwa (**Luk 16:1-13**).

a. *Yesu yabuulira olugero luno mu kuyigiriza abayigirizwa be.* Yali tagamba nti abo abateewaddeeyo bakozese sente zaabwe okusobola okufuna obulokozi bwabwe. Era tawagira kulimba oba buli bwa nguzi. Mu kifo ky'ekyo, newakubadde omuntu tasobola kuweereza Katonda ne mamona (**Luk 16:13**), abo abasangiddwa nga bagoberezi be bateekwa okulaga ebibala eby'okwewaayo kwabwe mu by'obugagga byabwe eby'ensi, kubanga ekyo kigezo kya mugaso eky'obuyigirizwa.

b. *Ensonga enkulu mu lugero luno ziri nti:* (1) Abantu ba Katonda bonna bajja kuyitibwa okunyonnyola ekikula ky'obuweereza bwabwe eri ye. (2) Okweteekateeka olw'okunyonnyola okwo kulina okutwaliramu enkozesa entuufu ey'ebikozesebwa byonna, naddala ku ludda olwa sente. (3) Nga nanyini kintu, Katonda y'alina obuyinza—wadde mu bulamu buno—okutujjako eddembe lyaffe ery'obuwanika oba obuvunanyizibwa bwaffe bwe tuba nga tetulikozesa bulungi. N'olw'ekyo, twetaaga okukozesa eby'obugagga byaffe okuzimba obwakabaka bwa Katonda. Mu kukola ekyo, tujja kubanga tutebenkeza ebiseera byaffe ebijja ebitaggwaawo.

c. *MacDonald agattako bino wammanga ebikwatagana n'enyiriri **8-9**:* "Waliwo ekintu kimu kyokka omuwanika atalina bwesigwa kye yali asobola okutenderezebwamu, ky'eky'okuba nti yeetegekera ebiseera eby'omu maaso. Yatwala eddaala okukakasa nti asigaza emikwano oluvanyuma lw'obuwanika bwe okuggwaawo. Yakolerera ebiseera bye eby'omu maaso mu kifo ky'okukolera "emmere ya leero.". . . Awo, abatannaba kulokoka bagezi okusinga Abakristaayo. Okusobola okukitegeera, tuteekwa okumanya nti, obulamu bw'Omukristaayo obw'ebiseera eby'omu maaso tebuli wano ku nsi naye mu ggulu. Eno y'ensonga enkulu. Obulamu obw'ebiseera eby'omu maaso eby'omuntu atali mukkiriza by'ebiseera wakati wa kaakati n'entaana. Ebiseera eby'omu maaso eby'omwana wa Katonda bitegeeza okubeera mu bulamu obutaggwaawo ne Kristo.

Wano, olugero luba lutegeeza nti abantu abatannazaalibwa omulundi ogw'okubiri bagezi era bakola na maanyi mu kwetegekera ebiseera byabwe eby'omu maaso eby'okunsi okusinga Abakristaayo bwe beetegekera ebiseera byabwe eby'omu ggulu . . . Mamona ow'obutali butuukirivu ye sente oba eby'obugagga ebirala eby'okunsi. Naye tuyinza okukozesa ebintu ebyo okuwangula abalala okubaleeta eri Kristo. Abantu abawanguddwa

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

okuyita mu nkozesa ya sente zaffe n'obwesigwa wano bayitibwa "emikwano." Olunaku lwe tujja okulemwa lujja (oba lwe tulifa oba lwe tulitwalibwa Kristo mu ggulu ku lunaku olw'Okusitulibwa). Ab'emikwano abawanguddwa okuyita mu nkozesa ennungi ey'eby'obugagga byaffe bajja kukola ng'akakiiko akagenda okutwaniriza mu bifo bye tulibeeramu emirembe n'emirembe.

Eryo ly'ekkubo abawanika abagezi lye bayitamu okuteekateekera ebiseera byabwe eby'omu maaso—si mu ngeri ey'okukozesa eby'obugagga byabwe ebitono mu kunoonya obutebenkevu ku nsi, ekintu kye batayinza kutuukako; wabula mu kufuba n'okuyaayaana okungi okwetooloolwa mu ggulu ab'emikwano be baawangula ne babaleeta eri Kristo okuyita mu sente zaabwe." (MacDonald 1975: 25-26)

3. <u>Olugero olwa talanta (**Mat 25:14-30**).</u>

a. *Mu kusooka talanta bwe bwali obuzito obusinga obunene omuntu owa bulijjo bw'ayinza okusitula mu biseera eby'Endagaano Enkadde (wakati wa kilo 26 ne 56 [oba latiri 60-125]).* Yafuuka ekipimo eky'omuwendo ogw'enkana ne sekeri 3000 (mu Ndagaano Enkadde) ne dinari ezitakka wansi wa 6000 (mu Ndagaano Empya). Dinari emu gwe gwali omusaala gw'omukozi ogw'olunaku olumu (n'olw'ekyo, talanta emu = kumpi omusaala ogw'emyaka 20). Enkozesa y'ekigambo "talanta" okutegeeza "obusobozi" erabika okuva ku lugero luno.

b. *Ensonga enkulu mu lugero luno ziri bwe ziti:* "(1) nga Mukama waffe, Katonda agabira abantu bonna ekitundu ky'eby'okukozesa bye, ng'abasuubira okubikozesa ng'abawanika abalungi. (2) Ng'abaweereza abalungi ababiri, abantu ba Katonda balisiimibwa n'okuweebwa empeera nga batuukirizza obuvunanyizibwa bwabwe n'obwesigwa. (3) Ng'omuweereza omubi, abo abaliba balemeddwa okukozesa ebirabo Katonda by'abawadde olw'obuweereza bwe balibonerezebwa mu kubaawukanya ku Katonda n'ebirungi ebirala byonna." (Blomberg 1990: 214)

c. *Ebintu ebirala ebyeyongerako n'enteeka mu nkola ey'olugero luno:*

(1) <u>Mu lugero luno, omugagga ono yagabira abaweereza be talanta ezitenkanankana *"buli omu okusinziira ku busobozi bwe"* (**Mat 25:15**).</u> Katonda tatuwanga kintu kyonna kye tutasobola kukozesa, oba okukiwa buli omu ng'omuntu (**Mat 25:20, 22**), oba okuyita mu balala (nga, banka—**Mat 25:27**). N'olw'ekyo, Katonda atusuubira okukozesa buli ky'atuwadde n'obwesigwa.

(2) <u>Ng'abaweereza mu lugero bwe baali abawanika ba buli kintu mukama wabwe kye yabawa, naffe tuli bawanika ba buli kintu Katonda ky'atuwadde, nga mwe muli ebyo bye tulina, bye tukola, bye twogera, bye tulowooza, ne kye tuli (**1 Kol 10:31; Bak 3:17**).</u>

(3) <u>Bwe tutakozesa bulungi ebyo ebituweereddwa okuwanika, olw'okuba nti Katonda akyasigadde nga nannyini bintu by'atuwadde, alina eddembe okutujjako "talanta" ze tulina (**Mat 25:28-29**).</u>

(4) <u>Katonda mu kusooka anoonya endowooza yaffe ku ebyo by'atuwadde awamu n'obwesigwa mu kubikozesa, so si obungi bwennyini obw'ebyo bye tulina.</u> Enziramu ye eri omuweereza eyali aweereddwa talanta ttaano yali kye kimu n'enziramu ye eri omuweereza eyali aweereddwa talanta ebbiri, *"Weebale, oli muddu mulungi mwesigwa; wali mwesigwa mu bitono, ndikusigira ebingi, yingira mu ssanyu lya mukama wo"* (**Mat 25:21, 23**).

(5) <u>Kubanga *"Katonda talaba ng'abantu bwe balaba kubanga abantu batunuulira okufaanana okw'oku ngulu, naye Mukama atunuulira mutima"* (**1 Sam 16:7**), mu kitangaala ky'amazima nti mu kusooka talanta kyali kipimo kya buzito, kiyinza n'okuba nti abantu abali mu nsi eno abalina "obuzito obusinga," embeera ezisinga okuba enzibu, sente ezisinga okuba entono, n'ebintu eby'ensi eno ebisinga okuba ebitono, mu butuufu b'enkana n'omuddu eyaweebwa talanta ettaano, so si oli eyaweebwa talanta emu.</u> Katonda ayinza okuba nga yaatadde omuntu oyo mu mbeera enzibu, ng'amanyi nti omuntu oyo alina obusobozi obw'okugumira embeera ezo enzibu mu bwesigwa. Bw'asigala nga mwesigwa, empeera ye ejja kuba y'amaanyi, ng'omuddu omwesigwa eyaweebwa talanta ettaano.

## <u>OBUWANIKA BW'OBUTONDE</u>

### I. <u>Ensi na Buli Kintu Ekigirimu Ya Katonda</u>

#### A. *Katonda ye mutonzi w'ensi na buli kintu ekigirimu*

1. Katonda yatonda ensi na buli kintu ekigirimu (**Lub 1:1-2:3; Kuv 20:11; Bik 14:15; Kub 4:11**).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

2. Abantu nabo *bitonde*, ebyatondebwa Katonda (**Lub 1:26-27; 2:7, 18-22**).
3. Katonda teyamala gatonda abantu ababiri abaasooka (Adamu ne Kaawa), n'atuleka ku bwaffe. Wabula, Katonda akola *buli muntu sekinn'omu* (**Kuv 4:11; Yob 10:8; 31:15; Zab 33:13-15; 100:3; 119:73; 139:13-16; Isa 44:24; Yer 1:4-5; 27:5**).

**B.** ***Ensi n'ebintu byonna ebigirimu ya Katonda***

1. Waliwo okukwatagana wakati w'obutonde n'obwa nannyini: Katonda yasigaza obwa nannyini n'obuyinza ku nsi ne byonna ebigirimu (**Yob 12:7-10; Zab 24:1; 50:10-12; 104:1-30; Isa 66:1-2a; Mat 5:34-35; Bik 7:49-50**).
2. Kubanga Katonda yatonda abantu, tuli babe okuva mu kuzaalibwa kwaffe n'okuyita mu kufa kwaffe (**Ma 10:14; Zab 24:1; 50:10-12; 95:6-7; 100:3; Isa 17:7; 29:19; 44:24; 45:9; 64:8; Yer 18:1-10; Ezek 24:15-18; Bar 9:20**).
3. Mu bw'esimbu Katonda ye nnyini Bakristaayo bonna **(Bar 14:7-8; 1 Kol 6:19-20; 7:23; 1 Peet 1:17-19; 2 Peet 2:1).**

**II.** <u>**Ensi ne Buli Kintu Ekigirimu kyolesa Katonda n'Ekitiibwa Kye**</u>

**A.** ***Buli kintu Katonda kye yatonda kirina omugaso n'omuwendo gwakyo ogw'obutonde kubanga Katonda ye yakitonda***

1. Buli kintu Katonda kye yatonda, yakitonda "bulungi nnyo" (**Lub 1:4, 10, 12, 18, 21, 25, 31**).
2. Okugwa kw'omuntu mu kibi, n'omusango Katonda gw'asalidde ekibi ekyo, birina kye bikoseza ku ensi eno, ebisolo, n'abantu bennyini (**Lub 3:14-24**).
3. <u>Newakubadde nga waliwo ekibi ky'omuntu n'omusango gwa Katonda, Katonda aleseewo enkolagana ey'enjawulo wakati we n'ensi n'ebintu eby'oku nsi.</u>
   a. Katonda ataddewo endagaano wakati we n'ensi n'ebitonde byonna eby'oku nsi, n'kiba nti, emirembe gino kasita giba nga gikyeyongera okubaawo, taliddamu okuzikiriza ensi n'ebitonde byonna ebirina obulamu, nga bwe yakola mu biseera eby'Amataba (**Lub 9:8-17**).
   b. Akutte ensi wamu era n'akuuma ebitonde byayo (**Yob 38-39; Zab 104:1-32; Bik 17:28; Bak 1:16-17; Beb 1:2-3; 2 Peet 3:5-7**).
   c. Alina pulaani n'ekigendererwa ku lw'ensi (**Yob 23:13-14; Zab 33:8-11; 135:5-6; Isa 14:24-27; 46:9-11; Bef 1:8-12**).
   d. Afuga ebintu byonna n'abantu bonna, era ali mu kukola okutuukiriza pulaani ye (**Yob 12:13-25; Isa 10:5-16; 40:21-26; Kaab 1:1-11; Bik 2:22-24; 4:27-28; Bar 8:28-30; 9:14-24; Kub 17:14-17**).
   e. Katonda akozesa ebintu eby'obutonde okutuukiriza ebintu eby'omugaso nga bwe yeebikkula n'enteekateeka ye eri ensi, nga mwe muli: ensozi (**Lub 22:1-19**; **Kuv 19:9-25; Bik 1:9-12**); Amazzi (**Kuv 14:5-31; Yosuwa 3:1-17; Mat 3:13-17; Mak 6:45-51**); ebimera (**Kuv 3:1-6; Yos 24:26**); n'ensolo (**Kubal 22:21-33**).
   f. Kristo bw'alikomawo ku nkomerero y'omulembe guno, obutonde bwonna buliddamu okukolebwako buggya (**Bar 8:18-25**).

**B.** ***Buli kintu kiraga Katonda***

Katonda mwawufu okuva ku nsi gye yatonda. Naye, ensi ya mugaso. Obutonde nabwo bulina omugaso ogw'omwoyo kubanga buyamba okulaga ebintu eby'enjawulo ebikwatagana n'embala ya Katonda n'enneeyisa ye. N'olw'ekyo:

1. Obutonde bubikkula Katonda (**Bar 1:18-20**).
2. Eggulu libikkula Katonda (**Zab 19:1-2**).
3. Ebitonde ebirina obulamu bibikkula Katonda (**Yob 12:7-9**).
4. Abantu naddala babikkula Katonda kubanga abantu bokka be baatondebwa mu kifaananyi kya Katonda ate nga baatondebwa okuweesa Katonda ekitiibwa (**Lub 1:26-27; 5:1-3; 9:6; Isa 43:7; Bar 8:29; 9:23; 2 Kol 3:18; Bef 4:22-24; Kol 3:9-10; Yak 3:9-10**; **Kub 4:11;** laba ne **Bar 11:36; 1 Kol 10:31**).
5. <u>Newakubadde buli kintu ekiriwo si kya bwakatonda, ebintu ebyatondebwa bikola obubonero obulaga Katonda.</u>
   a. *Bayibuli egeraageranya Katonda n'abantu:*
      (1) Kabaka—**1 Sam 8:7** (3) Nannyini ttaka—**Mat 21:33**
      (2) Omuzadde—**Mat 6:9** (4) Kabona—**Beb 7:24**
   b. *Bayibuli egeraageranya Katonda n'ensolo:*
      (1) Empologoma—**Isa 31:4** (3) Enkoko—**Mat 23:37**
      (2) Empungu—**Ma 32:11** (4) Omwana gw'endiga—**Kub 5:6**

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

c. *Bayibuli egeraageranya Katonda n'ebintu ebitalina bulamu:*

| | |
|---|---|
| (1) Olwazi—**Ma 32:4** | (5) Ettooki oba ettaala—**Kub 21:23** |
| (2) Enjuba—**Zab 84:11** | (6) Omuliro—**Beb 12:29** |
| (3) Oluzzi—**Zab 36:9** | (7) Emmunyeenye ey'enkya—**Kub 22:16** |
| (4) Ekisiikirize—**Zab 91:1; 121:5** | (8) Ekitangaala—**Zab 27:1** |

## III. Ebitegeezebwa Obutonde n'Obuwanika bw'Omuntu ku Butonde

**A. *Tulina kusinza Katonda yekka; tetulina kusinza emmunyeenye, ensi, ebimera, ebisolo, oba ekintu kyonna ekyatondebwa***

1. Enjigiriza ekwata ku butonde eteekawo enjawulo nnene wakati wa Katonda ne buli kintu ekiriwo. "Ebintu byonna byatondebwa kyenkanyi okuva mu bitaliiwo. *Ebintu byonna, nga mwe muli omuntu, byenkana mu nsibuko yabyo*. . . . Ye [Katonda] yatonda ebintu byonna, era ye yekka ye Mutonzi. Ebintu ebirala byonna byatondebwa butondebwa. Ye yekka y'ataliiko kkomo, era ye yekka ye Mutonzi; buli kintu ekirala kyonna kyesigamira ku kirala. N'olw'ekyo omuntu, ekisolo, ekimuli, n'ekyuma, okusinziira ku ngeri Bayibuli gy'ebirabamu, byonna byawuliddwa okuva ku Katonda mu ngeri nti ye yabitonda byonna. Ku ludda olw'obukusike, omuntu ayawuliddwa okuva ku Katonda ng'ekyuma ." (Schaeffer 1982, vol. 5: 28)

2. Olw'omuzzinzi ogw'enjawulo ennene eri wakati w'omutonzi n'obutonde, okusinza oba okutwala ekintu kyonna eky'obutonde ng'ekisooka mu bulamu bwo kibi era omuntu kijja kumuviiraamu okusalirwa omusango gwa Katonda (**Kuv 20:1-6; 23:24; Ma 5:6-10).** Etteeka eritangira ensinza y'ebifaananyi (kwe kugamba, ekintu kyonna okujjako Katonda) litwaliramu ensinza ya: bamalaika (**Bak 2:18; Kub 19:10; 22:8-9**); abantu (**Danieri 3; Bik 10:25-26; 14:8-18**); ebisolo (**Bar 1:18-32**); emiti (**Yer 2:20; 3:6, 13; Kos 4:13**); ebintu ebitalina bulamu, oba eby'oku nsi oba eby'omu ggulu (**Yob 31:24-28**); oba ekintu kyonna ekyava mu kkolero (**Kuv 32; 2 Bassek 18:4; Yer 10:1-15**).

**B. *Katonda yawa omuntu obuyinza "okufuga," "okulima,"ne "okukuuma" ensi yonna n'ebitonde byonna ebigirimu (Lub 1:28; 2:15)***

1. Ku kikwatagana n'obutonde obutwetoolodde, waliwo ebintu bibiri ebyekuusa ku "kufuga":

a. *Okufuga kwe kukozesa amaanyi n'okulowooza nga mulimu n'okwefuga.* "Ge maanyi, mu ntegeera nti gakozesebwa, eky'okulabirako, okutema omuti n'okugusalamu embaawo, era nga gafugibwa kubanga waliwo ekigendererwa ekirina okutuukibwako ku nkomerero, ekintu ekiyinza okukolebwa mu makubo mangi. Ekyo kitegeeza nti "okufuga" kukwata ku kuddira ebikozesebwa n'okubifuula ekyo ekiri mu kirowoozo.Kino tekifaanana n'akatono enkola y'ebisolo ey'okukola ekintu awatali kumala kulowooza. Omuntu alina engeri ey'enteekateeka, ekivaamu, ekiruubirirwa, enkomerero y'ekintu mu kirowoozo kye, n'akozesa amaanyi agafugiddwa okuleetawo ekigendererwa ekyo." (Peck and Strohmer 2000: 156-57)

b. *Okusinziira ku mulimu ogwatuweebwa ogw'okufuga, okufuga tekukolebwa bw'omu.* "Waliwo abali awamu (babiri). Obuyambi Kaawa bwe yawa n'ebiteeso bye yalina okuleeta—yalinga ekitundu ky'omuntu ekirina kye kiteekwa okukyuusa mu bulamu bwa Adamu—abantu babiri mu kifaananyi. Okufuga tekukolebwa muntu omu yekka. Kusemberera ddala okutuuka ne ku bantu abali awamu mu kitundu n'ekibiina. Ekyo kitegeeza nti ebirowoozo by'abantu abali mu kitundu bifuga ekika ky'obufuzi obulina okukolebwa mu kitundu ekyo. Eky'okulabirako, mu Amerika, emmeeza zirabika nga za njawulo ku mmeeza ffe ze tumanyi, ate mu Japani, zirina kuwanvuwa inchi ntono nnyo okuva ku ttaka kubanga temulina kuzituulako okuzetooloola." (Ibid.: 157)

2. Era waliwo ebintu bibiri mu "kulima" obutonde obutwetoolodde:

a. *Okulima oba okukola kwe kutonda ekyo ekirungi era eky'omuwendo.* "Ettaka olikolamu ennimiro, ensigo ogikolamu omunwe gwa kasooli oba ekibala, omunwe gwa kasooli oba ekibala okikolamu omugaati oba jaamu. Akatundu ka feeza kasimibwa ne "kakolebwa" okukafuula empeeta y'okumbaga. N'ebirala. Mu ngeri eyo, abantu bajja "okuva mu" bintu ebibisi so si bintu ebikozesebwa byokka ebintu eby'omuwendo. . . . Kale obutonde bufuuka obw'omuwendo abantu nga bwe "babufuga". Ate tebufuuka obw'omuwendo mu by'ensimbi kyokka naye ne mu mpisa, mu bantu, ne mu birala."(Peck and Strohmer 2000: 157)

b. *Ekigambo eky'Olwebbulaniya ekitegeeza "Okulima" oba "okukola"* (*abad*) *nakyo kitwala amakulu g'okuweereza."Kubanga amakulu ag'omusingi aga* "lima" oba "kola" gategeeza "kuweereza," okufuga kwaffe n'okukola ettaka "tekwekuusa ku kunyunyunta" (Ibid.).

3. "Okukuuma" obutonde obukoleddwamu omulimu oba obulimiddwa kiteegeeza nti obutonde

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

obwo buteekwa okulabirirwa n'okukuumibwa obulungi. Ensonga emu lwaki ekyo kyetaagisa eri nti engeri gye tukozesaamu obutonde ejja kuba n'engeri gy'eyambamu oba gy'ekosaamu abantu ab'omulembe guno n'ab'ogujja abali mu kifaananyi kya Katonda. Engeri gye tuyisaamu *"entebe y'ebigere bya Katonda"* (**Isa 66:1; Mat 5:35; Bik 7:49**) n'ekifaananyi kye kyennyini kiraga kye tumulowoozaako.

**C. *Tetulina kunyunyunta, okwonoona, oba okutabangula obutonde, naye tulina kubuyisa bulungi***

1. Ekirowoozo kya Bayibuli ku butonde kiwa obutonde omuwendo, kubanga Katonda ye yabutonda. Ekyo Katonda kye yatonda, siri wa kukiyisaamu maaso (naddala olw'okuba nti nange ndi kitonde ekyakolebwa Katonda). Nga Dallas Willard bw'agamba, "Katonda yennyini ayagala nnyo ensi n'aba nti tagijjaako emikono gye n'akatono. Era olw'okuba nti agyagala nnyo era nungi, n'okulabirira kwayo kwe tukola nagwo mulimu gwa mirembe na mirembe era kitundu ku bulamu bwaffe obutaggwaawo" (Willard 1997: 205). Abantu emirundi mingi bakozesa bubi obuyinza bwabwe ku butonde—banyunyunta bunyunyunsi ebitonde gy'obeera mu byo temuli kantu. Francis Schaeffer agamba nti: "Omukristaayo ye musajja alina ensonga mu kukolagana ne buli kyatondebwa mu kitiibwa ekya waggulu. . . . N'olw'ensonga esinga okuba eya waggulu: kubanga njagala Katonda—njagala Oyo eyakitonda! Okwagala Omuganzi eyakitonda, nteeka ekitiibwa mu kintu ekyo kye yakola." (Schaeffer 1982, vol. 5: 32-33) Mazima, kubanga twagala Katonda okusinga bwe twagala ensi eno, twetaaga okuyisa obulungi ensi eno okusinga abo abalowooza nti ensi eno "y'eyo yokka eriwo."

2. Era twetaaga okuyisa obutonde n'ekitiibwa kubanga *Katonda ye nannyini bwo.* Enkwata yaffe ey'ensi eteekwa kubaamu endowooza nti: "Ya Katonda, era tuli ba kufuga ebintu ebyo so si ng'abaweereddwa okubinyunyunta obunyunyunsi, naye ng'ebintu ebituwoleddwa oba ebituteresseddwa. Tuli ba kubikozesa nga tumanyi nti bbyo ku bwabyo si byaffe. Obufuzi bw'omuntu buli wansi w'obufuzi bwa Katonda" (Schaeffer 1982, vol. 5: 40).

3. Eby'obulamu by'omuntu, obulamu bwe, n'ekitiibwa kye biteekebwa ku katyabaga singa obutonde bwonoonebwa. Okukosa obutonde kulina kye kukola ku bulamu bw'abantu, n'omutindo gw'obulamu bwabwe. Yesu yatuwa "etteeka ery'okwagala" (yagala Katonda, yagalanga ne muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka—**Mat 22:34-40;** laba ne **Yok 13:34-35**) ng'omutindo gwe tulina okukozesa mu buli kintu. Tuweereddwa omulimu ogw'okufuula abantu abayigirizwa mu nsi yonna (laba **Mat 28:18-20; Yok 17:17:18; 20:21**). Singa Abakristaayo tutabangula ne twonoona obutonde, tuba tulaga nti tetwagala Katonda, kubanga ebintu bye yatonda tetubitwala ng'eby'omuwendo. Singa ebikolwa byaffe bikola bubi obulamu obw'omubiri obw'abalala, n'obw'omwoyo, oba omutindo gw'obulamu bwabwe, tuba tulaga nti tetubaagala nga bwe tweyagala ffekka.

4. Eby'okulabirako eby'okwonoona obutonde birimu:

a. *Ebyalo bingi bikyafu nnyo ddala.*

(1) Entuumo nnene eza kasasiro n'ebintu ebivundu, obusawo obw'obuveera, n'ebintu ebirala eby'onoonese bimala galekebwa mu bifo abantu bye babeeramu. Kino tekirabika bulungi n'akatono era kiraga obutafiira ddala ku kitiibwa ky'abantu n'omutindo gw'obulamu bwabwe. Ebintu eby'onoonese ebimala gayiibwa awo bikola ekifo ensiri ezireeta omusujja gwa malaria, ensowera, n'ebiwuka ebirala ebitambuza endwadde we bizaala. Femi Adeleye anyonnyola endowooza eteri ya Bayibuli eri emabega w'embeera eno: "Waliwo enyumba gye mmanyi ey'abagenyi Abakristaayo mu emu ku nsi zaffe [eza Afirika], nga yeetooloddwa kasasiro mungi. Natunuulira ne ndaba ng'abantu okuva mu nnyumba eyo ne mu luguudo boongera okusuula kasasiro omulala ku bivundu ebyali byeyongera obweyongezi okuba ebingi. Okuwunya kwali kubi nnyo ne kuba nti kuyita mu madirisa okuyingira mu bisenge. Neewaayo okubuuza obuvunanyizibwa bw'ani obw'okujjawo kasasiro oyo. Nategeezebwa nti "gavumenti y'erina okumujjawo naye ekiseera kiwanvu tezze okukikola". Natunuulira ebitundu ebinneetoolodde n'enkizuula nti waliwo entuumo nyingi eza kasasiro mu nguudo, ezimu nga ziri kumpi n'emiryango. Kyalabika nti abatuuze abasinga baali balinda gavumenti okujja okuyoolawo kasasiro oyo. . . . Embeera ng'eyo ereetebwa endowooza eyagala okuteekawo enjawulo ennene wakati w'ekitukuvu n'ekitali kitukuvu oba wakati w'ekyo kye tutwala ng'eky'omwoyo n'eky'ensi. Tulowooza nti okuyoola kasasiro, okukuuma obutonde n'obuwanika obulungi obw'ebintu bya gavumenti mirimu "si mitukuvu", n'olw'ekyo gyonna tetugikola. Obulamu bwaffe n'okwewaayo kwaffe tubikuumira mu bintu bye tulowooza nti bitukuvu oba bya mwoyo. . . . Twetaaga okuddayo emabega ku ndowooza ya Bayibuli. Mu ndowooza ya Bayibuli, obulamu bwonna butukuvu." (Adeleye 1999: 127)

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

(2) Amakkanisa gaalisobodde okukola obuweereza obw'omuwendo—mu kuyigiriza abantu ku butonde ne mu kuyonja ebyalo okubijjamu ebintu ebingi ebisuuliddwa olw'obutakyetaagibwa ne kasasiro omungi oyo. Singa amakanisa gabadde gakikola ekyo, gaalibadde gabuulira abantu nti: "Obulamu bwammwe, n'omutindo ogw'obulamu bwammwe bya muwendo gye tuli. Muli ba mugaso ekisukkiridde okubeera mu kifo eky'okuyiwamu kasasiro. Tufa ku mmwe, ne ku mutindo gw'obulamu bw'ekyalo kino." Mu kuyisa amateeka gavumenti ya Rwanda ekozeewo enjawulo nnene mu kino. Eyagala abantu bayonje ebitundu byabwe buli luvanyuma lw'akaseera akagere. Ekivuddemu, Rwanda nyonjo okusinga ensi endala ez'Obuvanjuba bwa Afirika. Abakristaayo tetweetaaga kulinda gavumenti okumala okuyisa etteeka eritukozesa ekintu ng'ekyo kye tusobola era kye twalibadde tukola ku lwaffe.

b. *Si kukyafuuwaza amazzi.* Okusuula ebintu eby'obutwa mu mazzi (nga, obuveera, emirambo, kazambi oba obusa bw'ebisolo) byonoona obutonde n'obulamu bwaffe.

c. *Okwonoona ebintu olw'okumala gabyonoona.* "Bw'oba oteekeddwa okusitula olwazi olw'okuzimba omusingi ogw'enju, kale mu buli ngeri yonna lusitule. Naye ng'otambulamu olw'okulambula mu miti, togikutulamu ebimera ebirina ebimuli awatali nsonga, n'ogireka awo nga gikala. Ebimera ebyo nabyo birina eddembe okubeerawo." (Schaeffer 1982, vol. 5: 43-44) Tuyinza okutema emiti olw'okugikozesa mu kuzimba, oba ng'enku, naye tuleme kutema muti olw'okumala gagutema (laba **Ma 20:19-20**).

d. *Obutavuba by'ennyanja okusinga bye twetaaga.* Eby'ennyanja biteekwa okweyongera okubeerawo nga bingi ekimala okusobola okuliisa abantu abalibaawo mu mulembe ogujja.

e. *Obutasumulula ddoboozi ddene eriteetaagisa awatali kulowooza, oba okutunuza emizindaalo ebweru, abantu abali ku muliraano ne baba nti basaanikirwa amaloboozi okuva mu mizindaalo.* Ekyo kikolebwa wonna mu Afirika ne mu Buyindi. Ebeera ngeri ya "kukyafuya doboozi", ekintu ekitaliimu ekikola obubi abantu era ekivudde mu butalowooza. Tekirowooza ku balala era tekikwatagana na bulungi obw'obutonde obwa Afirika ne Buyindi.

**D. *Tulina okukola byonna nga tulowooza era nga tukozesa amagezi mu kufuga obutonde***

1. Tulina okuyiga ku ekyo kye tukola n'ebinaava mu bikolwa byaffe tusobole okukola ng'ab'obuvunaanyizibwa. "Waliwo ennono oba amateeka agaateekebwawo Katonda agayinza okumanyibwa mu kunoonyereza ku bitonde bya Katonda. . . . [Francis] Bacon [1561-1626] yagamba nti twetaaga okukozsa amateeka g'obutonde mu ngeri "entukuvu" nga bwe tuzimba sayansi waffe. Mu kwogera ekyo, yategeeza nti ensi eno eyatondebwa eteekwa okutuukirirwa n'okutya okw'ekikristaayo n'obuwombeefu era nti n'emirimu egikoleddwa mu kukozesa amateeka g'obutonde girina okuyambibwa obukristaayo. Amagezi agafuniddwa, Bacon yagamba, galina okukozesebwa okuweereza abalala mu kukendeeza okubonaabona kw'abantu n'okwongera obulamu obulungi mu bantu." (Peck ne Strohmer 2000: 155) Eky'okulabirako, Katonda yatonda ebimera bingi ebirina amaanyi ag'okuwonya endwadde era ebirimu eddagala. Tuyinza okusimba ebimera ng'ebyo mu nnimiro zaffe. Bwe tukozesa ebintu ng'ebyo ebiva mu butonde bwaffe, tuyinza okuziyiza endwadde ne zitatukwata, ne tuwonya sente ennyingi ezaalibadde zigenda mu kugula eddalaga erivudde mu makolero. Twetaaga okweyambisa ebikozesebwa amasomero gaffe, ebibiina bya gavumenti, ebibiina binakyewa, ebibiina ebiyambi eby'obwanannyini, n'awakuumibwa ebitabo eby'okusoma okwongera amagezi gaffe tusobole okukozesa amagezi nga tulowooza nga bwe tusobola.

2. Okukola ng'olowooza era ng'okozesa amagezi kwetaagisa okusalawo okutwala omuwendo n'ebiseera. Kitwala sente nyingi, waakiri okusooka, mu kulongoosa bulungi ettaka. Era, kitera okutwala obudde buwanvu okulongoosa obulungi ettaka. Nga Francis Schaeffer bw'akiraba, "Ezo z'ensonga ebbiri ezitwala mu kwonoona obutonde bwaffe: sente n'obudde—oba okukyogera mu ngeri endala, omululu n'okupapa. Ekibuuzo kiri nti, oba kirabika okuba, nti tugenda kufunirawo amagoba n'okuwonyezaawo obudde amangu ago, oba tunaakola ekyo kye tuteekeddwa okukola ng'abaana ba Katonda?" (Schaeffer 1982, vol. 5: 49) Ng'eky'okulabirako eky'ekyo, Schaeffer agamba: "Buluddoza zigenze okulinyirira buli kintu ekiriwo n'okusaanyaawo emiti ng'enyumba tezinnaba kutandikibwa. Eky'enkomerero ekivaamu bwe bwonoonefu. Kyalitutte obukadde obulala obwa sente *okwetooloola* emiti egyo, n'olw'ekyo girina kutemebwa butemebwa awatali kibuuzo kyonna ne givaawo. Kale ne weewuunya, nga bw'otunuulira ekinaavaamu, engeri abantu gye bayinza okubeera awo. Kifo tekikyabeerekamu olw'obugumba bwakyo, ne mu by'enfuna kibi okusinga bwe kyali kubanga ettaka ery'oku ngulu litwalibwa ne livaawo. Kale omuntu bw'amenya amazima ga Katonda, mu butuufu abonaabona." (Ibid.: 44)

3. Okukola n'obwegendereza era n'amagezi kutwetaagisa okukozesa endowooza ya Kristo n'ennono

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

<u>ez'Ekikristaayo.</u> Ffe *tulina* "okulowooza kwa Kristo" (**1 Kol 2:16**). Ekibuuzo kiri nti tunaakozesa endowooza eyo oba nedda mu kuwanika obutonde bwaffe. Twetaaga okukozesa ennono ez'Ekikristaayo eziri mu Bayibuli mu kukolagana n'obutonde obukola ekitundu ku bintu bye tulinako obuyinza. Okukola ekyo kutwetaagisa okubeera nga twebuuza buli kiseera ebibuuzo nga: Lwaki tukola ekyo kye tukola? Okufuga kwaffe okw'obutonde kukolebwa mu butuukirivu oba mu butali butuukirivu? Kukolebwa okuweesa Katonda ekitiibwa oba kukolebwa n'omululu gwaffe oba olw'ensonga endala?

4. <u>Mu by'okulabirako eby'enkozesa erimu amagezi ey'obuyinza bwaffe ku butonde mulimu:</u>

a. *Okuwa ettaka ekiwummulo, okwetoolooza ebimera, okufukirira, oba oli awo n'okukuuma ettaka n'obusobozi bwalyo obw'okubaza ebirime* (laba **Leev 25:1-7**).

b. *Okusimba emiti oba ensiko.* Kino kiyinza okuziyiza okusiguukululwa kw'ettaka, ne kigabirira empewo ey'obulamu, ebisiikirize, enku, n'obulungi. Wano wammanga waliwo obusiru obw'ekika ekimu mu *kulemererwa* okukola ekyo: "[Mu kaalo akamu mu Tanzania] omuti gumu gwakula, omuti gw'omuyembe nga mutonotono naye nga gwaliko amatabi mangi n'ebikoola bingi. N'olw'ekyo gwaliko ekisiikirize ekirungi wansi wagwo. Mu kisiikirize ekyo waaliwo abantu makumi asatu, nga buli omu anyigiriza munne okusobola okukibeeramu, nga batunuulirwa embuzi eyali elekeddwa mu musaana nga gugyokya. Ekyali kirabika nga katemba akolebwa abantu abo awatali kubuusabuusa ye yali enkola yaabwe okusobola okubeerawo. Ekyansanyusa ku kabiina k'abannakyalo bano be nalaba beepakidde wansi w'omuti ogwo ky'ekirowoozo nti tewali n'omu mu kifo kino eky'ebbugumu eringi eyali alowoozezza ku ky'okusimba emiti gy'emiyembe emirala waakiri olw'ebisiikirize byagyo. Kyali kyangu okusimba omuti—omuti guno ku bwagwo gwaliko ensigo nga lukumi—naye ate tewali n'omu eyali asimbyeyo wadde gumu, oba bwe guba nga gwali gusimbiddwa, guteekwa kuba nga gwatemebwa ne guvaawo. Endabika y'abantu bano abali mu kafo kano akatono mu Tanzania eya wakati abaalwanirira ekisiikirize baandaga obwetaavu bunene obw'okweteekateeka olw'ebiseera eby'omu maaso, n'ekiva mu kulemererwa okukola ekyo." (Theroux 2003: 248)

c. *Okukuuma obulungi ebisolo.* Kino kiyinza okutwaliramu: obutayokya enjuki mu kuziwakula; obutakubanga ente nga zirima; okukuuma ebisolo ebivaamu ennyama, amata, ebibeezabeeza, n'ebirala ebyetaagisa olw'obutonde bwaffe (nga, amazike mu Rwanda). Okukola ekyo kulongoosa omutindo gw'obulamu era kuyinza n'okwongera amaanyi mu by'enfuna abantu bwe bajja okulaba ebimera n'ebisolo eby'omugaso.

d. *Okukola enguudo n'amagezi.* Mu bitundu ebimu bannakyalo bafuumuliddwa enfuufu okumala akaseera mu kukola enguudo. Ekyo ate ku ludda olulala kyonoona obulamu bw'abantu ne kikendeeza n'omutindo gw'obulamu bwabwe. Okukola enguudo endala ezirina okutambuliramu loole, mu kifo ky'okuyisa ebidduka byonna mu makkati g'ekyalo, n'okuteeka kolasi mu nguudo z'omu byalo kiyinza okulongoosa omutindo gw'obulamu. Okugaziya enguudo enkulu ne ziba nga zisobola okuyisaganyizaamu emmotoka nga ssatu oba nnya mu kifo ky'ebbiri kirongoosa entambula n'enfuna y'eggwanga.

## E. *Twetaaga okuwonya obutonde bwaffe*

1. <u>Kristo yalangirira nti ekiseera kyali kituuse, obwakabaka bwa Katonda butuuse era we buli kati (**Mat 21:31; Mak 1:14-15; Luk 17:20-21;** laba **Bak 1:13**).</u> Newakubadde obujjuvu bw'obwakabaka bulituukibwako nga Kristo amaze okukomawo omulundi ogw'okubiri, bwo obwakabaka webuli ddala na kati. Na kati tuweereddwa obulamu: obulamu obuggya; obulamu obutaggwaawo; okulowooza kwa Kristo; n'Omwoyo Omutukuvu. N'olw'ekyo: "Abakristaayo abakkiriza Bayibuli tebayitiddwa okugamba nti "lunaku lumu" walibaawo okuwonyezebwa, naye nti olw'ekisa kya Katonda, okusinziira ku mulimu gwa Kristo, okuwonyezebwa okw'amaanyi kuyinza okuba okwa ddala wano na kati. . . . Ekirowoozo ekyo bwe tukitwala ne tukiyunga ku nkolagana yaffe n'obutonde, wabaawo okufaanagana okwa ddala. Okusinziira ku mazima nti walibaawo okununulibwa okujjuvu mu biseera ebijja, so si okw'omuntu yekka naye n'okw'obutonde bwonna, Omukristaayo akkiriza nti Bayibuli yaalibadde omuntu—n'obuyambi okuva eri Katonda ne mu maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu—akozesa ebitonde mu ngeri gye bulibeeramu mu biseera ebijja. Kati tebujja kubeera nga butuukiridde, naye weetaaga kubaawo ekintu eky'amaanyi ekikolebwa, oba s'ekyo, tulemereddwa okukozesa obulungi okuyitibwa kwaffe." (Schaeffer 1982, vol. 5: 39)

2. <u>Mu by'okulabirako eby'okuwonya obutonde mulimu:</u>

a. *Okuzzaawo ettaka ery'oku ngulu mu kifo we libadde lijjiddwaawo.* "Singa abakozi, katugambe ab'enguudo abasima maramu batwala ebyuma byabwe ne bagenda nga bazzaawo ettaka ery'oku ngulu we libadde lyajjibwaawo, ne balijjamu oluyinjayinja, ne bazzaawo ettaka ery'oku ngulu, mu myaka nga kkumi oluvanyuma lw'okusima maramu

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

wasobola okubaawo ennimiro enyirira, ate mu myaka nga makumi ataano ekibira. Naye nga bwe kizze kikolebwa okuva emabega, omuntu afuula ebitundu bino amalungu n'atandika okukaaba nti ettaka ery'oku ngulu ligenze, essubi terikyasobola kumera, era tewali ngeri ya kuddamu kusimba miti mu bifo ng'ebyo wadde mu bikumu n'ebikumi by'emyaka!" (Ibid.: 48)

b. *Okujjawo ebintu ebitakyakozesebwa ebyonoona ettaka; okuziika ebinnya mu nguudo; mu ngeri eyo okulongoosa enguudo.*

**F.** ***Twetaaga okufuba okwongeza obulungi bw'obutonde***

1. <u>Obuwanika bw'obutonde butwaliramu okufuba okulongoosa obulungi bw'obutonde.</u> Mu kuddamu kwe nti *"Mutunuulire amalanga ag'omu ttale…ne Sulemani mu kitiibwa kye kyonna, teyayambalanga ng'erimu ku go"* (**Mat 6:28-29**), Yesu yalina obulungi bw'obutonde mu kirowoozo kye. Schaeffer kino akiddamu bw'ati: "Ekkanisa bw'eteeka okukkiriza mu bikolwa, ne kukwatagana n'omuntu *n'obutonde*, wabeerawo okuwonyezebwa okw'amaanyi. Ekimu ku bibala eby'okuwonyezebwa okwo y'entegeera empya ey'obulungi kiki kye butegeeza. Ennono ez'obulungi tezirina kuyisibwamu amaaso. Katonda yatonda omuntu n'amuteekamu entegeera ey'obulungi, ekintu ebisolo kye bitalina; tewali kisolo ekyali kikozeewo ekintu ekyolesa obulungi. Omuntu nga bwe yatondebwa mu kifaananyi kya Katonda alina omutindo ogw'obulungi, era amangu ddala nga atandise okukolagana n'obutonde nga bw'ateekeddwa okukola, obulungi bukuumibwa mu butonde ne bubeerawo. Ekirala, empisa ezikwatagana n'eby'enfuna n'abantu zeeyongera, kubanga ebizibu ebikwatagana n'engeri ebintu gye bikolaganamu n'obutonde biba bikendeera." (Schaeffer 1982, vol. 5: 42)

2. <u>Eby'okulabirako eby'okwongeza obulungi bw'obutonde birimu okusimba emiti,omuddo, ebikomera, n'ebimuli okwetooloola ebizimbe, oba n'amabbali g'enguudo, okusobola okukuuma obulungi bw'ekitundu.</u> Ebimera byongera omukka ogw'etaagibwa abantu, ate ku ludda olw'enguudo, bikendeeza ku nfuufu, omukka oguva mu bidduka, n'amaloboozi agava mu kuvuuma kwabyo. Okusimba emiti egivaako ebimuli n'ebibala katugambe ng'emiyembe ku nguudo tekufuula enguudo ezo okulabika obulungi kyokka, naye giwa n'abaana b'amasomero awamu n'abantu ebibala ebyetaagibwa omubiri awamu n'ebisiikirize.

## <u>OBUWANIKA BW'OMUNTU YENNYINI N'EBIRALA</u>

### I. <u>Ennyanjula</u>

**A.** ***Obulamu Obukristaayo lugendo, so si mukolo***

Obulamu Obukristaayo si lugendo lwokka, naye luba lugendo olulimu okufuba okweteekamu empisa bulijjo, naddala empisa ey'okweziyiza. Okukkalira kw'obulamu bwaffe okusooka kulina kutunuulira Katonda era kulina kwesigamizibwa ku kisa kye. Obuweereza eri Kristo tebulina kutwala ekifo ky'okwewaayo kwaffe eri Kristo. Tuteekwa okwekuuma buli kiseera obutakola kibi—endowooza ezirimu ekibi, ebirowoozo, ebigambo, n'ebikolwa. Buli kiseera tuteekwa okuba nga tumanyi "obukambwe bw'ebyetaagibwa ennyo" (kwe kugamba, byonna ebijja bibaawo mu bulamu bwaffe ebitwala obudde bwaffe n'ebirowoozo byaffe ne twesanga nga tuvudde ku bintu ebisinga okuba eby'omugaso.) Okubeera n'obulamu obulungi tekitegeeza "kugezaako na maanyi," naye kitegeeza "kugezaako na magezi."

**B.** ***Abakristaayo bonna baba bawanika b'emibiri gyabwe n'emyoyo gyabwe***

Obuwanika bw'omuntu bulina okukwata ku bitundu byonna omukaaga ebikola omuntu (kwe kugamba, omwoyo gwo, omubiri gwo, enkolagana yo n'abantu, okumanya kwo, empisa zo, n'obusimo bwo). Okukola ekyo kujja kuziyiza ebizibu bingi eby'obuntu, kujja kulongoosa ekikula ky'obulamu bw'omuntu n'okumatira kwabwo, era kujja kwongera amaanyi mu buweereza bwo.

### II. <u>Obuwanika bw'Ebirowoozo Byaffe</u>

**A.** ***Buli omu, mu buli buwangwa, alina engeri gy'ategeeramu ensi, ekintu ekisalawo ku ngeri gyanaatambuzaamu obulamu bwe***

1. Entegeera y'omuntu ey'ensi esinga okusikirwa okuva mu nju n'obuwangwa.

2. <u>Entegeera y'omuntu ey'ensi eddamu ebibuuzo ebikulu eby'obulamu nga:</u>

a. *Lwaki ensi w'eri?* Ekya ddala kye kiri wa? (endowooza ku kikula ky'obutonde; ekikula ky'obutonde; ebintu ebirina omubiri, n'omwoyo).

b. *Waliwo Katonda?* Afaanana atya? Eriyo obulamu oluvanyuma lw'okufa? (okuyiga ku Katonda).

c. *Mmanya ntya ekituufu?* (ebikwatagana n'okumanya; obuyinza n'amazima).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

d. *Nz'ani?* Lwaki ndi wano? Ekigendererwa n'ekiruubirirwa ky'obulamu kiki? (ky'ekyoleka)
e. *Lwaki waliwo ekibi?* Ebintu biyinza bitya okutereera? (empisa n'obulokozi)
f. *Ekituufu n'ekikyamu bye biri wa?* Neetaaga okweyisa ntya? (empisa)

**B.** ***Bayibuli entukuvu kwe kubikkulirwa kwa Katonda okw'enjawulo eri omuntu***

1. Abawandiisi b'Ebyawandiikibwa bajulira nti Bayibuli kwe kubikkulirwa kwa Katonda okw'enjawulo kwe boogedde ne kwe bawandiise (laba, eky'okulabirako, **Kuv 17:14; 20:1; 24:4, 7; 34:27; Nek 9:13-14; Yer 1:4, 9; Luk 3:2-4; 1 Kol 7:10; 11:23; 1 Bas 2:2-9; 2 Tim 3:16-17; 2 Peet 1:20-21; 3:14-16**).

2. Obutakkiriza Bayibuli kye kimu n'obutakkiririza mu Kristo; okulemwa okutegeera obulungi Bayibuli kye kimu n'okulemwa okutegeera obulungi Kristo.

a. *Kristo yennyini yakkiriza Ebyawandiikibwa byonna (**Yok 10:35**).* Yakkiririza mu byafaayo n'abantu abali mu Ndagaano Enkadde ng'ebyaliwo ddala so si ng'ebintu ebiyiiye (**Mat 12:39-41; 19:4-5; 24:37; 24:37-39; Luk 10:12; Yok 3:14**). Yakkiririza mu by'amagero ebiri mu Ndagaano Enkadde (**Mat 12:39-40; Luk 4:25-27; Yok 6:49).** Yayigiriza nti obunabbi obuli mu Ndagaano Enkadde bwali bwava wa Katonda (**Mat 24:15; Luk 24:25-27, 44-45; Yok 5: 39**).

b. *Yesu yakozesa Bayibuli ng'ekintu ekirina obuyinza (**Mat 4:1-11; Luk 4:1-13; Yok 17:17**).* Yakakasa nti Bayibuli yalung'amizibwa okutuukira ddala ne ku buli kigambo n'ebiseera eby'akozesebwa eby'ebigambo ebyo (**Mat 5:17-19; 22:31-32, 43-45; Luk 16:17**). Yakakasa nti Katonda yayogerera mu bantu (**Mat 22:43; 24:15**); mu kiseera kye kimu yayawula Bayibuli ku bulombolombo bw'abantu (**Mat 15:6; Yok 5:46-47**).

c. *Yagamba nti buli kye yayogera kyali kigambo kya Katonda (**Yok 8:28-29; 12:44-50**).* Yagamba nti Bayibuli eteekwa okutuukirizibwa mu ye kennyini (**Mat 5:17; 26:56; Luk 4:21; 22:37**).

d. *Yavumirira abantu olw'okulemwa okutegeera Bayibuli (**Mat 22:29; Luk 24:25; Yok 3:10**).*

**C.** ***Entegeera yaffe ey'ensi yeetaaga okutuweebwa n'okulagibwa Ebyawandiikibwa***

1. Ekigambo kya Katonda gwe musingi ogw'okumanya okutuufu. Okuviira ddala ku ntandikwa, abantu baatondebwa nga balina okwesigama ku Katonda, olw'okubeerawo kwabwe n'olw'okumanya kwabwe.

a. *Ng'omuntu tannagwa, Adamu ne Kaawa baali bamanyi buli kintu ekikwata ku Katonda.*

(1) Bassanga kimu ne Katonda maaso ku maaso (**Lub 3:8-10**).
(2) Baali basobola okuyiga nga bayita mu kwetegereza obutonde obwali bubeetoolodde, naye nga obusobozi bwabwe obw'okuyiga bwesigamizibwa ku Katonda.
(3) Adamu ne Kaawa baalina okwesigama ku kubikkulirwa kwa Katonda okw'enjawulo (ekigambo kye) mu byonna, n'okukigondera—kwe kugamba, okubikkulirwa okukwata ku muti ogwali gubagaaniddwa n'ebiyinza okuguvaamu (**Lub 2:16-17**).

b. *Okulemwa okwesigama ku kigambo kya Katonda, nga kwe kubikkulirwa kwe okw'enjawulo, n'okukigondera, kwe kwaleeta okugwa mu kibi.*

(1) Okufa kw'omuntu kwamuviiramu okufa mu mwoyo. Oluvannyuma lw'ekibi okuyingira mu nsi, ebirowoozo by'abantu byakusibwa ne batandika okunyonnyola ebintu ku lwabwe mu kifo ky'okwesigama ku Katonda n'ekigambo kye.
(2) Abantu bayinza okumanya bingi nga bayita mu kwetegereza obutonde, naye okumanya okwo kuba kwa kitundu kubanga okutegeera kwabwe tekwesigamizibwa ku Katonda ng'Omutonzi. Bingi ku bye tuyiga okuva ku balala si bituufu kubanga nabo boonoonyi.

c. *Okukkiriza okulokola kwetaagisa olw'okukkiriza Bayibuli ng'Ekigambo kya Katonda ne Yesu Kristo nga "ekkubo, amazima n'obulamu"* (**Yok 14:6**).

(1) Eby'omwoyo ebiriwo n'amazima tebiyinza kulabibwa omuntu okutuusa nga Katonda amuwadde obulamu (**Bef 2:1-4**). Ekisa kya Katonda mu bulokozi (**Bef 2:8-10**) kitutemera ekkubo okufuna amazima amatuufu n'okutegeera okw'ensi okuva mu Bayibuli, okwesigamizibwa ku Katonda.
(2) Obulokozi bututeeka mu kifo kye tuyigiramu okwesiga ekigambo kya Katonda okusinga ebirowoozo byaffe. Naye, okutegeera okwo n'engeri gye tulabamu ensi tebijjirawo mu kulokoka—tuteekwa okuzza obuggya ebirowoozo byaffe okuyita mu Byawandiikibwa (**Bar 12:1-2**).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

2. Bayibuli etuweereddwa ng'ekkubo ery'okukyuusa obulamu bwaffe. **Bar 12:1-2** egamba: [1]*Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, nga ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.* [2]*So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi, ebisanyusa, ebituufu.*

a. *Bayibuli etubikkulira bingi nnyo ng'oggyeko okutulaga ekkubo ery'obulokozi.* Erimu entegeera yonna ey'ensi, etuyigiriza ku ebyo ebiriwo, amazima, okulowooza, n'ebikolwa.

b. *Mu **Bar 12:1-2** Pawulo atulaga okukwatagana wakati w'ebyo bye tukkiriza (entegeera yaffe ey'ensi) n'engeri gye tubeeramu,* mu kukubiriza abakkiriza *"okuwangayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu"* ne *"obutafaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye okukyuusibwanga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya."*

c. *Kubanga "okufaananyizibwa ng'emirembe gino" kusibuka mu birowoozo byaffe, "okuzza obuggya ebirowoozo byaffe" kitegeeza nti tuteekwa okuyiga okulowooza mu ngeri ey'enjawulo okuva ku ngeri gye twali tulowoozaamu ng'abatakkiriza.* Ebyawandiikibwa nga bwe bizza obuggya ebirowoozo byaffe, mu ngeri y'emu tulina okuteeka empisa zaffe wansi w'obuyinza bwa Yesu Kristo. Tuwa Katonda ekitiibwa nga tuyita mu kubeera n'obulamu obutukuvu obulaga empisa za Katonda ng'abaliko ekifaananyi kye (**1 Kol 10:31; Bak 3:17; 1 Peet 1:15-16**).

**D. *Embala ennekusifu eziraga ebirowoozo ebimaze okuzzibwa obuggya***

1. Mu nkozesa ya Bayibuli ey'ebigambo bino, "omutima" (Oluyonaani, *kardia*) ne "ebirowoozo" (Oluyonaani, *nous*) bigambo bye bimu.

a. *"Omutima" "y'entebe ey'obulamu obw'omubiri, obw'omwoyo, n'ebirowoozo"; "enkulungo n'ensibuko ey'obulamu obw'omunda bwonna, n'okulowooza kwabwo, okuwulira n'okusalawo kwabwo"* (Danker 2000: *"kardia,"* 508: laba ne Zodhiates 1992: *"kardia,"* 819-20). "Y'enkulungo y'okubeerawo kwaffe omusibuka obulamu bwaffe. Gwe guwa buli kye tukola ekifo" (Willard 1997: 206).

b. *"Ebirowoozo" "ky'ekitundu ky'omuntu ekya waggulu ekikwatagana n'obwongo bwe era ekitandika okulowooza kwonna n'enteekateeka zonna"; kiyinza n'okutegeeza "omugatte gwonna ogw'embeera ey'okulowooza n'okweyisa kw'omuntu"* (Danker 2000: "*nous,*" 680; laba ne Zodhiates 1992: *"nous,"* 1017-18).

c. Kale, Bayibuli eyinza okwogera ku "muntu okukola *nga bw'amaliridde mu mutima gwe"* (**2 Kol 9:7**), n'eyogera ne ku bantu nga bwe*"baagobereranga ebitaliimu mu mpaka zaabwe, omutima gwabwe omusirusiru ne guzikirizibwa"* (**Bar 1:21**).

2. Oluvanyuma lw'okulokoka, tuweereddwa omutima omuggya, tujjuziddwa Omwoyo Omutukuvu, era tulina *"endowooza ya Kristo"* (**1 Kol 2:16**).

3. Okubeera n'endwooza ya Kristo tekitegeerezaawo mbagirawo nti tulowooza nga Kristo.

a. Tuteekwa okumanya nti waliwo olutalo olw'amaanyi mu ffe wakati w'amaanyi g'ekibi ekiri muffe awamu n'omutima gwaffe n'ebirowoozo byaffe ebimaze okuzzibwa obuggya (**Bar 7:23-25; 8:7;** laba ne **Mat 16:23; Baf 3:17-19**).

b. Tulina omulimu ogw'okutandika*"okujeemulula buli kirowoozo okuwulira Kristo"* (**2 Kol 10:5**).

4. Okujeemula buli kirowoozo okuwulira Kristo kulimu okuteeka ebirowoozo byaffe ku bintu eby'obwakatonda n'amakubo ga Katonda, okujjuza ebirowoozo byaffe nabyo, n'okwewaayo gye biri (**Mat 16:23; Luk 16:15; Bar 8:5-8; Baf. 4:8; Bak 3:1-3; 1 Peet 4:1-2**).

5. Tuyinza okuyiga ne twewaayo eri amakubo ga Katonda nga tuyita mu kukola bino wammanga:

a. Okuyiga Ekigambo kya Katonda, okumanya, okutegeera, n'okumatira ebintu bya Katonda mu bujjuvu (**Bar 14:5; 2 Kol 13:5-8; 2 Tim 2:15; 3:16-17; 1 Peet 1:13**).

b. Okugezesa n'okupima ebintu abantu bye boogera, okusinziira ku Kigambo kya Katonda, okusobola okumanya oba bituufu oba nedda (**Bik 17:11; 1 Kol 14:29; 1 Bas 5:21; 1 Yok 4:1**).

c. *Okuteeka mu nkola okukkiriza kwaffe*—okukola ekyo Ekigambo kya Katonda kye kigamba mu bitundu byonna eby'obulamu bwaffe (**Yok 14:21; 2 Kol 8:8-12; 9:7; Bef 4:17-32; Baf 4:9; Yak 1:22-25; 2:14-26; 1 Peet 3:1-3, 15**).

6. Okuyita mu kuyiga n'okuteeka mu nkola Ekigambo kya Katonda, ebirowoozo byaffe nga bwe bigenda bikyuusibwa, obulamu bwaffe bufuna enneeyisa empya nga bwe *"tufaananyizibwa n'engeri y'Omwana we"* (**Bar 8:29**). Okufaananyizibwa okwo okupya kulimu bino wammanga:

a. Okwagala Katonda n'omutima gwaffe gwonna, n'omwoyo gwaffe gwonna, n'ebirowoozo byaffe byonna, n'amaanyi gaffe gonna (**Mat 22:37-38; Mak 12:30; Luk 10:25-28**).

b. Tetukyeraliikirira ebintu by'ensi eno n'embeera zaayo, naye twesiga obukulu bwa

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

Katonda ne tumwesigamako olw'emirembe gyaffe n'okukkuta kwaffe (**Luk 12:29; Baf 4:6-7, 10-13; 1 Tim 6:6; Beb 13:5**).
c. Tunoonya obumu n'abakkiriza abalala (**1 Kol 1:10; 2 Kol 13:11; Bar 15:5-6; Baf 1:27; 2:2; Bak 3:14; 1 Peet 3:18**).
d. Tetwetwala okuba aba waggulu okusinga bwe kitugwanidde okwetwala, naye twagala baliranwa baffe nga bwe tweyagala (**Mat 22:39; Mak 12:31; Luk 10:25-28; Bar 12:10; 13:8-10; 14:10; 1 Kol 12:31b-13:13; Bag 5:13-14; Bef 5:21; Baf 2:3-8; Bak 3:12-13; 1 Tim 1:5; Yak 2:8**).

7. <u>Emitendera emirala egituyamba mu kukyuusa ebirowoozo byaffe okufaanana n'ebya Kristo girimu:</u>

a. *Okusoma okununula.* Twetaaga okwegendereza ekyo ekiyingira mu birowoozo byaffe. Abantu abasinga okuba abawanguzi basomi. Tusoma ebitabo ebituufu era tunoonya okumanya ebituufu? So si Bayibuli yokka, naye ebitabo ebirungi bituwa okumanya okw'omugaso ne bitulung'amya okubeera n'obuwanguzi.
b. *Okusinza okununula.* Okusinza kwaffe kwe tusinzaamu Katonda kulaga endowooza yaffe ku Katonda n'enkolagana yaffe naye. Twetaaga okwetaba mu kkanisa eyagala Katonda, ekkiriza, ebuulira, era eyigiriza Ekigambo kye. Okusinza mbeera ya kuwa Katonda ekitiibwa n'okumwagala mu bulamu bw'omuntu bwonna. N'olw'ekyo, tekulina kukolebwa ku lunaku lwa Sande lwokka, naye kulina kuba ekintu kye tukola buli lunaku. Tulina okusaba Katonda okunoonya emitima gyaffe bulijjo, ng'anoonyaamu ekibi n'obutali bumativu.
c. *Emikwano eginunula.* Twetaaga okuteekawo akabondo akatono ak'ab'emikwano abatya Katonda be tuyinza okuba abatangaavu gye bali era be tuyinza okwewa. Twetaaga okweteekamu empisa ey'okuwulirizanga abalala bye bagamba, ne tuwulira Katonda ng'ayogera naffe okuyita mu bo. Buli omu ku b'emikwano abatya Katonda ayinza okuzzaamu munne amaanyi, okumutereeza, okumugumya, okumuyamba, okumulaga okwagala, okumuyigiriza, okumulaga Kristo bw'afaanana, n'okumuzimba mu kukkiriza.
d. *Okusaba okununula.* Okusaba kulina kubeera ekitundu eky'omugaso era ekya buli lunaku ku bulamu bwaffe (bwe kwali mu bulamu bwa Yesu). Empulizigangya nga bw'etambula, enkolagana nayo bw'etambula. Ekyo kituufu mu nkolagana yaffe ne Katonda n'abantu abalala. Twetaaga okwetegereza ebintu ebiri mu bulamu bwaffe ebiziyiza okusaba (nga, ekibi, okubuusabuusa, omululu, okulemwa okulaga munno gwe wafumbirwa okwagala). Twetaaga okuteekateekanga obudde obw'okusaba. Ekirala, okusaba kwe kukola omukutu omuggule ogw'okwogeranga ne Katonda. N'olw'ekyo, tetuteekwa kulaba okusaba ng'okwogera obwogezi kwokka ne Katonda, naye twetaaga okuwuliriza kiki Katonda ky'atugamba mu kusaba okwo. Awo tulyoke tukole okusinziira ku kye tuyize mu buwulize bwaffe eri Katonda.
e. *Okufumiitiriza okununula.* Nga bwe tusoma Ekigambo kya Katonda, twetaaga okubeera nga twebuuza ebibuuzo nga: Katonda ang'amba ki mu kitundu kino eky'Ebyawandiikibwa? Kiki ky'ang'ambako mu kitundu kino? Nyinza ntya okukozesa ekyawandiikibwa kino mu bulamu bwange? Okwongerezaako, twetaaga okubeera abayizi abeekebera fekka. Twetaaga okukeberanga obulamu bwaffe buli kiseera, ebintu ebikulu mu bulamu bwaffe, n'enkolagana zaffe, tulyoke tukole enkyuukakyuuka ezisaanidde okukolebwa okusobola okuddamu okutambuza obulamu bwaffe okusinziira ku Kigambo kya Katonda.
f. *Okuteekateeka okununula.* Abantu abasinga tebalina nteekateeka za kubalung'amya. Kigambiddwa ate nga kituufu nti "omuntu alemwa okuteekateeka, ateekateeka okulemwa." Abantu bonna balina ebiseera ebyenkanankana buli lunaku. Naye, bwe tutatambuza olunaku, olunaku lujja kututambuza. Bwe tutafuga sente zaffe, sente zaffe zijja kutufuga. Bwe tutateekateeka ebiseera byaffe, tujja kusigala ku kusaasira kw'abantu n'emikolo emirala. Twetaaga okuyiga okugamba "nedda" eri abantu abamu n'ebintu ebitusaba okubikola. Ebiseera ebikulu, ne sente enkulu, tebyetaaga kukozesebwa ku nsonga entono. Okuteekateeka n'okubeera n'ekiruubirirwa bya mugaso. Abantu abawanguzi (abawanguzi mu kintu kyonna, omuli obusuubuzi, n'abo abawanguzi mu by'omwoyo, mu by'enkolagana, ne mu by'omubiri) balina enteekateeka, ne babeera n'ebiluubirirwa, awo ne babikolako ne babiteeka mu nkola. Nga bwe tukola ekyo, twesanga nti kizzaamu amaanyi. Nga bwe tweyongera okutwala obuvunanyizibwa ku bulamu bwaffe, twesanga nti ebintu byonna ebikwata ku bulamu bwaffe byeyongera okutereera.
g. *Okugumiikiriza okununula n'okubonaabona.* Mu buggwa njuba bokka abantu gye balina endowooza enfu nti obulamu bulina kuba bulungi, bweyagaza, nga bujjudde essanyu, era nga tebuliimu kubonaabona. Ebyawandiikibwa tebitusuubiza kintu ng'ekyo, era ebyafaayo bijulira nga biwakanya endowooza eyo. Twetaaga okulaba omukono gwa Katonda mu

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

kubonaabona kwaffe, tuyige okuva mu kwo, era tweyongere okufuuka nga Kristo ng'ekibala ekikuvuddemu. Mu kukola ekyo, tujja kusobola okukolagana obulungi n'ababonaabona, okubaweereza, okubazzaamu amaanyi, n'okubagumya. Abantu bonna basuubira okulaba enkyuukakyuuka ennungi mu bannaabwe be bali nabo mu bufumbo, abaana, n'abo be batuula nabo. Naye, tetuteekwa kukkiriza okusuubira kwaffe okufuuka ekintu ekisaba enkyuukakyuuka. Katonda y'ajja okuleetawo enkyuukakyuuka, mu kiseera kye, so si mu kyaffe.

h. *Okusonyiwa okununula.* Kristo yatusonyiwa ebbanja ery'ekibi n'obujeemu lye tutaalisobodde okusasula ku lwaffe. N'olw'ekyo, twetaaga okubeera abantu abasonyiwa era abatatabagana n'abalala. Twetaaga okuba abaangu okusaba ekisonyiwo n'okutereeza ensonga bwe tuba nga tukoze ekikyamu oba nga tukoze abalala obubi. Mu kukola ekyo, ensobi entonotono tezijja kufuuka nsobi nnene, era tujja kukuuma obulamu obulungi wakati waffe, obwa sekinn'omu, n'obw'obusimo bwaffe. Bwe tutafuuka abantu abasonyiwa, ebirowoozo byaffe n'obulamu bwaffe tebiyinza kusumulukuka okuva ku byayita, tujja kubeera abantu abakaawu, era tetuyinza kukula okufuuka ekika ky'abantu Kristo baayagala tubeere.

i. *Ekiwummulo ekinunula n'okweddaabulula.* Okuwummulamu, okuwujaala, n'okukyuusaamu ku by'okola byetaagibwa olw'obulamu bw'ebirowoozo n'omubiri. Bwe tuba nga tukooye era nga tuweddemu mu mubiri tetuba boogi nga bwe tubadde mu kusooka. Ekirala, bwe tumala ebiseera byaffe byonna ku mirimu gyaffe, obulamu bwaffe butataganyizibwa n'enkolagana yaffe n'ab'omu nju n'emikwano eyonooneka. Okukuuma enkolagana ez'amaanyi n'abantu abasinga okubeera okumpi naffe, n'okutwala obudde "okwongera omuliro mu manda gaffe" n'okuzza obuggya ebikulu mu bulamu bwaffe, bya mugaso bwe tuba ab'okubeera n'ebirowoozo ebikyamufu n'obulamu obukola obulungi.

**E.** ***Kubanga entegeera yaffe ey'ensi yeesigamizibwa ku Bayibuli, tuteekwa okunyonnyola obulungi Bayibuli***

Bayibuli yeenyonnyola yokka. Bayibuli gwe muganda ogubikkula ebyafaayo by'okununulibwa kwaffe okuyita mu kukkiriza mu Kristo (laba **Luk 24:27, 44-47; Yok 5:39**); naye ate, Okubikkulirwa kwa Katonda *kukula bukuzi*—kugenda kwesumulula mpolampola okuyita mu Bayibuli yonna. Ennono ez'omugaso eziwerako zirabika mu mazima ago.

1. Engeri yokka ey'okufuga amakulu g'ekyawandiikibwa ge makulu g'ekyawandiikibwa ekyo mu mwaliro gwakyo. Okutegeera obulungi Bayibuli—oba ekiwandiiko kyonna eky'omugaso oba omulimu gwonna ogulimu obuwandiike—ekibuuzo ekisooka kye tuteekwa okubuuza kigamba nti, "*Omuwandiisi* yategeeza ki bwe yawandiika ekitundu kino?" Ekirala, kubanga ebitabo bya Bayibuli byasooka okuwandikirwa abantu abaali bamanyiddwa mu mbeera ezaali zimanyiddwa, tuteekwa okubuuza "Ekyawandiikibwa kino kyategeeza ki eri abantu abaasooka okukifuna?" Awo tuyinza okwebuuza, "Ekyawandiikibwa kino kinkwatako kitya?" Naye nga ekibuuzo ekisingira ddala okuba eky'omugaso kyalibadde nti, "Ekyawandiikibwa kino kyogera ki *ku* nze?"

2. Ekyawandiikibwa tekirikontana n'Ekyawandiikibwa n'akatono. Bayibuli yeekutte wamu mu bulamba bwayo. N'olw'ekyo, ebitundu ebibiri eby'Ebyawandiikibwa ebirabika ng'ebikontana wakati wabyo bijja kusangibwa nga si bwe bikola singa byekenneenyezebwa bulungi. Ekyawandiikibwa ekimu kiyinza okutangaaza ekirala, naye tekiyinza kukotana nakyo.

3. Eddaala ery'ebyafaayo ebinunuzi ne "okuteesa kwa Katonda kwonna" (**Bik 20:27**) byombi biteekwa okubeera nga birowoozebwako okusobola okutegeera obulungi Ekyawandiikibwa kyonna.

a. *Enjigiriza eya "okubikkulirwa okweyongera obweyongezi okuvaayo" etubuulira nti eddaala ery'ebyafaayo ebinunuzi liteekwa okulowoozebwako bwe tuba tulowooza ku kyawandiikibwa kyonna.* Bayibuli yonna eri mu bumu obutubuulira ekyafaayo kimu ekyekutte awamu. Wabula, amazima gaayo gonna tegavaayo mulundi gumu, naye bigenda bivaayo mpolampola. N'olw'ekyo, Endagaano Enkadde y'enteekateeka y'enjiri, ate Enjiri kwe kulabisibwa kw'enjiri; Ebikolwa by'Abatume kwe kugaziyizibwa kw'enjiri; Amabaluwa kwe kunyonnyolwa kw'enjiri; n'Okubikkulirwa kwe kukomekkerezebwa kw'enjiri. Amakulu g'ekyawandiikibwa kyonna oba enjigiriza ya Bayibuli yonna amajjuvu gayinza obutavaayo bulungi okujjako nga Bayibuli yonna ebeera erowoozebwaako.

b. *Endagaano Empya enyonnyola Endagaano Enkadde.* Kigambibwa nti "Ekipya kikwekeddwa mu Kikadde; Ekikadde kibikkuliddwa mu Kipya." Amateeka, emikolo, n'ebikolwa ebirala byonna ebiri mu Ndagaano Enkadde byatuukirizibwa ne bivaawo mu Kristo (**Mat 5:17; 2 Kol 3:12-16; Bag 3:23-4:7**). Newakubadde Yisiraeri ey'Endagaano Enkadde n'amateeka gaayo, emikolo, n'ebikolwa ebirala, byaliwo mu mubiri, byonna byali "bifaananyi," "bisiikirize," oba "eby'okulabirako" eby'amazima gennyini agali mu Ndagaano Empya (**1 Kol 10:1-6; Bak 2:16-17; Beb 8; 10:1**). Waliwo okugenda mu maaso n'obutagenda mu maaso wakati w'Endagaano Enkadde n'Empya. Endagaano Empya

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

ezimbira ku birowoozo eby'Endagaano Enkadde, ebiseera ebisinga mu makubo ageewuunyisa. N'olw'ekyo, "soma Ebyawandiikibwa eby'Endagaano Enkadde ng'okozesa galubindi ez'Endagaano Empya" (Lehrer 2006: 177).

4. Ebyawandiikibwa ebitegeerekeka obulungi birina okunyonnyola ebyo ebitategeerekeka bulungi.

a. *Ebiwandiiko ebimu biyinza okuba n'amakulu abiri oba okusingawo, biyinza okuba ebizibu, era nga byetaaga ebyawandiikibwa ebirala okusobola okubitegeera.* Mu mbeera ng'eyo tulina:

(1) okunoonya ebyawandiikibwa ebitegeerekeka obulungi ebiri ku mulamwa gwe gumu mu mwaliro ogw'ekitabo, endagaano, oba Bayibuli yonna mu bulamba bwayo. Gezaako okukwanaganya ebyawandiikibwa ebitategeerekeka obulungi n'ebyo ebitegeerekeka obulungi. Ebyawandiikibwa ebitegeerekeka obulungi bisobola okutubuulira wakiri ekyo ekyawandiikibwa ekitategeerekeka obulungi kye *kitategeeza*.

(2) Lowooza ku "nkulukuta etegeerekeka" "ey'ebyawandiikibwa ebiriraanye" ekyo ky'oliko n'ekigendererwa kyabyo ekikulu. Omwaliro ekyawandiikibwa ekitategeerekeka gwe kirimu guyinza okukuwa ekifaananyi ky'ekyo ekyawandiikibwa ekyo kye kiyinza okutegeeza oba obutategeeza.

b. *Ebyawandiikibwa ebimu birabika okutegeerekeka, naye nga tebyemalirira; ebiwandiiko ebirala byetaagibwa okukusobozesa okutegeera omulamwa gwabyo mu bujjuvu.*

5. Omwaliro kye kintu ekisinga okuba eky'omugaso mu kutegeera n'okunyonnyola ekitundu kyonna eky'Ebyawandiikibwa. Omwaliro kitegeeza ebiri mu byawandiikibwa eby'etooloodde ekyawandiikibwa ekyo ky'oliko era kikkiriziganya nagwo. Waliwo, mu butuufu, *ebika bibiri eby'omwaliro* ebifuga ekyawandiikibwa kyonna ekiba kiriwo: *omwaliro gw'empandiika n'omwaliro gw'ebyafaayo.* Omwaliro gw'empandiika guyinza okwetegerezebwa okuva mu Bayibuli yokka. Omwaliro gw'ebyafaayo gwetaagisa okumanya ebintu ebimu ebiri ebweru wa Bayibuli.

a. *Omwaliro gw'empandiika*—kwe kugamba, "ebigambo, emboozi, ebitundu, oba essuula ezeetoolodde era ezikolagana n'ekyawandiikibwa ky'oliko" (Doriani 1996: 31). Omwaliro ogw'empandiika gutulaga ng'akatundu akatono ak'Ebyawandiikibwa bwe kagya mu kitundu ekinene eky'Ebyawandiikibwa, ne gutuwa n'okutegeera obulungi amakulu, ne bwe tuba nga tetulina kye tumanyi ku muwandiisi oba abantu abaasooka okuwulira ebigambo ebyo.

b. *Omwaliro ogw'ebyafaayo*—kwe kugamba, "obuwangwa, obulombolombo, ennimi, enzikiriza, n'ekyafaayo ky'omuwandiisi n'abawuliriza be abaasooka" (Doriani 1996: 31). Omwaliro ogw'ebyafaayo gutuwa okutegeera engeri ekitundu kya Bayibuli gye kigya mu nsi yakyo. Gutuwa okumanya ebyaliwo mu biseera ebyo ebiyinza okutunyonnyola amakulu g'ebigambo, ebitundu by'emboozi, obulombolombo, abantu, ebifo, n'emikolo omuwandiisi wa Bayibuli by'ayogerako.

c. *"Ebitundu ebiramba eby'ebirowoozo"mu Bayibuli bikola ebitundu biramba eby'Ebyawandiikibwa, so si nyiriri.* Enamba eziramba enyiriri ziyinza okulimba omuntu nti buli lunyiriri "luyimiridde ku bwalwo" mu makulu galwo. Ekyo si kituufu.

(1) "Ekisumuluzo ekituwa amakulu ga buli lunyiriri kiva mu kitundu ekiramba ekirimu olunyiriri olwo, so si mu buli kigambo" (Koukl 2001: n.p.). Ensonga eri nti "omwaliro gwe guwa olunyiriri olwo ekifaananyi n'amakulu amakusifu. . . . Ekyo kikola olw'etteeka ekkulu ery'eby'empuliziganya erigamba nti: Bulijjo amakulu gakulukuta okuva waggulu okukka wansi, okuva mu bitundu ebinene okudda mu bitundu ebitono, so si okuva wansi okudda waggulu" (Ibid.).

(2) N'olw'ekyo, ebigambo byetaaga okutegeerwa okusinziira ku nyiriri ezeetoolodde ebigambo ebyo; enyiriri zeetaaga okuvvuunulwa okusinziira ku bitundu enyiriri ezo mwe zisangibwa; ebitundu byetaaga okuvvuunulwa okusinziira ku bitundu ebyetoolodde ebitundu ebyo; ebyo byonna byetaaga okutegeerwa okusinziira ku mulamwa oba emiramwa gy'essuula, ebitundu, n'ekitabo mu bulamba bwakyo.

(3) Ekyo kikulu nnyo n'olwekyo "etteeka ekkulu" ligamba: "*Tosomanga lunyiriri lwa Bayibuli.* Waakiri, soma ekitundu ekiramba. Bulijjo weetegereze omwaliro. Weetegereze enkulukuta y'ebirowoozo. Olyoke weekalirize olunyiriri. . . . Ly'essomo erisinga okuba ekkulu lye naakayiga . . . era ekintu ekimu kyokka ekisinga okuba eky'omugaso kye nnyinza okukuyigiriza" (Ibid.).

6. Okuvvuunula kulina kukwatagana n'ebiwandiiko era n'ekika ky'ekyawandiikibwa.

a. *"Ekika" ky'ekyawandiikibwa kye kyawula ekiwandiiko oba ekitabo okuva ku bika ebirala. Kitegeerebwa ku bintu nga (enkola, eddoboozi, enkozesa y'olulimi, ebirimu, n'ebirala).* Bayibuli erimu ebika bingi eby'ebiwandiiko (katugambe, ebyafaayo, ebitontome, engero,

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

obunabbi, ebbaluwa, ebiwandiiko eby'amagezi, ebigambo eby'obuzaale, obunabbi bw'ebiseera eby'enkomerero). Buli kika kirina amateeka agafuga enzivvuunula yakyo. N'olw'ekyo, okuvvuunula ekitontome ng'avvuunula etteeka kiyinza okukukozesa ensobi ey'amaanyi ekwatagana n'enjigiriza.

b. *Abawandiisi ba Bayibuli nabo buli kiseera bakozesa ebifaananyi eby'enjogera (katugambe, ebigambo ebifaanaganya, ebigambo ebigeraageranya, ebyenkanyankanya, olulimi olukozesa obubonero, ebiyitiriza, n'ebirala).* N'olw'ekyo, omuntu alina okwegendereza ebika by'ebiwandiiko eby'enjawulo ebiri mu Bayibuli, asobole okukozesa amagezi ge mu kubisoma n'okubivvuunula.

7. <u>Noonya ekigendererwa ky'omuwandiisi n'omulamwa ogw'awamu ogw'ekitabo, ebigambo ebikozesebbwa, n'ekitundu.</u> Nga tonnaba kwekaliriza ekitundu oba olunyiriri, weetaaga okutegeera engeri olunyiriri olwo gye lukolaganamu n'ekigendererwa awamu n'omulamwa gw'ekitabo kyonna n'ekitundu ky'ekitabo olunyiriri olwo mwe lusangibwa. Jjukira: enyiriri eziri mu mwaliro ze zikuwa amakulu g'ebigambo n'enyiriri mu kitundu. Okubeera n'obusobozi obw'okuteeka omulamwa mu bigambo byo mu ngeri etegeerekeka ne mu butuufu bwaagwo kujja kukuyamba okugutegeera. Obutasobola okuteeka omulamwa mu bigambo byo kitegeeza nti togutegeera, era kitegeeza nti weetaaga okuddamu okusoma, okuyiga, n'okufumiitiriza ku kitabo, ekitundu, oba ekyawandiikibwa ekyo. *Okulambulula ekitabo, essuula, oba ekitundu kuyamba nnyo mu kutegeera entambula y'ekirowoozo n'amakulu.*

8. <u>Okunyonnyola kukontana n'okulagirira.</u> *Okunyonnyola* kuba kyakulabirako oba ekigambo ekyogera ku muntu, ekintu, oba ekintu ekibaddewo. *Okulagirira* kuba kuwa ndagiriro ("oteekeddwa") ekitutegeeza kye tulina okukola oba engeri gye tulina okubeera. Eby'okulabirako ebiri mu Bayibuli okutwaliza awamu *tebitera* kukola ng'ebiragiro okujjako nga biwagiddwa ekiragiro. Ensobi ekolebwa bulijjo kwe kukyuusa enyinyonnyola ne tuzifuula endagiriro, oba okugamba nti eky'okulabirako oba ekikolwa kye tusanze mu Bayibuli y'alibadde ennono y'ekkanisa olwaleero.

9. <u>Okunyonnyola ekyawandiikibwa mu bujjuvu ne mu butuufu n'okukitegeera obulungi kwesigamizibwa ku mitendera esatu egikolera awamu—okwetegereza; okuvvuunula; n'okuteeka mu nkola.</u> Okwetegereza, okuvvuunula, n'okuteeka mu nkola bijja kulowoozebwako ng'ebitundu ebisatu ebyawufu mu kunyonnyola ekyawandiikibwa mu bujjuvu. Okwetegereza kwe *kukulembera* okuvvuunula n'okuteeka mu nkola; naye ng'ate, mu kukola, ebitundu ebyo ebisatu biyinza okukwatagana.

a. *Okwetegereza kuddamu ekibuuzo "Ekyawandiikibwa kino kigamba ki?"* Okwetegereza gwe musingi gw'oteekwa okusooka okuzimba bw'oba oyagala okuvvuunula Bayibuli n'okugiteeka mu nkola mu butuufu. *Okuvvuunula n'okuteeka mu nkola okutuufu bisinziira ku kwetegereza okutuufu.*

b. *Okuvvuunula kuddamu ekibuuzo "Ekyawandiikibwa kino kitegeeza ki?"* Okuvvuunula kungi kujja kulabikirawo era kujja kutambula mu ngeri eya bulijjo singa *weetegereza* n'obwegendereza ekyo ekyawandiikibwa kye kigamba mu *mwaliro* gwakyo. Toyinza kunyonnyola ekyawandiikibwa kye kitegeeza okutuusa ng'omaze okutegeera obulungi kye kigamba. Mu kunyonnyola ekyawandiikibwa, oteekwa okukakasa nti okunyonnyola kwo kukwatagana n'okwetegereza kwo.

c. *Okuteeka mu nkola kuddamu ekibuuzo "amakulu g'ekyawandiikibwa kino gankwatako gatya (ne ku balala) olwaleero?"* Okuteeka mu nkola "kujja ng'osisinkanye amazima n'osalawo okwanukula amazima ago mu buwulize" (Arthur 1994: 11).[1]

## III. <u>Obuwanika bw'Ebiseera Byaffe</u>

### A. *Ebiseera bulamu*

"Ebiseera bulamu. Tebikomezebwawo era tebizzikawo. Okwonoona ebiseera byo kuba kwonoona obulamu bwo, naye okufuga ebiseera byo kwe kufuga obulamu bwo n'obikozesa okubijjamu ekintu ekisinga okuba eky'omugaso." (Lakein 1989: 11)

1. <u>Buli omu mu nsi alina ebiseera ebyenkana n'eby'abalala.</u> Buli muntu alina "ebiseera byonna ebiriwo"—essaawa 24 olunaku; essaawa 168 mu ssabbiiti; essaawa 8736 mu mwaka gumu. Enkozesa y'ebiseera byaffe y'enkozesa y'obulamu bwaffe.

2. <u>Ebiseera bidduka.</u> Bayibuli eyogera ng'ekkaatiriza obumpi bw'ekiseera kye tulina ku nsi kuno. Ennaku zaffe zigerageranyizibwa n'olufu oba empewo (**Yob 7:7; Zab 39:5, 11; 144:4; Yak 4:14**); omukka gwe tussa (**Zab 39:5**); ekisiikirize ekiggwaawo (**Yob 8:9; 14:2; Zab 102:11; 109:23; 144:4**); ekimuli oba omuddo oguwotoka amangu (**Yob 14:2; Zab 90:5-6; 102:11; 103:15-16; Isa**

[1] Ebiwandiiko ebirala ku nyinyonnyola ya Bayibuli bisangibwa ku mukutu gwa ECLEA: www.eclea.net.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**40:6-8; Yak 1:10-11; 1 Peet 1:24**).

3. Tuli mu "nnaku ez'oluvanyuma." Yesu akomawo ku nsi. Tewali amanyi ddi lwalikomawo (**Mat 24:36, 42; 25:13**). Wabula, tukimanyi nti tuli mu "nnaku ez'oluvanyuma" (**Bik 2:15-17; 1 Kol 10:11; 1 Tim 4:1; Beb 1:2; Yak 5:3; 1 Peet 1:20; 1 Yok 2:18**). Ennaku ezo zijja kuggwayo nga tetukisuubira (**Mat 24:36-25:13**).

**B.** ***Gye tulibeera mu bulamu bwaffe obutaggwaawo n'engeri gye tulibeera mu bulamu obwo esinziira ku ekyo kye tukola n'obulamu bwaffe kati***

1. Newakubadde obulamu ku nsi kuno bufuumuuka, fenna tujja kubeerawo emirembe n'emirembe, oba ku nsi empya (eggulu) oba mu ggeyeena. C. S. Lewis yakiteeka bw'ati: "Teri *bantu ba bulijjo*. Toyogerangako n'omuntu buntu ow'okufa. Amawanga, obuwangwa, ebifaananyi, obugunjufu—ebyo byonna bifa, era obulamu bwabyo ku bwaffe bulinga obulamu bwa namunkanga. Naye abantu abatafa be tusaaga nabo, be tukola nabo, be tuwasa, be tukambuwalira, era be tuviisaamu amagoba—ensisi etefa oba ettutumu ery'emirembe n'emirembe." (Lewis 1980: 19)

2. Ffenna tusisinkana omusango gwa Katonda olw'obulamu bwaffe bwe tufa. **Mat 10:15; Beb 9:27; 1 Yok 4:17**).

a. Obulokozi bwaffe bwesigamizibwa ku nkolagana yaffe ne Yesu Kristo (**Yok 3:16, 36; 1 Yok 5:11-12**).

b. Katonda ajja kutusalira omusango era atuwe empeera, oba lwa bulungi oba lwa bubi, okusinziira ku kye twakola ne kye tutaakola nga tukyali ku nsi (**Mat 16:27; Bar 2:5-10; 1 Kol 3:12-15; 2 Kol 5:10; Bef 6:8; Bak 3:23-25; Kub 2:23; 20:11-15**).

3. Kubanga obulamu ku nsi bumpi, kubanga tujja kusalirwa omusango okusinziira ku kye tukola, era kubanga kye tukola kirina kye kikola ku ngeri gye tulibeeramu emirembe n'emirembe, Bayibuli etugamba "okununula obudde bwaffe" kati.

a. **Bef 5:15-16** etugamba, *"Kale; mutunule nnyo bwe mutambulanga, si ng'abatalina magezi; nga mweguliranga ebbanga* [*kwe kugamba, nga mununulanga obudde*]*, kubanga ennaku zino mbi."* **Bak 4:5** mu ngeri y'emu egamba, *"Mutambulirenga mu magezi eri abo ab'ebweru, nga mweguliranga ebbanga* [*kwe kugamba, nga mununulanga obudde*]*."*

b. *Ekigambo ky'Oluyonaani ekikozesebwa mu nyiriri ezo ky'ekigambo 'exagorazō' ekitegeeza, mu kutwaliza awamu, "okugula, okugula ekintu kyonna ekiyinza okugulibwa ekiri awantu wonna, n'obutakkiriza akadde akatuufu akaliwo okumala gayita nga tekategeereddwa naye okukafuula akako"* (Zodhiates 1993: 597). Ekigambo kye kimu ekikozesebwa mu **Bag 3:13** ne **4:5** nga kyogera ku kya Kristo okutununula okuva ku kibi n'okufa. N'olw'ekyo kiraga omugaso omukulu oguli mu kukozesa obudde bwaffe n'amagezi (Laba ne **Bar 13:11; 1 Kol 7:29; 2 Kol 6:2; 1 Tim 6:18-19; 1 Peet 1:17; 4:1-3,7**).

**C.** ***Ennono enkulu mu nkozesa y'obudde***

"Okuba omuwanguzi tekukuleetera kukozesa bulungi obudde bwo; okukozesa obudde bwo obulungi kwe kukufuula okuba omuwanguzi."

"Ekibuuzo tekiri 'Budde ki bwensigazizza?' naye 'Kiki kye nkola n'obudde bwensigazizza?'"

1. Okununula obudde bwaffe n'okubukozesa obulungi kukwatagana n'okukuuma ebisookerwako mu bulamu bwaffe nga bituufu olw'okukozesa obudde bwaffe. Abawanika b'obudde abagezi bakimanyi nti ekizibu ky'engeri gye tuyinza okukolamu ekyo kye tuteekeddwa okukola mu kaseera ke tulina "kigenda buziba okusinga ekkekwa lw'obudde; okutwaliza awamu kiba kizibu kya kumanya ebisookerwako bye tulina okukola" (Hummel 1967: 4). Tetulina kukozesa obudde bwaffe obukulu ku bintu ebitali bikulu.

a. *Okukwatagana n'ebikulu bye tulina okukola mu bulamu bwaffe, twetaaga okwebuuza ebibuuzo ebikulu nga:* (1) Kintu ki ekimu kye nyinza okukola buli luvannyuma lw'ekiseera ekigere ekiyinza okukola enjawulo ennungi ennene mu bulamu bwange? (2) Kintu ki ekimu mu buweereza bwange, mu busuubuzi bwange, oba mu bulamu bwange obw'obukugu ekiyinza okukola enjawulo ng'eyo? (3) Kintu ki ekimu mu bulamu bwange obw'omwoyo ekiyinza okuleeta enjawulo ng'eyo? (4) Kiki kye nneetaaga *okutandika* okukola bwe ntunuulira bye nzize mpitamu, embeera zange eziriwo, essuubi lyange n'ebirooto byange eby'ebiseera ebijja? (5) Kiki kye nneetaaga *okulekayo* okukola bwe ntunuulira bye nzize mpitamu, embeera zange eziriwo, essuubi lyange n'ebirooto byange eby'ebiseera ebijja?

b. *Okukwatagana n'ebyo bye tukola, twetaaga okubeera nga twebuuza ebibuuzo nga:* (1) Lwaki nkola kino? Ekigendererwa kiki? (2) Kiki ekinaabaawo singa sikikola? (3) Ekyo ky'ekintu ekituufu eky'okukola? [Twala obudde bwo mu kukola ebintu ebituufu bulungi] (4) Kiki *eky'amagezi kye nnina okukola* bwe ntunuulira bye nzize mpitamu, embeera zange eziriwo, essuubi lyange n'ebirooto byange eby'ebiseera ebijja?

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

2. Tuteekwa OKUTEEKATEEKA engeri gye tunaakozesaamu obudde bwaffe ("okulemwa okuteekateeka kwe kuteekateeka okulemwa").

a. *Tandika ng'omanyi enkomerero bw'eneebeera.* "Okutandika ng'olina enkomerero mu birowoozo byo kitegeeza okutandika n'okutegeera okutuufu okw'entuuko yo. Kitegeeza okumanya gy'olaga osobole okutegeera obulungi wa w'oli kati n'okukakasa nti buli ddaala ly'otwala liri mu kkubo ttuufu. . . . Buli kitundu ky'obulamu bwo—empisa ey'olwaleero, empisa ey'enkya, empisa eya ssabbiiti ejja, empisa ey'omwezi ogujja, mu ebyo ebisinga okuba ebikulu gy'oli —ziyinza okwekenneenyezebwa mu kitangaala ky'obulamba bw'obulamu bwo. Mu kubeera n'ekifaananyi ky'enkomerero yo mu birowoozo byo, oyinza okukakasa nti buli ky'okola ku lunaku lwonna oluba luliwo tekikontana n'ebyo by'omanyi nti bye bisinga okuba ebikulu, era nti buli lunaku lulina kye lwongera ku kwolesebwa kw'olina ku lw'obulamu bwo bwonna mu ngeri erimu amakulu . . . . Kyangu nnyo okukwatibwa mu mutego ogw'ekyo ky'okola, n'obeera ng'okola nnyo mu bulamu bwo, okusobola okulinnya eddaala erikutwala mu buwanguzi naye ate oluvannyuma okukizuula nti ly'esigamye ku kisenge ekitali kituufu. Kisoboka okubeera ng'okola nnyo—ng'okola nnyo ddala—naye nga tolina gy'olaga. . . . Kikola enjawulo mu bulamu bwaffe okumanya obulungi ekyo eky'omugaso gye tuli, era, nga tukirina mu birowoozo byaffe, twefuga buli lunaku okusobola okubeera nga tukola ekyo ekisinga okuba eky'omugaso gye tuli." (Covey 1989: 98)

b. *Tandika n'ebisookerwako—tegeka era kola nga weetooloola kw'ebyo by'omanyi nti bikulu.* "Ekikulu mu nkozesa entuufu ey'obudde bwaffe n'obulamu bwaffe kwe kutegeka n'okukola nga tweetooloolera ku ebyo bye tumanyi nti bye bisinga okuba ebikulu. . . . Ka mbuuze ekibuuzo kino: Singa obadde wa kusobya mu kimu ku bitundu bino ebisatu, kyalibadde kitundu ki: (1) obutasobola okumanya *ebikulu ebisookerwako* mu bulamu bwo*;* (2) obutasobola oba obutayagala *kutegeka* nga weetooloolera ku ebyo ebikulu; oba (3) obutaba na *mpisa* ey'okukola ng'obyetooloolerako, okusigala mu ebyo by'omanyi nti bikulu mu ntegeka yo?

Abantu abasinga bagamba nti ekisinga okubatta bwe butaba na mpisa gye beetaddemu. Bwe nkirowoozaako ennyo, nzikiriza nti eyo si y'ensonga. Ekizibu ekikulu kiri nti bye batwala ng'ebikulu tebinnaba kusimbibwa mu ntobo y'emitima gyabwe n'ebirowoozo byabwe." (Covey 1989: 157-58)

c. *Okuteekateeka kuteekwa okukolebwa waakiri nga kwa ssabbiiti namba (oba okusingawo), ng'okwa buli lunaku nakwo bwe kuteekwa okukolebwa.*

(1) Ekkubo erisinga okuba eddungi ery'okuteekateeka obulamu bwo okusobola okusookeranga ku by'olina okusookerako, n'okukakasa nti ofuna obudde obumala okukola ku by'omanyi nti bye bikulu, kwe kubeera n'enteekateeka ez'ebiseera ebiwanvu awamu n'enteekateeka ez'ebiseera ebimpi ku lw'enkozesa y'obudde bwo. Okumanya ekyo ky'oyagala okutuukiriza mu mwaka gumu, oba mu mwezi gumu, oba mu ttaamu emu ey'essomero, oba mu kiseera ekiwanvuko okusinga ku ekyo kuyamba okutukuumira mu bintu eby'omugaso.

(2) Ekisumuluzo ekitutwala eri enkozesa entuufu ey'obudde bwaffe kwe kwetegeka ku musingi ogwa buli *ssabbiiti.* "Okyayinza okukikola ku musingi ogwa buli lunaku, naye nga ekigendererwa ekikulu kwe kutegeka ssabbiiti eyo. Okwetegeka ku musingi ogwa buli ssabbiiti kukuwa ekifaananyi ekigazi okusinga enteekateeka eya buli lunaku. Walabika okubaawo entegeera ya ssabbiiti eyeesigamizibwa ku buwangwa ng'ekitundu ky'ekiseera ekimu ekiramba. Obusuubuzi, obuyigirize, n'ebintu ebirala bingi eby'abantu mu kitundu bikolebwa ku musingi ogwa ssabbiiti, nga biteekawo ennaku ezimu okuba nga za kukola n'amaanyi n'endala nga za kuwummuzaamu ku birowoozo. . . . Abantu abasinga balowooleza mu ssabbiiti. . . . [Enteekateeka eza buli lunaku] zisobola okukuyamba okutegeka ebikulu byo, naye ng'okutwaliza awamu zikuyamba okutegeka ebintu ebirimu akatyabaga n'omulimu ogukwetaagisa okukola ennyo. *Ekisumuluzo si kutwala ng'ebikulu ebyo ebiri mu nteekateeka y'obudde bwo, naye okuwa obudde bwo ebyo by'omanyi nti bye bikulu.* Era ekyo kiyinza okusinga okukolebwa obulungi mu bbanga lya ssabbiiti." (Covey 1989: 161)

(3) Jjukira: Oyinza okukyuusa enteekateeka yo obudde bwonna, singa oba nga ogyirina.

3. Tuteekwa okwawula wakati w'EKY'OMUGASO ne EKYETAAGA OKUKOLEBWAKO MU BWANGU, era tusinge okukozesa obudde bwaffe ku bintu EBY'OMUGASO

a. *Akabi akanene mu kukozesa obudde bwaffe kwe kuleka ebintu bye twetaaga okukolerawo okutwala ebifo by'ebintu ebikulu.* "Tubeera mu kusikagana omuguwa okw'olubeerera

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

wakati w'ebintu bye twetaaga okukolerawo n'eby'omugaso. Ekizibu kiri nti omulimu ogw'omugaso si nti guteekwa kukolebwa olwaleero, oba ssabbiiti eno. . . . Naye ebyo ebyetaaga okukolebwako amangu bitubanja okubikolako mu bwangu—ebyo ebitusaba okubikola binyigiriza buli ssaawa n'olunaku. . . . Okusaba okw'akaseera obuseera okw'emirimu egyo kulabika obutagumiikirizika era ng'okw'omugaso, era emirimu egyo gitwala amaanyi gaffe. Naye bw'ogitunuulira ng'olowooza ku budde, obukulu bwagyo obulimu obulimba buvaawo; nga tetulinaamu ekirowoozo eky'okufiirwa, tuteeka ebbali ebyo eby'omugaso. Tugenda okwekanga nga tufuuse abaddu b'ebyetaaga okukolebwako amangu." (Hummel 1967: 4-5).

b. *Ennono zino wammanga zituyamba okwawula wakati w'ebyo ebyetaaga okukolebwako mu bwangu n'ebyo eby'omugaso:*

(1) <u>Ebyo ebya mangu bitusaba okubiwa *obudde;* ebyo eby'omugaso bitusaba okulowooza ku *mugaso* oba *omuwendo* gwabyo.</u> "*Ekya mangu* kitegeeza nti kyetaaga okulowoozebwako mu bwangu. Kya 'kati kati!' Ebintu ebyetaaga okukolebwako mbagirawo byagala okutufuga. Essimu eri mu kufuga yeetaaga kukwatibwa awatali kulwa. Abantu abasinga tebayinza kugumiikiriza okuleka essimu ng'evuga. . . . Ebintu ebyetaaga okukolebwako amangu bitera okulabikirawo. Bitunyigiriza; bituwaliriza okubikolako. Bitera okuba nga bikolebwa lwa bulungi bwa balala. Bitera okubeera nga bitutunuulidde. Era emirundi mingi bisanyusa okukola ate nga byangu. Naye nga emirundi mingi nnyo tebirina mugaso!

*Eky'omugaso,* ku ludda olulala, kikwata ku ebyo ebikivaamu. Ekintu bwe kiba eky'omugaso, kirina kye kyongera ku bubaka bwo, ennono zo, n'ebiruubirirwa byo ebikulu." (Covey 1989: 150-51)

(2) <u>Okukola ekintu  kwenganga okwanukula ekintu.</u> "*Twanukula* ensonga ez'okukolako amangu. Ensonga ez'omugaso eziteetaagisa kukolako mu bwangu zeetaaga okwongera okuziwa obudde, oba okuzoongeramu ku byetaagisa. Tuteekwa *okutwala eddaala* okukozesa akakisa, okusobozesa ebintu okubeerawo. . . . Bwe tuba nga tetumanyi bulungi eky'omugaso,  n'ekyo kye twagala okutuukako mu bulamu bwaffe, tubeera bangu okuwaba ne tutwalibwa ekyo ekyetaaga okukolebwa mu bwangu." (Covey 1989: 151)

4. <u>EKYAPA KY'ENKOZESA Y'OBUDDE (Covey 1989: 151):</u>

| | **EBYA MANGU** | **EBITALI BYA MANGU** |
|---|---|---|
| **EBY'OMUGASO** | **I**<br>Obutabanguko<br>Okuzimba<br>Ebizibu ebinyigiriza<br>Emirimu egiggwako ennaku | **II**<br>Okuteekateeka; Enkolagana<br>Okutuukiriza enteekateeka n'ebiruubirirwa<br>Okuziyiza ebizibu<br>Okulaba akakisa akapya<br>Emirimu egy'okuddaabiriza; okwesanyusaamu |
| **EBITALI BYA MUGASO** | **III**<br>Okutataganyizibwa; amasimu<br>Amabaluwa; enkung'aana<br>Ensonga ezinyigiriza<br>Eby'okukola ebyagalwa abantu | **IV**<br>Ebitagasa; Okukola ennyo; Ebbaluwa ezze<br>Essimu ebeera evuga; eby'okwesanyusaamu<br>Aboonoona ebiseera |

5. <u>Okutegeera n'okutuukiriza Enkozesa y'Obudde.</u>

a. *Abantu bonna balaba nti ebiri mu **Kisenge I** bye bisinga okuba eby'omugaso n'ebiri mu **Kisenge IV** by'ebitali bya mugaso.* Naye ate, abantu abasinga bakola ensobi ne bateeka obudde bwabwe obusinga mu kukola ebiri mu **Kisenge III** ng'ebikulu ebiddako nga bamaze okukola ku ebyo ebiri mu **Kisenge I**. Ekyo kikyamu.

b. *Ekisumuluzo ekikutwala eri enkozesa entuufu ey'obudde bwo kwe kuteeka obudde bwo obusinga ku bintu ebiri mu **Kisenge II**.* Mu kukola ekyo ojja kukendeeza ku bungi bw'ebintu ebiri mu **Kisenge I** olw'okuziyiza obutabanguko n'ebizibu ebiyinza okujja. Ekirala, okumenyeka kungi kubaawo olw'okulwawo okutandika okukola ekyo ky'oteekeddwa okukola mu budde n'olinda okutuusa ng'ennaku ziweddeyo. Bw'okozesa obulungi obudde bwo, n'omaliriza emirimu gyo mu budde, ojja kuziyiza okumenyeka okuteetaagisa kungi mu bulamu bwo.

c. *Stephen Covey, eyakola Ekyapa eky'Enkozesa y'Obudde, akinyonnyola bw'ati:* "Ebiri mu **Kisenge I** byetaaga okukolebwako mu bwangu ate nga bya mugaso. Ebivaamu bigasa era byetaaga okutunulwamu mangu. Tutera okuyita eby'okukola ebiri mu **Kisenge I**

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

'obutabanguko oba 'ebizibu.' Ffenna tulina eby'okukola ebiri mu **Kisenge I** mu bulamu bwaffe. Naye ebiri mu **Kisenge I** bitwala abantu bangi. Bawanika ba butabanguko, babeera balowooza ku bizibu, bakola ebintu ng'obudde buweddeyo.

Buli lw'obeera ku ebyo ebiri mu **Kisenge I**, byeyongera okukula okutuusa lwe bikumalawo. . . . Abantu abamu babeera bakubiddwakubiddwa ebizibu olunaku lwonna buli lunaku. Akalembereza ke babeera nako kabaawo lwe baba bazze ku bitagasa, ebiteetaga na kukolebwako mu bwangu eby'**Ekisenge IV**. Kale, bw'otunuulira ekyapa kyabwe kyonna, ebitundu 90 ku buli 100 eby'obudde bwabwe biggwera mu **Kisenge IV**, nga bawa ebiri mu **Bisenge II** ne **III** obudde obutamala. Eyo y'engeri ey'abantu abawanika obulamu bwabwe mu butabanguko.

Waliwo abantu abalala abamala obudde bwabwe obungi mu bintu 'ebyetaagibwa amangu, kyokka nga si bya mugaso' ebiri mu **Kisenge III**, nga balowooza nti bali mu **Kisenge I**. Bamala ebiseera byabwe ebisinga nga baanukula ebintu ebyetaaga okukolebwako amangu, nga balowooza nti bya mugaso. Naye ekituufu kiri nti okwetaagibwa ennyo okw'ebintu ebyo kwesigamizibwa ku bintu ebikulu mu bulamu bw'abalala n'ebigendererwa byabwe.

Abantu abamala ebiseera byabwe kumpi byonna mu **Bisenge III** ne **IV** okutwaliza awamu babeera n'obulamu obutalaga buvunanyizibwa.

Abantu abakola obulungi emirimu gyabwe basigala ebweru w'**Ebisenge III** ne **IV** kubanga, oba byetaaga okukolebwako mangu oba nedda, si bya mugaso. Era bagezaako okufunza ebiri mu **Kisenge I** mu kuwa ebiri mu **Kisenge II** obudde obusinga.

**Ekisenge II** gwe mutima ogw'obuwanika obulungi obw'obuntu. Kikola ku bintu ebiteetaaga kukolebwako mu bwangu, naye nga bya mugaso. **Ekisenge I** kirimu ebintu nga okuzimba enkolagana, okuwandiika omulamwa gw'obuweereza bwo, enteekateeka ey'ebbanga eggwanvu, okwegezaamu, enziyiza y'ebizibu, okwetegeka—ebyo byonna bye tumanyi nti twetaaga okubikola, naye bye tutatera kukola, kubanga tebyetaagibwa mu bwangu." (Covey 1989: 152-54)

d. *Jjuklira Etteeka erya 80/20:* Kumpi 20 ku buli 100 eky'ebintu bye tukola biweza ebitundu 80 ku buli 100 eby'omugaso. Ebyo by'ebintu eby'omugaso. N'olw'ekyo, twetaaga okusinga okuteeka obudde bwaffe n'amaanyi gaffe mu bintu ebyo 20 ku buli 100 ebitusaba okukola.

**D. *Okuwa omuntu omulala omulimu n'obuvunanyizibwa***

1. Tewali n'omu mu kifo ky'obukulu alina obudde oba asobola okukola buli kimu yekka. N'olw'ekyo, ekibiina kyonna okuddukanyizibwa obulungi—oba ekkanisa, oba obusuubuzi, oba enyumba—obuvunanyizibwa obumu n'emirimu egimu girina kuweebwa abalala bagikole.

2. Abakozi abasinga oba abantu abali mu bifo ebya wansi *baagala* emirimu egimu okubaweebwa, basobole okukakasa nga bwe bali abalungi. Naye eky'omukisa omubi, abakulembeze bangi baavu mu kugaba emirimu: tebawa bakozi babwe emirimu egirabika oba egy'ensonga; bagamba nti babawa omulimu ogumanyiddwa naye ate bagezaako "okufuga" omulimu gwonna; oba s'ekyo, tebabawa ebikozesebwa ebimala ebibasobozesa okukola obulungi omulimu ogubaweereddwa.

3. Waliwo ennono enkulu eza "Okuwa abalala obuwanika" ezijja okuvaamu okuwa abalala omulimu n'obuvunanyizibwa. "Okuwa abalala obuwanika kutunuulira ebibala mu kifo ky'enkola. Kuwa abantu akakisa okusalawo ku nkola gye baagala okukozesa ne baba nti bavunaanyizibwa okulaga ebibala." (Covey 1989: 173-74). Okukola obulungi, okuwa omuntu omulala obuwanika kwetaagisa okutegeeragana n'okukkiriziganya okutangaavu, okw'olwatu mu njuyi nnya:

a. *Ebibala ebisuubirwa.* "Tondawo entegeeragana entangaavu ey'ebyo ebyetaaga okutuukibwako, ng'otunuulira *kiki*, *so si ngeri ki; ebibala,* so si *enkola*" (Covey 1989: 174). Tangaaza bulungi okusuubira kwo. Weetaaga okuwa omuntu gw'olekera obuvunanyizibwa eky'okukola *ekitegeerekeka* obulungi, era omulage olunaku lw'omwezi n'obudde lwe gwetaaga okuba nga guwedde. Obutangaavu bubeerawo ng'ebintu biteekeddwa mu *buwandiike*. Twala obudde, beera mugumiikiriza, era ddamu ebibuuzo byonna mu ngeri etegeerekeka obulungi. Bw'oba owa emirimu mingi mu kaseera ke kamu, buulira omuntu oyo omugaso gwa buli mulimu. Tolowooza bulowooza ekintu kyonna nti kinaabeerawo bwe kituuka ku nsonga y'okufuna ebiruubirirwa. Obutategeerekeka bulungi mu kuwa omuntu omulimu y'emu ku nsonga ezireeta okulemererwa.

b. *Endagiriro.* Laga ekkomo oba ebikugiro ebiraga wa omuntu waalina okukoma mu mulimu ggwe. Ebyo birina kuba bitono nga bwe kisoboka, kubanga ekigendererwa kimu eky'okumuwa omulimu kiri nti ggwe, awadde omuntu ono omulimu, teweetaaga kubeera ng'omutaddeko amaaso buli kiseera okukakasa nti ali mu kugukola. Era, kakasa nti omulaga ebitundu by'osuubira nti ayinza okubisangamu obuzibu. Abantu bo bayise bulungi. Jjukira:

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

leka omuntu oyo akole omulimu ogwo mu ngeri ye—ggwe ky'okola kwe kutunuulira ebivaamu, so si kumubuulira enkola gy'alina okugoberera okutuuka ku kigendererwa. Oyinza okwewuunya okuyiiya kw'omuntu oyo mu mulimu ogwo..

c. *Ebikozesebwa.* Oteekwa okuwa omuntu gw'olekedde omulimu ebikozesebwa ebimala okumusobozesa okugukola obulungi. Kino kirimu okukakasa nti alina obudde obumala, sente ezimala, obuwagizi obw'ekikugu, n'obuyinza okukola kye yeetaaga okukola okusobola okutuuka ku kigendererwa. Kakasa nti omulaga ebikozesebwa eby'engeri ey'abantu, sente, obukugu, n'enteekateeka by'ayinza okweyambisa okusobola okumaliriza omulimu. Okulemwa okuwa ebikozesebwa ebimala y'emu ku nsibuko enkulu ez'okulemererwa okukola omulimu obulungi mu mirimu egirina okukolebwa omuntu omulala.

d. *Okuwa alipoota n'ebivaamu.* Laga emitindo egijja okukozesebwa mu kupima obulungi bw'omulimu gw'anaaba akoze, ne ddi lw'asuubirwa okukuwa alipoota ku mulimu ogwo n'okugupima. Mubuulire kiki ekijja okubaawo, ekirungi n'ekibi, ekinaava mu kupima omulimu ogwo. Walina kubaawo ekintu ekiwa *omuntu gw'owadde omulimu* amaanyi. Buulira omuntu oyo mu lwatu nti ojja kubeera ng'omutegeeza bw'akola, ebirungi n'ebibi ebiri mu mulimu gwe. Omuntu bw'akola obulungi ekintu, mutendereze mbagirawo—mubuulire ky'akoze ekirungi, ng'osonga ku ekyo kyennyini ky'akoze; mumanyise bw'owulira olw'ekyo ky'akoze era nga bwe kiri eky'omugaso. Omuntu bw'akola ekikyamu, munenye mbagirawo—mubuulire ekikyamu ky'akoze, ng'osonga ku ekyo kyennyini ky'akoze; mubuulire bw'owulira olw'ekyo ky'akoze era lwaki kikulu. Naye, tomala galeka okunenya bw'otyo. Oluvanyuma lw'okumunenya, mubuulire nga bw'ali ow'omugaso gy'oli; mumanyise nti oli ku ludda lwe, newakubadde towulidde bulungi mu mulimu ogwo gw'akoze. Jjukira, okunenya bwe kuggwa, kiba kiwedde. (Blanchard and Johnson 1982: 44, 59)

**E. *Ebirala ebyeyongerako ku buwanika bw'obudde***

1. <u>Twetaaga okuziyiza "aboonoonyi b'obudde."</u> Omwonoonyi w'obudde ky'ekintu kyonna ekitujja ku ngeri gye twalibadde tukozesamu obudde bwaffe—ekintu kyonna ekitataaganya ebiruubirirwa byaffe ebikulu. Abantu bangi boonoona essaawa namba oba n'okusingawo buli lunaku olw'ebintu nga: okubeera n'emmeeza eriko ebintu ebimaze gagirekebwako; obutasobola kulaba bye banoonya; obuteetegekera nkiiko; okusubwa ensisinkano n'omuntu, okukoowa ennyo n'otosobola kuteeka birowoozo ku ky'olina okukola. Emirundi mingi ebintu ebyonoona obudde bwaffe biba bintu birungi ku bwabyo mu ngeri nti tebyalitutte nnyo obudde bwaffe, naye ate tubirwako nnyo oba tubiyitiriza. Mu byonoonyi by'obudde bwaffe mwe muli:

a. Telefayino.
b. Emizannyo egy'okwesanyusaamu.
c. Okwogera ku ssimu.
d. Empapula z'amawulire.
e. "Okubeera ku Intaneti."
f. Okweraliikirira.

2. <u>Kozesa ebintu ebikuyamba mu kuteekateeka eby'olunaku oba olukalala oluwandiike olw'ebintu by'olina okukola okukuyamba okuteekateeka obudde bwo.</u>

a. *Amasaawa ag'oku bisenge, ag'oku mikono, Kalenda, n'ebintu ebirala ebikozesebwa mu kuteekateeka olunaku byonna bituyamba okupima n'okufuga enkozesa y'obudde bwaffe.* Ekyo kya mugaso kubanga tuli bawanika b'obudde bwaffe, so si abaddu babwo.

b. *Kuuma enkozesa y'obudde bwo.* Abantu abasinga tebamanyi ngeri ki gye bakozesaamu obudde bwabwe. Bayinza okuba abakyamu ennyo mu nteebereza yabwe ey'obudde bwe baba bamaze mu bitundu oba mu mirimu egy'enjawulo. Akakodyo akamu kwe kukuuma akawandiiko akakujjukiza obudde bw'omaze mu buli ky'okoze, ng'owandiika oluvanyuma lwa buli dakiika nga 30. Teeka mu lukalala buli ky'okoze, omuli okwogerera ku ssimu, okuloota okw'emisana, okunoonya ebintu, okusoma, okusaba, okwogera, n'ebirala. Kola ekyo bulijjo okumalako ssabbiiti emu. Oyinza okwewuunya obudde bw'omala mu bintu ebitagasa. Ekkubo lyokka ery'okukola enjawulo ezeetaagisa osobole okukozesa obudde obusinga mu bintu eby'omugaso (Ekisenge II), kwe kumanya engeri gy'okozesaamu obudde bwo kati. Okukuuma ebiwandiiko ebiraga enkozesa y'obudde bwo si kizibu. Eba mpisa gy'oyinza okweteekamu. Bannamateeka n'abakugu abalala abakusasuza sente okusinziira ku ssaawa ze bamaze nga bakukolera ky'oyagala kino bakikola buli kiseera.

3. <u>Oteekwa okuyiga okugamba "nedda" eri abakusaba okubawa ku budde bwo.</u> Abasumba naddala basuubirwa okugamba "yee" eri buli abasaba ku budde bwabwe. Eky'omukisa omubi, ekyo kiteeza nti abasumba abo—abalina eby'obuvunaanyizibwa eby'omugaso bingi—tebakyasobola okuteekawo ebikulu eby'obulamu bwabwe. Tebakyasobola okufuga obudde bwabwe, naye baba baddu eri ebikulu ebya buli omu. Bingi ku ebyo bye basabibwa okukola bya nsonga. Naye emirundi mingi ebiseera by'omusumba ebisinga bitwalibwa ebintu ebitagasa. Ekirala, abasumba bangi basuubirwa

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

okuwa buli ayingira mu nju yabwe emmere n'aw'okusula—newakubadde omusumba ayinza obutaba na mmere emala, oba ekitanda ekirala, ate nga n'ekkanisa temuwa sente za kwaniriza bagenyi ng'abo. Ekivaamu kiri nti, mu kwewaayo okuyamba buli aba amusabye, omusumba aba takola bulungi omulimu gwe. Alemesebwa, n'abantu baba tebayambibwa nga bwe baalibadde bayambibwa.

a. *Abasumba, abakulembeze b'ekkanisa, n'ekkung'aniro, beetaaga okwogera ku nsonga eyo enkulu.* Beetaaga okutegeerekeka obulungi era babeere n'ebibasuubirwamu eby'ensonga ku ludda olw'obudde bw'omusumba. Abantu abalala mu kkung'aniro basobola era balina okwaniriza abagenyi, okwongereza ku musumba. Ekkanisa bw'esalawo nti omusumba y'aba aliisa abagenyi oba okubasuza, erina okutoola ebikozesebwa ebyetaagisa okukola ekyo. Ekkanisa bw'emanya ekizibu ekyo, eyinza okuteekawo obuweereza okusisinkana ebyetaago ebyo, n'ekendeeza ku bizibu omusumba by'alina.

b. *Ensonga ey'okwanukula abantu abalala abakusaba ku budde bwo ebeera nsonga ya kusalawo ku bikulu by'oteekeddwa okukola, by'olinako obuvunaanyizibwa oluvanyuma lwa byonna.* Covey agmba, "Sitegeeza nti teweenyigira mu mirimu egya, katugambe, bulungi bwa nsi. Ebintu ebyo bya mugaso. Naye olina okusalawo ku bikulu ennyo ebirina okusookerwako mu bulamu era obeere n'obuvumu—ng'oyagala, nga bw'omwenyamwenyanamu, nga tolinaamu na kwejjusa—okugamba 'nedda' mu bintu ebirala. Era engeri ey'okukola ekyo kwe kwogera 'nedda' ennene ekwokya munda. Omulabe wa 'ekisinga obulungi' ye 'ekirungi.'

Kimanye nti bulijjo obeera olina ekintu ky'ogamba 'nedda'. Oba nga si by'ebyo ebirabika okuba eby'amangu mu bulamu bwo, byandiba nga by'ebyo ebikulu, eby'omugaso ennyo ddala. Ebyo eby'amangu ne bwe biba nga birungi, biyinza okukuziyiza okukola ebyo ebisinga okukubeerera eby'omugaso, n'okukugaana okubyenyigiramu mu ngeri ey'enjawulo, bw'obikkiriza." (Covey 1989: 156-57)

4. <u>Okuteekateeka obudde, ensisinkano, n'okukola ku bikutataganya.</u>

a. *Weetaaga okuteekateeka obudde ne by'ogenda okukola okusinziira ku busobozi bwo.* Waliwo ebiseera ebimu mu lunaku omuntu lw'awulira ng'obwongo bwe bulamu ddala era bukola bulungi. Ate ku ludda olulala, waliwo ebiseera ebimu lw'awulira nga bukola kitono. Kozesa obudde bw'omanyi nti bwe bukusingira obulungi okukola emirimu gyo egisinga okuba egy'omugaso (Ebisenge I ne II). Egyo gy'omanyi nti si gya mugaso nnyo, enkiiko, n'ebirala, oyinza okugiwa ebiseera by'omanyi nti si birungi nnyo gy'oli. Enkiiko zo zirina kuba na biteeso ebimanyiddwa. Enkiiko ezimu zitwala ebiseera biwanvu ne zoonoona obudde kubanga ebiteeso tebibaddeewo n'ekigendererwa ky'olukiiko tekitegeerekeka bulungi.

b. *Ng'omusumba, weetaaga obudde obw'okusoma n'okusaba nga totataaganyizibwa. Obumu ku buvunaanyizibwa bw'omusumba obusinga okuba obw'omugaso kwe kusomesa n'okubuulira Ekigambo kya Katonda* (laba, eky'okulabirako, **1 Tim 4:11, 13, 16; 5:17; 6:2**). Okusobola okukola ekyo obulungi, OTEEKWA okuba n'obudde obumala mu ssabbiiti obw'okusoma n'okuyiga Bayibuli, okusaba, n'okuteekateeka enjiri yo. N'olw'ekyo, olina kuba n'ebiseera ebiwanvu by'oteeseteese mu ssabbiiti, eby'okusaba n'okuyiga Bayibuli. Abantu bo beetaaga okukimanya ekyo. Beetaaga okumanya nti tebalina kukutataaganya, okujjako nga waliwo ebizibu eby'amaanyi ddala. Kola kyonna ky'osobola okuteekateeka obulungi ebiseera byo eby'okulaba abantu. Singa omuntu ajja gy'oli n'ensonga eteri y'amaanyi mu budde bwo obw'okusoma, olina okuba ng'osobola okukimugamba—mu buwombeefu naye nga tokirinaamu kwejjusa—teekateeka obudde obulala okulaba omuntu oyo. Obuweereza bwo bujja kutereera singa okola ekyo, ojja kuba ng'oweereza bulungi abantu bo. Bwe bakitegeera, bajja kukisanyukira era tebajja kunyiiga bw'osalawo obutabasisinkana ebiseera ebimu.

c. *Okukola ku kutataaganyizibwa.* Okutataaganyizibwa tekwewalika.  Abantu baagala okwogeramu naawe. Okukuuma enkolagana erimu okwaniriza abalala kya mugaso. Wabula, oluusi otataaganyizibwa ng'oli mu makkati g'okukola ekintu. Bwe kiba bw'ekityo, oyinza okugamba bw'oti: "Ndi wakati mu kintu eky'omugaso. Oyinza okukomawo mu budde bwa ssaawa emu (oba olw'eggulo; oba nti, Tuyinza okufuna obudde obulala mu ssabbiiti eno tusobole okulabagana awatali kutataaganyizibwa)?" Oba, lowooza ku kintu nga kino: "Ndi wakati mu kintu eky'omugaso. Naye nyinza okukuwaayo eddakiika ttaano." Oluvannyuma lw'eddakiika ettaano, oyinza okumugamba, "Nga bwe nagambye, nakuwadde eddakiika ttaano, kale ensonga eyo tujja kwongera okujogerako olulala nga tetulina kutataaganyizibwa." Awo oyinza okuteekateeka obudde obulala obw'okumusisinkana, oluvanyuma n'omusiibula. Ate ku ludda olulala, okugamba omuntu oyo nti olina eddakiika ttaano zokka, kikuwa akakisa okwongerayo obudde obwo bwe kiba kyetaagisa. Bw'oba

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

otataaganyizibwa ng'oli wakati mu kintu eky'omugaso, naye, kiri gy'oli—so si omuntu oyo—oba onooyogera naye, oba nedda; era bw'oba onookikola, onootwaala budde ki.

5. <u>"Okukola" enkalala n'obutakolerawo ekintu.</u>

a. *Okukola enkalala kulina kukolebwa ng'osookera ku bikulu.* Menyaamenya ebintu ebyo obijjemu ebitundutundu ebitonotono ebikoleka. Gezaako okusooka okukola ekisinga okuba ekibi oba ekizibu okukola. Okusooka okukola ekisinga okuba ekizibu kijja kukuwonya okukoowa okungi okwalibadde kukulindirira, era kireetera omulimu ogwo okugenda bukwakku.

b. *Obutakolerawo ekintu.* Buli omu alina ekintu ky'atakolerawo mu budde bwakyo obutuufu. Naye, kigambiddwa ate nga kituufu nti, "okwongerangayo obudde obw'okukola ekintu ye mubbi w'ebiseera." Okwongerangayo obudde obw'okukola ekintu kutuleetera okumenyeka ennyo bwe tutasooka kukola ku bintu eby'omugaso okutuusa ku dakiika esembayo. N'olw'ekyo, twetaaga okumanya *lwaki* tetwagala kukola emirimu egimu. Kiyinza okuba nti bwe tumanya ensonga lwaki tetukolerawo ebintu ebimu mu budde bwabyo, ekituziyiza okubikola kiyinza okuvaawo. Ate ku ludda olulala, okumanya ensibuko y'ebizibu byaffe kuyinza okutulaga obwetaavu obw'okunoonya obuyambi bw'omuntu omulala, oba kiyinza n'okutuweesa omuntu omulala obuvunanyizibwa obw'omulimu ogwo (naye bwe tukola ekyo, tuteekwa okukakasa nti tugoberera ennono ez'okuwa omuntu omulala obuwanika obulungi).

6. <u>Obudde obutonotono obuweereddwa olw'okukola omulimu buli luvanyuma lw'akaseera akagere butera okuvaamu ebibala birungi okusinga okugwa obugwi ku bitundu ebinene eby'omulimu ogwo.</u> Okutandika n'okukuuma enkolagana ennungi wakati w'abantu, okwegezaamu mu mizannyo, okuyiga olulimi olugwira, okuyiga okuzannya ekyuma ekivuga, oba okuyiga ekintu ekipya kyonna, byonna byetaaga okuweebwa obudde buli luvanyuma lw'akaseera akagere (naddala, buli lunaku) mu mulimu. Okukola ekyo kibeerera ddala kya mugaso okusinga okuwa ebintu ebyo obudde obuwanvu oluvanyuma lw'ebiseera ebitali bigere oba obw'olumu. Ekiseera ekiwanvu ekiweebwa obw'olumu okukoleramu ebintu ebyo tekikola mu kifo ky'ebiseera ebitonotono ebiweebwa buli luvanyuma lw'akaseera akagere. Ennono ey'okukola ekintu buli luvanyuma lw'akaseera akagere ekola mu bitundu byonna eby'obulamu bwaffe. Eyo y'ensonga lwaki tulina okufuga ebiseera byaffe, okusinga okuleka "ebyo eby'amangu" oba ebikwata ku balala okufuga ebiseera byaffe.

7. <u>Jjukira nti ebiseera byaffe byonna bya mugaso.</u> Tetutera *kumanyirawo* omugaso gw'ebyo bye tukola (oba ebyo bye twalibadde tukola). Tetutera kumanya omugaso gw'obudde bwe tulina oba akakisa ke tulemeddwa okukozesa okutuusa nga wayise akabanga (oluusi nga tetukyalina budde bwa kukyuusa ebintu oba obw'okukola ekyo kye twalibadde tewakola). Jjukira nti n'ekikopo ky'amazzi ekiweebwa omuntu kya mugaso, era tekyerabirwa kitaffe ali mu ggulu (**Mat 10:42**). N'olw'ekyo, buli kiseera kye tulina kya mugaso. Ekigenze toyinza kukizzaawo. Okukikuuma buvunaanyizibwa bunene mu buwanika bwaffe.

## IV. <u>Obuwanika bw'Emibiri Gyaffe</u>

### A. *Emibiri gyaffe birabo eby'omugaso era ebyewuunyisa ebya Katonda*

1. <u>Twatondebwa Katonda.</u>

a. Ekintu ekisooka Ebyawandiikibwa kye bigamba ku ffe kiri nti tuli *bitonde*, twatondebwa Katonda (**Lub 1:26-27; 2:7, 18-22**).

b. Ebyawandiikibwa era bitugamba nti Katonda teyamala gatonda abantu ababiri abaasooka (Adamu ne Kaawa), n'amala gatuleka awo ku lwaffe. Wabula, Katonda *akola buli muntu* (**Kuv 4:11; Yob 10:8; 31:15; Zab 100:3; 119:73; 139:13-16; Isa 44:24; Yer 1:4-5; 27:5**).

2. <u>Katonda yabumba n'akola emibiri gyaffe mu ngeri ey'enjawulo.</u>

a. ***Zab 139:13-16*** *etubuulira nti Katonda yeenyigira butereevu mu kutonda emibiri gyaffe:*

> [13]*Kubanga ggwe olina omwoyo gwange; Wambikkako mu lubuto lwa mmange.* [14]*Naakwebazanga, kubanga okukolebwa kwange kwa ntiisa, kwa kitalo; Emirimu gyo gya kitalo, N'ekyo emmeeme yange ekimanyidde ddala.* [15]*Tewakisibwa mubiri gwange, Bwe nnakolerwa mu kyama, bwe nnatondebwa n'amagezi amangi mu bya wansi eby'ensi;* [16]*Amaaso go gaalaba omubiri gwange nga tegunnatuukirira; Ne mu kitabo kyo ebitundu byange byonna ne biwandiikibwa Ebyabumbibwanga buli lunaku buli lunaku, Bwe byali nga tebinnabaawo n'ekimu.*

b. *Omukono gwa Katonda ogw'amaanyi weeguli mu buli kitundu ky'obulamu bwaffe n'emibiri gyaffe:*

(1) Aleetawo oba aziyiza okufuna olubuto n'okuzaala (**Lub 20:17-18; 30:2; Kuv 23:26; Luus 4:13; 1 Sam 5-6, 19-20; Isa 66:9**).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

(2) Y'akola ku biba bisobye mu kuzaala, emirimu gye gisobole okulabika (**Kuv 4:11; Nge 20:12; Mik 4:6; Yok 9:1-3**).
(3) Y'akola ku ntandikwa n'enkomerero y'obulamu bwaffe obw'omubiri (**Ma 32:39; 1 Sam 2:6; Yob 12:9-10; 14:5; Zab 139:16-18; Mub 8:8; Dan 5:23; Luk 12:16-20; Bik 17:24-26**).

3. Kubanga Katonda ye yatutonda, tuli babe.
a. Ensi n'ebintu byonna ebigirimu bya Katonda (**Yob 12:7-10; Zab 24:1; 50:10-12; 104:1-30; Isa 66:1-2a; Mat 5:34-35; Bik 7:49-50**).
b. Kubanga Katonda yatonda abantu, tuli babe okuviira ddala ku kuzaalibwa kwaffe okuyita mu kufa kwaffe (**Ma 10:14; Zab 24:1; 50:10-12; 95:6-7; 100:3; Isa 17:7; 29:19; 44:24; 45:9; 64:8; Yer 18:1-10; Ezek 24:15-18; Bar 9:20**).
c. Ekyesimba Abakristaayo bonna ba Katonda **(Bar 14:7-8; 1 Kol 6:19-20; 7:23; 1 Peet 1:17-19; 2 Peet 2:1).**

**B.** ***Emibiri gyaffe gyakolebwa mu ngeri ey'enjawulo kubanga twatondebwa mu kifaananyi kya Katonda, n'emibiri gyaffe yekaalu ya Mwoyo Omutukuvu***

1. Twatondebwa mu kifaananyi kya Katonda (KKK).
a. *Mu* ***Lub 1:26-27*** *Katonda yagamba "Tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe; bafugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu n'ente n'ensi yonna na buli ekyewalula ku nsi. Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda."*
b. *Ekifaananyi ky'omuntu eyatuukirira "n'ekya Katonda bw'ali" ye Yesu Kristo.* Ebyawandiikibwa biyita Kristo "ekifaananyi kya Katonda" (**2 Kol 4:4; Bak 1:15**) ne "ekifaananyi kye ddala bw'ali" (**Beb 1:3;** laba ne **Yok 14:8-9; 1:1:18; 2 Kol 4:6**). Mu Kristo tulaba "ekifaananyi kya Katonda" (KKK) mu butuukirivu bwakyo bwonna. N'olw'ekyo, tewali kubo ddungi ery'okulaba ekifaananyi kya Katonda erisinga ku kutunula ku Yesu Kristo. Kye tulaba era kye tuwulira mu Kristo ky'ekyo Katonda kye yagenderera ku lw'omuntu" (Hoekema 1986: 22).
c. *Omugaso gw'omubiri gulabikira mu Katonda Okufuuka Omuntu n'Okuzuukira.*
(1) Amazima agaliwo nti Katonda yennyini yatwala omubiri mu Yesu Kristo galaga omugaso gw'omubiri. Mazima, mu nteekateeka ya Katonda ey'obulokozi yali tasobola kutwala bibi byaffe okujjako mu ngeri y'okubyeteekako mu mubiri ku musalaba.
(2) Amazima ag'amazaalibwa n'okulinnya mu ggulu g'ongera okulaga omugaso gw'omubiri mu nteekateeka ya Katonda ey'emirembe n'emirembe. Kristo yakikkaatiriza nti, oluvannyuma lw'amazuukira, teyali muzimu buzimu, naye yalina omubiri ogwa ddala (**Luk 24:36-43; Yok 20:26-29**).
(3) Mu ngeri y'emu, tulibeera n'emibiri egya ddala mu kuzuukira (**Bar 8:11; 1 Kol 15:20-54**). Tetulibeera emirembe n'emirembe ng'emyoyo egyaggibwaako emibiri mu ggulu, naye tulibeera n'emibiri emiggya, egy'ekitiibwa, era tulibeera mu ggulu eriggya n'ensi empya (**Kub 21:1-22:5**).

2. Emibiri gyaffe ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu.
a. Emibiri gyaffe ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu (**1 Kol 6:19-20;** laba ne **Yok 14:16-17; 1 Kol 3:16-17; 2 Kol 6:16**).
b. Yesu naye yayogera ku mubiri gwe nga yeekaalu ya Katonda (**Yok 2:19-21**).
c. *Omugaso gw'amazima agaliwo nti emibiri gyaffe ye yeekaalu ya Katonda gulabibwa, mu kufaananyizibwa, mu ndabirira n'ebintu eby'ebbeeyi ebyakozesebwa mu kuzimba yeekaalu ey'Endagaano Enkadde* (laba **1 Byom 29:1-9**). Yisirayeri ey'Endagaano Enkadde yategeera omugaso gw'okufaayo okuzimba yeekaalu ey'oku nsi nga nnene, kubanga Katonda yabeeranga mu yo. Naffe, bwe tuteekwa.

**C.** ***Waliwo okukwatagana wakati w'embeera yaffe ey'omubiri n'embeera yaffe ey'ebirowoozo, ey'obusimo, n'ey'omwoyo***

1. Tetuli birowoozo ebitalina mibiri oba emyoyo egyayambazibwa mu mibiri "lwa kakisa." Wabula, buli muntu yakolebwa mu bugenderevu ng'alina ekitundu eky'omubiri, n'ekitundu ekitali kya mubiri (omwoyo) ebigattiddwa wamu mu muntu omu, "omuntu omulamba." Nga Francis Schaeffer bwe yagamba: "[Katonda] yatonda omubiri gwange n'omwoyo gwange. Yantonda nga bw'endi, n'enjala eziruma omubiri gwange n'omwoyo gwange. Era yatonda ebintu byonna, nga bwe yantonda. Yatonda ejjinja, emmunyeenye, ebitundu by'eggulu ebisinga okuba ewala. Yatonda ebyo byonna!

Okulowooza ku kimu ku bintu ebyo ku bwabyo ng'ekya wansi ddala kuba kuvvoola

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

Katonda eyakitonda. Lwaki Abakristaayo babulwa ekkubo lyabwe ng'ate lirabika era nga libatuusa bulungi gye balaga? Lwaki ng'amba nti omubiri gwange gwa wansi okusinga omwoyo gwange nga Katonda ye yabitonda byombi?" (Schaeffer 1982, vol. 5: 35)

2. Abantu balimu *ebitundu bingi* era *balamba.*

a. *Okubeera "ow'ebitundu ebingi" kitegeeza nti buli muntu alina ebitundu bingi eby'enjawulo mwe yatondebwa.* Ebitundu ebyo eby'obulamu bw'omuntu birimu ekikwatagana n'omubiri, okumanya, enkolagana n'abalala, empisa, n'omwoyo.

b. *Okubeera "omulamba" kitegeeza nti omuntu oyo tayinza kumala gagabanyizibwamu ebitundu bye eby'enjawulo (tali "10 ku 100 ekitundu kimu" ne "20 ku 100 ekitundu ekirala").* Wabula, ebitundu byonna ebikola omuntu oyo byagattibwa wamu okukola omuntu oyo omu.

c. *Kubanga ffenna tulina emibiri era tuli wansi w'amateeka ag'obutonde, embeera yaffe ey'omubiri ekwata ku buli kintu ekitufaako.* Okubeera "omulamba" nakyo kitegeeza nti embeera y'emibiri gyaffe ekwata ku bitundu byonna eby'obulamu bwaffe. Emibiri gyaffe bwe girwala oba bwe gikoowa ennyo, tetuyinza kukola bulungi mu by'omwoyo, mu bintu ebikwata ku bantu be tubeera nabo, mu kumanya kwaffe, mu mpisa, oba mu ngeri gye tuwuliramu muli.

(1) Eky'okulabirako, okunakuwala kutera okulowoozebwako ng'embeera gy'owulira mu mutima gwo. Amazima gali nti, kuyinza okuleetebwa okutataaganyizibwa mu bwongo bwo, oba kuyinza okuva ku ddagala ly'oba okozesezza. Mu ngeri y'emu, okulaba oba okukkiririza mu bintu ebitaliiyo mu butuufu kuyinza obutava ku "bulwadde mu bwongo," naye kuyinza okuba okwanukula kw'obwongo eri eddagala oba ekizimba mu bwongo.

(2) *Endya* y'omuntu n'obungi bw'*otulo* twe yeebaka n'*okwegezaamu (dduyiro)*kw'akola byonna by'ebintu ebiyinza okwongera ku bizibu mu bitundu ebirala eby'omuntu oba, bwe biba nga bifugiddwa bulungi, biyinza okulongoosa embeera y'obwongo bwe. Okukoowa mu mubiri kuyinza okutunafuya mu bwongo, ne kuba nti kutuleetera okubeera abangu okwewaayo okugwa mu bikemo eby'omwoyo oba ebikwata ku mpisa.

d. *Ebyawandiikibwa bingi mu bayibuli biraga enkolagana ennungi wakati w'embeera yaffe mu by'omubiri n'embeera yaffe mu by'omwoyo (laba* ***Mat 5:29-30; 6:22-23; Bar 6:12-13; 8:1-14; 1 Kol 9:27; 2 Kol 5:10; Bef 5:28-30; Beb 10:22****).*

(1) Tuli ba kuwangayo emibiri gyaffe ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda (**Bar 12:1;** laba **Baf 1:19-20**). N'olw'ekyo, tulina ebbanja okumuwa emibiri emiyonjo, emirongoofu, era emiramu, mu ngeri y'emu nga ssaddaaka ez'Endagaano Enkadde bwe zaali enyonjo, ennongoofu, era ennamu (laba **Leev 1:2-3, 10; 3:1, 6; 4:2-4, 22-23, 27-28, 32; 5:17-18; 6:6-7; 22:18-25; Ma 17:1; Mal 1:12-14**).

(2) Emibiri gyaffe giyinza okubaako enkovu za Kristo (laba **2 Kol 4:7-10; Bag 6:17**).

(3) Emibiri gyaffe nagyo giyinza okukyafuwazibwa, okuswazibwa, n'okwonoonebwa ekibi (laba **Bar 1:21-27; 1 Kol 6:12-18**).

(4) Olw'enkwatagana wakati w'embeera yaffe ey'omubiri n'ey'omwoyo, tulina okulabirira emibiri gyaffe okusobola okulongoosa obuweereza bwaffe. Ababuulizi beetaaga okwewala okuleekaanya amaloboozi gaabwe, basobole okubuulira obulungi. Bwe tutalabirira bulungi emibiri gyaffe, tukendeeza emyaka gyaffe, ekintu ekikendeeza obuwanvu bw'obuweereza bwaffe. Emibiri gyaffe bwe giba eminafu, nga givudde mu mbeera, gikooye, giriisiddwa emmere oba eky'okunywa eky'obutwa, mirwadde kubanga tetugirabiridde bulungi, kale obwongo bwaffe tebujja kuba bwogi nga tuyiga Ekigambo kya Katonda, era tetuyinza kuweereza Mukama n'obuvumu.

**D. *Tulina okunyonnyola Katonda ku bye tukoze mu buwanika bwaffe obw'emibiri gy'atuwadde***

1. Yesu yassaamu ekitiibwa embeera ey'omubiri ey'abantu. Yawanga abayala emmere ennungi. Yawonyanga abalwadde n'azzaangawo abalema. Yeebakanga bwe yali ng'akooye, era yakakasanga nti afuna okwegezaamu okumala mu by'emizannyo.

2. Kubanga Katonda ye yatutonda, atulinako obwa nannyini, yatuwa emibiri, era kubanga emibiri gyaffe gya mugaso era giyungiddwa ku bitundu byaffe eby'obutonde ebirala, omuli embeera yaffe ey'omwoyo, tulina ebbanja ery'obuwanika eri Katonda ku lw'emibiri gyaffe.

3. Obuwanika bw'omubiri bulimu okuyamba abalala.

a. ***1 Kol 12:12-27*** *egeraageranya ekkanisa (omubiri gwa Kristo) n'omubiri gw'omuntu.*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

Ng'emibiri gyaffe gyonna bwe gikolera awamu, era nga bwe tulabirira ebitundu byonna eby'emibiri gyaffe bwe girwala oba bwe gifuna obulumi oba bwe gikoowa, mu ngeri y'emu tulina okuyamba abalala, naddala nga balina obunafu oba ennaku mu by'omubiri.
b. *Abaami naddala balina okuyamba abakazi baabwe mu mirimu egikwatagana n'eby'omubiri, kubanga **Bef 5:28** egamba nti "kibagwanidde abasajja okwagalanga abakazi baabwe bennyini ng'emibiri gyabwe bennyini."* Mu buwangwa bungi, abakazi basuubirwa okukolelera amaka gabwe emirimu egy'amaanyi mingi (katugambe, okutyaba enku, okukima amazzi, okuyonja, okufumba, awamu n'okusitula n'okulabirira abaana ab'emirundi emingi). Ekyo kikooya era kimenya omubiri gw'omukazi. Singa abasajja ddala *"baagala abakazi baabwe bennyini ng'emibiri gyabwe bennyini"* Tebalina kukozesa abakazi baabwe emirimu egy'omubiri egy'amaanyi gyonna. Wabula, beetaaga okukola egimu ku mirimu egyo bo bennyini. Kijja kuyamba okukuuma omubiri gw'omukazi, kijja kwanguya omulimu, era kijja kutondera abasajja akakisa n'abakazi okubeera n'obudde obw'obutakola nga bali wamu beeyongere okusseekimu mu nkolagana yabwe.

4. <u>Obuwanika bw'omubiri bulimu eby'okukola eby'omusingi bino wammanga ebikwatagana n'eby'obulamu:</u>
a. Tulina okulya emmere ewa obulamu, erimu ebiriisa ebipimiddwa obulungi (laba **Bef 5:29**), eteriimu sukaali mungi, omunnyo, soda, ne "emmere eterina mugaso," era tukuume obuzito obulungi obw'omubiri.
b. Twetaaga okwebaka ekimala, era tukole emizannyo buli kiseera (laba **1 Tim 4:8**).
c. Twetaaga okugenda ew'omusawo okwekebeza buli kiseera.
d. Twetaaga okwejjamu emize (nga, okunywa taaba, omwenge, n'okukozesa sukaali omungi, okuvuga emmotoka nga tetwesibye omusipi) egimanyiddwa okuleeta obubenje.
e. Tulina okukolola oba okunyiza mu mpatanya y'omukono oba mu nkwaya zaffe oba mu butambaala okusinga mu mikono gyaffe oba mu bbanga (okukolola oba okunyiza mu mikono gyaffe ly'erimu ku makubo ag'okusaasaanya endwadde kubanga obuwuka busaasaanyizibwa okuyita mu ngalo zaffe okugenda eri buli kintu oba buli muntu gwe tukwatako).
f. Tulina okwewala ebiku, ensekere, ebiyenje, n'enkwa.
g. *Okukozesa obutimba bw'ensiri, n'obukozesebwa mu bumooli, n'endabirwamu mu madirisa bwe biba weebiri.* Gavumenti nyingi, ebitongole binakyewa, n'obuweereza obulala bugaba obutimba bw'ensiri ku bwereere oba ku miwendo egya wansi. Obukadde n'obukadde bw'abantu balwala omusujja gw'ensiri mu Afirika buli mwaka, n'ebikumi by'enkumi ku bo bafa. Enkozesa y'obutimba ly'ekkubo eryangu ery'okuziyiza obulwadde buno obubi ennyo. Mu kuyamba okuziyiza malaria, enkozesa y'obutimba nayo ejja kuwonya sente nyingi ezaalibadde ziweebwa abasawo olw'okujanjaba obulwadde obwo.
h. *Okusima ebinnya ebikyamirwamu (n'okubikkangako ebinnya ebyo buli lwe biba nga tebikozesebwa), n'amakubo amalala ag'okukuuma obuyonjo n'eby'obulamu.* Okulemwa okusima kaabuyonjo kuyamba okusaasaanya obulwadde bwa kolera n'endwadde endala, naddala mu biseera eby'enkuba ensibuko z'amazzi lwe zibeera nga zirimu ebiwuka (*Daily Monitor,* June 26, 2008: 12). Okubikkanga ku binnya eby'omu kaabuyonjo kuziyiza amagi g'ensowera n'ebiwuka ebirala okwalulwa (kubanga geetaaga ekitangaala okusobola okukola ekyo, ate ng'okubikka ku binnya ebyo kuziyiza ekitangaala okuyingira mu binnya ebyo).
i. *Weewale okwambala engoye embisibisi naddala sitokisi embisibisi.* Okukola ekyo kujja kukuyamba okwewala endadde ez'okulususu.
j. *Bikka ku mmere.* Bw'oba otereka emmere oba olinda okugigabula, gikuume ng'ogibisseeko. Okukola ekyo kuziyiza ensowera oba ebiwuka ebirala okugigwako.
k. *Kuuma ebiseera ebirungi eby'okulya*. Kiba kirungi okulya emmere ntonotono buli luvannyuma lw'akaseera akagere okusinga okulya ennyingi omulundi gumu mu biseera ebitagereddwa (naddala amangu nga tonnaba kugenda kwebaka). Ekirala, okusiiba buli kiseera kuyamba okwejjamu obutwa mu mubiri.

5. <u>Obuwanika bw'omubiri nabwo bulimu bino wammanga ebikwata ku buyonjo</u>*:*
a. Twetaaga okukuuma enyumba zaffe n'amaka gaffe nga biyonjo.
b. Twetaaga okusuula ebintu ebibi nga obusa, enkali, amalusu, n'ebirala mu bifo ebituufu.
c. Twetaaga okukuuma ebitanda byaffe nga biyonjo.
d. *Twetaaga okweyonjanga buli kiseera (okunaaba, okusennya amannyo, okusanirira emviiri, okunaaba engalo n'enjala zaffe [naddala mu Afirika ne mu Buyindi abantu abasinga gye bakozesa engalo zaabwe okusinga ebijiiko okulya emmere]).* Ku nsonga eyo, abagabirizi ba "lunaku lw'okunaaba mu ngalo mu nsi yona" bagamba nti: "Okunaaba engalo ne sabuuni ly'ekkubo erisinga okukola obulungi era ery'amangu okuziyiza ekiddukano n'endwadde ezikwatagana n'okussa omukka, ezitwala obulamu bw'obukadde

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

n'obukadde bw'abaana mu nsi ezikyakulaakulana buli mwaka. Endwadde ezo zombi ze zisinga okutta abaana. . . . Okusoomoozebwa kwe tulina kuli nti tulina okufuula okunaaba engalo ne sabuuni empisa eya bulijjo mu maka gaffe okusinga okubeera ekiroowozo ekirungi mu maka gaffe, mu masomero gaffe, ne mu bitundu bye tulimu. Okufuula okunaaba engalo ne sabuuni nga tetunaba kulya n'oluvanyuma lw'okugenda mu kaabuyonjo empisa mu bulamu bwaffe kuyinza okuwonya obulamu bw'abantu bangi okusinga okugema oba okukozesa eddagala, okukendeeza enyimbe ezireetebwa ebiddukano kumpi n'ekitundu kimu kya kubiri n'endwadde ezikwatagana n'okussa omukka n'ekitundu kimu kya kuna." (Global 2008: n.p.)

6. Obuwanika bw'omubiri nabwo bulimu obulongoofu mu by'okwegatta.

a. *Okusinziira ku bayibuli, eby'okwegatta birina kukolebwa mu bufumbo obw'olubeerera (kwe kugamba, obuwangaala okumalako emyaka gyonna egy'obulamu bw'abafumbo abo) obw'omu ku omu bwokka* (laba **Lub 2:24; Mat 19:4-6; 1 Kol 7:1-2, 8-14, 36; 1 Tim 3:2; 5:9, 11, 14; Tito 1:6; Beb 13:4**). Ennono ya bayibuli ey'eby'okwegatta egamba "obwesigwa mu by'okwegatta mu bufumbo; okwewala eby'okwegatta ebweru w'obufumbo." Bayibuli evumirira engeri zonna ez'obukaba (**1 Kol 6:18; 2 Kol 12:21; Bag 5:19; Bef 5:3; Bak 3:5; 1 Bas 4:3-5; Beb 13:4**). Omwo mwe muli: abatali bafumbo okwetaba mu by'okwegatta (**Ma 22:13-21; 1 Kol 7:2, 8-9; 1 Bas 4:3**); abafumbo okwetaba n'abatali bannaabwe mu bufumbo mu by'okwegatta (**Kuv 20:14; Leev 18:20; 20:10; 1 Kol 6:9-10; Yak 2:11**); obwa malaaya (**Leev 19:29; Ma 23:17-18**); ebisiyaga (**Leev 18:22; 20:13; Bar 1:26-27; 1 Kol 6:9-10**; okwetaba mu by'okwegatta n'omuntu gw'olinako bw'omuyita (**Leev 18:6-17; Ma 27:20, 22-23; 1 Kol 5:1**); obuliisa maanyi (**Ma 22:23-27**); n'okusula n'ensolo (**Kuv 22:19; Leev 18:23; 20:15-16; Ma 27:21**).

b. *Mu **1 Kol 6:15-18** Pawulo alabula: [15]Temumanyi ng'emibiri gyammwe bye bitundu bya Kristo? Kale nzirirenga ebitundu bya Kristo mbifuule bitundu by'omwensi? Kitalo! [16]Oba temumanyi ng'eyeegatta n'omwenzi gwe mubiri gumu kubanga ayogera nti, "BOMBIRIRI BANAABEERANGA OMUBIRI GUMU." [17]Naye eyeegatta ne Mukama waffe gwe mwoyo gumu. [18]Mwewalenga obwenzi. Buli kibi kyonna omuntu ky'akola kiri kungulu ku mubiri; naye ayenda akola ekibi ku mubiri gwe ye.*

c. *Mu kitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa, Pawulo atulaga nti tuli bantu abazimbiddwa awamu.* Tetuyinza kukola kintu ku mibiri gyaffe ne kitakwata ku myoyo gyaffe. Ekyo kituufu ku bantu bonna, naye ate ku Bakristaayo, kibi nnyo. Ensonga eri nti tuyungiddwa wamu ne Kristo, mu mwoyo ne mu mubiri (tuli mubiri gwe—**1 Kol 12:12-27,** emibiri gyaffe ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu—**1 Kol 6:19-20;** laba ne **Yok 14:16-17; 1 Kol 3:16-17; 2 Kol 6:16**). N'olw'ekyo, bwe twetaba mu bwenzi, tuli ng'abayingiza Kristo mu bwenzi. Mazima, bayibuli yenkanyankanya obwenzi n'okuva ku Katonda okugoberera bakatonda abalala n'ebikolwa ebitali bya bwakatonda (laba **Yer 3:6-10; Ezek 16:15-22; Kos 2:2; 4:12; Yak 4:4; Kub 2:18-22; 14:8; 17:1-5; 18:1-3; 19:1-2**). N'olw'ekyo, ekibi eky'obwenzi kivaamu empeera ey'omwoyo eteri nungi. Ku ludda olulala, obwesigwa mu by'okwegatta kukuuma enkolagana ennungi eteziyiziddwa oba etezikiriziddwa ekibi mu kusseekimu ne Katonda (laba **Isa 59:2; Mal 2:13-16; 1 Bas 5:19**).

d. *Okukuuma obulongoofu mu by'okwegatta kye kintu ekisinga okuba eky'omugaso abantu kye bayinza okukola okuziyiza okukwatibwa n'okusaasaanya endwadde z'obukaba, omuli MUKENENYA* (laba **Nge 3:1-8; 5:1-11; 7:1-27; 1 Kol 7:34**). Endwadde ez'obukaba nga mwe muli MUKENENYA zisaasaanye buli wamu okwetooloola ensi yonna. Nga bwe zisaasaana, ebika ebipya eby'endwadde ez'obukaba ebigumira eddagala birabika. Endwadde ez'obukaba omuli MUKENENYA ziyinza okuleetawo obulumi bwa maanyi, ensasaanya ya sente ey'amaanyi, obutazaala, obulemu, n'okufa. N'olw'ekyo, okutambulira mu nnono ya bayibuli ey'eby'okwegatta egamba nti obwesigwa mu by'okwegatta mu bufumbo; okwewala eby'okwegatta ebweru w'obufumbo nakwo kulina empeera ey'amaanyi. Okusigala abeesigwa mu bufumbo, n'okwewala okwetaba mu by'okwegatta ebweru w'obufumbo kkubo limu ery'amaanyi ery'okukola obuwanika obulungi obw'emibiri gyaffe.

7. Mu kukola ebyo waggulu, tetujja kuyamba okukakasa nti obulamu bwaffe bulungi kyokka, naye tujja n'okwewala okulwaza abalala abatwetoolodde. N'olw'ekyo, okukola ebintu ebyo kkubo dungi nnyo "ery'okwagala muliranwa wo nga bwe weeyagala wekka" (**Mat 22:39-40**).

## V. Obuwanika bw'enkolagana yaffe

### A. *Enkolagana eyesigamiziddwa ku nkola ng'yolekana ne'nkolagana eyesigamizibwa ku kisa*

1. Olw'okuba Kristo atukyusizza, empisa zaffe, endowooza zaffe, n'ebikolwa byaffe birina okweyongera okufaanana nga Kristo. Abakristaayo "bitonde bijja" mu Kristo (**2 Kol 5:17**).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

Tetukyalina *"kufaanana nsi eno, wabula okukyusibwa olw'okuzza obuggya ebirowoozo byaffe"* (**Bar 12:2**). Kati tukulemberwa Omwoyo, so si mubiri, n'olwekyo tetukyalina kutambula ng'obomubiri (**Bar 8:12-14**). N'olwekyo tulina okwambula obulamu obw'edda n'okwambala obupya (**Bef 4:17-24; Bak 3:10**). Obulamu buno obupya bufugga engeri gye tulina okulowooza (**Bar 12:16; 1 Kol 2:16; Baf 4:8; Bak 3:1-2**), okwogera (**Bef 4:15; Baf 2:14; Bak 4:6; Yak 3:1-12; Yuda 16**), n'okukola (**Bar 12:9; 13:12-13; 1 Kol 6:9-20; 2 Kol 4:2; Bag 5:16-23; 6:9-10; Bef 1:4; 2:10; 4:1, 25-31; 5:3-5, 18-21; Baf 1:27; Bak 1:10; 3:5-9; 4:5; 1 Bas 2:12; 4:3-7, 12; 5:22; 2 Bas 3:13; 1 Tim 3:1-13; 6:11; 2 Tim 2:20-25; Tito 3:1-11; Yak 1:22; 2:14-26; 4:1-17; 5:9; 3 Yok 11**).

2. <u>Enteekateeka y'ensi ekwata ku nkolagana y'enkolagana "esinziira ku ekyo ekikoleddwa".</u> Okwagalwa kw'omuntu kusinziira ku *ngeri gy'aba akozeemu* ("kola by'olina okukola; nange nkole bye nnina okukola"); okuweebwa ekintu kwesigamisibwa ku *birungi* omuntu *by'aba akoze* — omuntu ayagalwa oli bw'awulira nti a*gwanidde okwagalwa* ("bw'okola /bw'otokola kino, *awo* nange nja kukola/sijja kukola kino"), oba olw'okumufunako ekintu; okufuna amaanyi ag'okukola ekintu kwesigamizibwa ku ngeri omuntu *gy'awuliramu.* Enkomerero y'enteekateeka y'ensi kwe kwezikiriza, naddala mu bufumbo olwa:

a. obutasobola bwange okutuuka ku bye nsuubira ebitali bya mazima;
b. obutasobola kumanya nti munnange akoze by'alina okukola;
c. okwagala okutunuuliranga obunafu bwa munnange;
d. okummalangamu munnange amaanyi, ekintu ekisanyalaza okukola kwange obulungi.

Ekivaamu, nga bwe kiragiddwa mu **1 Pet 3:9a**, wabaawo enkolagana eya "ekibi-ku-kibi" ne "ekivumo-ku-kivumo enkolagana ng'ezo ku nkomerero ziteekeddwa okulemererwa kubanga zisibuka mu mitima egitasonyiwa era emikakanyavu, nga mu kino okukkirizibwa n'omukwano byesigamiziddwa ku kukola era nga birina okufunibwa, era ng'essira liteekebwa ku muntu yennyini. Enjuyi ezibeera mu nkolagana ng'ezo bulijjo ziwulira nga kyetaagisa "okwesasuza" nga waliwo ekintu ekitono ekilowoozebwa nti kibaddewo.

3. <u>Enteekateeka ya Kristo ey'enkolagana y'enkolagana "eyesigamizibwa ku kisa". </u> Yeesigamizibwa ku kikula kya Katonda yennyini, erina omulandira gwayo mu kutonda, era eraga enkolagana wakati wa Kristo n'ekkanisa ye. N'olw'ekyo, enkolagana mu bufumbo yeesigamizibwa ku kweteeka wansi okw'omuntu omu okusobola okutuuka ku bwetaavu bw'omulala n'ekiluubirirwa kye ekisinga, n'okw'enkolagana mu bufumbo okutwaliza awamu. Ekireta okweyisa mu ngeri eno kiva mu kwagala n'okusiima Kristo, n'eky'okubiri ebiva mu kwagala munno gw'oli naye mu bufumbo (atwalibwa okuba ekirabo kya Katonda gy'oli). Mu nkolagana ng'eyo, okwagalana, n'okukkirizibwa, n'obuganzi *biweebwa buwa,* tebikolererwa, kubanga Kristo ye yasooka okutwagala awamu ne munno oyo agwanidde okuweebwa okwagala, okusembezebwa, n'obuganzi ng'obwo, kubanga mwana wa Katonda era aliko ekifaananyi kya Katonda. Munnaffe bw'atatuukiriza kusuubira kwaffe, tuyinza okumusonyiwa *awatali kwekwasa kintu kirala kyonna* kubanga naffe twasonyiyibwa Kristo ne tutabaganyizibwa ne Katonda bwe twali tukyali abalabe (**Bar 5:8-10**). Ekivaamu, nga bwekirambikibwa mu **1 Pet 3:9b; Abar 12:17, 19, 21; 1 Abas 5:15**, y'enkolagana erimu okuwa "omukisa mu kifo ky'okuvuma" etunuulira Katonda n'Ekigambo kye, era eyanukula n'ekisa n'ekisonyiwo singa munno akukola bubi. Enkomerero y'enkolagana ng'eyo buwanguzi, kubanga eva mu mbala za Katonda yennyini n'ebiragiro bye. enkolagana ng'ezo zimanyiddwa olw'okukwatagana, okusaasira, enkola ey'obumu (obwasseruganda), omutima omulungi, n'obwetoowaze mu mwoyo (**1 Peet 3:8**). Enjuyi ezikola enkolagana ng'ezo buli omu yeewaayo eri munne era bakulembeza obulungi bwa munne (**Mat 5:40-46; Yok 13:13-15; Bar 12:10; 14:13, 15; 15:21; 1 Kol 8:13; 10:24; Baf 2:3-9; 1 Bas 5:12-13; Yak 2:1-4; 1 Peet 2:17; 1 Yok 3:16**). Banoonya emirembe n'obumu (**Mat 5:9, 23-25; Bar 12:18; 1 Kol 1:10; 4:12-13; 10:32-33; 12:14-26; Bef 4:3; Baf 2:1-3**). N'olwekyo, abantu ng'abo balaga obwetoowaze, obukkakkamu, n'okugumiikiriza (**Mat 5:5; Bef 4:1-2; Baf 4:5; 1 Bas 2:7**). Tebakwatirwa buggya (**Bag 5:26**), wabula babudaabudagana era buli omu aba wakisa eri mune era basonyiwagana (**Mat 5:7; Bar 12:20; 2 Kol 1:3-5; Bef 4:32; Bak 3:10, 13**). Ekirala, obutafaananako nkolagana eyesigamiziddwa ku nnono zensi, abantu abakulembeza Kristo tebeeggya ku bantu ba mawanga oba ebika ebirala (**Bag 2:11-14; 3:28; Bak 3:11**), era n'omutima omugabi bawaayo okuyamba abaavu (**Mat 5:42; 2 Kol 8:1-15; 9:6-11; Bag 2:10; Yak 1:27; 2:5-6**). Engeri zino empya ez'okukolagana n'abantu mu butonde zibaawo bwe tukitegeera nti, mu Kristo, tetukyali bantu ssekinnoomu abataliiko kakwate, wabula ffenna tuli kitundu kya maka amapya (**Bar 8:14-17; Bag 3:26; 4:6-7; Bef 1:5;1 Tim 3:15;5:1-2**), abalina akakwate ak'okulusegere "*ebitundu bya bannaabwe*" (**Bar 12:5; Bef 4:25**).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**B.** ***Tuyitibwa okulaga omukwano mu nkolagana zaffe zonna***

Omutima gw'enkolagana zonna ezesigamiziddwa ku Kristo kwe KWAGALA. Ensonga lwaki kino kituufu eri nti okwagala kuva eri Katonda kubanga Katonda kwagala (**1 Yok 4:7-8, 16**), era tulina okufaanana ye (**Bar 8:29; 1 Kol 15:49; 2 Kol 3 :18).** Mu butuufu, "*Twagala, kubanga ye yasooka okutwagala"* (**Yok 4:19** laba ne **Bef.5:2**). "Singa omuntu yenna abuuza nti, 'Eky'okuba nti Katonda akwagala kivaamu kitya okwagala abalala?' eky'okuddamu kiri nti: Okuzaalibwa obuggya kuleeta akakwate ako. Okuzaalibwa obuggya kye kikolwa ky'Omwoyo Omutukuvu okugatta emitima gyaffe egy'affa egy'okwefaako fekka n'omutima gwa Katonda omulamu, ogw'okwagala obulamu bwe bufuuke obulamu bwaffe n'okwagala kwe kufuuke okwagala kwaffe." (Piper 2009: 157) Bwe kityo, okwagala kye kigezo oba akabonero akasookerwako oba ddala omuntu yazaalibwa omulundi ogw'okubiri oba nedda. Engeri okwagala gye kuli wakati mu nkolagana z'Ekikristaayo (n'Obukristaayo bwennyini) erabibwa mu ngeri zino wammanga:

1. Okwagala kwe kukulu nnyo ne kiba nti Yesu yagamba nti amateeka gombi, "*Oyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'omwoyo gwo gwonna, n'ebirowoozo byo byonna," ne "Oyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka,."* gwe musingi gwa Bayibuli yonna (**Mat 22:36-40; Mak 12:28-34; Luk 10:25-28**).
2. Okwagala kukulu nnyo ne kiba nti "*oyo atayagala tamanyi Katonda"* (**1 Yok 4:8**), ne *"Omuntu bw'agamba nti, 'Njagala Katonda," n'akyawa muganda we, aba mulimba; kubanga atayagala muganda we gw'alabye, tayinza kwagala Katonda gw'atalaba"* (**1 Yok 4:20**).
3. Okwagala kuli wakati nnyo ne kiba nti kukwatagana n'okusonyiyibwa ebibi byaffe (**Luk 7:36-50; 1 Peet 4:8**).
4. Okwagala kwe kukulu nnyo ne kiba nti "ekigendererwa" ky'okuyigiriza kw'Ekikristaayo "*kwagala okuva mu mutima omulongoofu n'omuntu ow'omunda omulungi n'okukkiriza okw'amazima"* (**1 Tim 1:5**).
5. Okwagala kwe kukulu nnyo ne kiba nti amateeka gonna gatuukirira mu kigambo nti, "*onooyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala"* (**Bar 13:8-10; Bag 5:14**).
6. Okwagala kukulu nnyo ne kiba nti mu kiro nga tannafa, "etteeka eppya" Yesu lye yawa abayigirizwa be lyali nti *"mwagalane nga nange bwe mbagadde"* (**Yok 13:34; 15:17**).
7. Okwagala kukulu nnyo ne kiba nti "*okwagalana"* ke kabonero akamu Yesu ke yawa "*abantu bonna mwe banaamanya nti muli bayigirizwa bange*" (**Yok 13:35**).
8. Okwaggala kukulu nnyo ne kiba nti lye "*kkubo erisinga obulungi"* (**1 Kol 12:31**). Kisinga okukkiriza n'essuubi (**1 Kol 13:13**). Omuntu bw'aba talina kwagala, aba "taba kintu" ne bw'aba ayogera n'olulimi lw'abantu ne bamalayika, ng'alina ekirabo ky'obunnabbi, ng'alina okumanya kwonna, era ng'alina okukkiriza okuyinza okutambuza ensozi (**1 Kol 13:1-2** ). Omuntu bw'aba talina kwagala, tayina kyafuna ne bw'aba awaayo byonna by'alina okuyamba abaavu n'atuuka n'okuwaayo omubiri gwe gwokebwe (**1 Kol 13:3**).
9. Okwagala kukulu nnyo ne kiba nti "*okwagalana ennyo*" kulina okulagibwa "*okusinga byonna*" (**1 Peet 4:8**).
10. Okwagala kukulu nnyo ne kiba nti kwe kusooka ku "kibala ky'Omwoyo*"* ekiwandiikiddwa mu **Bag 5:22-23**, era kifunza kyonna "ekibala ky'Omwoyo" (ekikulu, "ekibala ky'Omwoyo" kye kiri mu bumu, so si mu bungi).
11. Okwagala kukulu nnyo ne kiba "*y'entabiro y'okwatagana*" ekyo ekirabisibwa okusinga ebintu byonna . (**Bak.3:14)**
12. Okwagala kukulu nnyo ne kiba nti ebyawandikiibwa bikuyita *"eteeka erya'obwakabaka."* (**Yak 2:8**)
13. Obugulumivu bw'okwagala kwe kwefiiriza: "*Tewali kwagala kusinga kuno, omuntu awaayo obulamu bwe ku lwa mikwano gye*" (**Yok 15:13**).
14. Etteeka ly'okwagala likola nnyo: "*N'olwekyo, mu buli kimu muyise abantu nga bwe mwagala okubayisa, kubanga ago ge mateeka ne Bannabbi"* (**Mat 7:12; Luk 6:31**).
15. Abatume bulijjo balaajanidde abakkiriza nga basinziira ku kwagala, era bakubiriza abakkiriza okweyongera okulagaŋŋana okwagalana (**1 Kol 8:1; 16:14; 2 Kol 2:8; 8:24; Bag 5:6, 13; Bef 3:17-19; 4:2, 15; 5:2, 25, 28; Baf 2:1-2; Bak 2:2; 3:14; 1 Bas 3:12; 4:9; Baf 9; Beb 10:24; 1 Peet 2:17; 4:8; 2 Peet 1:7; 1 Yok 4:7-11; 2 Yok 5**).

**C.** ***Engeri gye tuyisaamu abantu eraga ddala kye tulowooza ku Katonda***

Abakristaayo bangi baawula "ebitukuvu" ku "eby'ensi." Balowooza nti ebibaawo mu kkanisa ku Ssande "bya mwoyo," naye engeri gye bayisaamu abantu n'okweyisa mu wiiki "ya bulijjo," oba "kya bulijjo," oba mu ngeri emu teyungiddwa ku bulamu bwabwe obw'omwoyo. Endowooza ng'ezo tezikwatagana ddala na Bayibuli. Engeri gye tweyisaamu mu wiiki—n'okusingira ddala engeri gye tuyisaamu abantu—ekwatagana nnyo n'okusinza kwaffe Katonda. Akakwate ako kali kumpi nnyo ne kiba nti **Yak 1:27** ennyonnyola "*Eddiini entuufu etaliiko bbala mu maaso ga Katonda Kitaffe,* y'eyo *ey'omuntu*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*alabirira bamulekwa ne bannamwandu era nga yeekuuma ensi gy'alimu ereme kumuletako bbala".* Ekigambo ky'Oluyonaani Yakobo ky'akozesa ku *"ddiini"* ye *thrēskeia* ekitegeeza naddala emikolo gy'okusinza kwe ddiini (Danker 2000: *"thrēskeia,"* 459; Zodhiates 1992: *"thrēskeia,"* 742). Yakobo ky'ayogera kiri bwe kiti: "Omuntu yenna bw'ayagala okuwaayo *thrēskeia* ennongoofu era etayononese eri Katonda, ategeere nti ekyo tekizingiramu kutukuzibwa kwa kungulu oba okw'emikolo; waliwo thrēskeia esinga enkumi n'enkumi z'endiga ennume n'emigga egy'amafuta, kwe kugamba, okukola obwenkanya n'okwagala okusaasira n'okutambula n'obuwombefu ne Katonda we (Mic. 6:7-8). Oba, okusinziira ku bigambo bye 'okukyalira bamulekwa ne bannamwandu mu buzibu bwabwe, n'okwekuuma nga tolina kamogo mu nsi' (laba Mat. 23:23). . . . Yakobo yagamba nti ekiseera ekipya kyali kisukkulumye ku ky'edda kubanga *thrēskeia* ey'empya erimu ebikolwa eby'okusaasira, okwagala, n'obutukuvu." (Trench 1989: 188) Mu butuufu, Yesu yagamba nti bwe tutakola bintu bya mugaso okulabirira abantu, olwo okumusinza ku Ssande kwa "bwereere," era okutendereza kwaffe si kirala wabula "okuweereza kw'emimwa," kubanga ebikolwa byaffe (oba obutaba na bikolwa) bikakasizza nti emitima gyaffe "giri wala [naye]" (**Mat 15:3-9**).

Yesu yagamba nti amateeka abiri—okwagala Katonda n'omutima gwo gwonna, n'omwoyo gwo gwonna, n'ebirowoozo byo byonna, era oyagala muliraanwa wo nga ggwe kennyini (**Mat 22:36-40; Mak 12:28-34; Luk 10:25-28**)—gwe musingi gwa Bayibuli yonna. Katonda talimbibwalimbibwa bigambo byaffe. N'olwekyo, atuwadde ekigezo ffe, abalala bonna, ne Katonda yennyini mwe tusobola okulaba obulungi oba, mu butuufu, twagala Katonda n'omutima gwaffe gwonna, n'omwoyo gwaffe gwonna, n'ebirowoozo byaffe byonna. Ekigezo kiri bwe kiti: engeri gye tukola "etteeka eryokubiri" (i.e., engeri gye twagala abantu) bwe bukakafu oba ddala tukola "etteeka erisooka" (i.e., okwagala Katonda). Ne bwe yayolekagana ne Peetero n'amubuuza emirundi esatu nti, "*Onjagala?"* Yesu teyamala gakkiriza kuddamu kwa Peetero nti, "*Yee, Mukama waffe; Okimanyi nti nkwagala.*" Mu kifo ky'ekyo, Yesu oluvannyuma yagamba Peetero nti, "Lunda endiga zange." (**Yok 21:15-17**) Yesu kye yali ayogera ne Peetero kye kino: "Bw'onoonjagala mu mazima, kale ojja kulaga okwagala kwo ng'olabirira endiga zange." Ensonga lwaki ekigezo kino kituufu eri nti buli muntu yakolebwa mu "kifaananyi kya Katonda" (**Lub 1:26-27; 5:1-3; 9:6; Bef 4:24; Bak 3:10; Yak 3:9**), n'engeri gye tuyisaamu ekifaananyi kya Katonda eraga ddala kye tumulowoozaako. Mu ngeri endala: "Okukola kukakasa okubeerawo." Bwe kityo, Omutume Yok yeegaana nnyo nti "okubeera okw'omwoyo kuyinza okwawulwa ku kukola okw'omubiri. Yokaana, mu butuufu, agumya nti ekitonde eky'omwoyo kirina okukakasibwa nga kikolebwa mu mubiri, oba si ekyo ekitonde eky'omwoyo kiba kya ddala. Ekyo kye twalaba mu 1 Yok 3:7: 'Abaana abato, walemenga okubalimba. *Buli akola obutuukirivu aba mutuukirivu*, nga naye bw'ali *omutuukirivu.'* Abalimba baali bagamba nti: Osobola okuba omutuukirivu ate nga toyogera butuukirivu. Yok agamba nti: Abantu bokka abatuukirivu be bakola obutuukirivu. Okukola kikakasa okubeera." (Piper 2009: 146-47) Kino kirabibwa emirundi mingi era mu ngeri nnyingi mu Bayibuli yonna:

1. Engeri gye tukola Katonda by'agamba kikulu nnyo okusinga ebikolwa byaffe ebitongole eby'okusinza mu ddiini (**1 Sam 15:22-23; Zab 51:14-17; Isa 29:13-16; Yer 6:16-20; 7:21-23; Kos 6:6; Bar 12:1; Bak 3:23-24; 1 Yok 5:3; 2 Yok 6; Kub 19:7-8**).
2. Okukola Yesu by'agamba, kabonero akalaga nti tumwagala mu mazima (**Yok 14:15, 21, 23; 15:9-10; 21:15-17**).
3. Akabonero akakulu akalaga obwesigwa n'obuwulize bwaffe eri Katonda y'engeri gye tuyisaamu abantu (**Nge 14:31; 19:17; 21:3; Mik 6:6-8; Mak 12:28-34; Yok 13:34- 35; Yak 1:27; 2:18-26; 1 Peet 3:7; 1 Yok 2:10; 14, 18-19, 23; 4:7, 11-12, 21**).
4. Mu ngeri y'emu, akabonero akakulu akalaga nti tetulina kukkiriza n'obujeemu eri Katonda y'engeri gye tuyisaamu abantu (**Nge 14:31; Isa 1:10-17; Ezek 16:48-50; Mat 12:1-8; 15:3-9; 23:23; Yak 2:14-17; 1 Yok 2:9; 3:10, 15, 17; 4:8, 20**).

**D.** ***Bye tukola mu bulamu buno—naddala engeri gye tuyisaamu abantu—gujja kuba mutindo gwe tusalirwa omusango ku kusalirwa kw'omusango ogusembayo***

Tetusobola kukola kkubo lyaffe okutuuka mu ggulu, wabula tulokolebwa olw'ekisa kya Katonda kyokka olw'okukkiriza mu Kristo (**Yok 3:16-18; 6:28-29; Bar 2:16-17; 10:8-13; Bef 2:8-9; Bag 3:1-14**). Wadde kiri kityo, "Emirimu kye kiraga embeera y'omwoyo ey'omutima gw'omuntu. Tetutegeezebwa oba ebitabo bino [mu **Kub 20:11-15**] birimu ebikolwa ebirungi n'ebibi oba ebyo byokka eby'oluvannyuma. Naye okusala omusango si kwe kugeraageranya ebikolwa ebirungi ku bikolwa ebibi. Wabula, emirimu gitunuulirwa ng'obujulizi obutabuusibwabuusibwa obw'obwesigwa bw'omutima; ziraga okukkiriza oba obutakkiriza, obwesigwa oba obutali bwesigwa. Omusango gujja kulaga obanga obwesigwa bw'abantu bubadde eri Katonda n'Omwana gw'Endiga oba eri abalabe ba Katonda" (Ngundu 2006: 1576) Nga Omutume Yakobo bw'agamba nti, "*Naye omuntu ayinza okugamba nti, 'Ggwe olina okukkiriza nange nnina ebikolwa; ndaga okukkiriza kwo awatali bikolwa, nange ndikulaga okukkiriza kwange olw'ebikolwa byange. . . . Kubanga ng'omubiri ogutalina mwoyo bwe guba omuffu, n'okukkiriza okutaliimu bikolwa kuffu" (***Yak 2:16, 26***)*

Bwe kityo, omufuzi omuto omugagga bwe yabuuza ky'alina okukola okusikira obulamu

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

obutaggwaawo, Yesu yamulung'amya eri "ekipande eky'okubiri eky'amateeka" (i.e., engeri gye tweyisaamu, naddala engeri gye tuyisaamu abantu) ng'ekigezo (**Mat 19:16-26; Mak 10:17-27; Luk 18:18-27**). Ekitundu ekyo eky'Essaala ya Mukama waffe ekigamba nti, "*tusonyiwe amabanja gaffe, nga naffe bwe twasonyiwa abatubanja*" (**Mat 6:12; Luk 11:4**) kye kitundu kyokka eky'Essaala ya Mukama waffe Yesu kye yaggumiza mu ngeri ey'enjawulo era n'annyonnyola nti: "*Kubanga bwe musonyiwa abalala ebisobyo byabwe, ne Kitammwe ow'omu ggulu ajja kubasonyiwa. Naye bwe mutasonyiwa balala, kale Kitammwe ow'omu ggulu talisonyiwa bibi byammwe.*" (**Mat 6:14-15 ;** laba ne **Mak 11:23-26** ). Mu ngeri y'emu, engero za Yesu eziwerako ezikwata ku bwakabaka obw'omu ggulu zalaga nti okusala kw'omusango ogusembayo kujja kwesigama ku ebyo bye tukola, naddala engeri gye tuyisaamu abalala mu bulamu buno (**Mat 18:23-35; 21:28-32; 21:33-44; 24:45-51; 25:1-13; 25:14-30; Mak 12:1-12; Luk 12:42-48; 16:1-9; 19:12-27l; 20:9-18**). Enjigiriza ya Yesu ey'olwatu ku musango ogw'enkomerero yalaga nti okukolimirwa okw'olubeerera oba omukisa ogw'olubeerera gujja kwesigama ku ngeri gye tuyisaamu abantu mu bulamu buno, kubanga: "*okutuuka ku kigero kye mwakikola* [i.e., walaga okufaayo n'okusaasira] *eri omu ku baganda bange, wadde omuto mu bo, mwakikola nze*" (**Mat 25:40**), era "*okutuuka ku kigero nga bwe mutaakikola omu ku bano abasembayo wansi, nange temwakinkola.'* " (**Mat 25:45**). "Ekimu ekikwata ennyo mu kitundu kino ekisembayo y'engeri 'endiga' oba 'embuzi' gye batakitegedde mu kumanya nti, mu kufaayo oba obutafaayo ku baavu, mu butuufu babadde baddamu Kristo. . . . Tewali kiyinza kwogera mu ngeri ya maanyi okusinga nti engeri ebikolwa Katonda by'asiima gye bikulukuta mu butonde okuva mu nkolagana entuufu ne Katonda. Omuntu ky'akola ng'ate tanoonya kusiimibwa kye kiraga empisa ze entuufu." (Travis 1982: 191) N'olwekyo, nga bwe kiri nti bye tukola —naddala engeri gye tuyisaamu abantu —kye kigezo mu bulamu buno ekikakasa kye tulowooza ddala ku Katonda, okugezesebwa okwo kwe kumu kusangibwa mu mbeera yokusala omusango ogusembayo. Kino kirabibwa emirundi mingi era mu ngeri nnyingi mu Bayibuli yonna.

1. Ku musango ogusembayo, abantu bonna bajja kusalirwa omusango, era bafune empeera oba okufiirwa, "okusinziira ku bikolwa byabwe" (**Zab 62:12; Nge 24:12; Mub 12:13-14; Yer 17:10; Obadi 15; Mat 6:5-6, 16-18; 16:27; 25:14-30; Luk 12:47-48; Yok 5:28-29; Bar 2:1-6; 12:19; 1 Kol 3:8, 11-15; 2 Kol 5:10; Bag 6:7-8; Bef 6:8; Bak 3:25; Beb 10:26-27; 1 Peet 1:17; 2 Peet 2:20-22; Yuda 14-15; Kub 2:23; 14:13; 20:11-13; 22:12**).
2. Okusalawo kw'omusango okusembayo ku "bikolwa" byaffe kuzingiramu ebigambo byaffe (**Mat 5:21-22; 12:36-37; Luk 12:2-3; Yuda 14-16**), awamu n'ebyama ne "bintu ebikusike" . mu birowozo byaffe, endowoza zaffe, omutima gwaffe, ebirubirirwa byaffe, n'ebigendererwa byaffe (**1 Sam 16:7; Isa 29:13-14; Yer 17:10; Mat 5:21-22; 6:4, 6, 18; 10:26; Mak 4:21; Luk 2:34-35; 12:2; Bar 2:16; 1 Kol 4:5; Beb 4:12; Kub 2:23**).
3. Engeri gye tuyisaamu abantu mu bulamu buno ejja kuba musingi omukulu ogw'okusala omusango okusembayo, olw'empeera n'okubonerezebwa, kubanga eyo eraga embeera entuufu ey'omutima gwaffe n'enkolagana yaffe eya nnamaddala ne Yesu (**Mat 6:1-4; 10:42; 24:45-51; 25:31-46; Mak 9:41-42; Luk 6:35; 12:33, 41-48; 14:13-14; 16:1-9; Bar 2:1-6; 1 Tim 6:18-19; 2 Tim 4:14; Beb 6:10; 1 Peet 5:1-4**).

### E. *Olukalala lw'ebintu eby'omugaso mu bulamu bwaffe okusinziira ku bukulu bwabyo*

Nga bwe kyogeddwa waggulu, ebintu ebikulu mu bulamu bwaffe bye biteekwa okusooka okutwala ku budde bwaffe, era ne tukozesa obudde obwo mu kukola ku bintu eby'omugaso. Abasinga ku ffe bakozesa ennono eyo mu bintu eby'enjawulo bye tulina okukola eyo gye tukolera oba mu buweereza bwaffe. Naye, tutera okuyisa amaaso ku mazima nti ennono eno ey'ebintu ebikulu mu bulamu bwaffe okusooka okutwala ku budde bwaffe n'okukozesa obudde obwo mu kukola ku bintu eby'omugaso *ekola ku bulamu bwaffe bwonna*. Ekivaamu, ne bwe tuba nga tukola bulungi nnyo emirimu gyaffe, obulamu bwaffe bwonna bubeera mu kutataaganyizibwa kubanga tetukozesezza obudde obumala mu bintu ebyo ne ku bantu abatukwatako okusinga. N'olw'ekyo, luno wammanga lwe "lukalala olw'ebikulu mu bulamu bwaffe" olwetaaga okukuumibwa mu birowoozo byaffe nga bwe tuteekateeka n'okukozesa ebiseera byaffe okusinziira ku bikulu.

1. <u>Sooka onoonye Mukama, obwakabaka bwe n'obutuukirivu (**Mat 6:33; 22:37; 1 Kol 10:31**).</u> Mala nga ekiseera ekigere mu kusaba, okufumiitiriza mu Kigambo kya Katonda n'okukiyiga okusobola okutegeera endowooza ya Katonda, amazima, n'ekkubo ly'okutte mu bulamu bwo.
2. <u>Weekuume nga nga eky'okulabirako eky'obwakatonda (**Mat 5:13-15; 1 Tim 4:7-8, 12, 16**).</u> Okukola ekyo, ojja kuba olina:
   a. Okuteekateeka obudde bwo—n'okukozesa enteekateeka ewandiikiddwa okusobola okukuuma ebigendererwa byo ebikulu butiribiri.
   b. Okumanya wa w'oteekeddwa okukoma era suubira ebintu ebya ddala.
   c. Okuyiga okugamba "nedda" eri ebintu ebiyinza okutwala ebiseera byo mu bungi.
   d. Okuwummulamu, zannyamu, weegezeemu, era weetabe mu bintu eby'abangi.
   e. *Buli bbanga okupima emirimu gyo emikulu, engeri gy'ogikolamu, entambula yo, ekkubo*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*ly'okutte, n'obwesigwa bw'obulamu bwo.* Olugendo lwaffe olw'okufuuka nga Kristo lulabike mu maaso ga bonna, nga naffe mwotutwalidde (**1 Tim 4:15**). Pawulo yapimanga omulimu gwe ye kennyini (**2 Tim 4:6-7**). Abakkiriza abaawandikirwa ekitabo ky'Abaebbulaniya awatali kubuusabuusa tebaapimanga obulamu bwabwe, oba okukula kwabwe mu ku kkiriza nga bwe baalibadde bakula, ne banenyezebwa olw'ekyo (**Beb 5:11-14**).

3. <u>Abali mu maka go olina kubatwala ng'ekisookerwako okusinga ab'ebweru oba okusinga n'ekkanisa yo, kubanga *tosaanide na kuba mukulembeze mu kkanisa bw'oba tosobola kukulembera amaka go bulungi* (**1 Tim 3:4-5**).</u>

a. *Mukyala wo y'atwaliba ng'ekisookerwako mu bulamu bwo kubanga alina kubeera "omubiri gumu" naawe* (**Lub 2:24**). Enkolagana yo naye erina kubeera eky'okulabirako ky'enkolagana wakati wa Kristo n'ekkanisa (**Bef 5:25-32**). Alina kutwalibwa ng'ekisookerwako okusinga abazadde bo kubanga ye naawe mulese abazadde abo ne mukola amaka agammwe. Alina kutwalibwa ng'ekisookerwako okusinga abaana kubanga lunaku lumu abaana bo bajja kuleka amaka go bakole agaabwe.

b. *Abaana bo be batwalibwa ng'eky'okubiri mu bulamu bwo.* Balina kukuzibwa mu makubo ga Mukama (**Ma 6:6-7; Bef 6:4**), naye lunaku lumu bajja kuleka amaka go bakole amaka agaabwe. Obwesigwa bw'abaana bo n'ekitiibwa kye bakussaamu kabonero akalaga nti osaanidde okuba omukulembeze mu Kkanisa (**1 Tim 3:4; Tito 1:6**). N'olw'ekyo, balina kutwalibwa ng'ekisookerwako okusinga omulimu gwo mu kkanisa.

c. *Abazadde bo n'ab'omukyala wo be batwalibwa ngeky'okusatu mu maka go.* Bulijjo abaana balina okutya abazadde baabwe n'okubalabirira nga bali mu bwetaavu (**Kuv 20:12; Bef 6:21-3; 1 Tim 6:4, 8**).

4. <u>Baliraanwa bo n'abantu ab'ebweru (kwe kugamba, abo abali mu kyalo kyo) be baddako.</u> Engeri gye tuyisaamu abantu abalala eraga butereevu oba twagala Katonda (**Mat 22:39-40; 1 Yok 4:20-21**). Okulaga okwagala eri abalala kutwaliramu abakkiriza n'abatakkiriza, abo abatwagala n'abatatwagala (**Mat 43-48; Bag 6:10**). Amazima gali nti, okubeera n'okutegeezebwa okulungi eri abo ab'ebweru w'ekkanisa gumu ku mitindo n'obubonero obulaga nti tusaaniddde okuba abakulembeze mu kkanisa (**1 Tim 3:7**). N'olw'ekyo, abantu abalala balina kutwalibwa ng'ekisookerwako okusinga omulimu gwaffe mu kkanisa.

5. <u>Ekkanisa ya mugaso, naye tusaanidde okukola mu kkanisa singa tuba tusobodde okuteekateeka emirimu gyaffe okusinziira ku bukulu bwagyo.</u> Omulimu gwaffe mu kanisa guteekwa okusinziira ku birabo bye tulina n'okuyitibwa kwaffe (**Bar 12:3-13; 1 Tim 4:14**). Omulimu gwaffe mu kkanisa teguteekwa kwonoona enkolagana zaffe endala. Abakulembeze bangi nnyo batwala omulimu gwabwe mu kkanisa ng'ekintu ekikulu okusinga okuyitibwa kwabwe okwagala Katonda, okubeera omusajja omufumbo, omuzadde, oba omwana alina ekifaananyi kya Kristo, n'okwagala baliraanwa baabwe nga bwe beeyagala bokka. Naye, okulemererwa kwo mu bitundu ebyo ebirala kwogera eri abantu abali mu kkanisa yo n'eddoboozi ery'omwanguka okusinga enjiri gy'obuulira. Tulina okuteekateeka n'okutegeka obulungi ebiseera eby'obuweereza bwaffe tusobole okukola obulungi nga bwe kisoboka. Wabula, ensonga emu etukozesa ekyo eri nti tusobole okukozesa obudde bwaffe ku bantu be twagala n'abo abasinga okutubeera okumpi. Ekyo kiyitibwa "okukuuma omulimu n'obulamu mu minzaani entuufu."

**F. *Engeri ezikwatikako ez'okulaga okwagala: ennimi ettaano ez'okwagala***[2]

"Okutwaliza awamu waliwo ennimi ttaano ez'okwagala okuva mu mutima—engeri ttaano abantu ze boogeramu n'okutegeeramu okwagala okuva mu mutima. . . . Ekintu eky'omugaso kwe kwogera olulimi lwa muganzi wo. . . . Abasajja n'abakazi tebatera kubeera na lulimi olusooka olw'okwagala okuva mu mutima lwe lumu. Tutera okwogera olulimi lwaffe olw'okwagala olusooka, ne tutabulwa lwaki muganzi waffe tategeera kye tugamba. Tulaga okwagala kwaffe, naye obubaka bwaffe tebuvaayo kubanga twogera ekyo bo kye balaba ng'olulimi olugwira. . . . Bw'ozuula n'omanya olulimi lwa muganzi wo olw'okwagala olusooka, nzikiriza nti ojja kuba ng'ofunye ekisumuluzo ekibayingiza mu bufumbo obulimu okwagala,

[2] Ekitundu kino kyesigamizibwa ku kitabo ky'omukenkufu mu bintu ebikwatagana n'ebirowoozo n'omukubiriza mu by'obufumbo Gary Chapman ekiyitibwa *Ennimi ettano ez'okwagala* (Chicago: Northfield, 1992). Ennamba eziragiddwa z'ennamba z'emiko omuvudde ebigambo ebyo mu kitabo ekyo. Wadde ng'ensonga eziri mu kitabo kya Chapman ze nkolagana y'obufumbo, emisingi "gy'ennimi ettaano ez'enkolagana" gikwata kumpi ku nkolagana zonna. Chapman yennyini awandiise ku kukozesa ennimi z'enkolagana ettaano mu mbeera y'abaana: Gary Chapman ne Ross Campbell, Ennimi ettano ez'okwagala kw'abaana (Chicago: Northfield, 1997); abatiini: Gary Chapman, Ennimi Ettaano ez'enkolagana mu batiini (Chicago: Northfield, 2010); abantu abakulu abatali bafumbo okutwaliza awamu: Gary Chapman, Ekitabo Ky'ennimi ettano ez'omukwano mu batali bafumbo (Chicago: Northfield, 2009); n'ekifo we bakolera: Cary Chapman ne Paul White, Ennimi Ettaano ez'Okwagala ez'Okusiima awokolerwa emirimu(Chicago: Northfield, 2011).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

obw'olubeerera." (15-17)

1. Ebigambo ebikakasa. Ebigambo ebikakasa, ebijjuza, ebizimba, n'ebizzaamu amaanyi, ly'ekkubo erimu ery'okulaga okwagala ng'okozesa obusimo. "Embeera ey'obusimo" mu bufumbo etandikibwa singa omusajja n'omukazi bakozesa ebigambo ebikakasa buli luvannyuma lw'akabanga akagere (kwe kugamba, ekintu ekikakasa buli lunaku).

   a. *Beera n'ekiluubirirwa kimu ky'okuwa muganzi wo ekintu ekijjuza eky'enjawulo buli lunaku okumalako omwezi.* Bwe tugenda tufuna ebigambo ebikakasa tubeera bangu okwogera oba okukola ekintu muganzi waffe ky'ayagala. Bwe tunoonya amaanyi ga muganzi waffe ne tumubuulira nga bwe tusiima amaanyi ago, abeera mwangu nnyo okukolera ku ekyo kye tuba twogedde.

   b. *Ebigambo ebizzaamu amaanyi byetaaga tubeere nga tulumirirwa muganzi waffe, tuyiga ekintu eky'omugaso gy'ali, ne tutegeera ensi nga bw'agitegeera.* Mu kuzzaamu amaanyi nga tukozesa ebigambo, tugezaako okugamba nti, "Mmanyi. Nfaayo. Ndi naawe. Nnyinza ntya okuyamba." Okubeera nga "okubiriza," wabula, muganzi wo ateekwa *okusooka okwagala* ekintu ky'omukubiriza okukola. Eky'okulabirako: "Abasajja abamu bakaka bakazi baabwe okukendeeza ku buzito bwabwe. Omusajja agamba, "Mmukubiriza," naye nga eri omukazi akiraba nga asalirwa omusango. Okujjako ng'omuntu ayagala okukendeeza ku buzito bwe lw'oyinza okumukubiriza okukikola. Okutuusa ng'akyagadde, ebigambo byo bijja kugwa mu kibinja eky'okubuulira enjiri. Ebigambo ng'ebyo tebitera kuzzaamu maanyi. Kumpi bitera kuwulirwa ng'ebigambo ebisalira omuntu omusango, ebitegekeddwa okulaga okusingibwa omusango. Tebiraga kwagala wabula okugaanibwa." (44)

   c. *Okubeera ebigambo ebikakasa eby'amazima, ebyo by'oyogera biteekwa okwogerwa n'ekisa awamu n'okwagala.* Ekirala, okwagala kusaba busabi omuntu okukola ekintu, so tekuwa biragiro. "Bw'osaba muganzi wo ekintu, oba okakasa omuwendo gw'alina n'obusobozi bwe. . .  Wabula, bw'olagira bulagizi, oba ofuuse so si omuganzi naye omufuzi omukambwe. Muganzi wo tajja kuwulira ng'aggumizibbwa naye atoniyiddwa" (omuk.49).

   d. *Oyinza okuwa ebigambo ebitayogera butereevu eby'okukakasa ng'oyogera ebigambo ebirungi eri munno bw'aba taliiwo (oluvannyuma, omuntu ajja kumubuulira, naawe ojja kusiimibwa mu bujjuvu olw'okwagala).* Ekirala, kakasa munno mu maaso g'abalala nga waali.

2. Ekiseera ky'omuwendo. "Ekiseera eky'omuwendo" kyogera ku kuwa omuntu ebirowoozo byo ebitagabanyiziddwamu, ebitunuulidde ekyo kyokka ky'aliko. Ekiseera eky'omuwendo kiyinza okutwaliramu okutunuuliragana n'okwogeragana nga mutudde, mutambula wamu, mulya wamu, oba nga muli wamu, nga mukola ekintu ky'omanyi munno ky'ayagala.

   a. *Ekintu ekiri ku nkulungo y'ekiseera eky'omuwendo bwe bumu.* Obumu si kwe kubeera wamu mu mubiri, naye *okussaayo omwoyo okulimu okwekaliriza ekintu kimu.* "Bwe ntuula ku lubalaza ne mukazi wange ne mmuwa eddakiika makumi abiri ez'ebirowoozo byange ebitagabanyiziddwaamu era naye n'ankolera ekintu kye kimu, tuba tuwang'ana eddakiika abiri ez'obulamu bwaffe. Tetugenda kuddamu kufuna eddakiika ezo; tuba tuwang'ana obulamu bwaffe. Ye mutwazi w'okwagala ow'amaanyi okuva mu mutima" (omuk.60).

   b. *Ekiseera eky'omuwendo kitera kubaamu okunyumya okw'omuwendo—kwe kugamba, "okwogera okulimu omutima ogulumirirwa abantu ababiri mwe bagabanira ebintu bye batuuseeko mu bulamu, ebirowoozo, bye bawulira mu mitima gyabwe, ne bye beegomba mu nteekateeka ey'omukwano, eteriiko kutataaganyizibwa"* (65). Okunnyumya okw'omuwendo kwa njawulo ku bigambo eby'okukakasa: ebigambo eby'okuggumiza byekaliriza ekyo kye *tugamba*; okunyumya okw'omuwendo kwekaliriza ekyo kye *tuwulira.*

   c. *Ekiseera  eky'omuwendo kiyinza okubaamu eby'okukola eby'omuwendo—kwe kugamba, ekintu kyonna omu ku mmwe ky'ayagala oba mwembi kye mwagala.* Essira teriri ku ekyo kye mukola naye lwaki mukikola. "Ekiluubirirwa kwe kutuuka ku kintu mwembi, okukivaako nga buli omu awulira nti, 'Anfaako. Abadde awulira ng'ayagala okukola nange ekintu kye njagala, era akikoze na ndowooza nnungi.' Okwo kwe kwagala, era eri abantu abamu, ly'eddoboozi ly'okwagala erisinga okuwulikika" (73-74)

3. Okugaba n'Okuweebwa Ebirabo. Ekirabo kye kintu ekikwatikako ekiraga nti olowooza ku mulala. Si nsonga oba kitutte sente; oyinza okuwa omuntu ekirabo. Eky'omugaso kiri nti olowoozezza ku muntu omulala, n'ofuna ekirabo, n'okimuwa olw'okulaga okwagala.

   a. *Okuwa munno ebirabo bwe kuba olulimi olusooka olw'okwagala lw'awulira, okubeera omugabi omulungi lwe lulimi olw'okwagala olwangu okuyiga.* Kola olukalala lw'ebirabo ebimusanyusizza mu myaka egy'emabegako ng'abifunye (oba byamuweebwa ggwe, oba ab'oluganda abalala, oba emikwano). Olukalala lujja kukuwa ekifaananyi ky'ebika by'ebirabo ebimusanyusa. Bwe kiba kyetaagisa, kozesa ab'ennyumba yo abamumanyi, okukuyamba okumanya ebirabo by'ayagala.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

b. *Tolinda mikolo egy'enjawulo olyoke owe munno ebirabo.* Okumuwa ebirabo bwe kuba olulimi lwe olusooka olw'okwagala, kumpi ekintu kyonna ekimuweebwa kijja kumulaga okwagala. (Bw'abadde ng'akolokota ebirabo by'ozze omuwa emabegako, era kumpi tewali kye wali omuwadde n'akikkiriza, kitegeeza nti okumuwa ebirabo si lwe lulimi lwe olusooka olw'okwagala.)

c. *Okubeerawo kwo ne munno mu kiseera eky'akatyabaga oba ekiseera ekirala eky'omugaso kuyinza okuba ekirabo ekisinga okuba eky'amaanyi ky'oyinza okumuwa.* Munno bw'agamba nti yalyagadde kubeera naawe mu mukolo, okusaba kwe kutwale ng'ekintu ekikulu.

4. <u>Ebikolwa eby'obuweereza.</u> Ebikolwa eby'obuweereza kwe kukola ebintu by'omanyi munno bye yalyagadde okole. Bye bikolwa nga okufumba emmere, okuteekateeka emmeeza, okwoza essowaani, okutwala ebisasiro ebweru, okukyusa obugoye bw'omwana, oba okuyonja ennyumba. Onoonya kusanyusa munno ng'oyita mu kumuweereza. Bwe bikolebwa mu mwoyo mulungi, ebikolwa ng'ebyo biba bikolwa bya kwagala. Ekyo kituufu naddala ng'ebikolwa eby'obuweereza by'okola bye bintu munno by'atera okukola (katugambe, omusajja okwoza essowaani oluvannyuma lw'ekijjulo okulaga okusiima kwe olw'emmere n'okwagala kwe eri omukazi).

a. *Buli omu by'akolera munne ng'obufumbo tebunnaba kubaawo si bye biraga ebyo bye balikola oluvannyuma lw'okufumbiriganwa.* Ng'obufumbo tebunnaba kubaawo, tutwalibwa amaanyi ag'ebirowoozo byaffe okubeera ku "kwagalana" buli kiseera. Oluvannyuma lw'okufumbiriganwa, tuddayo okubeera abantu be twali nga tetunnaba "kutandika kwagalana." N'olw'ekyo, oba ebikolwa eby'obuweereza lwe lulimi lwa munno olusooka olw'okwagalana, akusuubira okugenda mu maaso n'okukola ebikolwa ebyo oluvannyuma lw'okufumbiriganwa. Ayinza okuwulira nga takyayagalwa singa olekayo okukola ebikolwa ebyo eby'obuweereza.

b. *Okwagala kye kintu omuntu ky'asalawo okukola so si ky'akakibwa obukakibwa okukola.* Okukolokota n'okulagirwa okukola obulungi bireeta kukuubagana wakati w'abantu; ebintu ebyo tebiwagira ebikolwa eby'obuweereza ebiva mu kwagalana. Omwagalwa wo ayinza okukola by'oba omulagidde okukola, naye oluusi tekijja kulaga kwagala. Okumusaba okukola ekintu kisinga okumulagira bulagizi okukikola. Ku nkomerero ya byonna, wabula, okwagala kye kintu ky'osalawo ggwe wekka okukola. "Buli omu ku ffe ateekwa okusalawo bulijjo okwagala oba obutayagala muganzi we. Bwe tusalawo okwagala, awo okulaga okwagala okwo nga omwagalwa waffe bw'aba atusabye kujja kufuula okwagalana kwaffe okubeera okw'amaanyi mu mitima gyaffe" (107)

c. *Okukolokota kwa muganzi wo okw'empisa zo kukuwa ekifaananyi ekirungi eky'olulimi lwe olusooka olw'okwagala.* "Abantu batera okusinga okukolokota abaagalwa baabwe n'amaanyi mu bitundu bye balinamu obwetaavu obusinga okuba obw'amaanyi obuva mu mutima. Okukolokota kwabwe ly'ekkubo ery'okukaabirira okwagala eritakola. Bwe tutegeera ekyo, kiyinza okutuyamba okukola ku kukolokota kwabwe mu ngeri esaanidde" (107)

d. *Oyinza okukola olukalala lw'ebintu by'asabye mu ssabbiiti eziyise emabegako byonna.* Tunuulira olukalala olwo ng'akabonero akakulaga kiki ekimusingira okuba eky'omugaso. Salawo okutuukiriza ekintu kimu buli sabbiiti olw'okulaga okwagala. Oba, oyinza okumusaba okukola olukalala lw'ebintu 10 bye yalyagadde okole mu mwezi ogujja, era bilambe okusinziira ku migaso gyabyo. Kozesa olukalala olwo okuteekateeka "omwezi" gwo "ogw'okwagala." Oba, buli kiseera nga omwagalwa wo, "Singa mbadde nsobola okukola ekikolwa eky'obuweereza kimu eky'omugaso mu sabbiiti eno, kiki kye walinsabye okukola?" Omwagalwa wo ajja kwetegereza ebintu ebyo. Mu kukola ekyo ojja kuba ng'ojjuza tanka ye ey'obusimo." Omwagalwa wo ajja kuba musanyufu okusinga bw'abadde, era naye, ajja kutandika okweyisa mu ngeri eyagala okukusanyusa naawe.

5. <u>Okukwata ku mubiri.</u> Okukwata ku mubiri gwe, omuli engalo, okunywegera, okugwa mu kifuba, okukuuta omubiri, okukuutagana ebyenyi mpolampola, n'okwetaba mu kaboozi ak'ekikulu, gonna makubo g'amaanyi ag'okutuusa okwagala okw'obusimo eri omwagalwa. Eri abantu abamu, okukwata ku mubiri, lwe lulimi olw'okwagala olusooka. Awatali kubakwatako, tebawulira nga baagalwa. Bwe bakwatibwako, bawulira emirembe mu kwagala kw'omwagalwa waabwe.

a. *Obusimu obuwulira okukwatibwako kwaffe busangibwa mu mubiri gwonna, n'olw'ekyo okukwata ku mwagalwa wo awantu wonna n'okwagala kuyinza okulaga okwagala.* Wabula obumu bujja kuleetera omwagalwa wo essanyu lingi okusinga obulala. Omwagalwa wo ye mulung'amya wo asinga bonna. Teweesiba ku kumukwatakwata mu ngeri yo oba mu kiseera ekikyo. Bw'awulira obubi ng'omukutteko mu ngeri emu, okugenda mu maaso n'okumukwatakwata kulaga ekyo eky'olekagana n'okwagala, era kulaga nti ofaayo kitono ku ekyo ky'awulira mu mutima gwe. Tokola nsobi ey'okukkiriza nti okumukwatakwata

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

okukuleetera essanyu kwe kujja n'okuleetera omwagalwa wo essanyu.
b. *Okumukwatako kuyinza okuba okw'omugaso naddala mu biseera eby'akabi. Kulaga okubeera okumpi n'omuntu oyo abonaabona ne mu bumu naye.*
c. *Abasajja n'abakazi batera okubeera n'obwetaavu obw'enjawulo obw'okubakwatako okw'omu kaboozi ak'ekikulu.* Eri abakazi abasinga, obwetaavu obw'okwagala okufuna akaboozi ak'ekikulu ne basajja baabwe buva mu kuwulira nti abasajja baabwe babaagala. Bwe batawulira nti baagalwa, batera kuwulira nga "abakozeseddwa" mu mbeera ey'okwetaba mu kaboozi ak'ekikulu. Obwetaavu bw'abasajja okwetaba mu kaboozi ak'ekikulu bulina omulandira okusinga mu birowoozo—okukung'aana kw'amagi n'amazzi ag'ekisajja mu bifo we gaterekerwa: ebifo ebyo bwe bijjula, wabaawo okusindikibwa okujjamu amazzi ago. Abaagalana abasinga beetaaga okumanya enjawulo ezo. Wabula, nga Chapman bw'agamba: "Mu butuufu, mukazi we bw'ayogera olulimi lwe olw'okwagalana olusooka ne tanka ye ey'obusimo n'eba nga nzijuvu, ekitundu eky'okwetaba mu kaboozi ak'ekikulu eky'enkolagana yaabwe kijja kwefaako. Ebizibu eby'okwetaba mu kaboozi ak'ekikulu ebisinga mu bufumbo tebikwata nnyo ku bukodyo obw'omubiri naye bikwata nnyo ku kusisinkana eby'etaago by'emitima gyaffe." (136)

## OBUWANIKA BWA SENTE N'EBY'OBUGAGGA

### I. Endowooza ya Bayibuli ku Sente n'eby'Obugagga[3]

**A. *Katonda y'afuga buli kintu, omuli sente n'eby'obugagga***

1. Katonda yatonda—era alina obwa nannyini ku—nsi ne buli kintu ekigirimu **(Lub 1:1; Leev 25:23; 1 Byom 29:16; Zab 24:1; 50:10-12; Kag 2:8).**
2. Katonda y'alabirira abantu bonna, okuva ku kuzaalibwa kwabwe n'okuyita mu kufa kwabwe **(Kuv 4:11; Yob 12:9-10; Zab 139:13-16; Nge 22:2; Isa 44:24; Ezek 24:15-18).**
3. Katonda alina obwa nannyini naddala ku Bakristaayo bonna **(Bar 14:7-8; 1 Kol 6:19-20; 7:23; 1 Peet 1:17-19; 2 Peet 2:1).**
4. Katonda ayimusa abantu abamu ate abalala n'abassa wansi—omuli okugaggawaza abamu n'okwavuwaza abalala **(1 Sam 2:7; 1 Byom 29:12-16; Yob 42:10; Zab 75:6-7; Mub 5:19; Dan 2:20-21; 1 Tim 6:17).**

**B. *Buli kye tulina, mu butuufu si "kyaffe"—byonna bituwoleddwa Katonda; tulibawanika be (kwe kugamba, abawanika b'eby'obugagga bwe) era tulivunaanibwa okumunyonnyola bye twakola mu buwanika bwaffe***

1. <u>Okubeera ne ku sente n'obugagga kyetaagisa.</u> Ebintu ng'ebyo birungi, era bituweereddwa Katonda ng'omukisa tusobole okubyeyagaliramu n'okubikozesa obulungi (**Nge 22:4; Bik 14:17; 1 Tim 4:4-5; 6:17**).
2. Tuli bawanika ba Katonda aba buli kintu ky'atuwadde, omuli sente ze tulina n'eby'obugagga byaffe **(Lub 1:27-28; 1 Byom 29:14-16; 1 Kol 4:1-2; 1 Peet 4:10).**
3. Tulina okukozesa sente n'eby'obugagga Katonda by'atuwadde okuwanika mu ngeri ey'amagezi, okumuweesa ekitiibwa nga tukola ebirungi n'ebintu ebyo n'okubikozesa okuzimba obwakabaka bwe, kubanga tulivunaanibwa okunyonnyola bye twakola mu buwanika bwaffe (**Nge 3:9; Mat 25:14-30; Luk 12:35-48; 16:1-13; 19:11-27; 1 Tim 6:17-19**).

**C. *Katonda ayinza okutuwa omukisa ne sente n'eby'obugagga ebirala, naye ekkubo ly'ajja okuyitamu okutuwa omukisa ly'ery'okusooka okulaba nti tukoze bulungi, nga tusoose kuwa ye n'okwagala kwe ekifo ekisooka mu bulamu bwaffe***

1. Newakubadde okwagala sente—okubeera n'omululu gwazo n'okwelaga oba n'okuteeka obwesige mu zo—kibi, okufuna obugagga n'okulongoosa obulamu bwo kirungi (**Ma 6:10-11; 1 Kol 7:21; 1 Tim 6:17).**
2. Katonda yatutondera kukola mirimu—omulimu kintu kirungi era kya kitiibwa, era gulina kukolebwa okuweesa Katonda ekitiibwa **(Lub 2:15; Nge 6:6-11; Bef 4:28; 6:5-8; Bak 3:22-25; 1 Bas 4:11; 1 Tim 6:1-2; Tit 2:9-10).**
3. Okuyita mu kukola n'okwetaba mu busuubuzi, Katonda awa abantu obusobozi obw'okukola sente **(Kuv 8:16-18; Nge 13:11; 22:29; 28:19-20; Bef 4:28; Yak 4:13-15).**

---

[3] Enyinyonnyola eno enyimpi evudde mu Bayibuli yeetaaga kusomebwa wamu n'ebitundu ku Kugaba n'Okusoomoozebwa kw'Enjiri ey'Okugaggawala. Ebitundu ebyo birimu enyinyonnyola enzijuvu, okunyonnyola, n'ebisaanyizo ebyetaagibwa olw'okweyongera okutegeera obulungi endowooza ya Bayibuli ku sente n'eby'obugagga. Ekitabo ekisinga obulungi ku njigiriza ya Bayibuli ku sente n'eby'obugagga kye kitabo: Craig Blomberg, *Neither Poverty nor Riches* (NSBT 7), Nottingham, England: Apollos, 1999.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

4. Bayibuli ekoowoola abantu obutabeera abagayaavu oba abanafu, naye okubeera abakozi abanyiikivu—eryo ly'ekkubo erituusa omuntu ku bugagga obw'ebintu (**Nge 6:6-11; 10:4-5, 26; 12:11, 24, 27; 13:4, 11; 14:23; 15:19; 16:26; 19:15; 20:4, 13; 21:5; 24:30-34; 27:23-27; 28:19; Mub 10:18; Bef 4:28; 2 Bas 3:6-13**).

**D.** ***Ekintu ekisinga okuba eky'omugaso gye tuli kwe kubeera n'endowooza entuufu ku Katonda n'obukulu bwe mu bulamu bwaffe, ku sente, ne ku by'obugagga bye tulina***

Bayibuli tegamba nti okubeera omugagga kabonero akalagirawo okuganja kwa Katonda (laba **Mak 10:23-25**). Era terina ky'eyogera ekikwatagana n'ekyo ku kubeera omwaavu. Newakubadde tulina okukolera sente zaffe (laba waggulu), tetuli ba “kuzigoberera” (**Nge 28:20-22**) oba okwekaliriza amaaso ku kufuuka abagagga (**Nge 23:4-5**). Obwaavu obusukkiridde n'obugagga obusukkiridde bulina obubenje bwabwo (**Nge 30:8-9**). N'olw'ekyo, Bayibuli “eyogera” ku bugagga obw'ebintu ng'ekintu ekirungi eky'omugaso oguyita obuyisi mu kubugeraageranya n'obugagga obw'ebintu ebisinga okuba ebikulu nga amagezi, obutuukirivu, obwesigwa, okwagala, obulamu obutya Katonda, enkolagana yaffe ne Mukama, n'ebirala (**Nge 3:13-16; 8:10-11; 15:16; 16:8, 16; 19:1; 22:1; 28:6; Mat 16:26; Mak 8:36; 1 Kol 13:3; Baf 4:10-13; Beb 10:34; 1 Yok 2:15-17; Kub 2:9; 3:17-18**). Mu ngeri y'emu, bulijjo Bayibuli ekuuma "endowooza ey'emirembe n'emirembe" ku bintu ebyo, mu kukkaatiriza omusango ogujja oguliteereezebwamu ebikyamye byonna, era obugagga bw'omuntu obw'ebintu ku nsi kuno mwe bulifuukira ekitaliimu (**Nge 10:2; 11:4, 28; Isa 2:12-21; Ezek 7:19; Zef 1:18; Luk 12:15-21; 16:10-12; Yak 5:1-5**). N'olw'ekyo, Mu Ndagaano Enkadde n'Empya, ensonga esinga okuba enkulu y'endowooza yaffe n'ebisookerwako ebikwata ku Katonda n'eby'obugagga byaffe.

1. <u>Ekyo kye “tuwanika” kiraga wa mu butuufu omutima gwaffe gye guli</u> <u>**(Mat 6:19-21; Luk 12:33-34).**</u>
2. <u>*Tetuyinza* kuweereza Katonda ne Mamuna (kwe kugamba, sente n'eby'obugagga)</u> <u>**(Yob 31:24-28; Mat 6:24; Luk 16:13).**</u>
3. <u>Endowooza yaffe ku Katonda erimu bino wammanga:</u>
    a. Katonda y'ateekwa okuba ekisookerwako mu bulamu bwaffe n'obwakabaka bwe (**Kuv 20:1-6; Ma 6:4-15; Mat 6:33; 22:34-38; Baf 2:9-11)**
    b. Okusobola okugoberera Kristo tuteekwa okuvaamu endowooza egamba nti ekyo kyonna kye tulina "kyaffe", naye tuteekwa okumanya nti byonna bibye **(Mak 10:17-23; Luk 9:23-25; 14:26-33).**
4. <u>Endowooza yaffe ku sente n'eby'obugagga erimu bino wammanga:</u>
    a. Tetuteekwa kwegomba sente oba okubeera n'omululu gwa sente oba eby'obugagga eby'ensi; era tetuteekwa kubyesiga oba okwewaana nabyo bwe tuba nga tulina bingi okusinga ku ebyo bye twetaaga **(Kuv 20:17; Nge 28:20-22; Luk 12:15-21; Bef 5:3; Bak 3:3-6; 1 Tim 6:17; 1 Yok 2:15-16).**
    b. Okwagala ensimbi kutwala omuntu eri ebibi ebya buli kika—kuyinza okuzikiriza Ekigambo mu bulamu bwaffe era kujja kutuviiramu okusalibwa omusango gwa Katonda **(Nge 11:4, 28; Mak 4:18-19; Bak 3:5-6; 1 Tim 6:10-11; Yak 5:1-6; Kub 3:17-19).**
    c. Tuteekwa okumanya nti ensimbi n'eby'obugagga bya kiseera buseera (**Nge 23:4-5; 1 Tim 6:7; Yak 1:9-11).**
    d. Mu kifo ky'obutakkuta, oba okwegomba okugaggawala, tulina okukkuta ebyo bye tulina **(Nge 30:7-9; Baf 4:10-13; Beb 13:5; 1 Tim 6:8).**
5. <u>Ebiseera byonna tuteekwa okulabirira n'okukolera obwenkanya eri  abaavu.</u> Tuteekwa okufuna obugagga mu makubo amatuufu, era tetuteekwa kulaga kusosola mu bantu oba okukozesa obugagga bwaffe okunyigiriza oba okunyaga  abaavu n'abali mu bwetaavu (**Yob 29:12-17; Zab 41:1; 72:1-4, 12-15; 82:3-4; Nge 17:5; 21:13; 22:16, 22-23; 29:7; 31:8-9; Isa 1:17; 3:14-15; 58:6-7; Yer 9:23-24; 22:3, 16-17; Ezek 22:29-31; Am 2:6-8; 4:1-3; 5:11-12; Mik 2:1-3; Zek 7:10; Mal 3:5; 1 Kol 5:9-11; Bag 2:10; Yak 2:1-7; 5:1-6**).

**E.** ***Obuwanika bwa sente n'eby'obugagga obulungi bulimu bino wammanga***

1. Okusobola okugabirira amaka gaffe naffe fennyini **(Nge 21:20; Mub 5:18-19; 1 Tim 5:4, 8; 2 Tim 2:6).**
2. Obutayonoona sente zaffe, naye okwegendereza okulaba nti ezimu tuzitereka olw'okusisinkana ebyetaago byaffe eby'ebiseera eby'omu maaso **(Nge 13:22; 21:17, 20; Yok 6:12-13).**
3. Okugabirira gavumenti **(Mak 12:13-17).**
4. Okusasula abatubanja **(Zab 37:21).**
5. Okugabirira abaavu n'abali mu bwetaavu **(Kuv 23:10-11; Leev 19: 9-10; Ma 15:10-11; 24: 19-21; Zab 41:1; 112:5-6; Nge 3:27-28; 14:21; 19:17; 22: 9, 22; 31:20; Isa 58:6-7; Ezek 16:49; Mat 25:31-46; Mak 10:21; Luk 3:10-11; 11:41; 12:33; Bar 12:20; Bag 2:10; Bef 4:28; Yak 1:27).**
6. Okugabirira abakkiriza bannaffe **(Bar 12:13; 15:25-27; 1 Kol 16:1-4; 2 Kol 8-9; Yak 2:14-18; 1**

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**Yok 3:17-18).**
7. Okugabirira obuweereza (**Bag 6:6; 1 Kol 9:3-14; 1 Tim 5:17-18).**

**F.** ***Wakati mu buweereza bwa sente zaffe n'eby'obugagga byaffe kwe kugaba***
1. Ennono ya Yesu enkulu egamba, "okugaba kwa mukisa okusinga okutoola" (**Bik 20:35**).
2. Okugaba kwaffe okuyamba abali mu bwetaavu n'okuzimba obwakabaka bwa Katonda kulina kubeeramu bino wammanga:
a. Okugaba buli luvanyuma lw'ekiseera ekigere **(1 Kol 16:1-2).**
b. Okugaba ng'omutima bwe guteesezza (kwe kugamba, okuteekateeka nga bw'onoowa) **(2 Kol 9:7).**
c. Okugaba ŋ'oyagala **(Kuv 22:29; 2 Kol 8:3, 8; 9:7).**
d. Okugaba n'essanyu **(2 Kol 9:7).**
e. Okugaba mu bungi **(Kuv 36:3-7; 2 Kol 9:6; 1 Tim 6:18).**
f. Okugaba okusinziira ku busobozi bwo **(Kubal 35:8; 1 Kol 16:2; 2 Kol 8:12).**
g. Okugaba olw'obulungi bw'abalala **(Mak 12:41-44; 14:3-9; 2 Kol 8:1-3).**
h. Okugaba olw'okusanyusa Katonda, si kwagala kuwaanibwa bantu **(Mat 6:1-4).**

**G.** ***Katonda awa enkozesa entuufu eya sente zaffe n'eby'obugagga bwaffe omukisa n'empeera***
1. Katonda ajja kutulabirira mu bintu eby'omubiri singa tumufuula okuba namba emu mu bulamu bwaffe era singa tubeera beesigwa **(Mat 6:25-33; 2 Kol 9:6-11).** Ekyo tekitegeeza nti ajja kusisinkana ebyetaago byaffe byonna "mu ngeri ey'eky'amagero", nga tetwogedde ku bye twagala ne bye twegomba. Okusooka, Katonda ataddewo ekkanisa—abakkiriza abalala—ng'ekkubo mwajja okuyita okusisinkana ebyetaago byaffe (**Mak 10:28-30; Luk 18:28-30; Bik 2:43-47; 4:32-37; 11:27-30; 15:25-27; 1 Kol 16:1-4; 2 Kol 8:1-15**).
2. Katonda ajja kukolagana naffe mu ngeri y'emu gye tukozesaamu ebintu bye tulina nga tuyamba abalala n'okuzimba obwakabaka bwe, oba nga twerekerezaamu oba mu bungi. Ekyo tekitegeeza mbagirawo nti Katonda ajja kutufuula abagagga mu bintu by'ensi eno bwe tugaba mu bungi era ne tubeera abeesigwa mu nkozesa ya sente zaffe n'eby'obugagga byaffe **(Nge 3:9-10; 11:24-25; 28:27; Mal 3:8-12; Mak 10:28-31; Luk 6:38; Bag 6:6-7; 2 Kol 9:6-11).**

**H.** ***Kubanga bwe buwanika obuva eri Katonda, enkozesa yaffe eya sente n'eby'obugagga mu butuufu nsonga ya mwoyo era erina omugaso munene***
1. Endowooza yaffe ku bintu eby'obugagga n'okusookerwako kwabyo byolekera ddala endowooza yaffe entuufu ku Katonda n'ebisookerwako ku ye (laba **Yak 2:14-18; 1 Yok 3:17**). Okugabira abaavu n'abali mu bwetaavu kiraga nti tutegeera Ebyawandiikibwa n'Enjiri (**Nek 8:8, 10, 12; Ebikolwa 2:42-47; 4:32-35**).
2. Bayibuli ekozesa ebigambo "eby'omwoyo" okunyonnyola engaba ya sente okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu:
a. *Charis*—kivuunulwa nga "ekisa" oba "omulimu ogw'ekisa" mu **2 Kol 8:1, 6, 7, 9, 19, 9:8,** ne **14**; kivvuunulwa nga "okuweereza" mu **2 Kol 8:4**; ne kivvuunulwa nga "okwebazibwa" mu **2 Kol 8:16** ne **9:15.**
b. *Koinonia*, ekitera okutegeeza "okugabana"—kivvuunulwa nga "okusseekimu" mu **2 Kol 8:4**; ne kivvuunulwa nga "obugabi" mu **2 Kol 9:13.**
c. *Leiturgia*, ekivaako ekigambo "entekateeka ey'okusinza"—kivvuunulwa nga "okuweereza mu **2 Kol 9:12.**
d. *Diakonia*—kivvuunulwa nga "okuweereza" mu **2 Kol 9:1, 12-13.**
3. Okugaba ngeri ya kusinza **(Mat 2:11; Mak 14:3-9).**
4. Okugaba kulaga okukkiriza **(Yak 2:14-18; 1 Yok 3:17-18).**
5. Okugaba kitundu ku ddiini entuufu, ngeri ya buweereza obwenkana n'okuwa Katonda ssaddaaka mu biseera eby'Endagaano Enkadde **(2 Kol 9:1, 12-13; Baf 4:18; Beb 13:16; Yak 1:27).**
6. Ekyo kye tukola ne sente zaffe n'eby'obugagga byaffe kitukwatako mu mwoyo kati ne mu biseera eby'emirembe n'emirembe **(Zab 41:1-3; 112:5-6; Nge 19:17; 22:9; Mat 6:3-4; 19-21; 19:21; 25:19-30; Luk 12:33-48; 16:9, 19-31; 19:15-26; Bik 10:4; Baf 4:17; 1 Tim 6:18-19).**

**I.** ***Ebirina okuteekebwa mu nkola mu buwanika bwa sente n'eby'obugagga***
1. Enteekateeka. Omuntu alemwa okuteekateeka, aba ateekateeka okulemwa (laba **Nge 21:5**). Abagagga bateekateeka okugaggawala; abaavu tebalina nteekateeka. Olina okuteekateeka eby'ekiseera ekimpi n'eby'ekiseera ekiwanvu. Okusooka, olina okuteekawo ebiruubirirwa; n'olyoka olaga enteekateeka ey'okutuuka ku biruubirirwa ebyo; era n'olyoka oteeka enteekateeka yo mu nkola nga bwe weetegereza nga bw'egenda. Olina okuteeka enteekateeka yo mu buwandiike. Oteekwa

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

okutandiika w'oli, kumpi ne bw'oba nga tolinaawo sente. Enteekateeka ennungi ye "Enteekateeka eya 70-10-10-10" (Bruenning, n.d.: 15-17):

a. *Obulamu bwo butambulize ku bitundu 70 ku buli 100 eby'enfuna yo.* Bw'oba okola siringisi 100 buli mwezi, yiga okutambuza obulamu bwo ku siringisi 70 buli mwezi. Ojja kuba ng'olina kusala ku nfulumya yo. Oteekwa okwagala okukikola. Bw'oba okyagala bubi ekimala, ojja kunoonyaayo ekkubo ery'okukikola. Oyinza okufissaawo sente nyingi mu kusalako soda n'ebintu ebirala ebiteetaagisa ennyo, okusindika mesegi (SMS) ku ssimu mu kifo ky'okukuba obukubi, okutandika okupangisa enyumba ey'ebbeeyi entono, n'amakubo amalala. Kola enteekateeka ogiteeke ku lupapula. Oteekwa okweteekamu empisa eyo ggwe ne sente zo.

b. *Fissaako ebitundu 10 ku buli 100 eby'enfuna yo.* Abagagga batereka sente zaabwe ne bakozesa ezifisseewo; abaavu bakozesa sente zaabwe ne batereka ezifisseewo. Ekivaamu kiri nti abaavu tebabeera na zifisseewo. Zonna bazikozesa. Tandika okukolagana ne banka ekuli okumpi osobole okuterekangayo sente z'oba olina okufissangawo. Buli lunaku genda oterekengayo ebitundu 10 ku buli 100 ebya buli sente z'oba ofunye. Yiga okusooka okuterekanga z'oba olina okufissaawo olyoke okozese ezisigaddewo. Singa wali watandika okukola ekyo okuva mu buto bwo, singa olina sente nyingi nnyo olwaleero.

c. *Gaba ebitundu 10 ku buli 100 eby'enfuna yo.* Abantu bangi bakozesa obwavu bwabwe ng'ekyekwaso eky'obutagaba. Enteekateeka ya Katonda eri nti tugaba olw'okukkiriza, olw'okwagala, n'olw'okumugondera. Tukungula ekyo kye tuba tusize. Bwe tusiga obulo, tukungula bulo; bwe tusiga kasooli, tukungula kasooli. Bwe kiri ne ku sente. Yiga okubeera omugabi omulungi. Bwe tuwaayo olw'omulimu gwa Katonda—gye zijja okukola omulimu omulungi ogw'okuwangula emyoyo n'okuzimba obwakabaka bwe—Katonda ajja kukiraba era ajja kuzzaawo we tuba tuggye. Jjukira, naye, nti waliwo ekiseera eky'okukungula: tosuubira kusiga olwaleero n'okukungula enkya.

d. *Suubuza ebitundu 10 ku buli 100 ebisembayo eby'enfuna yo.* Noonyaayo ekintu ky'oyinza okugula n'okiddaabiriza, osobole okukitunda ku bbeeyi eya waggulu okusinga ze wakigula. Kiyinza okutwala emyezi okuweza sente z'oba olina okusuubuza. N'omwavu abeera mu nsi enjavu ayinza okugula emmere, katugambe nga ebinyeebwa, ebijanjaalo oba kasooli, n'abijjamu amagoba oluvanyuma. Ekyo kye tuyita okusuubuza. Ekisumuluzo kiri nti amagoba g'oba okoze togateeka mu bintu birala wabula olina kuddamu okugasuubuza osobole okukola amagoba amalala. Oyinza okumala emyaka mingi ng'osuubula kasooli; naye mu kutereka amagoba n'okuddamu okugasuubuza, oyinza okubeera n'obusobozi obw'okwezimbira enyumba eyiyo oba okubeera n'emirimu emirala mingi egikuleetera amagoba. Waliwo ebintu bingi by'oyinza okukola, nga ggwe obw'omu oba ng'oli n'abalala, by'oyinza okuteekamu sente okukola amagoba: oyinza okuteeka sente zo mu kyalaani okusobola okutunga n'okutunda engoye, okugula pikipiki eya bodaboda n'okwatagana n'omuntu anaagikuvugira osobole okugijjamu sente, era ajja okukuleeteranga sente ze muba mukkiriganyiza okukuwa buli lunaku, naye aterekenga ezo ezifisse ku magoba ag'olunaku olwo; oyinza okusimba emiti ku ttaka lyo n'ogiguza abagyagala, n'ebirala bingi by'oyinza okukola. Ekisumuluzo kiri nti oteekwa okubeera n'enteekateeka, n'okuteeka enteekateeka eyo mu nkola. Bwe wabaawo abasajja babiri, omu n'aba ng'akozesa enteekateeka eya 70-10-10-10 ng'omulala talina nteekateeka yonna naye amala gakozesa sente ze, oluvanyuma lw'emyaka 15 omusajja alina enteekateeka ajja kuba mugagga ate ng'oli atalina nteekateeka asigadde mwavu.

e. *Oyinza obutasobola kutandikirawo n'enteekateeka eya 70-10-10-10, naye oyinza okusobola okutandikira ku 80-10-10.* 80-10-10 kitegeeza kubeerawo ku bitundu 80 ku buli 100 eby'enfuna yo, fissaawo 10 ku buli 100, oweengayo 10 ku buli 100. Ekisumuluzo kiri nti olina kubaako ne w'otandikira, era tandikirawo kati.

2. <u>Embalirira y'enyingiza n'enfulumya.</u> Embalirira y'enyingiza n'enfulumya ky'ekikozesebwa ekikuyamba okukuuma enyingiza yo n'enfulumya yo, n'okukulung'amya n'okukufuganga mu nkozesa ya sente zo (kwe kugamba, wa sente zo gye ziraga). Teeka embalirira yo mu buwandiike. Okutegeka embalirira weetaaga olupapula n'ekkalaamu byokka. Olina okukola olukalala lw'enyingiza yo n'enfulumya yo *olwa buli mwezi.*

a. *Kola olukalala lw'enyingiza yo.* Enyingiza yo bw'eba si y'emu buli mwezi, kozesa omuwendo ogwa wakati, ng'osinziira ku nteebereza entuufu.

b. *Kola olukalala lw'enfulumya yo.* Kola olukalala lw'enfulumya zo ezitakyuukakyuuka buli mwezi oteebereze ezo ezikyuukakyuuka. "Enfulumya ezitakyuukakyuuka" by'ebintu ebisigala nga bye bimu buli mwezi. Birimu ebitundu ebya "10-10-10" eby'enteekateeka ya 70-10-10-10; mulimu ez'okupangisa enju n'ebintu ebirala ebikwata ku nju gy'olimu, n'ebirala. "Enfulumya ezikyuukakyuuka" z'enfulumya z'oyinza okufuga. Zirimu ebintu nga

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

emmere, ebikozesebwa, engoye, eddagala,eby'okwesanyusaamu, n'ebirala.

c. *Geraageranya enfulumya yo n'enfuna yo.* Noonya amakubo ag'okubeerawo ku bitundu 70 ku buli 100 eby'enfuna yo. Sala ku nfulumya ezikyuukakyuuka. N'enfulumya ku kupangisa oyinza okuzisalako mu kugenda okupangisa awalala. Nywerera ku mbalirira yo era ogikebere buli bbanga. Embalirira ku bwayo ebeera nteekateeka oba okulengera mu maaso. Weetaaga okukuuma ebiwandiiko ebiraga enfuna n'enfulumya zennyini osobole okuzigeraageranya n'embalirira yo. Oyinza okukyuusaamu nga bwe kyetaagisa.

d. *Okusobola okutandika okubalirira, weetaaga okubeera n'ekirowoozo ekirungi ku ekyo ky'okola mu kaseera kano ne sente zo.* Abantu bangi tebamanyi bulungi sente meka ze bafuna, ne wa mu butuufu gye ziraga. Ekivaamu kiri nti tebasobola kukola mbalirira ntuufu, era tebasobola kulaga wa we basobola okusala ku nfulumya yaabwe. Wano waliwo amagezi ge nkuwa okukuyamba okumanya embeera yo mu by'ensimbi (ggwe ne munno mu bufumbo mwetaaga okukola kino wamu): mu myezi 3 oba 4 egiddako, kola obuwandiike obulaga buli siringi oba dola oba rupiya oba falanga gye muyingiza (kwe kugamba, enyingiza yammwe) ne buli siringi oba dola oba rupiya oba falanga gye mufulumya (kwe kugamba, enfulumya yammwe). Mukakase nti mukola olukalala lw'ensibuuko z'enyingiza zonna ze mumanyi n'enyingiza ezo bye zaagendererwa okutuukiriza. Ebiwandiiko ebyo byonna biteeke mu bbaasa ennene. Jjukira: *buli* siringi oba dola oba rupiya oba falanga oba ekika ekirala ekya sente—si nsonga ne bwe ziba entono okwenkana wa—erina okuteekebwa mu mbalirira. Ku nkomerero y'emyezi 3 oba 4 mutuule wamu ne munno, mubikkule ebbaasa eyo, mukole omugatte gwa byonna. Mukole olukalala lw'enyingiza n'olw'enfulumya okusinziira ku bika byazo (ezifisseewo, z'ogabye, ez'okupangisa, amafuta, empuliziganya, emmere, soda, entambula, n'ebirala.). Awo ojja kuba ofunye ekirowoozo ekirungi ku *nyingiza* yo *entuufu* kiki ddala ky'eri awamu *n'enfulumya* yo. Oyinza okwewuunya obungi oba obutono bwa sente z'okozesa mu bintu ebimu. Naye, bw'oba tomanyide ddala wa w'oli, togenda kukola enkyuukakyuuka ezeetaagisa okukutuusa w'oyagala okubeera.

e. *Wano wammanga y'embalirira ekoleddwa ng'eky'okulabirako eky'enju emu, gy'oyinza okukyuusa okusinziira ku byetaago byo:*

| ENYINGIZA EYA BULI MWEZI | ENFULUMYA EYA BULI MWEZI |
|---|---|
| Omusaala | Okugaba |
| Okupangisa | Okufissaawo |
| Amagoba | Okusuubuza |
| Obusuubuzi | Okupangisa |
| Ebirala | Ebikozesebwa (bino bimenyemenyeemu) |
| OMUGATTE | Emmere (menyamenyaamu) |
| | Amafuta |
| | Entambula |
| | Empuliziganya |
| | Eby'okwesanyusaamu (menyamenyaamu) |
| | Okwambala |
| | Eddagala |
| | Amabanja |
| | Okwekuumisa |
| | Emisolo |
| | Ebirala (menyamenyaamu) |
| | OMUGATTE |

3. Soma era oyige. Toba omugoberezi; beera omuyizi. Bw'oba oyagala obugagga, oteekwa okusoma n'okuyiga obugagga. Soma. Yogera n'abo abaawangula. Ebyo by'olina bikozese n'amagezi. Yiga okugumiikiriza n'okukozesa ekisaanidde mu buli kusalawo ku bya sente. Wegendereze emirimu egya "gaggawala mangu" n'okusalawo okwetaagisa amangu ku bya sente n'ekikolwa ekya mangu. Weewale ebinyumu. Tokozesa sente enkulu ku bintu ebitali bikulu.

## II. Okugaba[4]

### A. *Katonda mugabi*

1. Okugaba kitundu ku mbala ya Katonda.

a. *Katonda yatandika okugaba okuviira ddala ku ntandikwa y'obutonde.*

(1) Katonda yawa Adamu obulamu n'amuyita okubeera n'enkolagana naye (**Lub 1:26-27; 2:15-17**)

[4] Ennono ez'okugaba, naddala mu makanisa ga Afirika, zoogerwako mu kitabo ky'okuyiga Bayibuli ekyawandiikibwa Omusumba. Daniel Oguso Obiero, ekiriko omutwe *Christian Giving* (Nairobi: O.A.I.C./T.E.E., 1995). Mulimu ebibzuuzo eby'okwogerako.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

(2) Katonda yatonda ensi eno eyeewuunyisa n'agiwa Adamu okugifuga ng'omuyima we (**Lub 1:28**).
(3) Katonda yawa Adamu omukazi (**Lub 2:18**).
(4) Nga Adamu amaze okwonoona, Katonda yamuwa ekisuubizo eky'okununulwa okujja (**Lub 3:15**).

b. *Katonda agenda mu maaso n'okuwa abantu ebirabo bino newakubadde bangi baamujeemera.* Awa era asonyiwa awatali kufa ku bulungi bwaffe, naye lwa kisa kye n'okusaasira kwe.

(1) Ensi yonna agikutte wamu era akuuma obulamu bw'ebitonde byayo newakubadde biri mu kibi (**Yob 38-39; Zab 104:1-32; Bik 17:28; Bak 1:16-17; Beb 1:2-3; 2 Peet 3:5-7**).
(2) <u>Katonda awa abantu bonna emikisa.</u>
(A) *"Enjuba ye agyakiza ababi n'abalungi, abatonnyeseza enkuba abatuukirivu n'abatali batuukirivu"* (**Mat 5:45**).
(B) Katonda awa abantu bonna talanta n'obusobozi okutonda ebintu ebirungi, okukulaakulanya eby'eddagala n'ebya tekinologia, olwo ne balongoosa omutindo gw'obulamu ku nsi.
(3) <u>Katonda mu ngeri y'obugabirizi aziyiza ekibi ky'omuntu.</u>
(A) Ab'obuyinza mu gavumenti "baateekebwawo Katonda" okukuuma amateeka n'okubonereza abakozi b'ebibi (**Bar 13:1-6**).
(B) Katonda mu bukulu bwe akola okuyita mu mbeera okutangira empisa y'omuntu ey'ekibi (laba **Lub 20:6, 1 Sam 25:26**).
(C) Newakubadde omuntu yagwa mu kibi n'ajeemera Katonda, Katonda akola mu birowoozo bye abantu bonna basobole okumanya okuberawo kwa Katonda era bamanye enjawulo wakati w'ekituufu n'ekikyamu (**Bar 1:18; 20; 2:14-15**).
(D) Obulungi bwa Katonda, n'obuwombeefu bwe, n'okugumiikiriza kwe bireeta abantu eri okwenenya amakubo gabwe amabi (**Bar 2:4**).

c. *Eky'okulabirako ekisinga obunene eky'ekisa kya Katonda n'okwagala kwe kiri nti "Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo"* (**Yok 3:16;** laba ne **1 Yok 4:10**).

(1) Katonda ayolesa okwagala kwe gye tuli, kubanga "*bwe twali nga tukyalina ebibi,"* Kristo n'ajja okutulokola (**Bar 5:8;** laba ne **1 Tim 1:16**).
(A) Kristo yayimirira mu kifo kyaffe mu butuukirivu n'agondera amateeka ga Katonda gonna (**Bar 8:3-4**).
(B) Yayimirira mu kifo kyaffe, n'atufiirira, n'aweebwa ekibonerezo kya Katonda ekijjuvu eky'ebibi byaffe (**Bar 8:31-32**).
(2) Bwe twesiga Kristo, Katonda atufuula abaana ab'omu nju ye, tuweebwa *"buli mukisa gwonna ogw'omwoyo mu bifo eby'omu ggulu,"* era atuwa obusika obw'obulamu obutaggwaawo mu Ye (**Bef 1:3-14**).
(3) Katonda asooka okwewaayo eri abaana be n'alyoka abawa emikisa gy'ebintu ebirala bye beetaaga (**Bar 8:32**).

d. *N'olw'ekyo, ekyafaayo kyonna eky'omuntu ne katemba yenna ow'okununulibwa bisibiddwa mu mazima ga Katonda ng'Omugabi.*

(1) Obulungi bwa Katonda, ekisa kye, n'okusaasira kwe, byonna mpisa ya "kugaba"
(2) Ennono ya Katonda ng'Omugabi erabika buliwamu mu buli kikolwa kye eri omuntu, naddala eri aboonoonyi b'anunula.
(3) Embala ya Katonda ng'Omugabi gwe musingi gwennyini ogw'obulamu bwaffe obw'omwoyo.

2. <u>Ng'abaana aba Katonda, ffenna tuyitiddwa okuba n'engeri ye n'ekifaananyi kye.</u>

a. Mu Lub **1:26-27** Katonda yagamba: *"Tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe; bafugenga eby'omu nnyanja n'ebibuuka waggulu n'ente n'ensi yonna na buli ekyewalula ku nsi. Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda."*

b. *Engeri etuukiridde ey'omuntu n'ekifaananyi ddala ekya Katonda ye Yesu Kristo.* Ebyawandiikibwa naddala biyita Kristo "ekifaananyi kya Katonda" (**2 Kol 4:4; Bak 1:15**) ne "ekifaananyi kye ddala bw'ali" (**Beb 1:3;** laba ne **Yok 14:8-9; 1:1:18; 2 Kol 4:6**). Mu Kristo tulaba ekifaananyi kya Katonda (KKK) mu butuukirivu bwakyo bwonna. N'olw'ekyo, "Tewali kkubo lisingako ery'okulaba ekifaananyi kya Katonda okujjako okutunula ku Yesu Kristo. Kye tulaba ne kye tuwulira mu Yesu ky'ekyo Katonda kye

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

yagenderera ku lw'omuntu" (Hoekema 1986: 22).
c. *Abantu bonna bakyalina KKK newakubadde omuntu yagwa mu kibi* (**Lub 5:1-3; 9:6; Yak 3:9-10**). Mu ngeri endala KKK eri mu bantu bonna ng'ekitundu ku bulamu bwabwe bwennyini. (Laba ne **Zab 8** eyogera ku muntu nga ekkiriziganya n'endowooza ku muntu nga bw'etuweereddwa mu **Lub 1**, newakubadde tekozesa ebigambo "ekifaananyi kya Katonda").
d. *KKK nayo ekwata ku "muntu waffe omuggya" mu Kristo, gwe tulina okulaga mu bulamu bwaffe (laba **Bar 8:29, 2 Kol 3:18, Bef 4:22-24,** ne **Bak 3:9-10** zonna ezoogera ku kifaananyi ekyo n'amaanyi).* Ekyo kiraga nti, mu ngeri emu oba endala, KKK yasiigibwa enziro olw'ekibi, era tetukyagirina bulungi. KKK ezzibwa obuggya mu bantu ba Katonda nga bwe bayingira mu nkolagana ey'obulokozi ne Kitaffe okuyita mu Yesu Kristo, era beeyongera okutukuzibwa okuyita mu buwulize eri Katonda n'okugondera omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwabwe. Amazima gali nti, engeri emu ey'okutunuulira okutukuzibwa eri nti kwe kuzzibwaawo okwa KKK mu bujjuvu bwayo bwonna mu bantu abanunuliddwa.
e. *Ng'abantu abalina ekifaananyi kya Katonda era abolesa ky'ali, tulina okubeera abagabi.*
(1) Ekimu ku bifo ekifaananyi kya Katonda bye kirabisibwamu obulungi kwe kugaba.
(2) Okuwa omuntu sente n'eby'obugagga kulabisibwa kumu kwokka okw'ekifaananyi ekigazi mwe tuyitiddwa okuwa abalala mu bungi (newakubadde kya mugaso).
(3) Omutima omugabi gukola omusingi obw'obuweereza Obukristaayo, nga Yesu bwe yagamba: *"mwaweebwa buwa, nammwe muwenga buwa"* (**Mat 10:8**).
(4) Nga Kristo, tuteekwa okusooka okwewaayo ne tulyoka tuwaayo eby'obugagga byaffe eri Katonda n'eri abalala (**2 Kol 8:5, 9).**
(5) <u>Okwewaayo kwaffe n'eby'obugagga byaffe eri abalala mu bungi kulaga bino wammanga:</u>
(A) Okwagala kwaffe n'obuwulize bwaffe eri Kristo.
(B) Ekisa kya Katonda n'omwoyo gwe mu mitima gyaffe ne mu bulamu bwaffe.
(C) Amazima g'okukkiriza kwaffe (**Yak 2:14-26**).
(D) Okwagala kwaffe eri baganda baffe ne banyinnaffe (**1 Yok 3:16-18**).
(E) Obuvunaanyizibwa bwaffe ng'abawanika.

**B. *Okugaba mu Ndagaano Enkadde: etteeka ery'ekimu eky'ekkumi***
1. <u>Tewali n'omu eyali ateekeddwa okuwa ekimu eky'ekkumi ng'Amateeka ga Musa tegannaba kubeerawo, era tewali byakulabirako eby'omuntu atoola ekimu eky'ekkumi nga Musa tannabeerawo. Wabula, mu by'okulabirako bibiri ebyaliwo nga Musa tannabeerawo, ebitundu 10 ku buli 100 byaweebwangayo:</u>
a. *Mu **Lub 14:1-24** Ibulayimu yawa Merukizeddeeki ebitundu 10 ku buli 100 ku munyago ogw'okwebonaanya gwe yajja ku bakabaka bana be yali awangudde mu ntalo (laba ne **Beb 7:4**).* Ekyo kyali kya lunaku lumu. Kyali kirabo, so si tteeka. Ebintu bye yawaayo si by'ebimu ku bintu Ibulayimu bye yali amanyi ng'ebibye.
b. *Mu **Lub 28:10-22,** Yakobo bwe yali ava mu maka ge okugenda okunoonya omukazi, Katonda yamuwa omukisa n'amusuubiza nti alimukomyawo mu nsi ye. Awo Yakobo ne yeeyama nti, bw'alikomawo n'emirembe, talirema kuwa Katonda ekitundu eky'ekkumi ku byonna Katonda by'alimuwa*. Nga bwe tulaba ekirabo kya Yakobo kyava mu bweyamo bwe yakola kyeyagalire nga bukolebwa lwa nsonga. Emyaka amakumi abiri oluvannyuma, Katonda yalabikira Yakobo n'amujjukiza obweyamo obwo (**Lub 31:13, 41**). Mu butuufu Bayibuli terina weegamba nti Yakobo yatuukiriza obweyamo bwe. Bw'aba nga yakikola, wabula, osanga yakikola lwe yawa Esawu ensolo enyingi ku ezo ze yali akuŋaanyizza (laba **Lub 32:9-15; 33:1-11**).
2. <u>Etteeka ery'ekimu eky'ekkumi lyali likwata ku Yisaraeri ey'Endagaano Enkadde okuyimirizaawo Yeekaalu n'obwakabona obw'Abaleevi.</u>
a. "Ekimu eky'ekkumi" kitegeeza 1/10 (kwe kugamba, 10 ku buli 100).
b. *Abayisaraeri ab'Endagaano Enkadde baalagibwa okuwa ekimu eky'ekkumi emirundi ebiri mu mwaka; buli luvannyuma lw'emyaka esatu baali balina kuwa abaavu 10 ku buli 100 ekiral.* Ekitundu eky'ekkumi, mu butuufu, kyali musolo Abayisaraeri bonna (ka babe nga "bazaalibwa omulundi ogw'okubiri" oba nedda) gwe baalina okusasula, eggwanga lisobole okukola mu nsi eyo. Bw'okibala okusobola okufuna omuwendo ogwa wakati ogw'emyaka esatu, buli Muyisaraeri yalina okuwa kumpi ebitundu 23 ku buli 100

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

eby'enfuna ye buli mwaka ku lw'omulimu gwa Katonda (Blomberg 1999:46). Yawangayo kasooli, amafuta, envinnyo, ebisolo, ne sente.

(1) Ekimu eky'ekkumi ekisooka kyaweebwangayo okuyimirizaawo Abaleevi ne bakabona, kubanga Abaleevi tebaaweebwa ku mugabo gw'ettaka ebika ebirala bye byagabana. (**Leev 27:30-33; Ma 12:18; Kub 18:21-24**).

(2) Ekimu eky'ekkumi eky'okubiri, ekyali kimanyiddwa nga "ekimu eky'ekkumi eky'embaga," kyali kimu eky'ekkumi eky'ebitundu 9 ku buli 10 ebyali bisigaddewo; ekyali tekikozeseddwa mu mbaga ey'omwaka kyaweebwanga Abaleevi (**Ma 12:5-7; 14:22-27**).

(3) Ekimu eky'ekkumi eky'okusatu kyali kimanyiddwa nga "ekimu eky'ekkumi eky'okuyamba abaavu" era kyaweebwanga buli luvannyuma lw'emyaka esatu okuyamba Abaleevi, abaavu, bannamawanga, bamulekwa, ne bannamwandu (**Ma 14:28-29; 26:12**).

(4) Oluvannyuma lw'okuweebwa ekimu eky'ekkumi, Abaleevi nabo baalina okuwa "ekimu eky'ekkumi eky'ebitundu eby'ekkumi" mu nyumba ya Katonda (**Kub 18:25-32; Nek 10:38-39**).

c. *Byonna ebyavanga mu ttaka, nga mwe mwali ensigo, ebibala, envinnyo empya, n'amafuta byali birina kuweebwako ekimu eky'ekkumi, awamu n'ente, n'endiga (**Leev 27:30-33; Ma 12:17; 14:22-23**).*

d. *Tewaaliwo nteekateeka ya kutoola sente.*

(1) <u>Okwogera ku kimu eky'ekkumi ekya sente mu Mateeka ga Musa</u> kiri nti omuntu bw'abeera ewala ennyo okuva ku "kifo Mukama Katondawo ky'alonze" (kwe kugamba, ekifo ekitukuvu ekirondeddwa ekya wakati) okukireetamu ekimu eky'ekkumi (kwe kugamba, ebivudde mu ttaka n'ebisolo), kale omuntu oyo yalina kuwaanyisa ebintu ebyo n'abijjamu sente, n'aleeta sente ezo mu kifo Mukama ky'aba alonze, n'azikozesa ku by'okulya n'eby'okunywa ne bazirya mu kifo ekyo (**Ma 14:24-26**).

(2) <u>Ekitabo *Africa Bible Commentary* kinyonnyola nti:</u> "Tetumanyidde ddala ddi ekimu eky'ekkumi lwe kyaweebwanga. Osanga kyatwalibwanga awatukuvu mu kiseera eky'embaga ey'amakungula, ekyali kimanyiddwa nga Embaga ey'Ensiisira oba Embaga eya Ssabbiiti (Pentekoote) ([Ma] 16:9-17). Naye olw'ekizibu ky'okutambuza ebintu ebyo olugendo oluwanvu, Eky'Amateeka Olw'okubiri kyaleetawo eky'okuwaanyisa ebintu ebyo, okubijjamu sente ezaalina okukozesebwa okugula ebintu ebyalina okuweebwaayo n'ekijjulo ekitukuvu ekyalina okuliibwa abantu bonna mu kifo ekitukuvu." (Adeyemo 2006: 230)

e. *Ekimu eky'ekkumi kyalina okuweebwa okuva ku mubereberye mu baana n'ensolo ezaasinganga okuba ennungi n'ebibereberye eby'ebisooka okubala eby'ensi.* Ekyo kyayitibwanga "ebibala ebisooka" (laba **Kuv 22:29-30; 23:14-19; 34:26; Leev 2:14; 23:10, 17; 27:26-33; Kub 18:12, 29-32; Ma 12:17; 14:23; Nek 10:34-37; 12:44**).

3. <u>Etteeka ery'Endagaano Enkadde nalyo lyafuganga okugaba okw'ekika ekirala Abayisaraeri kwe baalina okukola.</u>

a. Abayisaraeri bonna baalina okuwa omusolo ogw'ekitundu kya sekeri buli mwaka okuyimirizaawo weema ne yeekaalu (**Kuv 30:11-16; 2 Byom 24:4-9; Nek 10:32** [gye kinyonnyolwa nga ekimu eky'okusatu ekya sekeri]; **Mat 17:24-27**).

b. Ebiweebwaayo ebiweereddwa bakabona byafuukanga bya bakabona (**Kub 5:9-10**).

c. Abantu baagaanibwa okukungulanga ensonda z'ennimiro zaabwe okuzimaliramu ddala, oba okukungula ensigo ezaabanga zigudde wansi ku ttaka, oba okuddanga mu matabi oba okukungulanga emizabbibu omulundi ogw'okubiri; ebyasigalangawo byalinga by'abaali mu bwetaavu ne munnaggwanga (**Leev 19:9-10; Ma 24:19-20**).

d. Embaga eya Ssabbiiti yagabirirwanga okuva ku biweebwaayo ebisinziira ku "kusalawo kw'omuntu" (**Ma 16:10**).

e. Ekiweebwaayo eky'ensolo kyonna omuntu ky'awaayo ku bubwe ku lw'omulimu gwa Mukama kyalina kukolebwa okuva ku nsolo esinga okuba ennungi era eteriiko bulema (**Leev 22:18-25**).

f. *Ng'ekitundu ku Mateeka ga Musa, Abaebbulaniya ab'Endagaano Enkadde baalina okugabirira eby'omubiri n'eby'ensumbi abaavu n'abaali mu bwetaavu:*

(1) Mu kugaba (**Kuv 23:10-11; Leev 19: 9-10; Ma 15:10-11; 24: 19-21; Zab 41:1; 112:5-6; Nge 14:21; 19:17; 22: 9, 22; 31:20; Isa 58:6-7; Ezek 16:49**).

(2) Mu kuwola Abaebbulaniya bannaabwe awatali kubafunako amagoba (**Kuv 22:25-27; Ma 15:7-9; Zab 37:26; Ezek 18:3**).

(3) Yisaraeri yalina kubeera ggwanga eriwola amawanga amalala (**Ma 15:6**).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

4. Abaebbulaniya ab'Endagaano Enkadde era baawangayo ku bwabwe (ng'oggyeko okugaba okuyita mu kimu eky'ekkumi okwetteeka) okutambuza omulimu gwa Katonda.

a. Weema bwe yali ezimbibwa Abayisaraeri baawaayo *"bingi ebisukkiridde ennyo okumala okukola emirimu Mukama gye yalagira"*, bingi nnyo ne kiweesa Musa ekiragiro okuziyiza abantu okwongera okuleeta ebirala (**Kuv 36:2-7;** laba ne **Kuv 38:21-31**).

b. Yeekaalu ya Sulemaani bwe yali ezimbibwa *"abaalabika nga balina amayinja ag'omuwendo omungi ne bagawa eri obugagga obw'omu nnyumba ya Mukama wansi w'omukono gwa Yekyeri Omugerusoni. Awo abantu ne basanyuka kubanga baawaayo ku bwabwe, kubanga baawaayo ku bwabe eri Mukama n'omutima ogutuukiridde; era ne Dawudi kabaka n'asanyuka essanyu ddene"* (**1 Byom 29:8-9;** laba **1 Byom 29:1-9, 17**).

c. Yeekaalu bwe yali ezzibwawo obuggya wansi wa Zerubbaberi abantu era baawaayo mu bungi okutambuza omulimu (laba **Ezra 8:24-34; Nek 10:32-33**).

5. Endagaano Enkadde ey'ebiseera bya Musa awamu n'Amateeka byasiba obuwulize n'amateeka (omwali okuwa ekimu eky'ekkumi n'omusolo ebyali byetaagisa) ku bugagga bw'ensi eyo.

a. *Endagaano Enkadde [eya Musa] "yasinziiranga ku mirimu"; teyasinziiranga ku "kisa" ng'Endagaano Empya" efuga abakkiriza olwaleero bw'ekola.* Endagaano "esinziira ku mirimu" ndagaano ya mateeka era egamba nti "singa…awo"—kwe kugamba, "singa" ogondera obukwakkulizo bwonna obw'endagaano eyo, "awo" ojja kuweebwa omukisa, naye bw'otogondera obukwakkulizo bwonna obw'endagaano eyo, awo ojja kukolimirwa; ekirala, Endagaano Enkadde yali ekwata ku bikolimo n'emikisa mu nsi ey'omubiri, n'ey'ebintu (laba **Kuv 15:26; 19:3-6; Leev 26:1-43; Ma 28:1-4, 15-19; Yos 23:14-16; Yer 11:1-11; Dan 9:11-14; Yak 2:10**). Ensonga eri nti Amateeka ga Musa gaali omusingi ogw'eggwanga ery'etongodde (Yisaraeri), so si ogw'abantu ab'omwoyo ng'ekkanisa. Okubeera munnakibiina mu Yisaraeri ey'Endagaano Enkadde kwali kwesigamizibwa ku nsibuko y'omuntu mu Ibulayimu ne Isaaka, so si ku kuzaalibwa obuggya n'okufuuka omuntu omuggya mu mwoyo nga ekiri mu kkanisa. Endagaano ya Musa n'Amateeka (nga mw'otwalidde n'etteeka ly'ekimu eky'ekkumi) byategekebwa okulung'amya eggwanga lya Ysiraeri mu nsi eyo.

b. *Kubanga Endagaano ya Musa n'Amateeka byategekebwa okulung'amya eggwanga lya Yisaraeri mu nsi eyo, mu **Ma 26:12-15** waliwo okukwatagana wakati w'okuwa ekimu eky'ekkumi n'okubaza ebibala mu nsi ya Yisaraeri.* Mu **Ma 26:16** Musa yali akubirizza Abayisaraeri okugondera ebiragiro bya Katonda byonna n'amateeka ge. Mu **Ma 28:12** Katonda yasuubiza nti *"anaakuggulirangawo etterekero lye eddungi eggulu okugaba enkuba y'ensi yo mu budde bwayo, n'okuwa omukisa omulimu gwonna ogw'omukono gwo"* singa Yisaraeri yali yegendereza okulaba nti etuukiriza ebiragiro byonna ebyali mu Mateeka. Singa Yisaraeri yalemwa okutuukiriza amateeka, awo Katonda n'alyoka afuula enkuba okuba effuffugge n'enfuufu; n'alemesa ebimera okubala ebibala n'abiriisa enzige, envunyu, n'ebiwuka (**Ma 28:23-24, 38-42;** laba ne **Leev 26:3-6; 14-16, 19-26**).

c. *Blomberg akifunza bw'ati:* "Wakati mu ndagaano ey'enjawulo gye yakola ne Yisaraeri, alagira obuwulize mu Mateeka, era wakati mu ndagaano eyo ebisuubizo ebisinga eby'Endagaano Enkadde eby'okweyongera okugaggawala mwe biteekwa okulabibwa. Byonna awamu bisibiddwa ku Nsi Ensuubize ne ku nsinza mu yeekaalu n'ekikula kyayo eky'okusinza. . . . Naye enteekateeka ez'enjawulo ez'endagaano wakati wa Katonda ne Yisaraeri zitugaana okulaba ebintu mu kubitwaliza awamu n'okugamba nti Katonda *ateekwa* okuwa abantu be abeesigwa abali mu mawanga amalala ne mu biseera ebirala empeera ey'ebintu." (Blomberg 1999: 82-83, 51)

6. Mu **Mal 3:7-12** Katonda yanenya n'asoomooza Yisaraeri ey'Endagaano Enkadde olw'okulemererwa kwayo okuwa ekimu eky'ekkumi n'ebiweebwaayo ebirala ebyali byetaagibwa mu mateeka. *7"Okuva ku nnaku za bajjajjammwe nga mukyuka okukyama mu biragiro byange, so temubikwatanga. Mudde gyendi, nange nadda gye muli, bw'ayogera MUKAMA Katonda w'eggye. Naye mwogera nti Tunadda tutya?' 8Omuntu alinyaga Katonda? Naye mmwe munnyaga nze. Naye mwogera nti Twakunyaga tutya? Mwannyagako ebitundu n'ebiweebwaayo! 10Muleete ekitundu eky'ekkumi ekiramba mu ggwanika, ennyumba yange ebeeremu emmere, era munkeme nakyo, bw'ayogera Mukama Katonda w'eggye, oba nga siribaggulirawo ebituli eby'omu ggulu, ne mbafukira omukisa, ne wataba na bbanga we guligya. 11Era ndinenya omuli ku lwammwe, so talizikiriza bibala bya ttaka lyammwe; so n'omuzabbibu gwammwe tegulikunkumula bibala byagwo mu nnimiro entuuko nga tezinnatuuka, bw'ayogera MUKAMA Katonda w'eggye. 12"Era amawanga gonna galibayita ba mukisa, kubanga muliba nsi esanyusa, bw'ayogera MUKAMA Katonda w'eggye.*

a. *Ekitabo kya **Malaki** kyaweebwa eggwanga lya Yisaraeri oluvannyuma lw'okukomawo okuva mu busibe mu Babulooni. Okutwaliza awamu kyagendererwa okukoowoola abantu na*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*ddala bakabona okwenenya.*

(1) Mu **Kag 1:1-11** Abayisaraeri baali bakomyewo e Yerusaalemi era baalina okuddamu okuzimba yeekaalu. Naye, baali tebakikoze. N'olw'ekyo Katonda yali taweerezza enkuba, yali alemesezza ebirime byabwe okubala, era yali abonerezza abantu n'omusana n'ebizibu ebirala.

(2) Kati, mu **Malaki**, yeekaalu yali ezimbiddwa naye okulakulana kwali tekunnaba kujja. Eggwanga lyali libonaabona olw'ebizibu bye bimu ebyaliwo mu kiseera eky'okuwandiika **Kaggayi**. Naye wadde ebyo byaliwo, baali beerabidde Katonda era nga tebamussaamu ekitiibwa. Bakabona baali bawaayo *"emmere eyonoonese"* n'ebisolo *"ebiriko obulema oba ebirwadde"* ku kyoto (**Mal 1:7-14**) era nga beesittaza abantu bangi (**Mal 2:1-9**). Baali bagobye abakazi baabwe ne bawasa abakazi abakafiiri (**Mal 2:10-17**). Ekirala, nga Yisiraeri bwe yali emenye ebiragiro ebirala byonna eby'Endagaano Enkadde, wano nawo yali emenya ebiragiro ebikwata ku kimu eky'ekkumi n'ebiweebwaayo. Olw'obujeemu obwo, Katonda yali aleese ebikolimo eby'Endagaano Enkadde bye yali abagambye mu **Ma 28:15-24, 38-42.**

b. *Ebiri mu kitabo birabika bulungi okubanga byasinziira ku Ndagaano ya Musa n'Amateeka, n'emikisa egikwata ku bintu eby'omubiri n'abalimi n'ebyavanga mu birime byabwe, n'emikisa egyali mu mateeka ago.*

(1) Eggwanga lyonna lyakolimirwa, ne bakabona baalina omusango okusooka kwa byonna (laba **Mal 1:6; 2:1-2, 7-9, 13-14; 3:3-4**).

(2) Ekitundu kino eky'ebyawandiikibwa kikwata naddala ku nteeka y'emikisa gya Katonda emisuubize mu nkola n'ebikolimo by'Amateeka ga Musa ku Yisiraeri. Emikisa emisuubize egya **Mal 3:10**, n'ebikolimo bya **Mal 3:9, 11** byombi bikwata ku ttaka n'ebirime. Byombi byesigamizibwa era byasinziira ku Ndagaano ya Musa n'enkolagana eva mu ndagaano wakati wa Katonda ne Yisiraeri ey'Endagaano Enkadde. Ejjo mikisa n'ebikolimo ebisuubizibwa eggwanga okutwaliza awamu; si mikisa oba bikolimo bya muntu kinnoomu ebisuubizibwa abantu ssekinnoomu abawa eky'ekkumi oba abatawa kimu kya kkumi. **Mal 3:7-12** kyakulabirako ekya Katonda okutuukiriza ekisuubizo kye okukolimira ettaka olw'obujeemu bw'abantu, naye n'eky'okujjukiza abantu ku mikisa emisuubize olw'okumugondera, n'okubasoomooza n'okugeza obwesigwa bwa Katonda n'obuwuulize bwabwe bwennyini.

(A) Mu **Mal 3:10** *"ebituli eby'omu ggulu"* ky'ekigambo kimu ekikozesebwa mu **Lub 7:11** ne **8:2,** era kitegeeza enkuba ennyingi.

(B) *Mu **Mal 3:11** "omuli" kye kigambo eky'Oluebbulaniya ekyavvuunulwa butereevu, naye kitegeerekeka bulungi okuva ku ebyo ebiri mu kitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa nti kyali kyogera ku kika ekimu eky'ebiwuka ebyayonoonanga ebimera.* N'olw'ekyo, olunyiriri olwo luyinza n'okuvvuunulwa nga, *"ndiziyiza ebiwuka okwonoona ebirime byammwe."* bayibuli eya ESV egamba nti ekigambo ekyo "osanga linnya lya kika oba ebika by'ebiwuka ebyayonoonanga ebimera." Obujulizi obuva ebweru wa bayibuli mu nnimi ezikwatagana n'ebyo bulaga nti bwali bulumbaganyi bwa bisaanyi (Hurowitz 2002: 327-36).

(C) *Blomberg akifunza bw'ati:* "Kirabika bulungi nti Malaki eyogera ku nteekateeka ey'endagaano ey'enjawulo ekwata ku ggwanga lya Yisiraeri. N'olunyiriri 12 lugenda mu maaso, 'era amawanga gonna galibayita ba mukisa', nga lwogera awatali kubuusabuusa ku bisuubizo eby'enjawulo ebyaweebwa Ibulayimu mu Lubereberye 12:1-3. Era kya mugaso okujjukira enkolagana ey'enjawulo mu Ndagaano Enkadde wakati w'ekimu eky'ekkumi n'ebiweebwaayo eby'ensinza y'omu yeekaalu. Awatali kifo kya wakati eky'okuwaayo ssaddaaka ez'omusaayi olwaleero, omuntu tayinza kumala galeeta ennono zonna ez'okuwaayo eri awatukuvu wa Katonda mu Ndagaano Enkadde n'azikozesa mu mbalirira z'ekkanisa ey'omulembe ogw'Endagaano Empya." (Blomberg 1999: 80)

7. Olwaleero Abakristaayo tebakyali wansi w'etteeka ery'ekimu eky'ekkumi.

a. *Amateeka ga Musa ag'Endagaano Enkadde gaalina omulimu gwago ogwaliko ekkomo.* Mu **Bag 3:22-4:11** Pawulo agamba nti amateeka yali *"mutwazi"* (**3:24-25**), *"omusigire era omuwanika"* (**Bag 4:2**), eyali akuuma *"abaana abato"* (**Bag 4:1-3**). "Enzimba y'ekiteeso kino mu ngeri y'okukisiba wamu n'eky'okulabirako ekigazi eky'enjogera efuula ebitundu ebibiri mu njogera ey'okugeraageranya esonga ku mulimu gumu ogw'Amateeka. Omulimu

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

guno gwe gw'omukuumi ateekateeka abantu ba Katonda n'okubalabirira obulungi mu kiseera eky'okuddirira mu by'omwoyo. Ng'ennono ez'olubereberye ez'omu nsi [**Bag 4:3, 9**], Amateeka galung'amya ensonga eza bulijjo ez'abantu abali wansi waago okutuusa ng'obusika butuukiddwaako. Gaateekebwawo ng'ekintu eky'ennaku entono naye eky'etaagisa olw'okubeerawo kw'ennono y'enkola y'ekibi era gakola nga "omutwazi" w'abantu abali mu kibi, nga gateeka okwagala kwa Katonda okunyonnyoddwa ng'omusingi ogw'ekyo ekirina okukolebwa olw'endagaano. Wabula, olw'okujja kw'okukkiriza mu Kristo, omulimu gw'Amateeka ng'omutwazi n'omukuumi gukoma n'Omwoyo n'afuuka ennono eluŋamya ey'omunda." (Belleville 1986: 70)

b. *Yesu yagamba nti yajja okutuukiriza Amateeka, era nti wadde n'ennukuta esinga obutono mu mateeka teriggwaawo "okutuusa lwe birimala okutuukirira" (**Mat 5:17-18**). "Byonna byatuukirira" ku musalaba (laba **Yok 19:30; Bar 10:4; Bef 2:14-15; Bak 2:13-15**).* Ku musalaba Kristo yatandika Endagaano Empya, era n'endagaano eyo, omulembe omupya ogwa "etteeka lya Kristo" (**Luk 22:20; 1 Kol 9:19-21; 11:25; 2 Kol 3:5-6; Bag 6:2**). Yeekaalu, enkola ey'okuwangayo ssaddaaka, obwakabona, n'ebintu ebirala ebyali mu Ndagaano Enkadde byatuukirizibwa ne bivaawo. Enjawukana wakati w'Omuyudaaya ne Munnamawanga yajjibwawo, era yatufuula *"omuntu omu"* mu Kristo (**Bef 2:11-22**). Kristo yaleetawo "enkyuusa y'amateeka" (**Beb 7:11-12**; **Beb 8:13**). "Etteeka lya Kristo" si kwe kuyigiriza kwa Kristo kwokka naye n'okw'abawandiisi b'Endagaano Empya (laba eky'okulabirako, **Yok 14:24-26; 16:12-15; 17:8, 18-20; 1 Kol 14:37; Bag 1:11-12; Bef 2:20; 1 Bas 2:13; 2 Bas 2:15; 3:6, 14; Beb 2:3; Kub 1:11**). N'olw'ekyo, tetukyasibiddwa Endagaano Enkadde n'amateeka gaayo, ebiragiro byayo, amateeka gaayo, naye kati tuli wansi w'amateeka ga Kristo (laba **Bar 6:14; 7:6; 1 Kol 9:20-21; Gal 3:1-4:7; 5:18;** laba ne **Bak 2:8-17**).

c. *Okwogera kwa Yesu kwokka ku kimu eky'ekkumi (**Mat 23:23**) kwakolebwa ng'amateeka ag'Endagaano Enkadde gakyakola, Yesu nga tanagenda ku musalaba okutandika endagano empya.* Yesu yazaalibwa "wansi w'amateeka" (**Bag 4:4**). Mu mbeera eyo Yesu mwe yagambira abawandiisi n'Abafalisaayo (nabo abaali bakyali wansi w'amateeka), *"Ziribasanga mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi! Kubanga muwa ekitundu eky'ekkumi ekya nnabbugira ne aneta ne kkumiro, ne mulekayo ebigambo ebikulu eby'amateeka, obutalyanga nsonga, n'ekisa, n'okukkirizanga: naye bino kyabagwanira okubikola, era na biri obutabirekaayo."* (**Mat 23:23;** laba ne **Luk 11:42**). "Ebyo by'ebigambo byokka mu Ndagaano Empya yonna ebyalibadde bitwalibwa ng'ebiwagira ekimu eky'ekkumi. Naye ekintu ekikulu ekirina okwetegerezebwa kiri nti Yesu ayogera ku 'ebigambo ebikulu eby'amateeka' (**Mat. 23:23**), ebikyakola okutuusa ng'okuteekebwawo kw'endagaano ya Katonda empya ku lunaku lwa Pentekoote." (Blomberg 1999: 136)

d. ***Beb 7:4-10** ky'ekifo ekirala ekiriwo kyokka mu Ndagaano Empya 10% (ekimu eky'ekkumi) we kyogerwako.* Ekitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa kituzzaayo ku **Lub 14:18-20**, Aburaamu we yaweera Merukizeddeeki ekitundu eky'ekkumi ku munyago ogw'okwebonaanya. Ekifo ekyo eky'ebyawandiikibwa, wabula, *tekigamba* nti Abakristaayo bali wansi wa "etteeka ery'ekimu eky'ekkumi" kubanga Aburaamu yennyini yali tavunaanibwa mu tteeka okuwa Merukizeddeeki ebimu eby'ekkumi nga AbaYisiraeri bwe baali bajja okwetaagibwa okuwa bakabona Abaleevi ekimu eky'ekkumi (Rayburn 1989: 1138). Wabula, ensonga eri mu kitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa eri nti Merukizeddeeki yali mukulu okusinga Ibulaamu. Kubanga Kristo naye kabona, *"ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri"* (**Beb 7:15-17**), Kristo mukulu okusinga bakabona Abaleevi. Ekituufu kiri nti, "ng'amateeka bwe gaali ekintu ekyayingira obuyingizi wakati w'ebiseera bya Aburahamu eby'ekisa, n'okutuukirizibwa kwago mu kujja kwa Kristo. . . n'obwakabona bw'Abaleevi bwali bwa kiseera, wakati w'obwakabona bwa Merukizeddeeki, n'okutuukirizibwa kwabwo mu Kabona waffe Omukulu ow'emirembe n'emirembe, Kristo" (Jamieson, Fausset, ne Brown 1961: 1415). Kale, newakubadde ekikolwa eky'okuwa ekimu eky'ekkumi si y'ensonga enkulu mu kitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa n'akatono, singa ekyawandiikibwa ekyo kibadde n'eky'okutugamba ffe abantu ba leero ekikwata ku kimu eky'ekkumi, kyalibadde nti ffe tetuli wansi w'etteeka ery'ekimu eky'ekkumi, kubanga etteeka eryo lyali kitundu ku Ndagaano Enkadde eyali ey'ekiseera era ekifo kyalyo kyatwalibwa etteeka lya Kristo.

e. *Kubanga amateeka ag'Endagaano Enkadde agakwata ku kimu eky'ekkumi gaali kitundu ku Ndagaano Enkadde n'amateeka ga Musa, era nga gakwata naddala ku Yisiraeri, Abakristaayo olwaleero tebali wansi waago.* Okufuula ekisuubizo kya **Mal 3:10** ekikwata ku mukisa mu by'omubiri eri eggwanga omukisa ogw'obuntu kuba kukozesa olunyiriri olwo nga tofudde ku mikisa n'ebikolimo eby'ogerwako mu Ma **28** kwe byesigamizibwa.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

Ken Sarles agamba nti emikisa egyasuubizibwa n'ebikolimo bya **Ma 28** "byaliko ebikwakkulizo n'ebyafaayo, ate nga byatuukirizibwa mu byafaayo by'eggwanga Yisiraeri nga bwe kyawandiikibwa mu Ndagaano. Emikisa n'ebikolimo eri Yisiraeri eyali wansi w'Amateeka tebiyinza kusiindikibwa okutuuka ku batukuvu b'Endagaano Empya" (Sarles 1986: 347). Blomberg awunzika, "Ettaka n'okusinza mu Ndagaano Empya byombi byafuuka 'bya mwoyo', waakiri mu mulembe gw'ekkanisa. . . . Kwe kugamba nti byatuukirizibwa mu Kristo mu ngeri nti abakkiriza tebalina kutwala ebisuubizo ebyo ng'ebyabwe nga balowooleza mu bintu eby'omubiri mu mulembe ogw'ekkanisa." (Blomberg 1999: 83)

8. <u>Newakubadde tetuli wansi w'etteeka ery'ekimu eky'ekkumi oba amateeka amalala ag'Endagaano Enkadde, Amateeka ag'Endagaano Enkadde n'eby'okulabirako ebigirimu biwa Abakristaayo ab'olwaleero ennono ennungi ez'omusingi ez'okugaba.</u>

a. *Amateeka ag'Endagaano Enkadde, ebiragiro, n'amateeka amalala gayinza okulabibwa ng'eby'okulabirako eby'ennono eza bonna oba eza wamu, eziyinza okuyamba okutuluŋŋamya kubanga zifaanana n'embeera yaffe eya leero.* Yesu n'abawandiisi b'Endagaano Empya baatunuulira amateeka ag'Endagaano Enkadde ng'eby'okulabirako eby'ennono enkulu ezisinga ku ezo. Amateeka ag'Endagaano Enkadde gaamenyebwanga okugakuuma bwe kwatyoboolanga ennono. Eky'okulabirako, Yesu ayogera ku mateeka aga Ssabbiiti ng'agoogera ku ye ne ku nnono ey'okukwatirwa ekisa. (**Mat 12:1-8; Mak 2:23-28; Luk 6:1-11**). Yesu ne Pawulo bombi boogera ku mateeka ag'Endagaano Enkadde ng'eby'okulabirako eby'etteeka erisingako mu bukulu ery'okwagala (**Mat 22:37-39; Bar 13:9**).

b. *Ennono endala ez'okugaba eziyinza okukola okuva mu Ndagaano Enkadde zirimu bino wammanga.*

(1) <u>Abantu ba Katonda bwe baba abeesigwa era ne balaba obwetaavu obw'omugaso, bagaba nga baagala era mu bungi.</u> Ng'amateeka ga Musa tegannaba kuweebwa, Bayibuli ekkaatiriza nti bajjajjaffe ab'okukkiriza baagabanga ku bugagga bwabwe mu bungi. Oluvanyuma ng'Amateeka ga Musa gamaze okuweebwa, AbaYisiraeri baali wansi w'ebyetaago ebyaliko obukwakkulizo obujjuvu obukwata ku kugaba. Emirundi mingi baalemwanga okutuukiriza "Amateeka" ag'okugaba. Naye, bwe baatwalanga Mukama ng'ekisookerwako mu bulamu bwabwe, ne basisinkana ebyetaago eby'omugaso, baawangayo bingi ebyasukkanga ku bitundu 23 ku buli 100 bye baalina okuwaayo mu mateeka. Enzimba ya weema, yekaalu ya Sulemaani, ne yekaalu ya Zerubbaberi byakulabirako bisatu eby'ekyo. Mu butuufu, baawangayo okusinga ebyali byetaagibwa—bingi nnyo Musa n'aba nga yalina kubayimiriza okuwaayo! Eyo y'endowooza naffe gye tulina okubeera nayo olwaleero.

(2) <u>Katonda ayamba abo abayamba abaavu n'abali mu bwetaavu, naye awakanya abo abatawa abaavu n'abali mu bwetaavu.</u> Abaavu n'abali mu bwetaavu bali kumpi n'omutima gwa Katonda. N'olw'ekyo, Katonda yawa amateeka "ag'okukungula" okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu (**Leev 19:9-10; Ma 24:19-20**). Ekirala, yasuubiza naddala okuwa omukisa abo abagaba mu bungi olw'okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu (laba **Zab 41:1-3; 112:5-6; Nge 11:24-25; 19:17; 22:9; 28:27**). Ku ludda olulala, obusungu bwe bwalinga ku abo abaali basobola okuyamba abaavu n'abaali mu bwetaavu naye ne batakikola (**Ezek 16:49**).

9. <u>Ekikolwa eky'ekimu eky'ekkumi mu mulembe ogw'Endagaano Empya kirina kukiikirira empisa ey'omwoyo n"omusingi" ogw'okugaba, mwe tulagira obwanannyini bwa Katonda ku sente zaffe zonna n'eby'obugagga ebirala.</u> Nga Endagaano Enkadde bw'eri omusingi ogw'Endagaano Empya, okuwa ekimu eky'ekkumi nakwo kulina kutwalibwa nga "omusingi" (so si "akasolya") ogw'okugaba mu Ndagaano Empya.

a. Pawulo ayogera ku nkola ey'Endagaano Enkadde, bakabona mwe baafuniranga obuyambi okuva ku kimu eky'ekkumi n'ebiweebwayo ebirala ebyali byetaagisa okuweebwa abantu, ng'eky'okulabirako eky'obuyambi obwa sente olw'obuweereza obw'Endagaano Empya (**1 Kol 9:13-14**).

b. *Ekimu eky'ekkumi olwaleero kye kintu ekiringa empisa ey'okusiiba.* Bwe tusiiba, tulaga nti Katonda y'atugabirira mu by'okulya era nti tetufugibwa maddu; tulaga obwanannyini bwe ku mibiri gyaffe ne tweteeka ffe ffennyini, nga mwotwalidde n'embuto zaffe, mu mikono gye. Okuwa ekimu eky'ekkumi (kwe kugamba, okuwaayo ebitundu 10 ku buli 100) kulaga "ekiragiro eky'olugalo olusajja" ekirungi (newakubadde si "tteeka") ku lw'Abakristaayo, ekitujjukizza nti ebitundu ebisigadde 90 ku buli 100 si "byaffe," naye nti ku nkomerero ya byonna ebitundu byonna 100 ku 100 bya Katonda.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

c. *Ekitabo ekya Africa Bible Commentary kiraga bulungi ennono eri emabega w'ekimu eky'ekkumi gye tulina okwettanira:* "Amakkanisa mangi gayisa ekiragiro eky'ekimu eky'ekkumi ng'ekitegeeza nti tulina okuwaayo ebitundu 10 ku buli 100 ebya byonna bye tulina. Tewali buzibu mu kino bwe kitwalibwa ng'ennono etuluŋŋamya. Naye wabeerawo obuzibu bwe kitwalibwa ng'etteeka erisiba buli mukkiriza era ng'ekyetaago eky'okutuukiriza etteeka lya Katonda. Ennono ey'Endagaano Empya yeey'okuwaayo okusinziira ku ngeri Katonda gy'atuwaddemu omukisa (**1 Kol 16:1-2; 2Kol 8:13-15**). Ekyo kitegeeza nti abo abaweereddwa omukisa omungi basobola okuwa okusinga ku kimu eky'ekkumi. Kristo yeewaayo yenna ku lwaffe. Lwaki tweterekera bingi ne tumuwa ekitono bwe kityo? Naye eky'omukisa omubi, abakulembeze b'amakkanisa tebayinza kuwagira ennono eno ate nga bawagira okuwaayo ekimu eky'ekkumi ng'etteeka. Abakkiriza bajja kumatira n'okuwaayo ekimu eky'ekkumi kyokka, so nga baalibadde bawaayo bisinga ku bye bawa olw'okusisinkana ebyetaago by'ekkanisa mu Afirika. Kye twalibadde tukola kwe kukozesa omwoyo ogw'okuwaayo ekimu eky'ekkumi, nga tukubiriza abakkiriza okuwangayo ekisinga ku kye bawa n'obutateeka omugugu ogw'okusingibwa omusango ku abo abalina ensonga ennungi ey'obutasobola kuwaayo mu kaseera akaba kaliwo." (Adeyemo 2006: 230)

10. <u>Omutindo ogw'okugaba mu Ndagaano Empya si ky'ekimu eky'ekkumi, naye omusalaba.</u> Tulina okwekaliriza Kristo. Kristo teyamala gawaayo ebitundu 10 ku buli 100 eby'obulamu bwe, naye yatuwa obulamu bwe bwonna. Ekivuddemu, tulina emikisa emikulu egitaliiko kkomo okuva eri Katonda okusinga Abaebbulaniya ab'Endagaano Enkadde gye baalina:

| <u>Endagaano enkadde</u> | <u>Endagaano Empya</u> |
|---|---|
| 1. Wansi wa endagaano enkadde, abantu baalina okukola ssaddaaka olw'ebibi byabwe buli kiseera (**Leev 4:1-5:13; 5:14-6:7; 6:24-30; 7:1-8; 17;16:3-22; Bin 5:5-10; Beb 7:27**). | 1.Mu Endagaano empya, Kristo akoze ssaddaaka emu emala okusonyiwa ebibi by'abantu be bonna emirembe gyonna (**Yok 1:29; Beb 7:26-28; 9:11-12, 28; 10:1-18**). |
| 2. Wansi wa endagaano enkadde, ebimu ku bibi bya Yisiraeri byokka bye byali bibikkibwa, era okumala omwaka 1 gwokka (**Kubal 15:30-31; Beb 9:7; 10:1-3**). | 2. Mu Ndagaano empya, ebibi byaffe byonna—ebiyise, eby'omu kiseera kino, n'eby'omu maaso—byasonyiyibwa emirembe gyonna (**Yer 31:34; Bik 10:43; 13:38-39; Beb 10:1-18**). |
| 3. Endagaano enkadde teyawa bulamu bwa lubeerera (**Bar 3:21; Bag 3:11, 21**). | 3. Mu Ndagaano Empya, tuweebwa obulamu obutaggwaawo (**Yok 3:14-16, 36; 17:2-3; Beb 5:9**). |
| 4.Wansi wa endagaano enkadde, okubeerawo kwa Katonda kwabeeranga mu yeekaalu yokka, era abantu baalina okugenda mu yeekaalu okusemberera okubeerawo kwa Katonda (**1 Bassek 8:10-11; 2 Byom 5:11-14; 7:1- 2**). | 4. Mu NC, ffe ye yeekaalu, era Katonda azze gye tuli (**1 Kol 3:9, 16-17; 2 Kol 6:16-7:1; Bef 2:21; 1 Pet 2:5; Kub 3:12**). |
| 5. Wansi wa Endagaano, bakabona bokka be baali basobola okuyingira mu yeekaalu (**Kubal 18:22-23; Beb 9:6**). | 5. Mu Endagaano empya, Abakristaayo bonna bakabona (**1 Peet 2:5, 9; Kub 1:6; 5:10**). |
| 6. Wansi wa Endagaano enkadde, kabona omukulu yekka ye yali asobola okuyingira mu kifo ekitukuvu eky'ebitukuvu okubeera mu maaso ga Katonda (**Leev 16:2-34**). | 6. Mu ndagaano empya, Kristo ye kabona waffe omukulu (**Beb 4:14-5:10; 7:1-10:25**). |
| 7.Wansi w'endagaano enkadde, kabona asinga obukulu yali asobola okuyingira mu kifo ekitukuvu eky'ebitukuvu olunaku lumu lwokka buli mwaka (**Leev 16:34; Beb 9:7**). | 7. Mu ndagaano empya, Kristo buli kiseera abeera mu maaso ga Katonda nga yegayirira ku lwaffe (**Beb 7:25; 9:24**). |
| 8. Wansi wa Endagaano enkadde, Omwoyo Omutukuvu yava mu yeekaalu, obutadda (**Ezek 9:3; 10:1-19; 11:22-23**). | 8. Mu ndagaano empya, Yesu yasuubiza nti "tajja kutuleka oba okutwabulira" (**Beb 13:5**). |
| 9.Wansi wa endagaano enkadde, Omwoyo Omutukuvu teyabeerangako mu bantu, wabula yajja ku bantu abamu bokka n'oluvannyuma n'aggenda (**Okuva 31:3; Kubal 11:16-29; Balamu 3:10; 6:34; 14: 6, 19; 1 Sam 10:1-11; 16:13-14; 19:20-24**) | 9. Mu ndagaano empya, Omwoyo Omutukuvu azze okubeera munda mu bakkiriza bonna, era tajja kutuleka oba okutwabulira (**Ezek 36:27; Yok 14:16-17; 16:7; Bik 2:14-18, 38-39; Bar 8:9; 1 Kol 3:16; 6:19**). |
| 10. Wansi wa endagaano enkadde, abantu baali mu buddu bw'amateeka ge bataasobola kutuukiriza (**Bik 15:10; Bar 7:6, 23; 8:2-3; Bag 3:23; 5:1**). | 10. Mu ndagaano empya, Kristo atuukirizza Amateeka ku lwaffe, era awandiise amateeka ge (Amateeka ga Kristo) ku mitima gyaffe (**Yer 31:33; Mat 5:17; Bar 10:4; Bak 2: 13-15; Beb 8:10;10:16**). |
| 11. Wansi wa OC, abantu baalina emitima egy'amayinja (**Zek 7:12**). | 11. Mu ndagaano empya, katonda akyusiza emitima ejamayinja natuwa eje'nyama (**Ezek 11:19; 36:26; 2 Kol 3:3**). |

Tulina enkolagana entereevu ey'obuntu ne Katonda abakkiriza ab'Endagaano Enkadde gye bataalina (**Yer 31:34; Beb 4:16; 7:19**).Tlina okutuuka okutaliiko kkomo eri Katonda Kitaffe,

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

okuyita mu Yesu Kristo, abakkiriza mu ndagaano enkadde gye baali baloota (**Mat 27:51; Beb 10:19-22**). Katonda yatuuka n'okututwala mu maka ge (**Bar 8:14-17; Bag 3:26; 4:6-7; Bef 1:5**) . Kubanga twaweebwa bingi okusinga bye baaweebwa, Abakristaayo bayinza batya okutunuulira ekimu eky'ekkumi (ebitundu 10 ku buli 100) ng'ekintu ekinene, oba ekisinga obunene? Wabula, tulina okukitunuulira ng'ekisinga obutono. Okugaba kwaffe kulaga embeera y'omutima gwaffe. Ensonga enkulu si ya kuwaayo, oba wadde obungi bwe tulina okuwaayo, wabula ensonga lwaki tuwaayo: Tuwaayo kubanga etteeka litulagira okuwaayo okwebweru (Endagano enkadde), oba olw'okuba enjiri etukyusa munda bwe tutyo ne twagala okuwayo (Endagano empya? Endowooza yaffe ku kuwaayo eraga, mpozzi okusinga ekitundu ekirala kyonna eky'obulamu, oba ddala twazaalibwa omulundi ogw'okubiri, oba nedda. "Kristo bw'aba yasobola okuwaayo bingi ebyenkanidde awo ku lwaffe, kikafuuwe ffe okugaana okuwangayo okuyamba abali mu bwetaavu!" (Blomberg 1999:193)

**C.** ***Okugaba mu Ndagaano Empya: kwa kyeyagalire, kukolebwa mu bungi, era kusinziira ku busobozi bw'omuntu okusisinkana ebyetaago ebya ddala***

Abakkiriza abaasooka baategeera enjawulo ennene Kristo n'Enjiri gye yaleeta mu bulamu bwaffe. Baategeera ebyo Enjiri byetegeeza mu bitundu byonna eby'obulamu, omuli enkozesa yaabwe eya sente n'eby'obugagga ebirala. Baakozesa ennono z'Endagaano Empya ezikwata ku kugaba ezaayigirizibwa Yesu n'Abatume—nti okugaba kulina kukolebwa na ddembe, mu bungi, era okusinziira ku ebyo omuntu by'alina, okuzimba obwakabaka n'ebyetaago ebya ddala. Ekyavaamu, ekkanisa eyasooka yamanyibwa olw'okugaba mu bungi n'okugaba mu ngeri ya ssaddaaka okwaliwo okumala ebikumi by'emyaka. Okugaba okw'ekika ekyo kuyinza okuddamu okukolebwa singa amaaso gaffe tugajja ku mateeka ag'Endagaano Enkadde, ne tugassa ku Yesu n'Enjiri, ne tuyigiriza abantu baffe ennono ez'Endagaano Empya ez'okugaba.

1. <u>Eky'okulabirako ekya Zaakayo (**Luk 19:1-10**).</u> Newakubadde Zaakayo yafuuka omukkiriza ng'Endagaano Enkadde yali ekyakola, atuwa eky'okulabirako ekirungi ennyo eky'omuntu eyategeera ebyo Enjiri bye yategeeza ebikwata ku kugaba.

a. *Zaakayo mu ngeri eya kyeyagalire yasalawo okugaba kimu kyakubiri eky'obugagga bwe eri abaavu.* "Etteeka" si bwe lyali lyetaaga. Yesu yali tamulagidde okutandika okuwaayo kimu eky'ekkumi okusobola okutuukiriza ebyetaago eby'amateeka. Wabula, okugaba kwa Zakaayo mu bungi kyakulabirako eky'ennono ey'Enjiri: "asonyiyiddwa ebibi bye ebingi, okwagala kwe kungi" (laba **Luk 7:36-50**).

b. *Zaakayo mu ngeri eya kyeyagalire yasalawo okuzzaayo ebyo bye yali akumpanyizza ku muntu omulala yenna emirundi ena.* Etteeka ery'Endagaano Enkadde lyali lyetaagisa omuntu okusasula 120 ku buli 100, so si 400 ku buli 100, bwe kiba nga kikwata ku bubbi oba obukumpanya (laba **Leev 6:2-5; Kub 5:7**). Okuzzaayo ebingi bwe bityo kaali kabonero ak'ebweru ak'omutima ogwali gukyuusiddwa.

c. *Ekigendererwa kya Zaakayo eky'okugaba kyali kusanyusa Mukama.* Ebigambo bya Zaakayo, *"Laba Mukama!"* biringa eby'omwana omuto agamba nti "Laba maama!" oba "Laba taata! Laba ky'enkola!" Zaakayo yali akola ekyo kye yalowooza nti kijja kusanyusa Mukama we omuggya. Naffe eyo ye yaalibadde endowooza yaffe.

2. <u>Ekkanisa mu Yerusaalemi mu **Bik 2:44-47** ne **4:32-37**.</u>

a. *Abakkiriza baali "wamu" (**Bik 2:44**) era "baalina omutima gumu n'emmeeme emu" (**Bik 4:32**).* Endowooza eyo eva ku kweraba n'abakkiriza bannaffe ffenna ng'ekitundu ku mubiri gumu n'enju emu. Ne bwe tubeera mu bifo eby'enjawulo, obumu, n'omutima ogumu, n'emmeeme emu bikyaliwo. Eyo y'endowooza enkulu eva mu kutwala Kristo okubeera ekisookerwako mu bulamu bwaffe. Nga Willard bwe yagamba, bwe tutwala Kristo okubeera ekisookerwako ne tumuwanika ng'owa waggulu ennyo, "kale tujja kuwanika ne baliraanwa baffe bulungi, ye nga bw'abawanika" (Willard 1997: 203).

b. *Abakkiriza "bassa kimu mu byonna" (**Bik 2:44**) era tebaagamba nti "ekyo kyonna kye yalina kyali kikye ku bubwe, naye ebintu byonna byali byabwe bonna awamu" (**Bik 4:32**).* Buli omu ku bakkiriza yalina ebintu ebibye ku bubwe (**Bik 2:45-46; 4:34-37; 5:4**). Naye, ekikulu kyali *endowooza* yabwe ku bintu bye baalina ne ku bantu abalala. N'endowooza entuufu ku sente, eby'obugagga, n'abantu abalala, eva ku ndowooza entuufu ku Kristo n'obwakabaka bwe.

c. *Abakkiriza "baatandika okutunda ebyabwe ne babigabana wakati wabwe, ng'omuntu bwe yali yeetaaga" (**Bik 2:45;** laba ne **Bik 4:34-35**).*

(1) <u>Ekyo kye baakola kyali kya kyeyagalire, tekyabakakibwako bukakibwa.</u> Tebaakakibwa okutunda ebyabwe oba okubigabana n'abalala, oba okuzannyirwa ku bwongo bwabwe olw'ekibi oba olw'omululu ogw'okugobolola mu by'omwoyo. Okutunda *"ebibanja oba ennyumba"* (**Bik 4:34**) kwalimu okugaba kwennyini okw'engeri ya ssaddaaka. Ekirala, enjogera eyakozesebwa mu kubuulira ku bintu

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

ebyo eraga nti tekyali kikolwa kya mulundi gumu okusobozesa omuntu okwejjako eby'obugagga bye, naye byali ebikowa ebyaliwo okumala ebbanga eggwanvu olw'okuyambanga abaavu ng'obwetaavu bwe bwalabikanga (Blomberg 1999:162, 165).

(2) Ekisanyusa, Balunabba yali Muleevi (**Bik 4:36-37**). Okusinziira ku Mateeka ga Musa, Abaleevi baali tebateekeddwa kubeera na ttaka (laba **Kub 18:20-26; Ma 10:9; 12:12; 14:27-29; 18:1-2; Yos 13:14, 33; 14:3; 18:7; Ezek 44:28**). Balunabba okubeera n'ettaka kiraga nti Amateeka ga Musa gaali tegakyakola oba nti tegakyakola ku bakkiriza.

(3) Okugaba kwabwe kwakolebwa okutuukiriza ebyetaago *ebya ddala* (**Bik 2:45; 4:35**). Katonda asuubiza okutugabirira mu byetaago "byaffe," so si "bye twagala" oba bye "twegomba" (**Baf. 4:19**). Katonda agabirira ebyetaago byaffe okuyita mu bantu be, ekkanisa. Amazima gali nti, bwe tusisinkana ebyetaago bya baganda baffe ne bannyinaffe, ekyo kiraga okubeerawo kw'okwagala kwa Katonda mu ffe (**1 Yok 3:17**) n'amazima g'okukkiriza kwaffe (**Yak. 2:15-16**).

d. *Katonda yawa abakkiriza omukisa kubanga baabeeranga mu bulamu obwatunuuliranga obwakabaka bwe era baagabanga okusinziira ku bulamu obwo.* Ng'ekibala ekyava mu kutwala Kristo ng'ekikulu okusinga sente zaabwe n'eby'obugagga byabwe, n'okukozesa sente zaabwe n'eby'obugagga byabwe okuweesa Kristo ekitiibwa n'okuzimba obwakabaka bwe, Katonda yawa abakkiriza abo omukisa mu by'omubiri ne mu by'omwoyo.

(1) *"Tewaali mu bo eyeetaaganga"* (**Bik 4:34**). Katonda yakola ku byetaago eby'omubiri eby'abakkiriza abaavu okuyita mu kugabana n'okugaba mu bungi okw'abakkiriza abalala.

(2) *"Nabo nga banyiikiriranga bulijjo n'omwoyo gumu mu yeekaalu, nga bamenya emigaati mu nnyumba eka, ne balyanga emmere n'essanyu n'omutima ogutalina bukuusa"* (**Bik 2:46**). Katonda yasiba abakkiriza wamu. Yabawa essanyu. Ekyo bulijjo kye kigoberera bwe tukola nga bwe tuteekeddwa okukola.

(3) *"Nga batenderezanga Katonda, nga basiimibwanga abantu bonna"* (**Bik 2:47**). Bulijjo ekkanisa ebeera etunuulirwa abatakkiriza. Ekkanisa bw'ekola nga bw'eteekeddwa okukola, abantu abalala bakiraba, tebayinza kwewala okugitunuulira n'okwagala era n'okuganja.

(4) *"N'amaanyi mangi Abatume ne boogeranga okutegeeza kwabwe okw'okuzuukira kwa Mukama waffe Yesu"* (**Bik 4:33**); *"Mukama n'aboongerangako abaalokokanga"* (**Bik 2:47**). Katonda atuwa amaanyi ag'omwoyo bwe tumugondera. Abakristaayo ababeera n'obulamu bwe bateekeddwa okubeera nabwo era abawaayo nga bwe basaanidde okuwaayo bakola obujulizi obw'amaanyi ku kuzuukira. Engeri gye tubeeramu eyinza okukola obujulizi obw'amaanyi okusinga bye twogera. Mazima, ebyo bye twogera biteekwa okulagibwa ebyo bye tukola mu bulamu bwaffe abantu bwe baba nga banaatukkiririzaamu. Ebyo bye tulaga mu bulamu bwaffe bwe bikwatagana n'ebyo bye twogera, ebyo Katonda abiwa omukisa okwongereza ku bwakabaka bwe.

(5) *"N'ekisa kingi ne kibeeranga ku bo bonna"* (**Bik 4:33**). Katonda asasula obwesigwa. Ayongera okutusembeza gyali, buli omu eri munne, n'eri abantu abalala bwe tubeera ne tugaba nga bwe tuteekeddwa okukikola. N'olw'ekyo, Katonda yayiwa emikisa egy'omwoyo ku bakkiriza era n'akola ku byetaago byabwe eby'omubiri.

3. Ekkanisa mu Antiyokiya mu **Bik 11:27-30**.

a. *Abakkiriza mu **Bik 2** ne **4** abasinga baali Bayudaaya, era baali basangibwa mu Yerusaalemi.* Mu **Bik 11** abakkiriza abasinga baali Bannamawanga, era nga basangibwa mu Antiyokia (mu Siria eya leero).

b. *Omwoyo Omutukuvu yalaga nti waali wajja kubeerawo enjala.* Enjala eyo yaliwo wakati w'emyaka 45-47 oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo, kumpi emyaka 10-15 oluvanyuma lw'ebyo ebyaliwo mu **Bik 2** ne **4** (Blomberg 1999: 171). Oluvanyuma lw'okuyiga ekyo, *"okusinziira ku busobozi bw'abayigirizwa, buli omu yasalawo okuweereza obuyambi eri ab'oluganda abaali babeera mu Buyudaaya. Era baakikola, nga babuweereza eri abakadde okuyita mu mikono gya Balunabba ne"* (**Bik 11:28-29**).

(1) Abakkiriza mu Antiyokiya tebaalonzalonza okwanukula bwe baamanya ku bwetaavu obwaliwo ddala. *"Buli omu ku bo"* eyalina obusobozi yakikola.

(2) Tebaawaayo lwa kukyamuukirira oba lwa kuba nti waliwo eyabazanyira mu bwongo olw'okusingibwa omusango, naye *"baamalirira"* okuyamba era ne bamalirira ne ku ngeri gye baalina okukikolamu—kwe kugamba, baayanukula mu

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

kulowooza ne bateekateeka engeri gye baali bagenda okuyamba.

(3) Abakkiriza mu Antiyokiya baali tebalabirira abakkiriza abaali mu bo bennyini ng'abakkiriza mu Yerusaalemi bwe baali bakoze, naye baali baanukula obwetaavu obwali buwuliddwa ewala okuva gye baali. Ekirala, baali baanukula obwetaavu obw'abantu abaali ab'eggwanga eddala okwawukana n'eryabwe. Ekyo kiraga nti abakkiriza mu Antiyokiya baategeerera ddala nti ekkanisa yonna gwe *"mubiri gumu"* (**1 Kol 12:13**) era nti, newakubadde tulina enjawulo mu bika, amawanga, obuwangwa, n'ebirala, ffenna tuli *"omuntu omuggya omu"* mu Kristo (**Bef 2:15-16**).

4. Ekkanisa mu Makedoni mu **2 Kol 8:1-5.**

a. *Ekyetaago ekirala ekinene kyali mu bakkiriza mu Yerusaalemi (**1 Kol 16:1-4**).* Ekyo kyaliwo wakati w'emyaka 54-57 nga Kristo amaze okuzaalibwa, kumpi emyaka 10 oluvanyuma lw'ebyo ebyaliwo mu **Bik 11:27-30**. Pawulo yagenda eri amakanisa agaali mu Bugiriki okukung'aanya sente ku lw'amakanisa agaali mu Yerusaalemi.

b. *Ekkanisa mu Makedoni (Bugiriki obw'amambuka) yayanukula n'okwagala kungi era n'ewaayo mu bungi olw'okusaba kwa Pawulo.*

(1) Baali bannamawanga, naye baawaayo eri ab'oluganda abaavu abaali mu Yerusaalemi mu bungi.

(2) Baagaba mu bungi nwakubadde nabo baali babonaabona okuva ku *"bwavu obwayinga obungi"* ne *"okubonaabona okwabakema ennyo"* (**2 Kol 8:2**). Newakubadde baali mu mbeera ezo, ab'e Makedoni, *"baatusaba n'okwegayirira okungi olw'ekisa ekyo n'okussa ekimu okwo mu kuweereza abatukuvu"* (**2 Kol 8:4**).

(3) Baagaba na ddembe, *"bokka,"* ne bagaba *"nga bwe baayinza, era n'okusinga obuyinza bwabwe"* (**2 Kol 8:3**).

(4) Ensonga lwaki ab'e Makedoni baagaba mu bungi eri nti baategeera kiki enjiri ky'etegeeza: *"baasooka okwewaayo bokka eri Muama waffe, n'eri ffe mu kwagala kwa Katonda"* (**2 Kol 8:5**).

(5) Okugaba mu bungi okw'ab'e Makedoni kwaleetera ekkanisa y'e Kolinso nayo okutandika okugaba (**Bar 15:25-27**).

5. Okugaba kw'ekkanisa eyasooka mu ngeri eya kyeyagalire, mu bungi, ate nga kusinziira ku ebyo omuntu by'alina tekwakoma mu biseera by'okuwandiikibwa kwa Bayibuli, naye kweyongera okugenda mu maaso okumalako emyaka egitakka wansi wa 300 mu byafaayo by'ekkanisa. Ebigambo bino wammanga ebyayogerwa Abakristaayo n'abakaafiiri biraga nti okumalako emyaka mingi egy'ebyafaayo by'ekkanisa, abakkiriza baawangayo kyeyagalire (kwe kugamba, nga tebali wansi wa "etteeka ery'ekimu eky'ekkumi"), mu bungi, era okusinziira ku ebyo omuntu bye yalina, okusobola okusisinkana ebyetaago ebyaliwo ddala. Ebyo ebigambo ebyayogerwa abakaafiiri era biraga nti obulamu bw'ekkanisa eyasooka n'okugaba kwayo byawufu nnyo okuva ku ebyo eby'ensi, nti era n'abakaafiiri baalaba enjawulo eyo *ne basikirizibwa okujja mu kkanisa olw'ekika ky'obulamu bw'abakkiriza n'okugaba kwabwe*. Mazima, obulamu obutukuvu n'okugaba kw'ekkanisa mu bungi bye byasobozesa ekkanisa okugaziwa mu bwangu n'esobola okukyuusa obwakabaka bwa Rooma obwali obukambwe era obw'ekikaafiiri. Ennono ezo z'ennyini zikola n'olwaleero era zijja kukola mu buwangwa bwaffe, mu ngeri y'emu nga bwe zaakolanga mu biseera ebyo.

a. *Didache (nga mu mwaka gwa 90 oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo).* "Wa buli omu akusabye, era tonoonya kuddizibwa. Kubanga Kitaffe ayagala ebirabo bye okugabanibwa wakati wa bonna. Alina essanyu omuntu agaba ng'etteeka bwe limugamba, kubanga talina musango! . . . Tobeera omuntu ayanjaala engalo ze okuweebwa, naye ate azifundikira bwe kiba nti alina kugaba. Omulimu gwo bwe guba nga gukusasudde, sasula omutango ogw'ebibi byo. Tolonzalonza okugaba era togaba na kisa kibi; kubanga ojja kuvumbula oyo akuwa empeera n'ekisa ekirungi. Tokyusanga omugongo gwo eri oyo ali mu bwetaavu, naye gabana buli kimu ne muganda wo era toyita ekintu kyonna kikyo ku bubwo. Kubanga bwe mubeera n'eky'emirembe n'emirembe nga kya wamu, kale ekyo ekiyita obuyisi mwetaaga kubeera nakyo mu bungi ki!" (Didache: 1:5; 4:5-8)

b. *Aristides, Okwetaasa (nga wayise emyaka nga 124 oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo).* "[Abakristaayo] bakola bulungi eri abalabe baabwe; n'abakyala baabwe, Ai Kabaka, bayonjo ng'embeerera, n'abawala baabwe ba mpisa; n'abasajja babwe beewala okwegatta okutali mu mateeka n'obutali buyonjo bwonna, nga basuubira empeera okuva mu nsi endala. . . . Baagalana, era bannamwandu tebabajjaako ekitiibwa kyabwe; era basumulula mulekwa okuva eri oyo amuyisa obubi. Era oyo alina, awa oyo atalina, awatali kwewaana. Era bwe balaba omutambuze, bamutwala eka ne bamusanyukira nga ow'oluganda yennyini; kubanga tebamuyita wa luganda mu mubiri, naye wa luganda mu mwoyo ne mu Katonda. Era omu ku bo bw'ava mu nsi, buli omu okusinziira ku busobozi

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

bwe amufaako ne mu ngeri y'obuvunanyizibwa agenda okumuziika. Era bwe bawulira nti omu ku bo asibiddwa mu kkomera oba abonerezeddwa olw'erinnya lya Masiya wabwe, bonna mu kufaayo ennyo bamuweereza okusisinkana ekyetaago kye, era bwe kiba kisoboka okumununula bamusumulula. Era mu bo bwe mubaamu omwavu oba ali mu bwetaavu, oba tebalina mmere ya kutereka, basiiba ennaku bbiri oba ssatu okusobola okugabirira oyo ali mu bbula lye ery'emmere." (Aristides, Apology: 15)

c. *Justin Martyr, Okwetaasa Okusooka (wakati w'omwaka gwa 150 ne 155 oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo).* "Abo abaasanyukirako mu bwenzi kati beeyagalira mu kwekuuma kwokka; abo abaali bakozesa eby'obulogo beewaddeyo eri Katonda omulungi era atazaalibwa; ffe abaali basinga okusanyukira mu kweyongera mu bugagga n'ebintu kati tuleeta bye tulina mu ggwanika erya wamu ne tugabana ne buli omu ali mu bwetaavu; ffe abaakyawagananga ne batting'ananga era abaali tebeegatta n'ab'amawanga olwa [obuwangwa bwabwe obw'enjawulo], kati oluvanyuma lw'okulabisibwa kwa Kristo tubeera wamu ne tusabira abalabe baffe ne tugezaako okusendasenda abo abatuyisa obubi, olwo bo, okubeera n'obulamu obukwatagana n'ebiragiro ebirungi ebya Kristo, bayinza okugabana naffe essuubi eddungi ery'okuweebwa ebintu bye bimu [bye tujja] okuva eri Katonda, Mukama wa bonna." (Justin Martyr, First Apology: 14)

d. *Lucian owa Samosata, Okufa kwa Peregrinus (nga wayise emyaka nga 165 oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo)—Lucian yali mukaafiiri.* "[Omukristaayo bw'asibwa] abantu bajja okuva ne mu bibuga ebya Asia, nga batumibwa Abakristaayo ku nsaasaanya yaabwe ey'awamu okuyamba n'okutaasa n'okuzzaamu amaanyi omuzira oyo. Balaga obwangu obwewuunyisa mu kutwala eddaala ng'eryo ery'awamu; kubanga mu bbanga ttono bamuyiira ebyabwe byonna. Bwe kityo bwe kyali ku nsonga ya Peregrinus; sente nyingi zajja gyali okuva gye baali olw'okusibwa kwe, era yafuna ennyingiza si ntono okuva mu zo. Abaavu abanaku beematizza, okusooka n'ekisookera ddala, nti tebalifa era balibeerawo emirembe gyonna, ekibaviiramu okuyisaamu amaaso okufa ne baba nti beewaayo eri okusibwa nga baagala; abasinga. Ekirala, omuwi w'amateeka wabwe asooka[12] yabasendasenda nti bonna ba luganda oluvanyuma nga bamaze okwonoona omulundi gumu, ku lwa bonna mu kwegaana bakatonda b'Abagiriki ne mu kusinza omulimba oli eyakomererwa n'okubeera wansi w'amateeka ge. N'olw'ekyo, bayisaamu amaaso ebintu byonna awatali kusosola ne babitwala ng'ebya bonna." (Lucian of Samosata, Death of Peregrinus: 13)

e. *Irenaeus, ng'Alwanyisa Enjigiriza ey'Obulimba (wakati w'omwaka gwa 175 ne 180 oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo).* "Mu kifo ky'etteeka eriragira okuwa ekimu eky'ekkumi, [Yatugamba] okugabananga bye tulina byonna n'abaavu; n'obutayagala baliraanwa baffe kyokka, naye n'abalabe baffe; n'obutabeera abantu abamala gagaba olw'okutuusa omukolo, naye nti tulina okuwa ebirabo ebitaliiko kuddizibwa eri abo abatwala ebyaffe. Kubanga 'eri oyo akujjako ekkooti yo,' Agamba, 'muwe n'ekkanzu yo; era oyo akujjako ebintu byo, tomusaba okubikuddiza; n'ebyo by'oyagala abantu bakukolere, bibakolere:' Tuleme okukaaba ng'abo abatayagala kunyagibwa, naye tusanyuke ng'abo abagabye nga twagala, era ng'abo abalaga okuganja eri baliraanwa baffe okusinga okwewaayo eri obwetaavu." (Irenaeus, Against Heresies: 5:13:3)

f. *Mathetes, Ebbaluwa eri Diognetus (wakati w'omwaka gwa 130 ne 200 oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo).* "Kubanga Abakristaayo baawulibwa okuva ku bantu abalala si lwa ggwanga, oba olulimi, oba eby'obuwangwa bye batambuliramu. . . . Naye, nga bali mu bibuga eby'Obuyonaani n'eby'abannamawanga, okusinziira nga buli omu ku bo bw'amaliridde, n'okugoberera empisa zaabwe ezikwata ku kwambala, emmere, n'empisa zaabwe endala eza bulijjo, batulaga engeri y'obulamu bwabwe eyeewuunyisa era etabula omutwe. Babeera mu bibuga ebyabwe ku bwabwe, naye ng'abatambuze. Ng'abannansi, bagabana ebintu byonna n'abalala, naye ate bagumiikiriza byonna ng'abagwira. Buli nsi ya bannamawanga ebabeerera ng'ensi eyaabwe, ate ensi yabwe ey'obuzaale n'ebabeerera ng'eteri yaabwe. Bawasa, [ng'abalala] bonna bwe bakola; bazaala abaana; naye teboonoona baana babwe. Balina emmeeza ey'awamu, naye so si ekitanda eky'awamu. Bali mu mubiri, naye tebagoberera mubiri. Bamala ennaku zaabwe ku nsi, naye bannansi b'eggulu. Bagondera amateeka agabaweereddwa, naye ate bakola ekisinga ku mateeka kye gagamba okuyita mu bulamu bwabwe. Baagala abantu bonna, naye ate bayigganyizibwa abantu bonna. Tebamanyiddwa era baasingibwa omusango; battibwa, naye ate ne baddawo nga balamu. Baavu, naye ate bafuula bangi abagagga; bali mu bwetaavu bw'ebintu byonna, naye ate ne baba ne byonna mu bungi; bayisibwamu amaaso, naye ate mu kuyisibwamu amaaso okwo bagulumizibwa. Boogerwako ebibi, naye ate babalibwa ng'abatalina musango; bavumibwa, naye ate ne bawa omukisa; bajoogebwa, naye ate ne basasula okujoogebwa

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

okwo n'okuwa ekitiibwa; bakola bulungi, naye ate ne babonerezebwa ng'abakozi b'ebibi. Bwe babonerezebwa, basanyuka ng'abaziddwa obuggya mu bulamu bwabwe; babalibwa Abayudaaya ng'abagwira, naye ate ne bayigganyizibwa Abayonaani; ate nga bonna ababakyawa tebalina nsonga yonna gye bayinza kuwa olw'bukyayi bwabwe." (Mathetes, Epistle to Diognetus: 5)

g. *Tertullian, Okwetaasa (wakati w'omwaka gwa 197 ne 200 oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo).* "Abasajja abaagezesebwa abaabakadde baffe bayimirira ku ffe, nga bafuna ekitiibwa ekyo si lwa kukigula buguzi, naye na mpisa ezaateekebwawo. Tewali kugula oba okutunda okw'engeri yonna mu bintu bya Katonda. Newakubadde tulina ensawo yaffe ey'obuwanika, teyakolebwa sente ez'okugula, ng'eddiini erina ebbeeyi yaayo. Ku lunaku olw'omwezi, bw'aba ayagala, buli omu ateekamu obuyambi obutono; naye nga kwe kwagala kwe, era bw'aba alina obusobozi: kubanga tewali kukakibwa; byonna bya kyeyagalire. Ebirabo ebyo, nga bwe kyali, byavaangamu sente ez'obusaasizi, ensawo ey'omusingo ogw'obusaasizi. Kubanga tezijjibwawo ne zitwalibwa okukozesebwa mu mbaga, ebifo ebinywerwaamu, n'ebifo ebiriirwaamu emmere, naye okuyimirizaawo n'okuziika abaavu, okusisinkana ebyetaago by'abalenzi n'abawala abatalina ngeri yonna ya kwebeezaawo n'abazadde, n'abantu abakadde kati ababeera mu nju; abo nabo, ng'abalina eryato erigudde mu nnyanja; era bwe wabaayo abalala mu birombe, oba abaasuulibwa ku bizinga, oba abaasibwa mu makomera, olw'obwereere okujjako obwesigwa eri ensonga eyateekesaawo Ekkanisa ya Katonda, bafuuka abaana abalabirirwa okwatula kwabwe. Naye okusinga biba bikolwa bya kwagala okw'ettendo okuleetera abalala okututeekako akabonero. Laba bagamba, nga bwe baagalana, kubanga bo bennyini bagolokosebwa obukyayi; buli omu ku bo nga bw'ali omwetegefu okufiira omulala, kubanga bo bennyini banaaatera okutta . . . . Nga tuli omu mu birowoozo ne mu mwoyo, tetulonzalonza okugabana eby'obugagga byaffe ne bannaffe. Ebintu byonna byaffe wamu okujjako abakazi baffe." (Tertullian, Apology: 39)

h. *Julian Omukaafiiri, Ebbaluwa ye eri Arsacius wakati w'emyaka 360-363 oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo—Julian (Kabaka wa Rooma) yali mukaafiiri.* "Eddiini y'Abayonaani tennaba kufuna obuwanguzi nga bwe nalyagadde, ku lw'abo abagirimu. Naye ebirabo by'abakatonda binene era birungi nnyo, birungi okusinga okusaba kwonna oba essuubi lyonna. . . Lwaki kale tulowooza nti ekyo kimala ne tutalaba obulungi bw'Abakristaayo eri ab'ebweru, okufaayo kwabwe mu kuziika abafu baabwe, n'obwesimbu bw'obulamu bwabwe obukoze kye bulina okukola okutwala ensonga yaabwe mu maaso? Buli kimu ku bintu ebyo, ndowooza, mu butuufu kyalibadde kikolebwa ffe. Tekimala mmwe okubikola mwekka, naye bakabona bonna mu Galatiya [bwe Buturuuki obw'omulembe guno] bwe bateekeddwa okukola, awatali kusosolamu. Fuula abasajja abo abalungi okuyita mu kubaswaza, oba basendesende okufuuka abalungi oba bagobe ku mulimu. . . Eky'okubiri, kubiriza bakabona obutasemberera ekifo ekisanyukirwaamu oba okunywa mu bbaala, oba okubeera n'omulimu oguswaza. Abo abagonda basseemu ekitiibwa naye abo abajeema bagobe. Zimba ebisulo bingi, kimu mu buli kibuga, abatambuze basobole okweyagalira mu kisa kyange so si abo abali mu kukkiriza kwaffe bokka naye n'okw'abalala abali mu bwetaavu bwa sente. Naakava mu kukola enteekateeka mwojja okusobola okufuna obugabirizi. Kubanga ndagidde nti buli mwaka mu Galatiya yonna laatiri 30,000 ez'ensigo ne painti 60,000 ez'envinnyo zijja kugabibwa. Ekitundu eky'okutaano eky'ebyo ndagira nti kikozesebwe ku baavu abaweereza bakabona, era ebisigaddewo biteekwa okuweebwa abatambuze n'abasabiriza okuva gyendi. Kubanga kiswaza okulaba nti tewali Muyudaaya omusabiriza ate ng'Abagaliraaya abatatya katonda [erinnya Julian lye yawa Abakristaayo] bayimirizzaawo abaavu baffe okwongereza ku baabwe; buli omu asobola okulaba nti bannaddiini bannaffe baagala obuyambi okuva gye tuli." (Julian Omukaafiiri, Ebbaluwa eri Arsacius)

**D.** ***Okugaba okusinziira ku Yesu***

1. <u>Yesu yalina entuukirira efaanana n'ekyo kye tulina okukola ne sente zaffe n'eby'obugagga byaffe eyeesigamizibwa ku ndowooza etunuulira Katonda-n'obwakabaka n'ebisookerwako mu bulamu bwaffe. Kino yakyogerako mu **Mat 6:19-34:**</u> *19 Temweterekeranga bintu ku nsi, kwe byonoonekera n'enyenje n'obutalagge, n'ababbi kwe basimira ne babba. 20 Naye mweterekeranga ebintu mu ggulu, gye bitayonoonekeranga n'ennyenje newakubadde obutalagge, so n'ababbi gye batasimira, so gye batabbira; 21 kubanga ebintu byo we bibeera, omutima gwo nagwo gye gubeera. 22 Ettabaaza y'omubiri lye liiso: eriiso lyo bwe liraba awamu, omubiri gwo gwonna gunaabanga n'okutangaala. 23 Naye eriiso lyo bwe liba ebbi, omubiri gwo gwonna gunaabanga n'ekizikiza. Kale okutangaala okuli munda mu ggwe bwe kubeera ekizikiza, ekizikiza ekyo kyenkana wa obunene! 24 Tewali muntu*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*ayinza kuweereza baami babiri: kuba oba anaakyawanga omu, n'ayagalanga omulala; oba anaanywereranga ku omu, n'anyoomanga omulala. Temuyinza kuweereza Katonda ne mamona.* [25]*Kyenva mbagamba nti Temweraliikiriranga bulamu bwammwe, nti muliryaki, mulinywa ki; newakubadde omubiri gwammwe, nti mulyambala ki, obulamu tebukira mmere, n'omubiri tegukira byakwambala?* [26]*Mulabe ennyonyi ez'omu bbanga, nga tezisiga, so tezikungula, tezikung'aanyiza mu mawanika; era Kitammwe ali mu ggulu aziriisa ezo. Mmwe temusinga nnyo ezo?* [27]*Ani mu mmwe bwe yeeraliikirira, ayinza okweyongerako ku bukulu bwe n'akaseera n'akamu?* [28]*Naye ekiberaliikiriza ki eby'okwambala? Mutunuulire amalanga ag'omu ttale; bwe gamera, tegakola mulimu, so tegalanga lugoye,* [29]*naye mbagamba nti ne Sulemani mu kitiibwa kye kyonna teyayambalanga ng'erimu ku go.* [30]*Naye Katonda bw'ayambaza bw'atyo omuddo ogw'omu ttale, oguliwo leero, ne jjo bagusuula mu kyoto, talisinga nnyo okwambaza mmwe, abalina okukkiriza okutono!* [31]*Kale temweraliikiriranga nga mwogera nti Tulirya ki? Oba tulinywa ki? Oba Tulyambala ki?'* [32]*Kubanga ebyo byonna amawanga bye ganoonya; kubanga Kitammwe ali mu ggulu amanyi nga mwetaaga ebyo byonna.* [33]*Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako.* [34]*Kale temweraliikiriranga bya jjo: kubanga olunaku olwa jjo lulyeraliikirira ebyalwo. Olunaku olumu ekibi kyalwo kirumala.*

2. <u>Dallas Willard anyonnyolaa endowooza ya Yesu ku bugagga bw'ati:</u> "Eby'obugagga bye bintu bye tugezaako okutereka olw'omuwendo gwe tubiteekako. . . . Etteeka erisinga okuba ery'omugaso mu kalombolombo ak'Obukristaayo-Obuyudaaya kwe kuwanika Katonda n'obwakabaka bwe okusinga ekintu ekirala kyonna. Ekyo kye kitegeeza okwagala Katonda n'omutima gwo gwonna, n'omwoyo gwo gwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna. Kitegeeza *okumuwanika*, okumukwata n'okumwagalira ddala, n'okumukuuma n'okumuyamba mu bigendererwa bye. Amagezi ge tulina gokka, obutebenkevu bwaffe, n'okumatira kwaffe byonna biri mu kuwanika Katonda. Awo ne baliraanwa baffe tujja kubawanika bulungi, nga *ye* bw'abawanika. . . . Ekintu ekisooka Yesu ky'atugamba ku by'obugagga kiri nti okweterekera ebintu ebiri 'ku nsi' si kkubo ddungi ery'okweterekera ebintu. Eby'obugagga eby'ensi, ku bwabyo, tebiyinza kukuumibwa lubeerera nga bwe biri. . . . Ekyo kitegeeza nti tujja kutereka nga tuyita mu kukolagana ne Yesu yennyini, ne Katonda okuyita mu ye. Naye ekisinga ku ekyo, n'okubeera mu bumu nakyo, tujja kwewaayo olw'obulungi obw'abantu abalala—abo abatwetoolodde be tuyinza okutuukako. Abo be bamu ku by'obugagga bya Katonda. 'Omugabo gwa Katonda,' tugambibwa, 'be bantu be' (Ma. 32:9). . . . Kale, 'okutereka eby'obugagga mu ggulu' kwe kutereka ebintu ebyo ebituli okumpi ennyo era ebitukwatirako ddala eby'obulamu obw'omu ggulu, ebyo byonna Katonda by'akola ku nsi. . . . 'N'olw'ekyo, nga bwe tulina akakisa okukola obulungi, tukole bulungi abantu bonna, naddala abo abali mu nnymba ey'okukkiriza' (Bag. 6:8-10). Eyo yennyini y'engeri gye tuterekamu eby'obugagga mu ggulu buli lunaku, buli ssaawa. . . . Tetuyinza kuweereza eby'obugagga byaffe. . . . Tetuyinza kubeera n'ebiruubirirwa *ebisembayo* oba ebintu bye twebuuzaako bya mirundi ebiri mu bikolwa byaffe. . . . Toyinza kubeera muddu wa Katonda n'ebintu 'eby'okunsi,' kubanga ebyetaago byago birwana wakati wabyo. Okujjako nga Katonda omututte ng'ekisookerwako mu bulamu bwo, ebyo by'ojja okukola katugambe, okusobola okubeera obulungi mu bya sente, oba okusanyusa abantu abalala, oba okutuukiriza okwagala kwo, bijja kukujja ku Katonda by'ayagala. Eyo y'ensonga lwaki etteeka erisooka ku Mateeka Ekkumi, 'Tobanga na bakatonda balala we ndi,' lye lisooka ku Mateeka Ekkumi." (Willard 1997: 203-07)

3. <u>Yesu anyonnyola kye kyetaaga okusobola okubeera n'endowooza eyo ey'obwakabaka:</u>

a. Tuteekwa okutwala Kristo n'obwakabaka bwe ng'eky'omugaso ennyo okusinga amaka gaffe ag'oku nsi (**Luk 14:26**).

b. Tuteekwa okutwala Kristo n'obwakabaka bwe ng'eky'omugaso ennyo okusinga ffe fennyini n'eby'obugagga byaffe (**Mat 4:1-4, 8-10; 13:44-46; Luk 4:1-8; 12:13-21; 14:26**).

c. *Tulina okulowooza ku baavu n'abali mu bwetaavu—n'abo abatuwakanya—ne tulaga okukwatibwako kwaffe mu ngeri ey'okubawa mu bungi bye beetaaga n'okubayamba.* Yesu akkaatiriza ensonga eyo mu ngero ze ne mu kuyigiriza kwe:

(1) Engero z'Omusamaliya Omulungi (**Luk 10:29-37**), n'Omusajja Omugagga ne Lazaalo (**Luk 16:19-31**).

(2) Enjigiriza ye ku ky'okwawukanya endiga n'embuzi ku kusalibwa omusango okusembayo lw'alikomawo (**Mat 25:31-46**).

(3) <u>Kye yayogera mu **Mak 14:7** nti, *"abaavu be muli nabo bulijjo, na buli lwe mwagala muyinza okubakola obulungi."*</u> Blomberg akyogerako bw'ati, "Ekitundu ky'enjogera ye 'buli lwe mwagala muyinza okubakola obulungi' ddala kitegeeza nti abayigirizwa balina okubeera n'obuweereza obugenda mu maaso ku lw'abaavu" (Blomberg 1999: 142).

(4) <u>Enjigiriza ye mu Njiri ey'oku Lusozi (**Mat 5:38-6:4; Luk 6:24-45**).</u> Blomberg agamba nti **Mat 5:42** (*"Akusabanga omuwanga, omuntu bw'ayagalanga*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*okumuwola, tomukubanga mabega"*): "Yesu yaalibadde agamba nti okuwa abaavu tekulina kwesigamizibwa ku kye basobola okusasula (*geraageranya* n'ekiri mu Luk 6:30: 'Buli akusabanga omuwanga, n'oyo akugyangako ebintu byo, tobimusabanga nate'). . . . Yesu yali talagira, mu nnaku ze oba ezaffe, nti abayigirizwa be balina kuwa abasabiriza byonna bye basaba. Ekisinga okuba ekirungi gye bali si ky'ekyo kye basaba. Naye nga bwe tuyinza okumanya ebyetaago by'abantu ebituufu mu bintu eby'omubiri, tulina okukwatibwako ne tubawa ekika ky'obuyambi obubayamba okukyuusa embeera gye balimu. Ekitono ennyo, okwawukana n'ennono eya 'mpa nkuwe', Yesu ategeeza abagoberezi be okuva ku ndowooza ey'edda egamba nti 'nja kukutakula omugongo singa otakula ogwange.'" (Blomberg 1999: 129-30)

(5) "Etteeka ery'Omuwendo Omungi" (*"byonna bye mwagala abantu okubakolanga, nammwe mubakolenga bo bwe mutyo"*—**Mat 7:12; Luk 6:31**). Mu Matayo (laba **Mat 7:9-11**) ne mu Luk (laba **Luk 6:29-30**), etteeka eryo liweereddwa nga likwata ku kugaba.

d. "Omufuzi omuto omugagga" yali kyakulabirako eky'omuntu eyali *tayagala* kutwala Kristo n'obwakabaka bwe ng'ekikulu okusinga eby'obugagga bye eby'oku nsi (**Mat 19:16-30; Mak 10:17-23; Luk 18:18-30**).

4. Ku nsonga y'okugaba, endowooza ya Yesu ey'okusooka okulowooza ku bwakabaka erina ebitundu bina oba enkozesa ya mirundi ena:

a. *Ekigendererwa: okugaba kwaffe kulina kukolebwa eri omuntu omutuufu—okuweesa Katonda ekitiibwa n'obwakabaka bwe, so si kufuna okuwaanibwa, okulabibwa, oba empeera okuva eri abantu.*

(1) Yesu yateekawo ennono eno mu **Mat 6:1-4:** [1]*Mwekuume obutakoleranga bigambo byammwe eby'obutuukirivu mu maaso g'abantu, era babalabe; kubanga bwe munaakolanga bwe mutyo temuuweebwenga mpeera eri Kitammwe ali mu ggulu.* [2]*Kale, bw'ogabiranga abaavu, teweefuuyiranga ŋŋombe mu maaso go, nga bannanfuusi bwe bakola mu makuŋŋaniro ne mu nguudo, abantu baabwe ekitiibwa. Mazima mbagamba nti, bamaze okuweebwa empeera.* [3]*Naye ggwe, bw'ogabiranga abaavu, omukono gwo ogwa kkono gulemenga okumanya ogwa ddyo bye gukola,* [4]*okugaba kwo kubeerenga kwa kyama; kale Kitaawo alaba mu kyama alikuwa empeera.*

(2) Blomberg kino akyogerako bw'ati: "Obutakwatagana obulabika okubaawo wakati wa 6:1-2 ne 5:16 [*"Kale omusana gwammwe gwakenga bwe gutyo mu maaso g'abantu, balabenga ebigambo ebirungi bye mukola, balyoke bagulumizenga Kitammwe ali mu ggulu"*] buvaawo omulundi gumu bwe tutegeera ani ateekeddwa okutwala ekitiibwa mu buli kitundu ky'ekyawandiikibwa; bonna ba njawulo (abantu ku Katonda). Yesu akkaatiriza nti abayigirizwa be tebateekwa kwolesa obusaasizi bwabwe mu bantu. Matayo 6:3 ('omukono gwo ogwa kkono gulemenga okumanya ogwa ddyo bye gukola') telagira obutalaga buvunaanyizibwa mu buwanika, obutakuuma empisa ey'okugaba oba obutamanyisa bantu embeera yaffe mu by'ensimbi. Okufaayo kwa Pawulo ku ky'okukuŋaanya sente okw'oluvannyuma okuyamba abantu abaali mu bwetaavu mu Buyudaaya (laba naddala 2 Kol. 8-9) kulaga obwetaavu obw'okunyonnyola n'obwegendereza. Wabula, ensonga ya Yesu eri nti okugaba kulina kukolebwa mu 'kyama' omuntu aleme kukemebwa okukikola olw'okunoonya okusiimibwa abantu oba okuganja kwabwe." (Blomberg 1999: 130)

b. *Obutaba na bunnanfuusi: okugaba si ky'ekintu ekikolebwa mu kifo ky'ogwagala Katonda n'abantu abalala, naye ky'ekintu ekiraga okwagala—kulina kubeera akabonero ak'ebweru, akalabika ak'ekisa eky'omunda era eky'omwoyo ekiri mu bulamu bw'omuntu.* Ekirowoozo ekigamba nti okutwala Katonda ng'ekisookerwako kitegeeza nti tetuteekwa kufa ku bantu balala oba amaka gaffe, kikyamu ddala. Okugaba okutatunuulira obwakabaka, naye kwa bunnanfuusi era kwa kwegulumiza. Mazima, okuwa ekkanisa—bwe kutegeeza obutafa ku bulungi bw'abalala—kutegeeza nti mu butuufu tetulina kwagala kwa Katonda. Nga Yok bw'abuuza mu **1 Yok 3:17**, *"Naye buli alina ebintu eby'omu nsi, n'atunuulira muganda we nga yeetaaga, n'amuggalirawo emmeeme ye, okwagala kwa Katonda kubeera kutya mu ye?"* Mu ngeri y'emu, mu **1 Yok 4:20** yagamba, *"Omuntu bw'ayogera nti, 'Njagala Katonda,' n'akyawa muganda we, mulimba; kubanga atayagala muganda we gwe yali alabyeko, Katonda gw'atalabangako tayinza kumwagala."* Yesu awa eby'okulabirako bibiri:

(1) Mu **Luk 11:39-41** Yesu yagamba Abafalisaayo: *"Mmwe Abafalisaayo munaaza ku ngulu w'ekikompe n'ow'ekibya; naye munda yammwe mujjudde obunyazi*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*n'obubbi. Mmwe abasiru, oyo eyakola ku ngulu si ye yakola ne munda? Naye ebiri munda mubiwengayo okuba eby'okusaasira; era, laba byonna biroongoofu gye muli."*

(2) Blomberg agamba: "Kino kyali kikwata ku kugeraageranya okunaaza ebikopo n'amasowaani ku ngulu mu mikolo, ekintu ekyaali ekikulu ennyo mu birowoozo by'Abafalisaayo, n'omululu gwabwe n'obubi bwabwe (**Luk 11:39**). Engeraageranya y'eky'ebweru n'eky'omunda eraga nti okuwa omuntu ekiri munda mw'essowaani kifaananyi kya bwamwoyo, nga kyogera ku bulungi obusibuka mu mutima gw'omuntu. Naye, nga bwe twalabye buli kiseera mu ngero ezo, ekkubo limu ery'okulaga okukwatibwako kw'omuntu kwe kuyita mu kuwa obuyambi obw'ebintu: wano, kwe kugabira abaavu. Okuyamba abaavu kufuuka 'okweyolesa kw'ekyo ekiri munda'." (Blomberg 1999: 135-36)

(3) Mu **Mat 15:3-9** (laba ne **Mak 7:9-13**) Yesu yawa eky'okulabirako eky'okugaba okw'obunnanfuusi: *[3]N'addamu n'abagamba nti, "Nammwe kiki ekiboonoonyesa etteeka lya Katonda olw'obulombolombo bwe mwaweebwa? [4]Kubanga Katonda yagamba nti, 'OSSANGAMU EKITIIBWA KITAAWO NE NNYOKO: nate nti AVUMANGA KITAAWE OBA NNYINA, BAMUTTANGA BUSSI.' [5]Naye mmwe mugamba nti, 'Buli aligamba kitaawe oba nnyina nti Kyonna kye nnandikuwadde okukugasa, nkiwadde Katonda," [6]alireka okussaamu ekitiibwa kitaawe. Mwadibya ekigambo kya Katonda olw'obulombolombo bwammwe bwe mwaweebwa. [7]Mmwe bannanfuusi, Isaaya yalagula bulungi ku mmwe: [8]'ABANTU BANO BANZISAAMU EKITIIBWA KYA KU MIMWA; NAYE OMUTIMA GWABWE GUNDI WALA. [9]NAYE BANSIINZIZA BWEREERE, NGA BAYIGIRIZA AMATEEKA G'ABANTU NGA BYE BY'OKUKWATA.'"*

(4) Okuwa ekiweebwayo, oba okuwoonga sente oba ekintu kyonna eri Katonda , oba okukola obweyamo okutoola sente oba ekintu kyonna ku lw'omulimu gwa Katonda gwokka, Abayudaaya ab'ebiseera bya Yesu baali bakuyita "*Kolban*." Ku *Kolban,* Blomberg agamba, "Sente zaasuubizibwanga mu yeekaalu okusasulwa ku kufa kw'omuntu. Sente ezo tezaakyusibwanga ne ziweebwa omuntu omulala yenna, newakubadde oyo eyali mu bwetaavu mu nju y'omuntu, naye zaasobolanga okukozesebwa ku lw'okuganyulwa kw'omuntu oyo." (Blomberg 1999: 135)

(5) Yesu agamba nti okuwa Katonda sente (kwe kugamba, okuwa ekkanisa oba "omusajja wa Katonda" ow'amaanyi) *kibi* singa okukola ekyo kitegeeza nti tokyayinza kusisinkana ebyetaago eby'omugaso eby'abantu ne sente ezo oba ekintu ekyo. Amazima gali nti, Yesu akikkaatiriza nti abantu abatoola sente olw'ensonga z'eby'eddini—okukola ekyo bwe kiba kitegeeza nti tebakyayinza kusisinkana ebyetaago by'abantu ne sente ezo oba ekintu ekyo—*"bannanfuusi abanafuyizza ekigambo kya Katonda"* mu kukola ekyo, era Mukama bamusinziza "*bwereere*." Kale, mu butuufu, Yesu atuyigiriza nti kye tukola ne sente zaffe kya mwoyo, era limu ku makubo agasinga okuba ag'omugaso ge tuyitamu "okwagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka." Mazima, okusinziira ku kuyigiriza okwo okwa Yesu, "etteeka ery'okubiri" (*Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka"*—**Mat 22:39**) kye kigezo ekipima oba ddala tukuuma "etteeka erisooka" (*"Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna"*—**Mat 22:37**), oba nedda.

c. *Obutaba na mululu: okugaba si kwazika—okugaba okutunuulira obwakabaka tekusuubira kuddizibwa.* Okugaba okutaliimu mululu, okutalina kigendererwa oba okutasuubira kufunamu kintu kirala, kulaga obwesige mu Mukama nti ajja kukola ku byetaago byaffe eby'ebintu, nga Yesu bwe yagamba mu **Mat 6:33**. Yesu awa eby'okulabirako eby'ekyo kye kifaanana:

(1) **Mat 5:40-41** ekwata ku kuwa abantu abali mu bifo ebya waggulu okutusinga: *"[40]Omuntu bw'ayagalanga okuwoza naawe okutwala ekkanzu yo, omulekeranga n'ekizibawo kyo. [41]Omuntu bw'akuwalirizanga okutambvula naye mairo emu, tambulanga naye n'ey'okubiri."*

(2) Newakubadde abantu balina obuyinza ku ffe, oba bayinza okuba ne bye batulagira okukola, oba okubeera mu bifo ebya waggulu okutusinga, tetulina kukola ng'ensi bw'ekola. Wabula, tulina okwolesa "obulamu obw'obwakabaka" ne tubawa. Naye, tetulina kuwa abo abali mu bifo ebya waggulu okutusinga olw'okwagala okuganjibwa." Ensi bw'ekola eri abo abagagga n'ab'amaanyi. Wabula, ffe tetulina kusosolamu abagagga n'ab'amaanyi, naye tulina okwagala abantu bonna n'okwagala kwe kumu. Obutalaga okusosola mu abantu ab'enjawulo

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

mu ngeri endala yonna kkubo limu mwe tulaga nti *"twagala baliraanwa baffe nga bwe tweyagala fekka."* (laba **Yak 2:1-9**).

(3) **Luk 14:12-14** eri mu okuwa abo abali mu bifo ebya wansi okutusinga: *"[12]Era n'agamba n'oyo eyamuyise nti Bw'ofumbanga emmere ey'eky'emisana oba ey'eky'eggulo, toyitanga mikwano gyo, newakubadde baganda bo, newakubadde ab'ekika kyo, newakubadde baliraanwa bo abagagga; mpozzi baleme okukuyita nabo, newabaawo okukusasula. [13]Naye bw'ofumbanga embaga, oyitanga abaavu n'abalema n'abawenyera n'abazibe b'amaaso: [14]era oliweebwa omukisa; kubanga tebalina kya kukusasula: kubanga olisasulirwa mu kuzuukira kw'abatukuvu."*

(4) Abaavu tebalina busobozi okutuganyula. Naye wadde biri bwe bityo, tulina okubawanga Mu kuwa abo abatayinza kutusasula, *"tutambula olw'okukkiriza, si lwa kulaba"* (laba **2 Kol 5:7**).

d. *Ssaddaaka: okuwaayo nga ssaddaaka (kwe kugamba, okuwaayo okututooza ekintu eky'omuwendo) kulaga ekyo kye tutwala ng'ekisinga okuba eky'omuwendo—Kristo n'obwakabaka bwe oba eby'obugagga byaffe eby'oku nsi, kubanga "ebintu [byaffe] we bibeera, n'emitima [gyaffe] gye gibeera" (**Mat 6:21**).* Yesu yennyini ky'eky'okulabirako ekisembayo eky'okuwaayo nga ssaddaaka. Yaleka ekitiibwa eky'omu ggulu okufuuka omuntu ku lwaffe. (**Baf 2:5-7; 2 Kol 8:9**). Newakubadde yali Katonda eyafuuka omuntu, yazaalibwa mu kisibo (**Luk 2:6-7**), teyalina maka gagge ku bubwe (**Luk 9:58**), era yabeerawo kuweereza abalala (**Mat 20:28; Mak 10:45; Yok 13:5-15; Baf 2:7**). Yawaayo obulamu bwe ku lw'abalala, nga mwotwalidde abalabe be (**Mat 20:28; Mak 10:45; Bar 5:6-8; Baf 2:8**). Yesu yeetegereza ebika bibiri eby'okuwaayo nga ssaddaaka:

(1) Mu **Mak 14:3-9** omukazi yafuka amafuta ag'omuwendo ogw'eddinaali 300 ku mutwe gwa Yesu: *[3]Awo bwe yali mu Bessaniya mu nyumba ya Simooni omugenge ng'atudde ku mmere, omukazi eyalina eccupa ey'amafuta ag'omugavu ogw'omuwendo omungi ennyo n'ajja, n'ayasa eccupa amafuta n'agafuka ku mutwe gwe. [4]Naye waaliwo mu bo abamu abaasunguwala nga bagamba nti "Amafuta gafudde ki bwe gatyo? [5]Kubanga amafuta gano gaandiyinzizza okugatundamu eddinaali ebikumi bisatu n'okusingawo n'okugabira abaavu." Ne bamwemulugunyiza. [6]Naye Yesu n'agamba nti "Mumuleke; mumunakuwaliza ki? Ankoledde ekikolwa ekirungi". [7]Kubanga abaavu be muli nabo bulijjo; na buli lwe mwagala muyinza okubakola abulungi naye nze temuli nange bulijjo. [8]Akoze nga bw'ayinzizza: asoose okufuka amafuta ku mubiri gwange nga bukyali okunziika. [9]Mazima mbagamba nti enjiri buli gy'eneebuulirwanga mu nsi zonna n'ekyo omukazi ono ky'akoze kinaayogerwangako okumujjukira."*

(2) Eddinaali emu gwe gwali omusaala ogwa wakati omuntu gw'afuna olunaku. Kale, omukazi ono yawaayo amafuta ag'omuwendo ogwali gwenkanankana n'omusaala ogw'omwaka omulamba okuwa Yesu ekitiibwa. Yesu yakyogerako bw'ati *"akoze ky'abadde asobola okukola,"* era olw'ekiweebwayo kye, *"enjiri buli gy'eneebuulirwanga mu nsi zonna n'ekyo omukazi ono ky'akoze kinaayogerwangako okumujjukira."* Naye, Blomberg atulabula ku ky'okulabirako kino: "Tuteekwa okwetegereza nti ekirabo kino ekinene ennyo kiweereddwayo olw'omukolo ogutali gwa kuddamu okukolebwa omulundi ogw'okubiri—okufa kwa Yesu. . . . Awatali kubuusabuusa wajja kubaawo emikisa egy'enjawulo, egitakomawo nate egitwetaagisa okutoola ebintu eby'omuwendo omungi mu kuweereza Kristo n'olwaleero—oluusi emirimu emitonotono egy'okuzimba egiweesa Katonda ekitiibwa olw'okusinza kwe gisiga. Naye, nga mu kino ekyali ku Yesu, ebyo bye bintu ebiyinza okubaawo obw'olumu, nga si y'ennono." (Blomberg 1999: 142)

(3) Mu **Luk 21:1-4** Yesu yalaba omukazi ng'awaayo ebitundu by'eppeesa bibiri mu ggwanika lya yekaalu : *[1]Awo n'ayimusa amaaso n'alaba abagagga abaali basuula ebirabo byabwe mu ggwanika. [2]N'alaba nnamwandu omu omwavu ng'asuula omwo ebitundu by'eppeesa bibiri. [3]N'agamba nti, "Mazima mbagamba nti, nnamwandu ono omwavu asuddemu bingi okusinga bonna; [4]kubanga abo bonna basuddemu ku bibafikkirirdde mu birabo; naye oyo mu kwetaaga kwe asuddemu byonna by'ali nabyo, bwe bulamu bwe bwonna."*

(4) Yesu yakyetegereza nti wadde ekirabo eky'ebitundu ebibiri eby'eppeesa kiyinza okukola amakulu ag'omwoyo mangi okusinga ekirabo eky'enkumi n'enkumi za sekeeri oba talanta. Ensonga eri nti, okusinziira ku nnono ey'okuwaayo ssaddaaka, ekisinga okuba ekikulu si gwe muwendo gw'oba owaddeyo, naye bungi ki ggwe bw'osigazizza oluvannyuma lw'okuwaayo.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

(5) Mu kaseera ke kamu, ku ddaala erya waggulu, ekyawandiikibwa kino kiyinza okulaga eky'ennaku olw'enkola *eyakkiriza* omukazi ono okwejjako ebikozesebwa ebirala" (Blomberg 1999: 144-45). Mu makkanisa gaffe tuteekwa okwegendereza obutakozesa ebirabo abantu bye baba bawadde okubigobolola mu ne twongera okunnyika abaavu mu bwaavu obulala. Wabula, nga tuyigiriza ku nnono z'okuwaayo nga ssaddaaka, tulina okubeera nga tuyigiriza abantu engeri gye bayinza okweyimirizaawo.

**E. *Okugaba okusinziira ku Batume***

Mu Ndagaano Empya, Abatume, naddala Yakobo ne Yok, boogera ku nnono z'okuwaayo n'omugaso gw'okuwaayo. Naye, Omutume Pawulo yekka y'alina enjigiriza enzijuvu ekwata ku kuwaayo. Okwogera kwe ku kino okusinga okuba okujjuvu era okw'emitendera kuli mu **1 Kol 16:1-4** and **2 Kol 8-9** (laba ne **1 Tim 6:17-19**).

1. Omutume Yakobo—ekitabo kya **Yakobo.** Enkozesa yaffe eya sente n'ebintu eby'obugagga okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu n'okuzimba obwakabaka bwa Katonda mulamwa gwa wakati mu kitabo kya Yakobo.

a. ***Yak 1:27*** *agamba "eddiini ennongoofu eteriimu kko mu maaso ga Katonda" y'eno: "okulambulanga abafuuzi ne bannamwandu mu bunaku bwabwe, n'okwekuumanga obutaba na mabala ag'omu nsi."* Ekigambo ky'akozesa okutegeeza "eddiini" (Oluyonaani = *thrēskeia*) "kyogera ku kulabisibwa okw'ebweru okw'enkola y'eddiini y'omuntu" (Blomberg 1999: 151), oba obusaasizi obw'amazima, okusinza okw'amazima, n'okuweereza okw'omukolo okw'okusinza (Zodhiates 1992: 742). Kale, okulabirira bamulekwa ne bannamwandu (kwe kugamba, abo ddala abali mu bwetaaavu) kitundu kikulu eky'okusinza Katonda kye kitegeeza.

b. ***Yak 2:1-9*** *agamba nti okusosola mu bantu okusinziira ku bye balina "kunyooma abaavu" (2:6), era kibi (2:9).* Ate ku ludda olulala, okuyisa abaavu n'ekitiibwa kye kimu ky'owa abagagga kkubo limu okulaga nti *"oyagala muliranwa wo nga bwe weeyagala wekka"* (**Yak 2:8**).

c. ***Yak 2:14-17*** *eyogera na maanyi nti "ebigambo ebyereere" ebyagaliza abantu obulungi, okubuguma, n'okukkuta, awatali kuwa abaavu n'abali mu bwetaavu buyambi bwa mmere, n'eky'okwambala, biraga nti okukkiriza kwaffe kwa bulimba—okukkiriza okw'ekika ekyo "kufu."* Blomberg kino akyogerako bw'ati: "Abeeyita Abakristaayo olwaleero abalina enfuna ennyingi . . . abamanyi obwetaavu obungi obw'abantu mu bitundu byabwe ne mu nsi yonna, naddala mu bitundu ebirimu Abakristaayo . . . naye ne batawaayo ku nfuna yabwe, oba okuyita mu kkanisa oba ebibiina Ebikristaayo, okuyamba abali mu bwetaavu, beetaaga okwebuuza oba okukkiriza kwe bagamba balina kuyinza okuyimirira nga tekugudde mu maaso g'olukoloboze lw'omusango gwa Katonda" (Blomberg 1999: 155).

d. ***Yak 5:1-6*** *avumirira ne sekuvumirira abo abeekuŋŋanyiza eby'obugagga mu kifo ky'okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu.* Kubanga bakuŋŋaanyizza obugagga bwabwe mu kifo ky'okubukozesa okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu, naye nga mu butuufu beegezezza mu nnaku ezijja okuggwako n'okubaagibwa kwabwe, ng'embizzi ezigejjeddwa ezirinda okubaagibwa (**Yak 5:5**). Obugagga bwabwe bwe bataakozesa bulungi *"buliba mujulirwa gye muli"* ku lunaku olw'okusala omusango (**Yak 5:3**).

2. Omutume Yok—**1 Yokaana** ne **3 Yokaana.**

a. ***1 Yok 2:15-17*** *atulabula ku kwagala ensi oba "ebiri mu nsi."* Omuntu yenna ayagala ensi oba ebintu ebiri mu nsi, *"okwagala kwa Katonda tekuba mu ye"* (**1 Yok 2:15**).

b. ***1 Yok 3:17-18*** *eyunga okubeera n'okwagala kwa Katonda ku kuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu bw'ebintu.* Nga bwe kyali ne Yakobo, Yok abuuza, *"buli alina ebintu eby'omu nsi, n'atunuulira muganda we nga yeetaaga, n'amuggalirawo emmeeme ye, okwagala kwa Katonda kubeera kutya mu ye?"* (**1 Yok 3:17**). Era, nga Yakobo bwe yakkaatiriza, Yok atukubiriza, *"tuleme okwagalanga mu kigambo ne mu lulimi, wabula mu kikolwa ne mu mazima"* (**1 Yok 3:18**). Engeri gye tuyisaamu abaavu mu bintu ke kabonero ak'ebweru, akalaga oba tulina okukkiriza okw'amazima okulokola.

c. ***1 Yok 4:20-21*** *ekkaatiriza amazima nti "atayagala muganda we gwe yali alabyeko, Katonda gw'atalabangako tayinza kumwagala."* "okwagala muganda waffe" kutwetaagisa okwagala *"mu kikolwa ne mu mazima"*—kwe kugamba, n'obuyambi obw'ebintu—so si *"na bigambo oba lulimi."*

d. ***3 Yok 3-8*** *eyogera bulungi ku Gayo olw'okusembeza abalala.* Yok yenkanyankanya obugabirizi bwa Gayo mu bintu ab'ebweru bye beetaaga ne *"okutambulira mu mazima"* (**3 Yok 3-4**), *"okukola n'obwesigwa"* (**3 Yok 5**), n'okwagala okwagala (**3 Yok 6**). Kale, obuyambi bwaffe eri abaavu n'abali mu bwetaavu ddala kya mwoyo, era bulaga amazima

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

g'okukkiriza kwaffe.

3. <u>Omutume Pawulo—ebyafaayo n'ensonga eyawandiisa **1 Kol 16:1-4** ne **2 Kol 8-9**.</u>

a. *Ensonga eyawandiisa **1 Kol** 16:1-4 yali ya sente Pawulo ze yali alagidde ekkanisa ya Kolinso okukuŋŋanya, nga za kuyamba abaavu n'abaali mu bwetaavu mu Yerusaalemi (**Bar 15:26; 1 Kol 16:1-4**).* Kirowoozeka nti **1 Kol** yawandiikibwa mu mwaka 54-55 nga Kristo amaze okuzukira (AD).

b. *Wabula, mu kitundu ekisembayo eky'omwaka gwa 55 oba ku ntandikwa ya 56 nga Kristo amaze okuzukira, sente ezo zaali tezinnaba kukuŋŋanyizibwa.* Kale, Pawulo n'awandiika **2 Kol**, ekitundu kyayo nga kyogera ku kumaliriza okukuŋŋanya sente ezo (**2 Kol 8:6-7, 10-11; 9:1-5**).

c. Mu **Bik 20:2-3** ne **Bar 15:25-27** tulaba nti, oluvannyuma lw'okuwandiika **2 Kol**, Pawulo yaddayo e Kolinso, n'asigalayo emyezi ng'esatu, n'aweebwa sente ezo ez'okuyamba abaavu nga bwe yali asuubidde.

4. <u>Ekikula eky'omwoyo eky'okugaba okw'Obukristaayo obw'amazima.</u> Okugaba Okukristaayo okw'amazima si kikolwa kya mubiri bubiri, si kumala gatambuza sente. Wabula, mu butuufu bwakwo, okugaba kikolwa kya mwoyo. Okugaba kirabo kya kisa kya Katonda nga kiteekeddwa mu nkola. Kino Pawulo akitangaaza mu ngeri nyingi:

a. Newakubadde **2 Kol 8-9** y'ebbaluwa Pawulo gy'asinga okuteesezaamu mu buwanvu ne mu bujjuvu ensonga ya sente n'okugaba, tewali w'akozesa ekigambo "sente" oba ekigambo ekirala kyonna "eky'omubiri" ekitegeeza sente.

b. *Ekigambo Pawulo ky'asinga okukozesa okutegeeza okugaba kye kigambo "ekisa" (Oluyonaani, karis).*

(1) Pawulo akozesa *karis*, ekivvuunulwa mu Bayibuli yaffe nga "ekisa" oba "ebikolwa eby'ekisa," okutegeeza okugaba mu **2 Kol 8:1, 6, 7, 9, 19, 9:8,** ne **14**.

(2) *Karis*, nakyo mu nkozesa yakyo okutegeeza okugaba, kikozesebwa mu **2 Kol 8:4** (wano kivvuunuddwa "okuweereza"), ne mu **2 Kol 8:16** ne **9:15** (kivvuunuddwa nga "okwebazibwa").

(3) Ekikula kyennyini eky'okugaba eky'omwoyo nga *karis* oba ekisa kirabibwa mu **2 Kol 8:7** okugaba gye kugeraageranyizibwa n'ebika ebirala eby'ekisa nga "okukkiriza", "okwogera," "okumanya," "obwesimbu," ne "okwagala."

c. *Ebigambo ebirala biraga ekikula eky'omwoyo eky'okugaba.*

(1) Pawulo ayogera ku kugaba nga *koinonia*, ekitera okutegeeza "obumu" oba "okussa ekimu," mu **2 Kol 8:4** (ekivvuunulwa nga "okussa ekimu") ne mu **2 Kol 9:13** (ekivvuunulwa nga "obugabi bw'okugabana").

(2) Pawulo ayogera ku kugaba ng'akozesa ekigambo *leiturgia*, mu **2 Kol 9:12** (ekivvuunulwa nga "okuweereza").

(3) Pawulo era akozesa ekigambo *diakonia* mu **2 Kol 9:1, 12-13** (ekivvuunulwa nga "okuweereza").

(4) <u>Mu **Baf 4:18** Pawulo akozesa olulimi olw'ebiweebwayo eby'okwokebwa mu Ndagaano Enkadde okunyonnyola okugaba.</u> Okugaba akuyita *"evvumbe eriwunya obulungi"* ne *"ssaddaaka ekkirizibwa, esiimibwa Katonda"* (laba ne **Beb 13:16** eyita okugabana "ssaddaaka").

5. <u>Okugaba kulaga okwewaayo kwa Kristo.</u>

a. *Mu **2 Kol 8:7-8** Pawulo akubiriza Abakkolinso okuwaayo olw'okukuŋŋaanyiza abali mu bwetaavu okusobola okukema "amazima g'okwagala kwammwe."* N'alyoka agenda mu maaso n'ekirowoozo ekyo n'okukyogerako mu **2 Kol 8:9** ng'agamba *"kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe, obwavu bwe bulyoke bubagaggawaze mmwe."* N'olw'ekyo, mu kuwaayo olw'okuyamba abali mu bwetaavu tuba tugoberera Kristo eyawaayo obulamu bwe okutuyamba bwe twali mu bwetaavu era nga tetusobola kweyamba.

b. *Mu bbaluwa ye eri Abakkolinso, Pawulo anokolayo ab'e Makedoni abaagaba nga bwe baayinza era n'okusinga obuyinza bwabwe.* Baategeera ekikula eky'omwoyo eky'okugaba, ekifaanana nga Kristo, nga Pawulo bw'agamba mu **2 Kol 8:5**, *"baasooka okwewaayo bokka eri Mukama waffe."*

6. <u>Ani alina okuwaayo.</u>

a. *Ekisa eky'omwoyo eky'okugaba kiweereddwa buli mukkiriza ali mu kkanisa.*

(1) Okulagira kwa Pawulo okukuŋŋaanya sente tekwakoma ku bagagga abaali mu kkanisa bokka, naye kwali eri ekkanisa yonna (**1 Kol 16:1-2; 2 Kol 8-9** [laba naddala **2 Kol 9:7**]).

(2) Amazima gali nti, buli omu yawaayo oba yayitibwa okuwaayo, okuva ku abo abali mu *"bwavu obungi"* ne mu *"kubonaabona ennyo"* (**2 Kol 8:2**) okutuuka ku

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

abo *"abasukkirira mu byonna"* (**2 Kol 8:7**).
(3) Mu **Bef 4:28** Pawulo agamba nti, *"Eyabbanga alemenga okubba nate; naye waakiri afubenga, ng'akola ebirungi n'emikono gye, alyoke abeerenga n'eky'okumuwa eyeetaaga."*
(4) Mu **1 Tim 6:17-18** Pawulo agamba nti *"abagagga . . .* [beetaaga okukuutira] *okukolanga obulungi, okubeeranga abagagga mu bikolwa ebirungi, babeerenga bagabi, bassenga kimu."* Mu kyawandiikibwa ekyo "abagagga" beebo abalina okusinga ku bye beetaaga okusobola okusisinkana ebyetaaggo byabwe. Ekyo okiraba bulabi mu **1 Tim 6:8** ekigamba, *"Naye bwe tuba n'emmere n'eby'okwambala, ebyo binaatumalanga."* N'olw'ekyo, "abagagga" beebo abalina ebingi okusukka ku mmere n'eby'okwambala.

b. *Okwongereza ku kisa ekya wamu (karis) eky'okugaba abakkiriza bonna kye balina, waliwo n'ekirabo ky'omwoyo eky'enjawulo (karisma) eky'okugaba ekitabeera na bonna (**Bar 12:6-8**).*
(1) Abo abalina ekirabo ky'omwoyo eky'enjawulo (*karisma*) eky'okugaba balina okukikozesa *"awatali bukuusa"* (**Bar 12:8**).
(2) Eky'okuba nti waliwo n'ekirabo eky'omwoyo eky'okugaba eky'enjawulo kiraga nti, mu butuufu, okuwaayo sente n'ebintu ebirala okuyamba abaavu n'okuzimba obwakabaka kya mwoyo, si kya mubiri kyokka.

7. <u>Engeri okugaba Okukristaayo okw'amazima gye kulina okukolebwamu.</u>

a. *Okugaba kulina kukolebwa na ddembe era kyeyagalire (**2 Kol 8:3, 8; 9:7**).*
(1) <u>Abakristaayo tebali wansi w'etteeka ery'ekimu eky'ekkumi nga Yisiraeri bwe yali.</u> Newakubadde Pawulo "*yagamba"amakkanisa g'e* Galatiya ne Kolinso okukuŋŋaanya ensimbi (**1 Kol 16:1**), yakikkaatiriza nti *"Ssoogera nga mbalagira bulagizi"* (**2 Kol 8:8**), okugaba okwo tekukolebwa *"lwa nnaku oba okuwalirizibwa"* (**2 Kol 9:7**), era okugaba okwo si *"lwa kubateganya"* (**2 Kol 8:13**).
(2) <u>Pawulo yanokolayo eky'okulabirako eky'ab' e Makedoni "*abaagaba bokka nga bwe baayinza*" (**2 Kol 8:3**).</u> Agamba nti *"Buli muntu akolenga nga bw'amaliridde mu mutima gwe; si lwa nnaku newakubadde olw'okuwalirizibwa"* (**2 Kol 9:7**).
(3) <u>Omuntu bw'asalawo yekka okugaba, kubanga amanyi nti okugaba kisa era kiweesa Katonda ekitiibwa, kale aba asobola, era asaana, era ajja kugaba ng'ayagala, *"kubanga Katonda ayagala oyo agaba n'essanyu"* (**2 Kol 9:7**).</u> Ekinaava mu kugaba ng'oyagala kijja kuba *"essanyu erisukkiridde"* (**2 Kol 8:2**).

b. *Okugaba kulina kukolebwa mu nteekateeka nnungi (**1 Kol 16:2; 2 Kol 9:6-7**).* Okugaba mu nteekateeka ennungi kulimu bino wammanga:
(1) <u>Okugaba kulina kuteekateekebwa n'okusooka okulowoozebwako.</u> **2 Kol 9:7** egamba nti buli muntu akolenga *"nga bw'amaliridde mu mutima gwe."* "Nga bw'amaliridde" kitegeeza "okusalawo nga tonnakikola, okulondawo." N'olw'ekyo, okugaba tekulina kubeera ekintu ekikolebwa olw'okwanukula ekyetaago mu ngeri y'okukyamuukirira, naye kubeere ekintu ekisoose okulowoozebwako.
(2) <u>Okugaba kulina kukolebwa buli luvannyuma lw'ekiseera ekigere.</u> **1 Kol 16:2** egamba nti sente zirina kuteekebwa ebbali *"ku lunaku olw'olubereberye mu ssabbiiti."* **2 Kol 9:6** ekozesa eky'okulabirako eky'omulimi asiga n'akungula. Omulimi, awatali kubuusabuusa, tayinza kusiga nsigo mulundi gumu n'asuubira okukungula okumala ebbanga lyonna ery'obulamu bwe. Wabula, ateekwa okusiga buli luvannyuma lw'ebbanga eggere, mu buli kiseera eky'okusiga. N'olw'ekyo, tuteekwa okufuula okugaba kitundu ku bulamu bwaffe.

c. *Okugaba kulina kukolebwa okusinziira ku ebyo omuntu by'alina n'obusobozi bwe (**1 Kol 16:2; 2 Kol 8:3, 11-12**).*
(1) <u>Omuntu buli lwe yeeyongera okuba n'obusobozi obw'okugaba, lwe yeetaaga n'okwongera okugaba.</u> Kino Pawulo akikkaatiriza emirundi ena: **1 Kol 16:2** (buli muntu asaanye kuwa *"nga bw'ayambiddwa"*); **2 Kol 8:4** (ab'e Makedoni baawa *"okusinziira ku busobozi bwabwe; n'okusukka obusobozi bwabwe"*); **2 Kol 8:11** (buli muntu asaanye kuwa *"okusinziira ku busobozi bwo"*); **2 Kol 8:12** (buli muntu asaanye kuwa *"okusinziira ku ky'alina, so si okusinziira ku ky'atalina"*).
(2) <u>Ekintu ekikulu mu ekyo kiri nti, si kyokka nti oyo alina obusobozi obusingako asaanye kuwa ekisinga ku ekyo oyo alina ekitono ky'asaanye okuwa, naye *asaanye kuwa ebitundu ebisingako ku buli kikumi eby'enfuna ye ne byalina* okusinga omuntu alina ekitono.</u>

d. *Okugaba kusaanye kukolebwe okusinziira ku buyinza bw'omuntu era mu bungi (**2 Kol***

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

***8:3, 9; 9:5-6, 13).***

(1) Ab'e Makedoni, newakubadde baali baavu, *"obwavu bwabwe obwayinga obungi bwasukkirira mu bugagga obw'obugabi bwabwe"* (**2 Kol 8:3**). Ab'e Makedoni baagaba *"n'okusinga obuyinza bwabwe"* (**2 Kol 8:4**). Okwo kwe kugaba okw'engeri ya ssaddaaka okutuufu. Mu ngeri y'emu nga Yesu bwe yasiima abakazi abaatoola ebitundu by'eppeesa ebibiri n'amafuta ag'akaloosa, Pawulo anokolayo Ab'e Makedoni ng'eky'okulabirako eky'okugaba Ab'e Kolinso kye basaanye okugoberera (laba **2 Kol 8:7-8; 9:1-4**).

(2) Era Pawulo anokolayo eky'okulabirako ekya Yesu Kristo eyawaayo byonna bye yali alina ku lwaffe, *"bwe yali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe"* (**2 Kol 8:9**).

(3) Ekisembayo, Pawulo yakikkaatiriza nti okugaba kulina kukolebwa mu *"bungi"* (**2 Kol 9:5-6**). Okugaba kyeyagalire mu bungi kubaawo singa abakkiriza bategeera nti okugaba kisa era kigulumiza Katonda.

8. Ekigendererwa ky'okugaba Okukristaayo okutuufu kusisinkana ebyetaago ebiriwo ddala (**2 Kol 8:4, 13-15; 9:12**).

a. *Ebyetaago biyinza okuba* (obwavu; obutaba na mmere, eby'okwambala, okusuzibwa; eby'obulamu). Eyo ye yali ensonga yennyini eyaleetera ab'e Kolinso okukung'anya sente mu **1 Kol 16:1-4** ne **2 Kol 8-9**.

b. *Ebyetaago nabyo biyinza okuba eby'omwoyo* (nga, obuweereza; okuyamba omusumba n'abakulembeze b'ekkanisa, okuddaabiriza ebintu by'ekkanisa; okutuukirira abantu abali mu kitundu mu ngeri ez'enjawulo; okugabirira Abakristaayo awamu n'omusumba n'ebikozesebwa mu buyigirizwa, abantu mu kkanisa, n'abalala).

c. *Pawulo yakikkaatiriza nti okugaba "si lwa kuwummuzibwa kw'abalala" (**2 Kol 8:13**).* N'olw'ekyo, amakanisa n'abantu sekinn'omu beetaaga okumanya *kiki* kye bayitiddwa okukola era lwaki bayitiddwa okukikola. Okumanya oba waliwo obwetaavu bwennyini kutambula n'okugaba okulimu okulowooza. Bwe kimanyibwa nti waliwo obwetaavu bwennyini ekkanisa oba omuntu sekinn'omu bw'ayitiddwa okukolako, awo okugaba kuba kulina kukolebwa n'essanyu era mu bungi.

9. Ebiva mu kugaba okutuufu okw'Ekikristaayo.

a. *Katonda aweebwa ekitiibwa (**2 Kol 9:11-15**).* Okwebaza Katonda, n'okugulumizibwa kw'ekitiibwa kye bye bibaawo singa abantu be bagaba nga bwe basaanye okugaba. Abantu ba Katonda bamasamasa nga bamulaga ekifaananyi kye.

b. *Abaweebwa ebintu ebyo bayambibwa (**2 Kol 8:13-15; 9:12**).*

(1) Okugaba kuyamba abantu mu by'omubiri ne mu by'omwoyo. Abantu abafuna ebintu ebyo nga bakkiriza, omubiri gwa Kristo guzimbibwa ne gugaziwa ku nsi (**2 Kol 9:12**).

(2) Okugaba kusobozesa abatukuvu okuyambagana. Okugaba kutondawo obwenkanya obusobozesa abakkiriza abaali abaavu okubeera n'ebikozesebwa eby'okuyamba abakkiriza abalala abayinza okuba mu bwavu n'obwetaavu oluvannyuma (**2 Kol 8:13-15**).

c. *Abagabi baweebwa omukisa (**2 Kol 8:2; 9:1-4, 6-11, 13-14**).*

(1) Okugaba kutuziyiza okuswala olw'*okulemwa* okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaffe (**2 Kol 9:1-4**).

(2) Katonda yawa ab'e Makedoni *"essanyu eryasukkirira"* kubanga baagaba mu ngeri ey'ewuunyisa, mu kubonaabona kwabwe n'obwavu bwabwe obwayinga obungi (**2 Kol 8:1-3**).

(3) Mu **2 Kol 9:13-14** ayunga *"obungi bw'okugaba kwo"* ne *"ekisa kya Katonda ekyasukkirira mu ggwe"* (laba ne **2 Kol 8:1**).

(4) Katonda asuubiza okutulabirira mu by'omubiri ne mu by'omwoyo nga bwe tusisinkana ebyetaago by'abalala mu kubagabirira (**2 Kol 9:6-11**).

(A) *Pawulo agamba nti "asiga entono alikungula ntono; era asiga ennyingi alikungula nyingi" (**2 Kol 9:6**).* Amakulu gakyo gali nti Katonda ajja kusisinkana ebyetaago byaffe eby'ebintu mu ngeri y'emu nga bwe tusisinkana ebyetaago by'abalala (laba **2 Kol 9:8-11**). Ennono eno si "tteeka" eriri awo oba ekintu ekirina okukolebwa Katonda mwateekeddwa okutuwa ebintu ebirungi singa tukikola. Eky'okulabirako, tewali kiraga nti, oluvannyuma lw'okugaba mu bungi ab'e Makedoni baafuukirawo abagagga b'ebintu (laba **2 Kol 8:1-3**). Wabula, kitambula n'ennono ey'awamu nti Katonda amanyi era ajja kutugabirira mu byetaago byaffe nga bwe tumwesiga era nga bwe tumugondera, era ajja kutuwa empeera era

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

akolagane naffe nga bwe tukolagana n'abalala, mu by'omwoyo ne mu by'omubiri. Tuyinza okumwesiga okukola ekyo (laba **Nge 3:9-10; 11:24-25; 28:27; Mal 3:8-12; Mat 6:12, 33; 10:42; Mak 10:28-31; Luk 6:38; Bag 6:6-7**).

(B) *Bulijjo Katonda anaatuwanga omukisa mu by'omwoyo era anaayazanga "obutuukirivu" bwaffe "n'okwebaza kwaffe gy'ali" (**2 Kol 9:10-11**) bwe tugaba nga bwe tusaanye okugaba.* Omukisa gwa Katonda ogw'ebintu gye tuli guyinza okujja butereevu okuyita mu ye, naye okusinziira ku **2 Kol 8:13-15** gusooka okututuukako okuyita mu mubiri gwe ku nsi, ekkanisa.

(C) ***1 Tim 6:19*** *egamba nti abo abagaba "beeterekera eky'okuyimako ekirungi olw'ebiro ebigenda okujja, balyoke banywezebwenga obulamu ddala ddala."* Ekyo kyogera ku mbeera yaffe eteri ya kuggwaawo ey'emirembe egijja. Mu kuwaayo ku sente zaffe n'eby'obugagga byaffe okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu n'okuzimba obwakabaka kati, Katonda ajja kutuwa empeera ezitaggwaawo ezijja okubeerawo emirembe n'emirembe. N'olw'ekyo, twetegekera ebiseera byaffe eby'omu maaso eby'oku nsi nga tuyita mu kufissaawo n'okusuubuza ku sente zaffe n'okufuuka abantu abeeyimirizaawo, naye twetegekera ebiseera byaffe ebijja eby'emirembe n'emirembe nga tuyita mu kugaba.

d. *Okugaba kuyunga ekkanisa awamu.*

(1) Okugaba kuluŋŋamya abatukuvu okuyambagana. Kusitula okuyaayaana mu bakkiriza abalala okukola kye kimu, kubanga okugaba kyakulabirako eky'ekifaananyi kya Kristo (**2 Kol 9:2, 13**).

(2) Okugaba nakwo kuleetera abantu ababa baweereddwa ebintu ebyo, n'abakkiriza abalala, okusabira ababa babiwadde ne *"balumirwa mmwe emyoyo mu kubasabira olw'ekisa kya Katonda ekitasingika mu mmwe"* (**2 Kol 9:14**).

## III. Okunenyezebwa kw'Enjiri ey'Okugaggawala[5]

### A. *Kiki "enjiri ey'okugaggawala" ky'eri*

1. Abantu abamu bayigiriza ekintu ekimanyiddwa nga "enjiri ey'okugaggawala" (era ekimanyiddwa nga "enjiri ey'eby'obulamu n'obugagga").

a. *Enjigiriza eno mu butuufu bwayo eyigiriza nti kuba kwagala kwa Katonda abakkiriza bonna okubeera abagagga mu bintu ne mu sente.* Enjigiriza eyo ebiseera ebisinga bitambula n'endala egamba nti kuba kwagala kwa Katonda abakkiriza bonna okubeera abalamu mu by'omubiri. Endowooza ababuulizi b'enjiri ey'okugaggawala gye batera okubeera nayo buli kiseera mwe muli ekigambibwa nti: okukkiriza gaba "maanyi" agateekebwa mu nkola nga bwe tukwogera; twetaaga "okukiyita n'erinnya n'okukyetwalira" (kwe kugamba, okuyita ekyo kye twagala n'erinnya ne tukyetwalira mu kukkiriza); twetaaga "okusiga ensigo ey'okukkiriza" (kwe kugamba, okuwangayo sente eri obuweereza obumanyiddwa okulaga okukkiriza kwaffe); waliwo "etteeka ery'okuddizibwaawo" Katonda kw'asibiddwa (kwe kugamba, ennono "ey'okusiga n'okukungula" ne "okuddizibwa emirundi kikumi") omuli singa "tusiga ensigo" eri obuweereza obumanyiddwa okuyita mu kugaba omuwendo ogwasalibwa ogwa sente, bwe tubeera n'okukkiriza okumala, Katonda ajja kutuddiza sente ze tuba "tusize" emirundi kikumi."

b. *Ababuulizi b'enjiri ey'okugaggawala balina endowooza entereevu ennyo, enyangungu, "enkaniikirire" ey'enkolagana wakati w'emikisa egy'ebintu n'emikisa egy'omwoyo.* N'olw'ekyo, obwavu oba obulwadde bugambibwa okuba ekintu ekivudde mu kibi oba obutaba na kukkiriza, naye okubeera n'okukkiriza okumala, n'okwogera oba okwetwalira emikisa gyaffe, oba okuwaayo sente eri obuweereza, kireetera Katonda okutuddizaawo n'okusinga ekyo kye twatoola ne kituweesa butereevu emikisa egy'okufuna ebintu.[6]

c. *Ekyo enjiri ey'okugaggawala ky'ekola kwe kutwala obubaka obulungi era obutuufu ku bwabwo—obugamba nti, "obwavu kintu kibi; kiba kirungi okubeera omugagga okusinga*

[5] Enjiri ey'Okugaggawala, naddala mu Afirika, enenyezebwa mu bujjuvu, mu kitabo kya Femi Adeleye ekiyitibwa *Preachers of a Different Gospel* (Kampala, Uganda: International Fellowship of Evangelical Students, 1999).

[6] Ababuulizi ab'okugaggawala bafaananira ddala nga emikwano gya Yobu abasatu abaalowoozanga nti waaliwo enkolagana eya 1:1 wakati w'okukola obulungi n'okusasulwa n'okukola obubi n'okubonerezebwa. N'olw'ekyo, abantu abo baalowooza nti, kubanga Yobu yali abonaabona, yateekwa okuba nti yayonoona, era yali abonerezebwa olw'ekibi ekyo (laba **Yob 4:7-11; 8:1-22; 11:1-20**). Endowooza eyo nayo yali mu bayigirizwa ba Yesu abaalowooza nti obuzibe bw'omuntu bw'alina kuva ku kibi kye oba eky'abazadde be (**Yok 9:1-2**).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*okubeera omwavu; kiba kirungi okubeera obulungi mu by'obulamu okusinga okubeera omulwadde; toteekeddwa kusigala ng'oli mwavu oba omulwadde, naye oyinza okubaako ne ky'okola okulongoosa embeera yo n'omugabo gwo mu bulamu"—ne babukyamya mu kukozesa obubi Bayibuli.* Ku bwayo, enjiri ey'okugaggawala egezaako "okubatiza" obubaka obwetooloolera ku by'ensi, ne babufuula okuba obubaka obw'omwoyo—kwe kugamba, okukyuusa obubaka obw'omuntu okweloongooseza ebibye okubufuula obubaka obwa Yesu Kristo. Si kibi okubeera omugagga n'omulamu mu mubiri mu kifo ky'okubeera omwavu era omulwadde. Si kibi okukola okulongoosa embeera yo ey'eby'enfuna n'okubeera obulungi mu by'omubiri. Wabula, kiba kikyamu okukyamya enjiri. Okukyamya okwo gwe mutwe gw'okunenyezebwa kw'enjiri eyo.

2. <u>Ebigambo eby'ogerwa "ababuulizi b'enjiri ey'okugaggawala" birimu bino wammanga:</u>

a. *Creflo Dollar:* "Obwavu *si* kwe kwagala kwa Katonda ku lw'Omukkiriza yenna. . . . Wafuulibwa omuntu alina ebintu ebingi era omugagga nga tonnaba na kubeerawo. Walondebwa okubeera omugagga mu by'ensimbi. . . . Ng'obutuukirivu bwa Katonda, obusika bwo obw'ebintu n'obugagga buli mu "mikisa egy'omwoyo" (oba ekintu eky'omwoyo") omutume Pawulo kye yayogerako mu Bef 1:5. Okusinziira ku Zab 112:3, obutuukirivu, ebintu, n'obugagga bitambulira wamu. Olina eddembe lyonna okubeera n'ebintu eby'obugagga—engoye, ebikomo, ennyumba, emmotoka ne sente—mu bungi. Naye ng'obugagga obwo si bwe busisinkana buli kyetaago kyo; nabwo busaasaanya obubaka obw'Enjiri ne busisinkana n'ebyetaago by'abalala. Bayibuli egamba nti obugagga bw'oyo alina ebibi *buterekerwa omutuukirivu*. Wabula, bujja kubeera nga buterekeddwa okutuusa *lw'obuyita*. N'olw'ekyo, buyite kati! Olina obusobozi okunyweza n'olagira ebintu n'obugagga okujja gy'oli (Ma 8:18). Kozesa amaanyi ago ng'oyogera okukkiriza—ebigambo ebijjuziddwa buli lunaku n'okutwala amadaala okujjawo ebbanja. Nga Katonda, osobola okukoowoola emikisa egy'omwoyo ne gibaawo (Bar 4:17). Jjukira, okubuusabuusa kusigala nga kusirise, naye okukkiriza kwogera!" (Dollar 2008: n.p.)

b. *Kenneth Copeland:* "Okwetooloola ensi yonna, Katonda alaga lwatu nti okwagala kwe kuli eri abantu be ab'endagaano okubeera n'obugagga obusukkiridde. Yasuubiza okufuula Ibulayimu omugagga, naye ekisuubizo ekyakolerwa Ibulayimu kyaffe olwaleero (Bag 3:13-14; Lub 17:6). Okwagala kwa Katonda, kugaggawala kwo—mu mwoyo, mu mmeeme, n'omubiri. . . . Okugaggawala okw'omubiri kwa mirundi ebiri—mu by'obulamu ne mu by'obugagga. Yesu yatununula okuva mu kikolimo ky'amateeka—obulwadde, obwavu n'okufa (Ma 28:15-61). Obulamu obw'omubiri n'obugagga bya mukkiriza. Okulowooza ku Kigambo kya Katonda n'okukiteeka mu nkola kuvaamu ebibala (Yos 1:8). Bw'oteeka Ekigambo mu nkola, n'otabula okukkiriza kwo nakyo, n'otobuusabuusa mu mutima gwo, Ekigambo kijja kukolera." (Copeland 2008: n.p.)

c. *Charles Capps:* "Okusobolera ddala okutuuka ku buwanguzi, tuteekwa okusooka okumanya nti kuba kwagala kwa Katonda ku lwaffe okugaggawala! . . . Katonda wa mazima; ajja kukola Ekigambo kye. Yagamba, Ekigambo kyange tekiridda gye ndi nga kyereere. (Isa 55:11) Naye Katonda ayagala omuddize Ekigambo kye. N'olw'ekyo, twala Ekigambo kya Katonda okuba ekisuubizo Kye ekikwata ku kintu ky'omanyi. Ekyetaago kyo bwe kibeera nga kya sente, teeka Ekigambo ekyo mu mutima gwo ng'oyita mu kukyogerera omwo. Teeka ekitereke ekirungi eky'Ekigambo kya Katonda mu kamwa ko, olyoke okyogere. Ekyo kijja kukifulumya ne kireetawo okulabisibwa. . . . Okugaba y'emu ku nnono enkulu ez'amateeka ag'okugaggawala. Obungi bw'oba owadde si ky'ekisinga okuba ekikulu eri Katonda, naye ebitundu by'owadde ku buli kikumi. . . . Empeera zisinziira ku bitundu by'owadde ku buli kikumi. Okuddizibwa kusinziira ku bungi bw'oba owadde. Ennono eyo ekukolera nga bw'ekolera omugagga bifeekeera. Enjawulo yokka eri nti ye akozesa miwendo minene okusinga ggwe gy'okozesa. Bw'oba on'ogenda mu maaso n'okukozesa ennono eyo, ekinusu ky'ebitaano kyo kiyinza okufuuka ddoola akakadde kalamba!" (Capps 2008: n.p.)

3. <u>"Ebiwandiiko eby'okwekwasizaako" okuva mu Byawandiikibwa ebitera okukozesebwa "ababuulizi b'enjiri ey'okugaggawala" birimu bino wammanga:</u>

a. **Yos 1:8—***Ekigambo kino eky'amateeka tekiivenga mu kamwa ko, naye onookirowoozangamu emisana n'ekiro, olyoke weekuumenga okukola nga byonna bwe biri ebiwandiikiddwaamu; kubanga bw'onooterezanga bw'otyo ekkubo lyo, era bw'onooweebwanga omukisa bw'otyo..*

b. **Nge 3:9-10—**[9]*Ossangamu ekitiibwa Mukama n'ebintu byo, n'ebibereberye ku bibala byo byonna;* [10]*Amawanika go bwe ganajjulanga bwe gatyo ekyengera, n'amasogolero go ganaayiikanga omwenge omusu.*

c. **Mal 3:10—***Muleete ekitundu eky'ekkumi ekiramba mu ggwanika, enyumba yange*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*ebeeremu emmere, era munkeme nakyo, bw'ayogera Mukama ow'eggye, oba nga siribaggulirawo ebituli eby'omu ggulu ne mbafukira omukisa ne wataba na bbanga we guligya."*

d. **Mak 10:28-30—**[28]*Awo Peetero n'atanula okumugamba nti Laba ffe twaleka byonna ne tukugoberera."* [29]*Yesu n'agamba nti, Mazima mbagamba nti Tewali eyaleka ennyumba oba ab'oluganda oba bannyina, oba nyina oba kitaawe, oba abaana oba ebyalo, ku lwange n'olw'enjiri,* [30] *ataliweebwa emirundi kikumi mu biro bino ebya kaakano, ennyumba, n'ab'oluganda, ne bannyina ne bannyaabwe, n'abaana, n'ebyalo, n'okuyigganyizibwa; ne mu mirembe egigenda okujja obulamu obutaggwaawo."*

e. **Yok 10:10—***Omubbi tajja wabula okubba, n'okuta, n'okuzikiriza. Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo obungi.*

f. **2 Kol 8:9—***Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe, obwavu bwe bulyoke bugaggawaze mmwe.*

g. **2 Kol 9:6—***Naye kyenjogedde kino nti Asiga entono, alikungula entono; era asiga ennyingi alikungula nnyingi.*

h. **3 Yok 2—***Omwagalwa, nsaba obeerenga bulungi mu bigambo byonna era obeerenga n'obulamu, ng'omwoyo gwo bwe gubeera obulungi.*

**B.** ***"Enjiri ey'okugaggawala" erina endaba ya Katonda, enteekateeka ya Katonda, n'enjiri enkyamu***

Endowooza nti kwagala kwa Katonda buli omu okubeera omugagga mu sente n'atuukiridde mu by'obulamu, oba nti waliwo enkolagana entereevu ey'omu-ku-omu era eya buliwo wakati w'okukkiriza kw'omuntu n'obungi bw'ebintu by'ayinza okuba nabyo, oba nti waliwo enkolagana entereevu wakati w'obungi bw'ebintu n'omukisa gwe ogw'omwoyo okuva eri Katonda, si ntuufu era si za Bayibuli.

1. <u>Katonda y'afuga ensi yonna, nga mw'otwalidde buli kintu ne buli omu agirimu.</u>

a. *Ebintu byonna ebibaawo bikola kitundu ku nteekateeka ya Katonda ey'awamu buli kimu ku byo ne kibaawo okuweesa Katonda ekitiibwa.* Ng'ekitundu ku buyinza bwe, Katonda atwala obuvunaanyizibwa obusembayo ku lw'ebyo byonna ebibaawo, ebirungi n'ebibi **(Lub 1:1; Yob 12:9-10; Zab 24:1; 50:10-12; 139:13-16; Isa 44:24; 45:5-7**).

b. *"Enjiri ey'okugaggawala" yeegaana obuyinza bwa Katonda, mu butuufu, bufuula omuntu okuba ow'obuyinza*. Enjiri ey'okugaggawala efuula obukulu bwa Katonda n'omuntu kubanga:

(1) Eyigiriza nti waliwo amateeka Katonda g'ali wansi w'ago oba agamufuga (katugambe nga "amateeka g'okuddizibwawo");

(2) Omuntu alina obusobozi obulinga obwa Katonda "okulagira ebintu n'obugagga okujja gy'oli . . . Nga Katonda, oyinza okwogera emikisa egy'omwoyo ne gibaawo" (Dollar 2008: n.p.); ne

(3) Efuula Katonda okubeera omuddu ow'abantu, ali wansi w'okwagala kw'omuntu n'enteekateeka ze, omuli "Ekigambo kijja kukolera" (Copeland 2008: n.p.).

2. <u>Si kituufu nti Katonda ayagala buli omu abeere bulungi mu by'obulamu era agaggawale.</u>

a. Katonda ayimusa abantu abamu ate abalala n'abassa wansi—omuli okugaggawaza abamu n'okwavuwaza abalala **(1 Sam 2:7; 1 Byom 29:12-16; Yob 42:10; Zab 75:6-7; Mub 5:19; Dan 2:20-21; 1 Tim 6:17).**

b. Katonda alagira obulwadde okubaawo n'obulamu (**Kuv 4:10-11; Yob 1:1, 6-2:7; Nge 20:12; Mik 4:6; 2 Kol 12:7-10).**

c. Katonda atta era awa obulamu; aggulawo era n'asiba embuto (**Lub 20:17-18; Luus 4:13; 1 Sam 2:6; Ezek 24:16-18; Bik 2:23; 4:27-28**).

3. <u>Si kituufu nti endwadde zonna, obwavu, oba ebintu ebirala ebifaanana ng'ebyo biva ku kibi oba obutaba na kukkiriza.</u> Mu by'okulabirako ebingi eby'ekyo mu Bayibuli yonna mulimu:

a. Omusajja omu yali muzibe okuva mu buto bwe, si lwa kibi kye oba eky'abazadde be (**Yok 9:1-3**).

b. Ekibi si ky'ekyaleetera Abagaliraaya Piraato be yatabulira omusaayi gwabwe ne ssaddaaka zaabwe, oba abantu ekkumi n'omunaana abattibwa ekigo lwe kyabagwira okufa (**Luk 13:1-5**).

c. Katonda yakkiriza Yobu okufiirwa eby'obugagga bye byonna, abaana, n'obulamu bwe obw'omubiri, newakubadde Yobu yali musajja mutuukirivu eyali tayonoonangako) (**Yob 1:1, 22**).

d. Katonda yalagira nti Yusuufu ajja kufiirwa byonna bye yali alina, si lwa kibi kyonna oba Yusuufu obutaba na kukkiriza, naye ng'ekitundu ku nteekateeka ennene okusinga era ennungi (**Lub 50:20**).

e. *Pawulo yabonaabona ne "eriggwa mu mubiri":* Katonda yagaana okuwuliriza Pawulo okumujjako eriggwa eryo; Pawulo n'abonaabona n'obulamu obw'obwavu

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

n'okuyigganyizibwa, si lwa kubeerawo kw'ekibi oba obutaba na kukkiriza kumala, naye lwa bwesigwa bwe n'okulaga amaanyi ga Kristo mu bulamu bwe (**2 Kol 12:7-10;** laba **2 Kol 11:23-33; Baf 4:10-13**).

f. *Yesu Kristo yennyini yali musajja mwavu:* yazaalibwa mu maka amaavu (ssaddaaka Maliamu ne Yusuufu gye baakola lwe baawaayo omwana Yesu eri Mukama ye yali ey'abaavu okusinziira ku mateeka; laba **Luk 2:22-24; Leev 5:11; 12:8**); mu biseera eby'obulamu bwe "teyalina w'assa mutwe gwe" (**Mat 8:20**); Kitaawe yagaana okukkiriza okusaba kwa Yesu mu lusuku e Gesusemaani (**Luk 22:41-42**); era Yesu yabonaabona n'afa mu butali bwenkanya, ng'alina obwa nannyini ku kintu kimu kyokka eky'oku nsi, ekkanzu gye yayambalanga, naye ate eyamujjibwako nga tannafa (**Luk 23:34**). Obwavu buno bwonna n'ebizibu ebyo tebyali ku Yesu lwa kuba nti yayonoona oba "olw'obutaba na kukkiriza," naye kubanga teyalina kibi era nga akiikirira Kitaawe ku nsi mu ngeri etuukiridde.

4. <u>Si kituufu nti waliwo enkolagana entereevu wakati w'okubeera n'okukkiriza</u> <u>oba okukola obulungi n'okuweebwa omukisa ogw'okugaggawala mu bintu, n'obutaba na kukkiriza oba okukola obubi n'okubonaabona mu bwavu, oba ensonga ereeta ebyo.</u>

a. *Kubanga Katonda yatonda ensi n'amateeka agagifuga, nga egoberera amateeka ge (eky'okulabirako, okubeera n'obulamu obwesigika, okukola na maanyi, okufissangawo n'okusuubuza ku sente z'oba oyingizza, n'amalala) okutwaliza awamu amateeka ago gatwala omuntu eri okugaggawala; naye, tewali bukakafu nti ekyo kye kijja okuvaamu buli kiseera.* Waliwo enkwatagana ey'awamu wakati w'okuteekateeka, okukola n'amaanyi, okulabirira obulungi sente zo, obulamu obutambulira ku nkola entuufu ey'eby'obulamu n'obusobozi okufuuka omugagga ow'ebintu, ne wakati w'obugayaavu n'obulamu obutatambula bulungi n'obwavu. Wabula, enkwatagana eyo tekakasibwa Katonda oba Bayibuli. Obusobozi bw'omuntu okufuna sente ennyingi ennyo businziira ku nsonga nyingi, omuli obuyigirize bwe, obusobozi n'obwangu mu kumanya okukola ekintu, wa omuntu gy'abeera ne ddi, abantu b'amanyi, emikisa gy'alina, n'ebintu ebirala. Ku lw'ennono za Bayibuli ez'okwetereeza n'obeera ekyo ddala ky'oli *wadde mu kutwaliza awamu*, omuntu ateekwa okuba nti afuga omulimu gwe, obulamu bwe, n'amaka ge, era tewateekwa kubeerawo ebizibu mu nkola y'abantu abali awamu. N'olw'ekyo, newakubadde waliwo enkwatagana ey'awamu wakati w'engeri omuntu gy'atambuzaamu obulamu bwe n'engeri gy'ayinza okutuuka ku buwanguzi, tetuyinza kubeera nga tulowooleza mu mikisa gya Katonda egy'oku nsi.

b. *"Ekisa eky'awamu" ekya Katonda eri bonna n'ekisa kye ekirokola eri aboonoonyi bikontana n'endowooza ekwata ku "mikisa n'ebikolimo" eby'okufuna ebintu.* Katonda yeebikkula ng'alina okusaasira okungi, newakubadde (mazima, naddala) eri aboonoonyi (**Kuv 34:6-7**). *"Enjuba ye agyakiza ababi n'abalungi, abatonnyeseza enkuba abatuukirivu n'abatali batuukirivu"* (**Mat 5:45**). Newakubadde tekitulabikira bulungi, ababi batera okweyongera mu bugagga (**Zab 73:1-14**). Ekirala, *"Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi, Kristo n'atufiirira"* (**Bar 5:8**). Eky'okulabirako ekisinga okuba ekirungi eky'okwagala kwa Katonda eri aboonoonyi ababi ennyo ye mutume Pawulo. Katonda yayiira Pawulo okusaasira kwe n'ekisa kye nga Pawulo ali mu makkati gennyini ag'okukola ekibi ekinene ennyo—yali agenda e Damasiko okuyigganya n'okutta Abakristaayo, ekyenkana n'okuyigganya Kristo yennyini (**Bik 9:1-5**). Naye, Pawulo yagamba nti *"Naye kyennava nsaasirwa Yesu Kristo alyoke alabisize mu nze [omwonoonyi] ow'olubereberye okugumiikiriza kwe kwonna, okubeeranga eky'okulabirako eri abo abagenda okumukkiriza olw'obulamu obutaggwaawo"* (**1 Tim 1:16**).

c. *Katonda alitaasa abantu be, naye tasuubizza kukikolerawo mbagirawo oba mu kiseera kino eky'obulamu.* Endagaano Enkadde n'Empya zombi ziraga nti okukuuma kwa Katonda okw'abaavu n'okutaasa kwe okw'ababonaabona tebikolebwa "mbagirawo" *newakubadde mu kiseera kino eky'obulamu bwabwe* (laba **Zab 9:17-20; Kub 6:9-11**). Obukadde n'obukadde bw'Abakristaayo (omuli abatabalika abaliwo olwaleero) babadde mu bwavu, babonyeebonye, bayigganyizibbwa, era bafiiridde okukkiriza kwabwe okuyita mu mirembe mingi. Mu bulamu buno, abakkiriza abo tebaafuna obulamu obulungi obw'ensi eno n'obungi bw'ebintu. Obwavu bwabwe, okubonaabona kwabwe, n'okuyigganyizibwa kwabwe tekwali lwa nsonga nti baayonoona oba tebaalina kukkiriza, naye lwa nsonga nti baali batuukirivu era baalina obulamu obw'okukkiriza. Naye, Katonda amaze okubasumulula—abantu abeesigwa ng'abo bafugira wamu ne Kristo kati (**Kub 20:4**), era emirembe gyonna balibeera mu ggulu eppya n'ensi empya "*okufa tekulibaawo nate; so tewaabeengawo nate nnaku newakubadde okukaaba newakubadde okulumwa*" (**Kub 21:4**). Gordon Fee atujjukiza nti: "Newakubadde Katonda asuubizza okutaasa ababe, tatera

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

kusuubiza okutaasa okwa mbagirawo. Eky'okulabirako, mu **Beb 11:32-39** abamu mu kukkiriza okungi baalaba obuwanguzi bungi; ng'ate abalala *mu kukkiriza baali mu bwetaavu* bungi. Naye bonna bajjukirwa olw'okukkiriza kwabwe. Era ebigambo bino byayogerwa okuzzaamu amaanyi abakkiriza abaali 'bakkirizza n'essanyu okunyagibwako ebintu byabwe', abaali banaatera okuggwaamu amaanyi. Naye, okutaasa okwa mbagirawo, tekwabasuubizibwa." (10:35, 36). (Fee 1984: 41)

5. Okwagala kwa Katonda ku lw'omuntu—enjiri—tekukwatagana n'okufuuka abagagga okw'abantu ku nsi kuno, naye kuli nti bafuuke nga Kristo. Enteekateeka ya Katonda ya kuyita abantu okujja gy'ali, abafuna okukkuta kwabwe, naddala okumatira kwabwe mu ye, so si mu bintu eby'ensi eno.

a. *Enjiri okusooka kwa byonna ekwata ku kutulokola okuva mu bibi byaffe n'okututuusa mu nkolagana ennamu ne Yesu Kristo atukyuusa okufaanana nga ye (laba* ***Yok 1:12; 3:16; Bar 8:13-16, 29-30; 10:9-10****).* "Tetuteekwa kwerabira nti ekigendererwa ekisooka eky'enjiri kutulokola n'okututuusa mu nkolagana ennamu ne Katonda era n'abantu abalala. Ya kuleeta abantu abakyuusiddwa era abawa obujulizi ku butuukirivu bwa Katonda. . . . Omuntu yenna akimanyi nti mwonoonyi era ayagala okukyuuka okuva mu bibi bye, n'akkiriza nti Yesu Kristo yafiira ku musalaba n'azuukira okuva mu bafu olw'ekigendererwa eky'okumulokola ayinza, okuyita mu kusaba okwangu, okufuuka omwana wa Katonda." (Adeleye 1999: 137)

b. *Embala y'okwagala kwa Katonda yennyini ku lw'abakkiriza ekwata ku nneeyisa, so si bintu.* "Ebyawandiikibwa ebibiri mu Ndagaano Empya ebyogera naddala ku kwagala kwa Katonda ku lwa buli mukkiriza bikunyonnyola mu bigambo ebikwata ku nneeyisa okusinga eby'ensimbi. Okwagala kwa Katonda ku lw'abakkiriza kwe kukkuta kwabwe n'okwewala obwenzi (**1 Bas 4:3**), awamu n'okwebazanga mu buli kintu (**1 Bas 5:18**). Okwagala kwa Katonda nga bwe kubikkuliddwa mu Byawandiikibwa kukwatira ddala ku abakkiriza be b'ani okusinga ku kiki kye balina. N'olw'ekyo, ekirowoozo kitono kirina okuteekebwa ku by'ebweru okusinga ku mbeera ey'omunda n'emitindo gy'enneeyisa yaffe." (Sarles 1986: 341).

c. *Amakulu g'enjiri ku lw'abantu ba Katonda galimu bino wammanga:*

(1) Tuliba kubeera mu nsi naye nga tetuli "ba" nsi (**Yok 17:14-19**)—kwe kugamba, tuli ba kufanana tuti: *"so temufaananyizibwanga ng'emirembe gino, naye mukyuusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi, ebisanyusa, ebituufu"* (**Bar 12:2**).

(2) Tuli ba kubeera tuti: *"temwagalanga nsi newakubadde ebiri mu nsi"* kubanga *"omuntu yenna bw'ayagala ensi, okwagala kwa Katonda tekuba mu ye* (**1 Yok 2:15**).

(3) Tuli ba kufaananyizibwa n'engeri ya Kristo (**Bar 8:29**) era tubeere mu ngeri eno *"tubeere abatukuvu abatalina musango mu maaso ge"* (**Bef 1:4**).

(4) Omutume Pawulo yatangaaza bulungi enkolagana entuufu wakati w'okubeera ne sente n'ebintu eby'obwa nannyini n'okutuukiriza okwagala kwa Katonda mu **Baf 3:7-8:** [7]*Naye byonna ebyali amagoba gye ndi, ebyo nnabirowooza nga kufiirwa ku lwa Kristo.* [8]*Naye era n'ebintu byonna nnabirowooza nga kufiirwa olw'obulungi obungi obw'okutegeera Kristo Yesu Mukama wange, ku bw'oyo nnafiirwa ebintu byonna, era mbirowooza okubeera mpitambi, ndyoke nfune amagoba ye Kristo.*

(5) Ekiva mu kwagala kwa Katonda okw'amazima ku lw'abaana be kikontana n'ekyo abayigiriza b'enjiri "ey'okugaggawala" kye bayigiriza.

(A) Eky'okugamba nti Katonda ayagala abakkiriza bonna babeere abagagga mu bintu kiri wala nnyo n'okwagala kwa Katonda. Kristo yagamba nti "*tewali n'omu ku mmwe ayinza kubeera muyigirizwa wange singa tava ku bintu bye eby'obwa nannyini"* (**Luk 14:33**).

(B) Yesu yagamba abayigirizwa be nti obulamu bwabwe bwali bujja kumanyika olw'ebiseera ebizibu, okusinga okweyagalira mu bintu n'obulamu obwangu, naddala kubanga *"omuyigirizwa tasinga amuyigiriza, era omuddu tasinga mukama we"* (**Mat 10:16-39; Yok 13:16; 15:18-20**).

(C) Okwagala ensimbi kugaana omuntu okubeera omukulembeze mu kkanisa (**1 Tim 3:3, 8; Tito 1:7**).

6. "Enjiri ey'okugaggawala" egootaanya enteekateeka ya Katonda ey'obugabirizi ku lw'abaana be.

a. *"Enjiri ey'okugaggawala" si njiri n'akatono kubanga ejja Kristo ku ntebe y'obwakabaka.* "Yesu y'enjiri. Enjiri nyangu era ejja butereevu ekimala okusobola okwewala abo abagifuula okuba enzibu mu kugigattamu eyaabwe okugikyamya. Enjiri yonna ekyamya Yesu Kristo ng'omuntu oba obubaka bwe si njiri n'akatono. Enjiri yonna ekkaatiriza eby'amagero oba okugaggawala okusinga okufa kwa Yesu n'okuzuukira kwe erina

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

okwegenderezebwa. Era omubuulizi yenna oba omuyigiriza yenna eyeegulumiza okusinga Kristo n'obubaka bwe si mubaka wa Katonda n'akatono." (Adeleye 1999: 137)

b. *"Enjiri ey'okugaggawala" eteeka essira ku bulamu obw'omubiri obwangu okusinga okukula mu mwoyo.* "Tubeere ba mazima. Singa twalina okusalawo, abasinga ku ffe twalyagadde okubeera n'obulamu obulungi ddala, obulamu obuwanvu, obugagga, n'ebifo eby'obuvunaanyizibwa mu kkanisa ne mu ggwanga. Okwegomba ebintu ng'ebyo kya bulijjo kubanga ekikula kyaffe eky'obuntu ekirimu ekibi kinoonya amagoba agaffe ku bwaffe ng'abantu, ettutumu, n'obuwanguzi. Naye enteekateeka ya Katonda y'ey'okulaba nti abaana be bakula mu kisa. Ekikula eky'omuntu ekijudde omululu kiteekwa okukomererwa era mu nteekateeka ya Katonda ey'obugabirizi ekyo kirimu ebigezo bya bika bingi. 'Mulowoozenga byonna okuba essanyu, baganda bange, bwe munaagwanga mu kukemebwa okutali kumu; nga mutegeera ng'okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza. Era omulimu gw'okugumiikiriza gutuukirirenga, mulyoke mubeere abaatuukirira, abalina byonna, abataweebuuka mu kigambo kyonna.' (Yak 1:2-4)." (Editorial 2001: 2)

c. *"Enjiri ey'okugaggawala" okusinziira ku mazima agamanyiddwa n'eby'afaayo ya bulimba.* "Kuba kwerimba nti omuntu asobola okubeera mu Afirika n'ayita mu bulamu buno awatali muyaga. Okuva mu biseera bya bajjajjafe okutuusa leero, omuntu okubeerawo ayita mu kukola na maanyi n'okutuuyana. Naye wadde biri bwe bityo, twetooloddwa obulumi bungi, endwadde ne mu nsi nyingi, enjala. . . . Kale tuyinza tutya okulowooza nti tuli ba kusumulukuka mbagirawo okuva ku bizibu ebyo kubanga tugoberera Yesu. . . . Enjiri eyo ey'obulamu obwangu nsirifu ku kigambo ky'obulumi n'okuboanaabona kubanga terina njigiriza ya Katonda ku ebyo. Ebintu byonna ebikwata ku butatereera, obulumi, okubonaabona, obwavu n'okufa birowoozebwa okuva ewa Setaani n'olw'ekyo birina kugaanibwa. Ekyekwaso ekiri emabega w'endowooza eyo lwe lunyiriri oluli mu Baruumi 8:28 lwe basoma obubi okutegeeza, "ebintu ebirungi byokka bye bibaawo ku bantu abali mu Kristo Yesu" oba enzikiriza nti Abakristaayo tebalina kubonaabona. Tumanyi okuva mu Byawandiikibwa n'ebyafaayo ebiriwo nti abatukuvu bangi babonyeebonye nnyo. Ddala, okufa okw'omubiri kye kintu ekibeera buli wamu ekitasosola wakati w'omutukuvu n'omubi. Katonda mu magezi ge bwe yakiteekateeka. . . . Enjiri eya "obulamu n'okugaggawala" si kintu kirala okujjako okusendasenda abantu okubayingiza mu kulimbibwalimbibwa." (Adeleye 1999: 99-103)

## C. *"Enjiri ey'okugaggawala" erina entegeera enkyamu ku kukkiriza n'okusaba*

1. <u>"Endowooza y'enjiri ey'okugaggawala ku "kukkiriza" oba "enzikkiriza" ewakanya ekyo Bayibuli ky'etegeeza bw'eyogera ku kukkiriza oba enzikiriza.</u>

a. *Endowooza y'enjiri ey'okugaggawala ku kukkiriza ebeera ngeri ya bya bufuusa.* "Osanga endowooza esinga okuba enzibu okutegeera mu njiri ey'okugaggawala kwe kukkiriza kw'omuntu. Kujjiddwaako omusingi gwakwo ogwa Bayibuli ne kuweebwa amakulu malala nnyo. Okukkiriza kunyonnyolwa ng'amaanyi agaakakasibwa. 'Okukkiriza maanyi ga mwoyo, buyinza bwa mwoyo. Amaanyi ago ag'okukkiriza ge galeetera amateeka ag'ensi ey'omwoyo okukola. . . . Waliwo amateeka agafuga okugaggawala agabikkuddwa mu Kigambo kya Katonda. Okukkiriza kuleetera amateeka ago okutandika okukola. Gakola bwe gateekebwa mu kukola, era galekayo okukola singa amaanyi ag'okukkiriza gakomezebwa.' [ebyo bya Kenneth Copeland].

Okusinziira ku kunyonnyola okwo okukkiriza kw'omuntu kulina omuwendo mu kwo omwawufu ku muntu abeera nakwo. Okukkiriza kufuuka maanyi ga bulogo agakozesebwa abantu sekinn'omu. . . . Era okukkiriza kuzzeemu okunyonnyolwa okusinziira ku nkolagana gye kuleeta wakati wakwo n'ekigambo eky'ogeddwa. Enzikkiriza y' omutima esibiddwa ku kwatula kw'akamwa okutondawo amazima amapya. 'Mu bulamu buno ofuna ekyo kyennyini ky'oyatula n'akamwa ko. Ekigambo ekiri mu kamwa ko kwe kukkiriza kwo okuli mu kwogera. *Ebigambo by'oyogera by'ebyo by'okkiriza*. Ebigambo byo biyinza okukukolera oba obutakukolera. Bikuleetera obulamu oba obulwadde. Ebigambo byo bisalawo oba obeera mu bungi bw'ebintu oba mu kubulwa' [bino bya Gloria Copeland].

Mu ndaba eyo okukkiriza kubeera ngeri ya maanyi ga kulaamiriza, n'ekigambo ekyogeddwa nga bye bikuwa enkola. Okutegeera okw'omunda okuli emabega w'endowooza ku kugaggawala kugamba nti kubanga omuntu abeera kitonde ekiringa katonda, ebigambo bye bwe biba byogeddwa mu kukkiriza, birina mu byo amaanyi ng'aga Katonda. Naye endowooza eyo ku njogera y'omuntu ekwatagana na maanyi ga kifuusa, tekwatagana na Byawandiikibwa." (Sarles 1986: 347-48)

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

b. *Omulamwa gwa "okukkiriza" kw'enjiri ey'okugaggawala—omuntu n'okubeera kwe obulungi mu nsi eno, mu kifo kya Katonda—kwe kukontana kwennyini n'okukkiriza okwa Bayibuli.* "Ku musingi gwayo, eddiini [ey'okweyongera okugaggawala] ewa enjigiriza egenderera okuweereza omuntu, okusinga okutunuulira Katonda. Naye newakubadde omuntu abeera agambibwa nti okugaggawala kwaffe kuweesa Katonda ekitiibwa, bulijjo ekigendererwa ekikulu kumatiza omululu gwaffe n'okubeera kwaffe obulungi.

Mazima, omuntu yekka asobola okukkiriza enjigiriza eno eteri ya Bayibuli y'oyo *ayagala* enjiri ey'ekika ekyo; era ensonga lwaki ayagala okugiwulira eri nti ewagira omululu gwe. Katonda tabeerawo lwa kutuweereza; tuliwo okumuweereza. Era okukkiriza mu Katonda tekulina kupimibwa okusinziira ku kusanyusibwa kw'omuntu. Katonda, okusooka kwa byonna, si ye muntu okukkiriza gwe kukozesa nga kutadde amaaso ku bintu omuntu by'aba alina okufuna. Okufuula okweyagalira mu bintu ekigendererwa eky'okukkiriza Okukristaayo kuba kugootaanya okukkiriza." (Fee 1984: 42-43)

c. *Kubanga enjiri ey'okugaggawala ekyamya omulamwa gw'okukkiriza, kiba kitegeeza nti ekyamya n'ekikula kya Katonda n'enkolagana ye n'abantu.* "'Katonda ono omupya' y'oyo abantu, naddala ababuulizi abamu, gwe bakozesa okusobola okwetuusaako bye baagala. 'Katonda' oyo aliko biyitirivu ebimusabibwa n'okugobererwa—lwa nsonga nnungi. Eky'okusooka, y'oyo ayinza okulagirwa, oba okuweebwa eky'okukola, oba 'okuweebwa etteeka' okukola kyonna omuntu ky'ayagala. . . . Eky'okubiri, ye 'Katonda' atasigazizza kitiibwa, oba byonna bwe biba nga byogeddwa ne bikolebwa, enkaliriza y'ebirowoozo byaffe ne 'okwewuunya' kwaffe tebikyali ku Katonda wabula 'musajja wa Katonda' 'akozesezza' Katonda abantu kye baagala.. . . . Eky'okusatu, 'Katonda' oyo y'oyo atatera kufa ku ngeri abagoberezi be gye babeeramu. Ayogerwako nga Katonda atafa ku butamutya oba obutali bwesigwa obuli mu bulamu bw'abamuwagira n'abagoberezi be. Ye Katonda attira eriiso abyo ebitari bya bwa katonda era n'abekiriranya mu bulamu bw'abamuwagira n'abagoberezi be. Ye mumativvu kasita aba nti afuna ekimu eky'ekkumi, ebiseera, n'ebikozesebwa eby'abagoberezi be. Era tayingirira ebitundu ebirala eby'obulamu bwabwe. . . . Eyo y'ensonga lwaki 'Katonda' oyo si ye Katonda era Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo. Ye "Katonda eyatondebwa mu kifaananyi ky'omuntu omw'onoonyi." (Adeleye 1999: 106-07)

2. <u>Okwawukana n'ekyo, entegeera ya Bayibuli ey'okukkiriza n'enzikiriza mu kikula kyakwo eri nti okukkiriza bwe bwesige mu Katonda n'okuwaayo obulamu bwo mu buwulize eri Katonda okuyita mu Kristo mu kwesigama ku ekyo ky'aba ayogedde.</u>

a. *Okukkiriza okutuufu okwa Bayibuli kumpi kwe kwawukana kwennyini ne "okukkiriza" okw'enjiri ey'okugaggawala kumpi mu byonna.* "Bayibuli eyigiriza nti okukkiriza kwe kunywera n'obugumu n'obwesige mu muntu omulala. Mu kifo ky'okubeera ekintu ekijjibwayo ne kiteekebwa awantu okukozesebwa, okukkiriza kwa Bayibuli kulimu ngeri ya kiwummulo. Omuwendo gw'okukkiriza guli wabweru, si munda. Omugaso gw'okukkiriza gusangibwa mu oyo gwe kutunuulidde, era nga ye Katonda." (Sarles 1986: 348)

(1) <u>Mu Ndagaano Enkadde, okukkiriza kukwatagana n'oyo obwesige bwaffe gwe bulimu, so si ngeri ya "maanyi" mu kwo oba ku bwakwo.</u> Ebigambo ebiri awamu eby'Oluyonaani ebitegeeza okukkiriza oba enzikiriza bireeta endowooza eya "okuteeka ekirowoozo ku, oba obwesige mu muntu oba ekintu"; era ebigambo ebirala ebiri awamu eby'Oluyonaani ebinyonnyola endowooza y'emu "bisangibwa nnyo okusinga ebirala mu Bayibuli ey'Oluyonaani naye nga bitera okunyonnyolwa nga 'okwesiga' okusinga 'okubeera n'okukkiriza'. N'olw'ekyo, okwagala kwa Aburaamu okwesiga Katonda . . . kumufuula okubeera eky'okulabirako ekisookerwako eky'endowooza ekwata ku kukkiriza." (Schowalter 1993: 222)

(2) <u>Endowooza ey'Endagaano Empya ku kukkiriza efaanana n'ey'Endagaano Enkadde, enjawulo esooka eri nti oyo okukkiriza kw'omuntu gwe kutunuulira ye Yesu Kristo.</u> N'olw'ekyo, olulimi olw'okukkiriza lukozesebwa okutegeeza "okutegeera okusookerwako okw'obuyinza bwa Yesu obusukkulumye ku bwa bulijjo awamu n'okwanukula mu ngeri esaanidde enjiri gye yajja okulangirira. . . . [Mu Njiri ya Mak 'okukkiriza'] kwalambibwa n'enkwatagana yakwo ne *metanoia* ("okwenenya") nga ekisukkulumye ku kwesigama ku bulamu obwa bulijjo oba okukkiriza obukkiriza mu mutwe gwokka. Kuba kwewaayo okukyuusa obulamu bw'omuntu, entandikwa y'enkolagana empya ne Katonda. . . . [Mu Njiri ya Yok okukkiriza] kwe kwanukula okubikkulirwa, era kuvaamu okumanya kw'amazima agaba gabikkuddwa. Naye kubanga okubikkulirwa okwo kuzze ng'omuntu, ng'ate omuntu oyo ge mazima, okukkiriza oba okumanya byombi tebiyinza kutegeerwa mu mutwe butwe. Oyo okukkiriza gwe kutunuulidde ayinza kubeera Yesu yekka

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

ng'omuntu." (France 1992: 223-25)

b. *Eby'okulabirako ebikusifu eby'okukkiriza biraga nti okukkiriza mu bayibuli tekukozesebwa n'akatono nga "amaanyi", era tekukozesebwa n'akatono okumatiza omululu gw'omuntu ogw'ebintu oba okwegaggawaza mu bya sente.* Ekitabo kya *Africa Bible Commentary* kyanukula ekyawandiikibwa ekimanyiddwa ennyo ekikwata ku kukkiriza, **Abaebbulaniya 11,** nga kigamba nti, "Omuwandiisi atandika n'okunyonnyola okukkiriza nga obusobozi *okubeera omukakafu ku kintu ke tusuubira* era okunyweza ebyo ebitayinza kulabika (**11:1**) ate n'akola olukalala lw'eby'okulabirako eby'Endagaano Enkadde eby'ebyo ebisoboka olw'okukkiriza (**11:2**)" (Adeyemo 2006: 1504). Tewali na kimu ku by'okulabirako ebyo ekifaanana n'endowooza y'omubuulizi w'enjiri ey'okugaggawala ku kiki okukkiriza kye kiri oba engeri okukkiriza gye kulina okukozesebwamu. Wabula, eby'okulabirako eby'okukkiriza mu **Abaebbulaniya 11** biraga bino wammanga (Ibid.: 1504-05):

(1) Okukkiriza kulaba ebyo abalala bye batayinza kulaba (**11:3-4**).
(2) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okutambula wamu ne Katonda (**1:5-6**).
(3) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okulengera akabi akajja n'okuzikirizibwa (**11:7**).
(4) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okugondera Katonda ne bwe baba nga tebamanyi kkubo lye bakutte (**11:8-10**).
(5) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okuweebwa ekisuubizo kya Katonda mu mbeera ezitasoboka (**11:11-12**).
(6) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okugumiikiriza ekisuubizo ne bwe kitatuukirizibwa mangu (**11:13-16**).
(7) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okussaddaaka ekisuubizo (**11:17-19**).
(8) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okulaba n'okwongerayo omukisa gwa Katonda (**11:20-22**).
(9) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okuteeka obulamu bwabwe mu katyabaga (**11:23**).
(10) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okugaana amasanyu ag'obulamu obw'ensi eno (**11:24-28**).
(11) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okuwangula okutya n'ebitangira ebirala (**11:29-31**).
(12) Okukkiriza kusobozesa abakkiriza okugumira ebizibu ebirala bingi (**11:32-39a**).

3. <u>Enjiri ey'okugaggawala nga bw'erina entegeera enkyamu ey'ekikula ky'okukkiriza n'ekyo okukkiriza kye kutuunuulidde, mu ngeri y'emu erina n'entegeera enkyamu ey'ekikula ky'okusaba n'ekyo kye kutunuulidde.</u>

a. *Abasomesa b'enjiri eya "okweyongera mu bugagga" batera okulaga nti singa omuntu asabira ebintu eby'obugagga, Katonda alina kukimuwa buwi.* Basinziira ku:

(1) **Mat 7:7-8—**[7]*Musabe, muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo.* [8]*Kubanga buli muntu asaba awebwa; anoonya alaba; eyeeyanjula aliggulirwawo*; ne
(2) **Mak 11:23-24—**[23]*Mazima mbagamba nti, Buli aligamba olusozi luno nti "Sigulibwa, osuulibwe mu nnyanja" nga tabuusabuusa mu mutima gwe naye ng'akkiriza nga kyayogera kikolebwa, alikiweebwa.* [24]*Kyenva mbagamba nti ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize nga mubiweereddwa, era mulibifuna.*

b. *Ku nyiriri ezo tewali luwagira, oba olwogera ku, kuyigiriza kw'okweyongera okugaggawala. Mu kwogera ku kusaba, enyiriri ezo zoogera ku kukakasa nti tulina ekyo kye tutunuulidde era kye tutaddeko amaaso ekituufu mu kusaba,(kwe kugamba, Katonda, si sente) n'enneeyisa entuufu n'obulamu obutambula obulungi (kwe kugamba, obuwombeefu n'okusonyiwa, so si mululu).*

(1) <u>Enyiriri ezeetoolodde **Mat 7:7-8** zoogera ku:</u> obuteeterekeranga "bintu ku nsi"; obutasoboka bw'okuweereza "Katonda n'obugagga"; era nti tuli ba kwesiga Katonda yekka, n'obutanoonya bintu amawanga bye ganoonya (**Mat 6:24-34**). Ekirala, okusaba kuteekwa okuva mu bulamu obutukuvu mwe tutasalira abalala omusango, naye mwe "tuggyira enjaliiro mu maaso gaffe" nga tetunnaba kukola ku "kantu akali mu liiso lya muganda waffe," era mwe "tuyisiza abantu abalala engeri gye twagala batuyiseemu" (**Mat 7:1-5, 12**). Olunyiriri olufaanana n'olwo mu **Luk 11:9-13** nalwo lugamba nti "ebirabo ebirungi" Kitaffe by'atuwa bwe tumusaba ne tumunoonya era ne tukonkona ye Mwoyo Omutukuvu so si sente.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

(2) Ate enyiriri ezeetoolodde **Mak 11:23-24** zoogera ku: Okuyingira kwa Yesu mu Yerusaalemi n'obuwanguzi nga Masiya; okugoba kwe okw'abaali bawaanyisa sente mu yeekaalu; okukolimira kwe okw'omutiini (akabonero akalaga eggwanga eritalina kukkiriza erya Yisiraeri); n'okwanukula kwe eri abakulembeze b'Abayudaaya abaamubuuza obuyinza bwe yalina, n'alyoka ababuulira olugero lwa nannyini lusuku olw'emizabbibu mwe yali agambira nti obwakabaka bwali bujja kuggyibwa ku Yisiraeri buweebwe abantu ba Yesu ab'Endagaano Empya abamukkiririzaamu (abalimu Abaamawanga okusinga) (**Mak 11:1-12:12;** laba ne **Mat 21:1-46**). Ekirala, okukkiriza kwaffe kulina kutunuulira Katonda, so si bintu bya bugagga (**Mak 11:22**), era okusaba kwaffe kulina kuva mu bulamu obutukuvu obw'okusonyiwa. (**Mak 11:25-26**).

c. *Enkubaganya y'ebirowoozo engazi ku kusaba okw'omu bayibuli kulaga bulungi nti tewali lunyiriri olugamba oba olulaga nti Katonda ajja "kukola ekyo kye tuba tumuyitidde" era nti ateekwa okutuwa ekintu kyonna kye twagala era kye tuba tumusabye. Amazima gali nti, endowooza ng'eyo ey'okusaba ekontanira ddala n'ebyetaago bya bayibuli eby'okusaba okukola.* Enyiriri nyingi ziraga ekyo:

(1) **Yok 15:7—***Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga.* "Okubeera mu Yesu" ke kakwakkulizo akasooka okusobozesa okusaba kwaffe okuddibwamu. D. A. Carson ayogera bw'ati ku ndowooza eyo: "*Bwe mubeera mu nze* kivaayo bulungi mu lunyiriri 9 n'okweyongerayo, mwe tulabira nti kye kimu n'okukola byonna Yesu by'alagira; *Bwe . . . ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe* y'engeri ey'okutuuka ku mazima ge gamu mu kkubo eddala. *Ebigambo* bya Yesu (*rhēmata*) byonna by'ebigambo ebyayogerwa kimu ku kimu naye awamu ebikola "ekigambo" kya Yesu (lunyiriri 3; *logos*). Ebigambo ng'ebyo biteekwa okusigala mu birowoozo by'omuyigirizwa ne mu mutima gwe ne kiba nti okufaanana Kristo, obuwulize eri Kristo, ky'ekintu ekisinga okubeera ekya bulijjo (ekisukkulumye ku kya bulijjo?). . . . Okumufaananyizibwa ku luyi olumu kukakasa okumufaananyizibwa ku luyi olulala; ekigezo ku ludda olulabika olw'obuwulize eri Kristo ky'ekigezo ku ludda olutalabika olw'obulamu obw'omwoyo obw'amazima. Ebyo byonna biringa okubeera mu muzabbibu; bwe bumu obuvaamu okuzaala ebibala. Okukikwanaganya n'okusaba, omukkiriza ng'oyo omuwulize ddala akola bulungi nnyo mu kusaba, kubanga byonna by'asaba bikwatagana n'okwagala kwa Katonda." (Carson 1991: 517-18)

(2) **Yak 4:3—***Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi, mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe***.** Ebigendererwa byaffe mu kusaba biteekwa kuba bituufu—naye okwagala sente n'ebintu okubikozesa olw'ebyo bye twagala kikyamu. Ekirala, okwekaliriza kw'okusaba kwaffe tekuteekwa kubeera ku ffe fennyini—wabula, okwekaliriza kw'enjiri ey'okugaggawala, mu kikula kyakwo, kumatiza mululu gwaffe. N'olw'ekyo, olunyiriri olwo, ng'olwo lwe tulabye waggulu, luwakanyiza ddala endowooza y'omubuulizi w'enjiri ey'okugaggawala ku kusaba.

(3) **Yak 5:16b—***Okusaba kw'omuntu omutuukirivu kuyinza nnyo mu kukola kwakwo.* Okusaba okusobola okukola obulungi, omuntu asaba alina kubeera "mutuukirivu". Ekyo kitegeeza nti alina kuba nga yalokolebwa, alina *"okulowooza kwa Kristo"* (**1 Kol 2:16**), era abeera akyusibwa okufaananyizibwa n'engeri ya Kristo (**Bar 8:29**). Okufaanana Kristo kikontana n'endowooza y'okugaggawala. Ekirala, enyiriri eziri mu **Yakobo 5** zitandika n'okusalira abagagga omusango n'amaanyi (**Yak 5:1-6**), era lugenda mu maaso n'okuwa ababonaabona omukisa nga Yobu (**Yak 5:7-11**), ebirowoozo byombi bikotana n'endowooza y'okugaggawala.

(4) **1 Yok 3:22—***era buli kye tusaba akituwa, kubanga tukwata ebiragiro bye era tukola ebisiimibwa mu maaso ge.* Okuweebwa kye tusabye kuliko akakwakkulizo k'okugondera ebiragiro bya Kristo n'okukola ebintu ebimusanyusa. Okunoonya n'okukolerera obugagga awamu n'okusanyusa obulamu bwaffe tebigondera kiragiro kya Kristo kyonna oba okumusanyusa, naye bikontanira ddala n'obulamu bwe yalaga.

(5) **1 Yok 5:14-15—**[14]*Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira.* [15]*era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye.* Okusaba okuddiddwaamu kuliko akakwakkulizo k'okusaba *"okusinziira ku kwagala kwe"* (so si okwagala kwaffe). Katonda si y'atuweereza; ffe tulina okumuweereza. Ekyawandiikibwa ekyo, nakyo,

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

kikontana n'enjiri ey'okugaggawala.

**D.** ***"Enjiri ey'okugaggawala" erina endowooza enkyamu ku sente n'okugaggawala***

1. Bayibuli *egeraageranya* obugagga obw'ensi n'obugagga obw'omwoyo. Eby'okulabirako bingi biraga ekyo, nga mwe muli:

a. ***Luk 12:13-34***. Mu kitundu kino Yesu alabula ku mululu era mu ngeri ey'enjawulo akontana n'ebyensomesa byonna ebisibukako "enjiri y'okukulaakulana," bw'agamba nti: "Mwekuume! Temululunkananga. Kubanga obulamu bw'omuntu tebugererwa ku bugagga bw'abeera nabwo." (**Luk 12:15**). Yesu agenda mu maaso n'ayogera olugero olukwata ku mugagga eyazimba amayumba amanene okutereka ebintu bye byonna. Enkomerero y'olugero luno eri nti:*"Naye Katonda n'amugamba nti, 'Musirusiru ggwe! Ekiro kino emmeeme yo eneekuggibwako. Kale ebyo bye weetegekedde binaaba by'ani?'* *"Bwe kityo bwe kiriba eri buli muntu eyeeterekera, so nga mwavu eri Katonda*." (**Luk 12:20-21** ) Ku nkomerero y'ekitundu ekyo, Yesu ayogera ku muntu 'omugagga mu maaso ga Katonda': *"Mutunde ebintu byammwe, ensimbi ze muggyamu muzigabire abo abeetaaga, mwetungire ensawo ezitakaddiwa era mweterekere mu ggulu mu tterekero eritaggwaamu bintu, omubbi gy'atasembera wadde ennyenje gye zitayonoonera. Kubanga obugagga bwo gye buli, n'omutima gwo gye gunaabeeranga.* (**Luk 12:33-34**)

b. ***Luk 16:10-12.*** Enyiriri ezo "ziraga lwatu mu makubo asatu enkolagana wakati w'obugagga obw'ebintu n'obugagga obw'omwoyo. Obusooka gwe musingi ogukakasa obw'oluvanyuma. Ebintu eby'obugagga byogerwako nga 'ebitono ennyo', 'obugagga obw'ensi', ne 'ebya beene'. Mu ngeri y'okugeraageranya, obugagga obw'omwoyo bwogerwako nga 'ebinene, 'obugagga obw'amazima', ne 'ebibyo." (Blomberg 1999: 122)

c. ***Mak 8:36.*** *"Kubanga kimugasa ki omuntu okulya ensi zonna, n'okufiirwa obulamu bwe?"* "Kirabika bulungi nti waliwo okutwala eby'omwoyo okubeera ebikulu okusinga obutebenkevu mu by'omubiri mu nyiriri ezo" (Ibid.: 137).

d. ***Beb 10:34.*** *"Kubanga mwasaasira abasibe, era mwagumiikiriza n'essanyu okunyagibwako ebintu byammwe, nga mutegeera nga mulina mwekka ebintu ebisinga obulungi era eby'olubeerera."* Era, obugagga obw'omwoyo *bwogerwako nga "ebisinga obulungi"* era *"eby'olubeerera"* okubugeraageranya n'obugagga obw'ebintu.

e. ***Kub 2:9; 3:17.*** "Mu mabaluwa eri amakkanisa omusanvu, amakanisa Sumuna ne Lawodikiya gaawukanira ddala. Sumuna njavu mu bintu naye nga ngagga mu mwoyo (2:9), ate nga Lawodikiya yali ekuŋŋaanyizza obugagga bungi neerowooza nti terina bye yeetaaga. Naye ate okutunuulira ebintu okuva ku luuyi olw'omwoyo, abantu baali banaku, abasaasirwa, era abaavu (3:17)." (Ibid.: 236) N'olw'ekyo, omuntu ateekwa okubuusabuusiza ddala omubuulizi yenna alina ebiruubirirwa ebyawukana n'ebya Bayibuli mu kubuulira kwe.

2. Okubulwa sente si kintu kirungi, n'okubeera ne sente si kibi. Omuntu bw'aba asobola okwetereeza mu bya sente, ekyo kiyinza kuba kirungi; naye enjiri ey'okugaggawala kuba kuwaba.

a. *Waliwo ensonga nyingi lwaki omuntu ayinza okuba omwavu, era teba nsonga ya bugayaavu n'ekibi.* Amateeka amabi mu by'enfuna agakolebwa gavumenti, ebikozesebwa mu by'enkulaakulana ebibi, obutaba na bugunjufu, okubeera mu bitundu ebitaakulaakulana, obusosoze, n'ebintu ebirala bingi biyinza okuleeta obwavu.

b. *Okufuna obuyigirize obulungi, okukola ennyo, okufissangawo ku sente n'okukekkereza okusobola okusituka mu nsi n'ofuna obugagga biyinza kuba bintu birungi nnyo.* Newakubadde okwagala sente—okubeera n'omululu gwazo, n'okuzeenyumirizaamu oba okuzeesiga—kibi, okufuna obugagga n'okuloongoosa enfuna yo bintu birungi (**Ma 6:10-11; 1 Kol 7:21; 1 Tim 6**:17). Amazima gali nti, okuyita mu kukola n'okwetaba mu busuubuzi, Katonda awa abantu obusobozi okukola sente **(Ma 8:16-18; Nge 13:11; 22:29; 28:19-20; Bef 4:28; Yak 4:13-15).** Sente ziyinza okuba omukisa omunene eri abantu bangi bwe ziba nga zirowoozebwako mu ngeri entuufu era nga zikozesebwa n'amagezi era bulungi.

c. *Ekintu ekikulu y'endowooza yaffe.* Okwagala sente awamu n'omululu gwazo n'obugagga obw'ebintu kibi kinene **(Kuv 20:17; Luk 12:15-21; Bef 5:3; Bak 3:3-6; 1 Tim 6:17; 1 Yok 2:15-16).** Okwagala sente kuleeta ebibi ebya buli kika—kuyinza okuzisa Ekigambo mu bulamu bwaffe era kutuviiramu okusalirwa omusango **(Nge 11:4, 28; Mak 4:18-19; Bak 3:5-6; 1 Tim 6:10-11; Yak 5:1-6; Kub 3:17-19).** Eky'akabi ennyo kwe kwegomba ensimbi okwogera kwa Pawulo ku nkolagana wakati w'enjiri ne sente okusinga obuwanvu, **1 Tim 6:3-19**, kwe kutulabulako emirundi egy'omuddiring'anwa: tulina okuba abamativu bwe tuba nga tulina eky'okulya n'eky'okwambala (**6:6-8**); abo abaagala okugaggawala bagwa mu bikemo n'emitego egy'enjawulo ne bennyika mu kwonoonebwa n'okuzikirizibwa (**6:9**); okwagala ensimbi gwe mulandira gw'ebibi ebya buli kika era kujja abantu ku kukkiriza ne

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

beefumita n'ennaku nyingi (**6:10**); tuli ba *"kuddukanga ebyo"* (**6:11**). Enjiri ey'okugaggawala, okwongereza ku ky'okubeera embi ennyo, n'obutaba njigiriza ya Bayibuli, eyimiridde ku musingi gw'endowooza y'omululu Pawulo gy'atulabula n'amaanyi emirundi egy'omuddiriŋŋanwa. N'olw'ekyo, tulina *"kuddukanga ebyo,"* ebiva mu babuulizi b'enjiri ey'okugaggawala, n'ensomesa yabwe.

3. <u>Yesu bwe yayigiriza abayigirizwa be okusaba (kwe kugamba, "Essaala ya Mukama waffe"), teyatugamba okusabanga obugagga, naye tusabenga "emmere yaffe eya bulijjo", (kwe kugamba, ekimala okubeezaawo obulamu bwaffe) (**Mat 6:11; Luk 11:3**).</u>

a. Ensonga enkulu ennyo emabega w'ekyo yaweebwa Aguli mu **Nge 30:8-9:** [8]*Gyangawo ebigambo ebitaliimu n'eby'obulimba bibe wala nange, Tompanga bwavu newakubadde obugagga; Ndisanga emmere gye nneetaaga,* [9]*Nneme okukkutanga ne nkwegaana ne njogera nti "Mukama y'ani" Era nnemenga okuba omwavu ne nziba, ne njogera bubi erinnya lya Katonda wange.*

b. *Ekyo kikwatagana n'enjigiriza mu Bayibuli yonna nti tetulina kubeera na mululu gwa sente n'obugagga obw'ebintu* **(Kuv 20:17; Luk 12:15-21; Bef 5:3; Bak 3:3-6; 1 Tim 6:17; 1 Yok 2:15-16).** Wabula, tulina kubeeranga abamativu bwe tuba nga tulina eky'okubeezaawo obulamu bwaffe **(Baf 4:10-12; Beb 13:5; 1 Tim 6:8)**, kubanga Katonda atusuubizza nti okubeerawo kwe kunaatumalanga (**Beb 13:5-6**)**.** oba tuli bamativu oba nedda n'ebyo bye tulina kiraga embeera yaffe ey'omwoyo eya nnamaddala. Kino kikulu nnyo eri Abakristaayo, kubanga Yesu yennyini yali musajja mwavu. Yesu teyalina nnyumba (**Mat 8:20; Luk 9:58**). Mu butuufu, Yesu yalina ekintu kimu kyokka—engoye ze yayambala—era Abaruumi baamuggyako ebyo nga tebannamukomerera **(Mat 27:35; Mak 15:24; Luk 23:34; Yok 19:23-25).** Yesu yagamba nti, **"***omuddu tasinga mukama we"* **(Mat 10:24; Luk 6:40; Yok 13:16; 15:20).** Pawulo bw'agamba mu **1 Tim 6:8** nti "Naye bwe tuba n'emmere, n'ebyokwambala ebyo bitumalenga aba atusomoza—kubanga emmere n'engoye Yesu, Mukama waffe, bye yalina byokka**.**

4. <u>Newakubadde waliwo okuganyulwa mu bintu eby'omubiri ebitayinza kuwakanirwa, ku bikwata ku kubeera ne sente n'ebintu eby'obugagga, mu Ndagaano Empya tewali nkolagana wakati w'obugagga obw'ebintu n'omukisa mu by'omwoyo</u>. "Mu ndaba yonna eya Bayibuli, obugagga n'ebintu tebirina makulu n'akatono eri abantu ba Katonda. Emirundi mingi mu Ndagaano Enkadde—naye nga si bwe kiri mu Mpya—ebintu bitera okusinga okukwatagana n'obulamu obw'obuwulize. Naye na wano birabika okubeera n'akabi kaabyo ak'emirundi ebiri ak'okujja amaaso g'omuntu ku kwesiga Katonda okubeera n'obwa nannyini ku oyo abirina. Obwavu, wabula, nabwo tebulabika kuba ekintu ekirungi okusinga. . . . Endowooza eyo ey'obuteefiirayo ku bugagga n'ebintu omuli obugagga oba obwavu nga byombi tebirina amakulu, erabika bulungi nnyo mu Ndagaano Empya. . . . Mu nkola empya eyaleetebwa Yesu Kristo, obugagga tebulina nnyo makulu gye tuli. Omuntu oba alina ebintu, ayinza okubikozesa mu kuweereza abalala mu kwagala; naye omuntu bw'aba nga tabirina, teyeetaaga kubinoonya. Katonda afaayo ku ebyo omuntu by'aba yeetaaga; ebisukkulumye ku ebyo tebyetaagibwa; omugagga eyeeyongera obweyongezi okunoonya ebirala mussiru; obulamu tebusangibwa ku kubeera n'ebintu bingi. . . . Endowooza ng'eyo yennini ku bugagga n'ebintu ke kabonero akali ku Pawulo yenna. Muntu wa ddembe mu Kristo, amanyi okumatira mu buli mbeera. . . . Ensonga eri nti, mu Mulembe Omupya okugaggawala tekulina makulu n'akatono. Kale, Katonda ayinza atya okwagaliza abaana be ekintu ng'ekyo ekitalina makulu? Enzikiriza ey'okugaggawala kale bwetyo bw'erabika mu maaso g'Endagaano Empya. Mu buli ngeri teva mu Bayibuli." (Fee 1984: 42)

5. <u>Enjiri ey'okugaggawala egootaanya endaba ey'okugaggawala okutuufu okwa Bayibuli.</u> "Eky'omukisa omubi, mu mulembe guno ababuuliza b'enjiri ey'okugaggawala baleeseemu endowooza ey'abantu ku bintu, enzikiriza nti okugaggawala mu bintu ge magoba. Y'enjiri ezimbiddwa ku ndowooza y'okubeera n'ebintu ebingi gye tulina mu buwangwa bwaffe obw'ennaku zino. Naye nga enjigiriza ya Bayibuli ntangaavu. 'Naye okutya Katonda awamu n'obutayaayaananga ge magoba amangi; kubanga tetwaleeta kintu mu nsi, kubanga era tetuyinza kuggyamu kintu; naye bwe tuba n'emmere n'eby'okwambala, ebyo binaatumalanga. Naye abaagala okugaggawala bagwa mu kukemebwa ne mu mutego …kubanga okwagala ebintu kye kikola ky'ebibi byonna' (**1 Tim 6:6-10**). Okugeraageranya n'okugaggawala mu bintu, okugaggawala okutuufu mu maaso ga Katonda bwe bugagga obw'okukkiriza. '…Katonda yalonda abalina obwavu bw'omu nsi okubeeranga n'obugagga obw'okukkiriza n'okusikira obwakabaka...' (Yak 2:5)." (Editorial 2001: 2)

6. <u>Obugagga butambula n'amakulu ag'omwoyo mu bitundu bisatu.</u>

a. *Obugagga butambula n'akatyabaga ak'omwoyo akeeyongedde.* Yesu yalabula nti obugagga "bulimba" era buyinza okuzisa ekigambo kya Katonda mu bulamu bw'omuntu (**Mak 4:18-19**). Pawulo yalabula nti okwegomba okubeera omugagga kya kabi era kivaamu

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

ebibi ebya buli kika (**1 Tim 6:9-10**). Yagamba nti kye kimu n'okusinza ebifaananyi era n'alabula nti obusungu bwa Katonda bujjira omuntu ow'omululu (**Bak 3:5-6**). Yok yalabula nti okwagala kwa Kitaffe tekubeera mu muntu yenna ayagala ensi oba ebintu eby'ensi (**1 Yok 2:15-16**). Mu ngeri y'emu mu Ndagaano Enkadde, abawandiisi b'Engero baalabula nti oyo eyeesiga obugagga aligwa (**Nge 11:28**), era omuntu alina obugagga mwangu okwegaana Mukama (**Nge 30:8-9**). Yobu yakimanya nti okwesiga obugagga kye kibi ekireeta okusalirwa omusango kubanga kye kimu n'okwegaana Katonda (**Yob 31:24-28**). Eby'okulabirako ebya Gekazi (**2 Bassek 5:15-27**), Ananiya ne Safira (**Bik 5:1-11**), omufuzi omuto omugagga (**Mak 10:17-25**), n'omusajja omugagga ataafanga ku Lazaalo (**Luk 16:19-26**), byonna bitulabula ku katyabaga okubeera n'okwagala obugagga ke biyinza okuleeta. Nga Adeleye bw'agamba, "Ng'eky'enkomerero ku bwakyo, sente zituwakanya okulaba nti zitujjako obuwulize bwe twalibadde tuwa Katonda. Zirina okufuuka ekifaananyi ekisinzibwa ekyonoona obulamu bwaffe. Eyo y'ensonga lwaki Yesu atulabula obutakolagananga ne sente nga bwe tukolagana ne Katonda" (Adeleye 1999: 97).

b. *Sente zitambula n'obuvunanyizibwa obweyongedde.* Bayibuli ekitangaaza bulungi nti ensonga lwaki Katonda atuwa omukisa gwa sente eri nti "tusobole okubeera n'ekintu kye tunaagabana n'omulala ali mu bwetaavu" (**Bef 4:28;** laba ne **1 Tim 6:17-18**). John Piper agamba nti, okwawukana n'ababuulizi b'enjiri ey'okugaggawala, **Bef 4:28** "si lunyiriri oluwagira *okubeera* omugagga okusobola okugaba ekisingawo. Kuba kuyitibwa okukola ezisingawo n'okutereka entono okusinga osobole okugaba ezisingawo" (Piper 2007: n.p.). Agattako nti: "Tewali nsonga lwaki omuntu [eyeeyongera] okuzifuna alina okubeera mu bulamu obw'enjawulo okuva ku ngeri omuntu akola [entono] gy'abeeramu. Noonya obulamu obuli ng'obw'ebiseera eby'entalo; saanikira ku nfulumya yo; ezisigaddewo zonna zigabe. Lwaki walyagadde okulowoozesa abantu nti basaanye kubeera bagagga basobole okubeera abagabi abagaba mu bungi? Ekyo tekyaligasse ku bugabi bwabwe obujulizi obw'amaanyi nti Kristo, so si bintu, kye kitereke kyabwe?" (Ibid.)

c. *Obugagga butambula n'okulaga enkozesa yabwo okweyongedde.*

(1) <u>Buli omu alisisinkana omusango gwa Katonda olw'ebyo bye yakola, oba bye yalemwa okukola, mu bulamu buno (**Beb 9:27;** laba **Kub 20:11-15**).</u> Ennono enkulu ey'omusango gwa Katonda eri nti "Okuva eri oyo eyaweebwa ebingi, alinoonyezebwako bingi; n'oyo eyateresebwa ebingi, gwe balisinga okubuuza ebingi" (**Luk 12:48b;** laba **1 Kol 3:10-15**). Abagagga mu bulamu buno batunuulidde omusango omunene okusinga abo abatali bagagga, kubanga obugagga bwabwe butambula n'obuvunaanyizibwa obusinga obw'abatali bagagga, mu ngeri eyo ne baba nti balibuuzibwa bingi. N'olw'ekyo, **Nge 11:4** etulabula nti obugagga bulilemesa omugagga ku lunaku olw'okusala omusango.

(2) <u>Okukuŋŋanya eby'obugagga bingi n'obutabikozesa mu bigendererwa ebyabituweesa Katonda kutyoboola etteeka lya Kristo era kibi.</u> Yesu yagamba nti ennyenje n'obutalagge byonoona ebintu ebiterekeddwa ku nsi (**Mat 6:19**). Omutume Yakobo yakozesa olulimi lwa Kristo okulabula abagagga abatakozesezza obugagga bwabwe nga bwe bateekeddwa (kwe kugamba, babulese ne "butalagga"), *"Ezaabu yammwe ne ffeeza zitalazze; n'obutalagge bwazo buliba mujulirwa gye muli, bulirya omubiri gwammwe ng'omuliro"* (**Yak 5:3**). Agattako nti olw'okusalirwa omusango ogutunuulidde abagagga, balina *okukaaba "Kale nno mmwe abagagga, mukaabe mulire olw'ennaku ezijja ku mmwe"* (**Yak 5:1**). Awunzika ng'agamba nti *"mwesanyusa ku nsi ne muwoomerwa ebinyumu"* omusango gubatunuulidde ng'endiga oba ente oba embizzi ezirinda olunaku lwazo *"mwegezzezza mu mitima gyammwe nga ku lunaku olw'okubaaga ebya ssava"* (**Yak 5:5**).

### E. *"Enjiri ey'okugaggawala" erina endowooza enkyamu ku kugaba*

1. <u>Enjiri ey'okugaggawala egootaanya ensonga lwaki tulina okugaba.</u> Yesu yayigiriza nti tulina okugaba *"nga tetulina kye tusuubira okutuddizibwa"* (**Luk 6:35**). "Ebiweebwayo birina okuweebwa Katonda ng'ekikolwa eky'okusinza (**Isa 43:22-24; Zab 16:12-17**) so si ku lw'amagoba. Gaba mazima aga Bayibuli nti Katonda asuubiza okuwa abo abamuwa mu bungi empeera (**2 Kol 9:6-11**). Naye emikisa gya Katonda giraga ekirabo kye ekiva mu kisa kye so si ekintu Katonda ky'ateekeddwa buteekwa okukola oba okuganja kwe. Okwagala okugaggawala tekuteekwa kuba ekigendererwa kyaffe eky'okugaba. Omuntu nga tannaba kuwa ebirabo eby'ebintu, alina kusooka okwewaayo eri Katonda (**2 Kol 8:5; Bar 12:1**). Katonda asinga kufa ku muntu agabye okusinga ku ekirabo. Newakubadde okugaba mu bungi eba mpisa mu Byawandiikibwa (**2 Kol 8:1, 2**), omuntu alina kuwa Katonda ng'ekiweebwayo eky'okwebaza (**Zab 116:17**). Omuntu tateekwa kuwaayo

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

olw'ekiruubirirwa eky'omululu gw'okugaggawala." (Editorial 2001: 1)

2. Ekiruubirirwa ky'enjiri ey'okugaggawala mu kugaba, mu butuufu, kibi—Katonda ky'atayinza kuwa mukisa. Enjiri ey'okugaggawala egamba nti tulina "okugaba okusobola okufuna. Kiri nti mu kugaba . . . mwe tukakasiza okugaggawala kwaffe!" (Fee 1984: 43) Ekyo tekirina kirala kye kyagala kutuukiriza okujjako *omululu n'amaddu.* Omululu n'amaddu byombi bibi binene Katonda *by'atajja* kuwa mukisa (laba **Kuv 20:17; Nge 11:4, 28; Mak 4:18-19; Luk 12:15-21; Bef 5:3; Bak 3:3-6; 1 Tim 6:10-11, 17; Yak 5:1-6; 1 Yok 2:15-16; Kub 3:17-19**). Mazima, omululu gubeera ngeri ya *kusinza bifaananyi*, ekintu ekireeta obusungu bwa Katonda (**Bak 3:5-6**).

3. Ekirala, "okugaba olw'okwagala okufuna" mu butuufu tekuba "kugaba" n'akatono. Ebeera ngeri ya kusuubula, kye kimu ne "okuwola sente" olw'amagoba, oba, okuteeka sente zo mu busuubuzi oba okugula eby'amaguzi. Okusinziira ku nnono ya "'Suubira Eky'amagero', ekkaatiriza nti okuyita mu kusiga ensigo, ebizibu byonna ebinene biyinza okukolebwako . . . Katonda afuuka omuntu gwe tuteekamu ebyaffe olw'okutudduukirira nga tufunye obuzibu era gwe tusuubira okutuddiza mu bungi ku byaffe " (Adeleye 1999:83).

**F. *"Enjiri ey'okugaggawala" erina enkozesa embi ey'ebiwandiiko bya Bayibuli kwe yeesigamye era ebinyonnyola bubi***

1. Mu ngeri eteyinza kwewalibwa, enjiri ey'okugaggawala nkyamu kubanga enyinyonnyola y'omubuulizi w'enjiri ey'okugaggawala eya Bayibuli erondamu bulonzi era kumpi yonna esinziira ku ndowooza y'omuntu, emala gakozesebwa, era tefa ku byawandiikibwa ebiriraanye ekyo ky'aba akozesa.

a. *Sarles agamba,* "Enyiriri za Bayibuli zikozesebwa mu bungi awatali kufa ku bubonero obulaga enkozesa y'ebigambo, enjawulo mu makulu g'ebigambo, oba ebyafaayo by'ekyawandiikibwa. Ekivaamu by'ebirowoozo n'ennono enkyamu ezeesigamizibwa ku kugootaanyizibwa kw'ekyawandikibwa." (Sarles 1986: 337)

b. *Ekirala, amakulu g'ekyawandiikibwa kyonna, "eky'okusooka galina kukwatagana n'ekigendererwa ekyasooka eky'omuwandiisi; galina kukwatagana n'ekyo ekyategeerwa obulungi abantu abaasooka okuwulira ebigambo ebyo" (Fee 1984: 40).* Ate ku ludda olulala, ababuulizi ab'okugaggawala, mu butuufu, batandika n'ekitundu ekisembayo eky'omulembe ogwabwe ku bwabwe ogw'ekyasa kya 20-21, bulijjo ogutambula n'ekika ky'obulamu, obuwangwa, n'obugagga eby'abazungu, ne "babatiza" ebyo mu kubisoma okubiyingiza mu byawandiikibwa, bye bavvuunula obubi ne bagootaanya amakulu gaabyo.

c. *Ekikula kya "okuvvuunula" kw'ababuulizi b'enjiri ey'okugaggawala mwe bamala gavvuunulira ebyawandiikibwa mu ngeri yaabwe kyegattiddwako ekikula eky'okulondamu obulonzi enyiriri ze beesigamako.* N'olw'ekyo, enjiri ey'okugaggawala "nayo teva mu bayibuli mu ntegeera engazi ey'ekigambo ekyo, mu ngeri nti eraga entegeera evudde mu butalaba wala mu Byawandiikibwa byonna. Okulondamu obulonzi ebyawandiikibwa bya Bayibuli okukolebwa ababuulizi abo kubawa entegeera *eteyigirizibwa awantu wonna mu Ndagaano Empya*, ne kubayamba n'okwewala ebikumi by'ebyawandiikibwa ebiwakanya enjigiriza yabwe" (Ibid.: 41).`

2. Okutegeera obubi engeri Endagaano ya Ibulayimu, Musa, n'Empya gye zikwataganamu awamu nakwo kugootaanya okuvvuunula kw'omubuulizi w'enjiri ey'okugaggawala. Mu Ndagaano ya Ibulayimu (laba **Lub 12:1-3; 13:14-17; 15:1-21; 17:1-21; 22:15-18**) waliwo "enyingo enkulu ezikwata ku bisuubizo" ssatu: ezzadde eryali ligenda okuvaamu eggwanga eddene (ebisuubizo eby'okuvaamu "ensigo" ); ensi (ebisuubizo eby'okuweebwa "ensi"); n'okugaggawala okubuna ensi yonna (ebisuubizo eby'okuweebwa "omukisa"). Ababuulizi b'okugaggawala basinga okuyigiriza nti Abakristaayo baasikira ebisuubizo ebyaweebwa Ibulayimu, kye bavvuunula okutegeeza nti *okubeera obulungi* mu by'omwoyo *ne mu bintu* byombi biba byaffe bwe tuteeka okukkiriza kwaffe mu nkola. Entegeera eyo nkyamu nnyo ddala.

a. *Endagaano ya Ibulayimu yali ndagaano etaaliko kakwakkulizo, era emikisa gyayo tegyaliko kakwakkulizo k'okuteeka okukkiriza mu nkola.* Endagaano ya Katonda ne Ibulayimu teyaliiko kakwakkulizo k'okuteeka okukkiriza kwa Ibulayimu mu nkola oba obuwulize. N'olw'ekyo, mu **Lubereberye 15** omukolo ogw'endagaano gwali gwa luyi lumu; mazima, Ibulayimu yali mu tulo. Tewaaliwo bukwakkulizo obwateekebwawo mu ndagaano eyo. Endagaano eyo bwe yayogerwako mu **Lub 17:7, 13,** ne **19** yayitibwa "eteridiba." Ekirala, endagaano yakakasibwa newakubadde waaliwo obujeemu ku ludda lwa Ibulayimu n'obutaba na kukkiriza. Sarles agattako bino wammanga: "Singa emikisa gya Ibulayimu egy'obuntu mu ndagaano egitaaliko kakwakkulizo gikolera ezzadde lye lyonna, kale, okusinziira ku njiri ey'okugaggawala, ezadde lya Ibulayimu lyonna lyalibadde n'omukisa gwa sente nga Ibulayimu. Naye kyeraga bulungi nti si bwe kiri. N'olw'ekyo, singa emikisa gya Ibulayimu egy'obuntu giteekebwa ku zadde lye lyonna—ekintu

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

abakulembeze b'enjiri ey'okugaggawala kye beesibako—endagaano eyo eteekwa okutegeerwa ng'eriko akakwakkulizo okusobola okunyonnyola lwaki abantu bonna ab'ezadde lye si bagagga ba bintu. Naye ekyo ekitabula omutwe tekijja kukola olw'amazima agatayinza kuwakanirwa nti Ibulamu yayitibwa Katonda ng'akyali omukaafiiri asinza ebifaananyi. Mpozzi ekirala ekiriwo kyokka kwe kwegaana nti emikisa egy'obuntu egyaweebwa Ibulayimu gikola kitundu ku ndagaano ekwata ku zadde lye lyonna. Awatali kubuusabuusa, ekyo tekyanirizibwa bulungi abantu ab'enjiri ey'okugaggawala kubanga kijjamu enkozesa yaabwe ey'Endagaano ya Ibulayimu mu kutwala eddembe lyabwe ery'okubeera ab'omukisa mu bya sente nga Ibulayimu bwe yali. Naye, kwe kuvvuunula kwokka okuja mu biwandiiko by'Ebyawandiikibwa." (Sarles 1986: 346-47)

b. *Endagaao ya Ibulayimu ebeera "nteekateeka y'enkola y'obwakatonda" ku lw'ebyafaayo by'okununula ebirimu mu byo Endagaano Enkadde [eya Musa] n'Empya.* "Kitundu kinene eky'Ebyawandiikibwa kikozesebwa okunyonnyola okulaga engeri Katonda gy'atuukirizaamu ebisuubizo bye eri Ibulayimu. Abantu batabulwa engeri Katonda gyatuukirizaamu ebisuubizo bye yakola ne Ibulayimu n'engeri gye kikolaganamu n'endagaano endala. Endagaano ya Ibulayimu erimu Endagaano Enkadde n'Empya zombi. Kwe kugamba, Endagaano Enkadde n'Empya kwe kutuukirizibwa okw'omubiri n'okw'omwoyo okw'Endagaano ya Ibulayimu. Endagaano Katonda gye yakola ne Ibulayimu ebikkula enteekateeka ya Katonda ey'okuwonya abantu n'okubaleeta mu nsi Ye. Mu Ndagaano Enkadde, Katonda awonya abantu ba Yisiraeri mu mubiri (ab'ezadde lya Ibulayimu ab'omubiri) okuva ku ba Misiri n'abaleeta mu Nsi Ensuubize, Palasitiina. Mu Ndagaano Empya, Katonda awonya abantu Be (ab'ezadde lya Ibulayimu ab'omwoyo) okuva ku kibi n'okusalibwa omusango n'okubaleeta mu nsi ey'omwoyo (ekiwummulo eky'obulokozi ekiriwo kati ne mu ggulu). N'olw'ekyo, Endagaano ya Ibulayimu "erimu" Endagaano Enkadde n'Empya zombi." (Lehrer 2006: 29)

c. *Amakulu g'ekyo gali nti ababuulizi b'enjiri ey'okugaggawala mu bukyamu bateeka emikisa egy'omubiri egy'Endagaano ya Musa, egyaliko akakwakkulizo k'obuwulize bwa Yisiraeri ey'Endagaano Enkadde eri Amateeka ga Musa, ku Bakristaayo ab'olwaleero abatali wansi w'Amateeka ga Musa, era abatasuubizibwangako emikisa egyo egy'omubiri egiriko obukwakkulizo.*

(1) <u>Endagaano Enkadde [eya Musa] yali "yeesigamizibwa ku mirimu", yali teyeesigamizibwa ku "kisa" ng'Endagaano Empya efuga abakkiriza olwaleero.</u> Endagaano "eyeesigamizibwa ku mirimu" ndagaano ya mateeka era erimu ennono eya "singa . . . awo"—kwe kugamba, "singa" ogondera obukwakkulizo bwonna obw'endagaano eyo, "awo" ojja kuweebwa omukisa, naye singa togondera ku bukwakkulizo bwonna obw'endagaano eyo, ojja kukolimirwa; ekirala, Endagaano Enkadde yali ekwata okusinga ku mikisa n'ebikolimo mu by'omubiri, obwakabaka obw'ebintu (laba **Kuv 15:26; 19:3-6; Leev 26:1-43; Ma 28:1-4, 15-19; Yos 23:14-16; Yer 11:1-11; Dan 9:11-14; Yak 2:10**). Ensonga eri nti amateeka ga Musa gaakola omusingi ogw'eggwanga eddamba (Yisiraeri), so si abantu ab'omwoyo (ekkanisa).

(2) <u>Newakubadde emikisa egy'omubiri gyasuubizibwa Yisiraeri ey'Endagaano Enkadde singa baagondera Amateeka ga Musa, ekirowoozo nti obugagga bwalaga omukisa gwa Katonda kitono.</u>

(A) *Amateeka g'endagaano Enkadde gaafugira ddala AbaYisiraeri.* "Obufunze obw'emisolo gyonna n'ebitundu eby'ekkumi ebyalagirwa okuweebwa wano na wali mu Yisiraeri ey'edda butabula omuntu: okukozesebwa n'amaanyi wansi w'obwakabaka, emisolo gy'obwakabaka, okuwanga bye baalina okuwa mu biseera by'entalo, emisolo gya yeekaalu, emmere gye baalinanga okuleka mu nnimiro mu myaka egya Ssabbiiti ne Jubili, ebirime ebisooka n'ebiweebwaayo ebya kyeyagalire, ne 'ekimu eky'ekkumi eky'emirundi esatu' ekyali eky'etteeka . . . Omuntu ayinza okuzibuwalirwa okugamba nti abantu ba Katonda baalina eddembe okweyagalira mu bugagga obutaaliko kikuba mukono mu bintu bye baafunanga." (Blomberg 1999: 47). Ekirala, ebisuubizo by'emikisa ejirabika byali bisuubizo bya wamu eri eggwanga okutwaliza awamu, so si bisuubizo bya muntu ku bubwe eri abantu abamu okusasula obuwulize bwa bwo omuntu sekinomu

(B) *Eky'omuntu okubeera omugagga tekaali kabonero ak'enkukunala nti yali mugagga kubanga yaliko okuganja kwa Katonda.* Mu Ndagaano Enkadde ne

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

mu Mpya, Katonda asinga kufa ku ndowooza yaffe ku sente, so si obungi bwa sente ze tulina. Obugagga bulina okugabanyizibwa mu bwenkanya, naddala n'abali mu bwetaavu. Katonda afa ku ngeri gye tubufunamu, kiki kye tukola nabwo, ne oba tubukozesa ng'eky'okweekuumisa mu kifo ky'okumwesiga. Eky'okulabirako, Zekkaliya 11:5, abo abagula abaddu okugamba, 'Atenderezebwe Mukama, kubanga ngaggawadde!' gyobeera nti Katonda ye yabawa omukisa okufuuka abagagga. Naye Zekkaliya akiraba bulungi nti Mukama takyasaasira abantu ab'endowooza ng'eyo (11:6)." (Blomberg 1999: 75) Nebifo ebirala binji mu ndagano enkadde, okuli **Yobu 21:1-21; Zab 73; Isa 3:14-15; 5:8-9; Amos 4:1-3; 6:1-7**, kitegeeze bulungi nti omuntu okubeera omugagga tekitegeeza nti omuntu mwesigwa oba nti ayina okuganja mu maaso ga katonda.

(C) *Eby'okulabirako bingi ebya Bayibuli eby'obwavu n'obutali bwenkanya ebituuka ku bantu abeesigwa biraga nti, ne mu ndagaano enkadde, tewali nkolagana nnywevu 1:1 wakati w'obugagga n'omukisa gwa Katonda, oba wakati w'obwavu n'ekikolimo oba ekibonerezo kya Katonda.* Mu **1 Bassekabaka 21** Nabosi alabika nga yali musajja mwesigwa, omutuukirivu. Wadde kyali kityo, yavunaanibwa mu ngeri etali ya bwenkanya, n'akubwa amayinja n'afa, era kabaka Akabu n'abba ennimiro ye ey'emizabbibu. Newankubadde abasomesa b'okukulaakulana batera okujuliza ezimu ku Engero (nga; **Nge.3:9-10**) nga "ekifaananyi ekitaliimu nsa eky'obulamu obwa nnamaddala, ebirungi mwe bisasulwa amangu ddala ate ebibi ne bibonerezebwa amangu ddala," mu butuufu"Engero ziragga ensi, abatalina musango mwebwambirwa ate ababi ne basobola bulungi okukyuusakyuusa obwenkanya (Nge. 1:11; 6:17; 13:23; 17:23, 26; 18:5). N'olwekyo, Engero waakiri oluusi n'oluusi zitunuulira okusukka okufa olw'okutereeza obutali bwenkanya (10:7; 12:7; 11:7; 12:28)." (Johnson 2007: 308, 308n.41) Ekirala, "Omubuulizi, Yobu, ne Zabbuli ezimu (37; 73) boolekedde ensonga etabula nti abatuukirivu tebakulaakulana bulijjo, wadde abajeemu okubonaabona buli kiseera, mu kiseera kino. Mu nkomerero, okusika omuguwa kuno kwali kusobola okugonjoolwa mu ngeri y'enkomerero yokka: kasita Mukama w'endagaano aziyiza obusungu bwe obw'obwenkanya eri abo abajeemera obuyinza bwe n'okwonoona ebitonde bye, abakuuma endagaano bajja kubonaabona, abamenya endagaano bajja kuwangaala era batuuke n'okukulaakulana, n'obutonde bwonna obutegekeddwa obulungi mu ngero kijja kulabika ng'okwegomba. Kyova olaba ng'Amagezi ga Isirayiri gakaabirira okujja okw'enkomerero kwa Mukama w'endagaano mu butuukirivu, nga bwe kyasuubizibwa mu Tawreeti (Ma. 32) era nga bwe kyalagulwa bannabbi." (Ibid: 371)

(3) <u>Yesu yajja okutuukiriza amateeka (**Mat 5:17**).</u> Amateeka gaali tegayinza kuvaawo "okutuusa nga byonna bimaze okutuukirizibwa" (**Mat 5:18**). "Byonna byatuukirizibwa" ku musalaba (laba **Yok 19:30; Bar 10:4; Bef 2:14-15; Bak 2:13-15**). Kristo yatandika Endagaano Empya (**Luk 22:20; 2 Kol 3:5-6**). Okuyita mu yo, wabaddewo *"enkyuusa y'amateeka"* (**Beb 7:12**) okuleetawo *"etteeka lya Kristo"* (**Bag 6:2**). N'olw'ekyo, "emikisa n'ebikolimo eri eggwanga lya Yisiraeri eryali wansi w'Amateeka tebiyinza kuteekebwa ku batukuvu ab'Endagaano Empya. Awo kiba kitegeeza nti ekisa tekikyali kisa. Okugamba nti emikisa n'ebikolimo eby'Eky'amateeka Olw'okubiri 28 bikwata ku Bakristaayo kiwakanya enjawulo ennene ennyo wakati w'amateeka n'ekisa mu Bbaluwa z'Endagaano Empya naddala ebbaluwa za Pawulo" (Sarles 1986: 347).

(4) <u>Enjawulo wakati w'Endagaano Enkadde n'Empya erabika mu **Bag 3:14.**</u> Ababuulizi ab'enjiri ey'okugaggawala batera okweyambisa ekitundu ekisooka eky'olunyiriri olwo, *"omukisa gwa Ibulayimu gulyoke gutuuke eri amawanga mu Kristo Yesu"*; naye, bulijjo bayisaamu amaaso ekitundu eky'okubiri eky'olunyiriri olwo, *"tulyoke tuweebwe ekyasuubizibwa eky'omwoyo olw'okukkiriza."* Ekyo "kiraga nti emikisa egy'omwoyo egyaweebwa Ibulayimu, so si emikisa gye mu by'ensimbi, gitambuzibwa okuyita mu Kristo. Abaggalatiya 3 eyogera ku miganyulo egitaggwaawo, egy'omwoyo, so si egy'ebintu." (Sarles 1986: 347).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**G.** ***"Enjiri ey'okugaggawala" enyonnyola bubi ebiwandiiko bya bayibuli kwe yeesigamye***

1. **Yos 1:7-8.** Ekigambo ekivvuunulwa *"okuweebwa omukisa"* mu lunyiriri olwo y'engeri y'ekigambo *"tzelah"* ekitegeeza *"okubeera omuwanguzi"* mu kintu. Obuwanguzi bw'omuntu buyinza okuba mu bintu bingi, amagye, sente, eby'obufuzi, n'ebirala. Ebyo ebiri mu kitundu ekyetoolodde olunyiriri bye biwa amakulu gaalwo: "Ebyo ebya Katonda okusuubiza Yoswa nti alifuula amakubo ge okuba ag'obuwanguzi era amuwe n'obuwanguzi byali bikwata ku ntalo, so si sente. Bikwata naddala ku buwanguzi bw'Ensi Ensuubize Yisiraeri bwe yali ejja okutuukako ng'okukola kw'ebisuubizo ebikwata ku ttaka ebyaweebwa nga tebiriiko kakwakkulizo mu Ndagaano ya Ibulayimu. Ekitabo kya Yoswa kilondoola obuwanguzi bwa Yoswa mu kuwangula Kanani. Yoswa yali mukulu mu magye, so si omuteresi wa sente mu banka; okugaggawala mu by'ensimbi wano tekulina kifo." (Sarles 1986:338) omuntu bw'aba agenda okutwala ennyiriri zino ng'eziraga omusingi ogusukka Yoswa n'okuwangula Kanani, olwo omuntu alina okwegendereza okwetegereza ebintu bibiri:

a. *Essira erissiddwa ku nnyiriri zino liri ku kugondera n'omutima gwaffe gwonna*. Yoswa agambibwa nti "*mwegendereze okukola ng'amateeka gonna bwe gali . . . tokyuka okuva ku kyo okudda ku ddyo oba ku kkono . . . ekitabo ky'amateeka tekijja kuva mu kamwa ko, naye onookifumiitirizangako emisana n'ekiro, olyoke weegendereze okukola nga byonna ebiwandiikiddwa mu kyo bwe biri.*" Waliwo omuntu yenna asobola okugamba mu butuufu nti ekyo akikola? "Obuwanguzi" bwokka obusuubizibwa bwesigamiziddwa ku buwulize obutuukiridde era obutasalako okuva ku mutima. Kyokka, mu butuufu ffenna tukola okuva mu bigendererwa ebitali bimu; tugondera ebiseera ebimu byokka, ate oluvannyuma mu kitundu kyokka. N'olwekyo, tewali n'omu ayinza kugamba nti abanja Katonda obuwanguzi" okusinziira ku nnyiriri zino.

b. *Endaba ya Katonda ku "buwanguzi" ya njawulo ku ndaba y'omuntu ku buwanguzi.* Tutera okutunuulira obugagga n'obuwanguzi mu ngeri ez'omubiri n'ez'ebintu zokka. Eyo si y'engeri Katonda gy'apimira obuwanguzi oba okukulaakulana. Katonda tatunuulira bweru, wabula mu mutima (**1 Sam 16:7**). Yesu "yawangula" kubanga bulijjo era yakolanga okwagala kwa kitaawe kwoka. (**Mat 26:29; Yok 4:34; 5:17-20, 30; 6:38; 8:28-29; 10:18; 12:49-50**; newankubadde nga ekyo kyavamu okuba omusajja omwavu, ayiganyizibwa, eyawayirizibwa awatali bwenkanya, nakomererwa nga omuzi w'emisango owabulijjo. Abatume batambulira mu bulamu "obw'obuwanguzi" era "obw'obugagga" wadde nga baafiirwa ebintu byabwe byonna eby'ensi era ne bafa ng'abajulizi. Olw'okuba Katonda atunuulira "obuwanguzi" n'okukulaakulana" okwa nnamaddala mu ngeri ya njawulo okusinga omuntu, twetaaga okuteeka ebirowoozo byaffe ku bintu bya Katonda (laba **Mat 16:23**).

2. **Nge 3:9-10.**

a. *Mu nyiriri ezo, ababuulizi b'enjiri ey'okugaggawala bategeera bubi ekikula kya "olugero" kiki kye kiri.* Olugero njogera ya magezi—ekigambo ekyogera ennono ya engeri ebintu gye bitera okutambulamu, so si kisuubizo, ndagaano, oba "tteeka" ery'engeri ebintu gye binaagendamu mu mbeera eriwo. N'olw'ekyo, **Nge 3:1-8** egamba nti okukuuma amateeka ga Katonda ganaakutwala eri obulamu obuwanvu, okuganjibwa abantu abalala, n'obulamu obw'omubiri. Ebisuubizo ebyo eby'awamu tebisinga kuba bituufu mu mbeera emu okusinga ekisuubizo eky'amawanika amajjuvu mu **Nge 3:9-10**. Okuvvuunula ekyo oba olugero olulala lwonna ng'ekisuubizo ekiweereddwa obutereevu, era ekiteekwa okutuukirira mu mbeera zonna kulufuula enjigiriza ebitabo ebirala eby'Endagaano Enkadde, naddala **Yobu** n'**Omubuulizi** gye biwakanya obutereevu. Nga Wolvaardt bw'agamba, "Obuwagizi obunene Yobu bw'awa obubaka bwonna obwa bayibuli kwe kulaga obulungi nti ku nsi tewali nkolagana wakati w'ekibi n'okubonaabona, era nti obutuukirivu bw'omukkiriza tebulina kupimwa ku bugagga bw'alina oba embeera ze." (Wolvaardt 2005: 250). Olugero luno oba olulala lw'onna okubeera olw'amazima, wadde mu kutwaliza awamu, omuntu ateekwa okufuga omulimu gwe, obulamu bwe, n'amaka ge, awatali bizibu by'amaanyi wakati we n'abantu b'abeera nabo. Mazima, "ntono okusinga kimu kyakusatu eky'engero ezoogera ku bagagga n'abaavu ziyigiriza nti abantu bafuna ekyo ekibagwanidde, ate nga ezisigaddewo ziraba okubeerawo kw'obutali bwenkanya mu by'enfuna mu bantu n'ebizibu" (Blomberg 1999: 65). Abayigiriza b'okugaggawala, mu buntu, bakola ebintu bisatu ebikyamu n'olugero luno: (1) Babuusa amaaso ensonga eziri mu Engero endala (nga kw'otadde n'ebitabo ebirala ebya bayibuli ebiwa endowooza ey'enjawulo ennyo ku bulamu; (2) Balufuula okubeera "etteeka"; ne (3) *Basiba* Katonda "n'etteeka" bo bennyini lye batonze (kwe kugamba, bagamba nti "singa okola kino Katonda *alina* kukola kino"). Bwe batyo, nga Johnson bw'agamba bakifuula "ekikozesebwa eky'obusiru eri obulamu obwaddala, mu ekyo ebirungi bisasulwa mangu ate ebibi ne bibonerezebwa mangu"

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

(Johnson 2007: 308).

b. *Abayigiriza b'enjiri ey'okugaggawala era bategeera bubi ekikula kya "okubikkulirwa okweyongera okuvaayo mpolampola" (kwe kugamba, Katonda abikkudde enteekateeka ye mpolampola okuva ku ntandikwa ya bayibuli okutuuka ku nkomerero yaayo).* Olugero luno kyakulabirako eky'ekikula "eky'omubiri" eky'emikisa egiri mu Ndagaano Enkadde olw'obuwulize eri Katonda [laba eby'ogeddwa waggulu ku Ndagaano ya Ibulayimu, eya Musa, n'Empya]. Ate ku ludda olulala, Yesu yatusuubiza nti mu nsi eno *tulibeera n'emitawaana* (ebiseera ebisinga olw'obuwulize bwaffe eri Katonda) (**Yok 16:33**).

c. ***Nge 3:9** yeesigamizibwa ku kakwakkulizo k'okussaamu ekitiibwa Mukama n'obugagga bwo.* Abayigiriza b'enjiri ey'okugaggawala mu bukyamu balowooza nti ekyo kitegeeza "kusiga nsigo" mu ngeri y'okubawa ku bibyo! Ekyo kikyamu bukyamu. Ebiri mu Ngero, ne mu bayibuli yonna okutwaliza awamu, biraga nti *"okussaamu ekitiibwa Mukama n'obugagga bwo"*kwe kukozesa obugagga bwo okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu, n'okuzimba obwakabaka bwa Katonda (laba **Nge 3:27-28; 11:24-26; 21:13; 29:7; 31:20**).

d. *Ekisembayo, mu kitangaala ky'emikisa egiri mu ndagaano ezeesigamizibwa ku by'obulimi mu Ndagaano Enkadde, olulimi lwennyini olukozesebwa mu lugero olwo lwa bya bulimi (kwe kugamba, lwogera ku kussaamu Mukama ekitiibwa ne Mukama okujjuza amawanika go n'amasogolero go n'envinnyo).* Tewali kyogeddwa ku sente wano, oba okugaba sente nga "okusiga ensigo ey'okukkiriza" eri obuweereza bw'omuntu, oba okuweebwa sente mu kuddizibwa. N'olwekyo omuntu ateekwa okwegendereza okukaka enyiriri ezo ebbiri okwogera ekintu kye zitaagendererwa kwogera.

3. **Mal 3:10.** Okukozesa olulimi "ebituli eby'omu ggulu" ne "okufuka omukisa" okuva mu lunyiriri olwo, ekintu ekikolebwa ababuulizi ab'enjiri ey'okugaggawala kyakulabirako ekirungi eky'okukozesa obubi ekisuubizo eky'Endagaano Enkadde eky'omubiri mu nteekateeka ey'Endagaano Empya.

a. *Omukisa omusuubize ogwa **Mal 3:10**, n'ebikolimo ebya **Mal 3:9, 11** byombi bikwata ku ttaka n'ebimera. Byombi biyimiridde ku era byesigamizibwa ku Ndagaano ya Musa n'enkolagana ey'endagaano wakati wa Katonda ne Yisiraeri ey'Endagaano Enkadde.* Mu **Ma 26:12-15** waliwo okukwatagana wakati w'okuwa ebimu eby'ekkumi n'ensi ya Yisiraeri okubaza ebibala. Mu **Ma 26:16** Musa yali akubirizza AbaYisiraeri okugondera ebiragiro bya Katonda byonna n'amateeka ge. Mu **Ma 28:12** Katonda yasuubiza nti *"anaakuggulirangawo etterekero lye eddungi eggulu okugaba enkuba y'ensi yo mu budde bwayo, n'okuwa omukisa omulimu gwonna og'womukono gwo"* singa Yisiraeri yali yeegenderezza okulaba nti etuukiriza ebiragiro byonna eby'amateeka. Singa Yiairaeri yalemwa okugondera amateeka, kale Katonda yasuubiza nti aligaana enkuba okutonnya n'alemesa ebimera era ne biriibwa enzige, envunyu, n'ebiwuka (**Ma 28:23-24, 38-42;** laba ne **Leev 26:3-6; 14-16, 19-26**). **Mal 3:7-12** kyakulabirako ekikusifu ekya Katonda okutuukiriza ekisuubizo kye okukolimira ensi olw'obujeemu bw'abantu, naye n'eky'okujjukiza abantu be emikisa gye emisuubize olw'obuwulize, n'okusoomooza abantu okugezesa obwesigwa bwa Katonda okuyita mu buwulize bwabwe. Mu **Mal 3:10** *"ebituli eby'omu ggulu"* bye bigambo ebikozesebwa ne mu **Lub 7:11** ne **8:2,** era bitegeeza enkuba enyingi.

b. *Okuwa ekimu eky'ekkumi wansi w'Amateeka ga Musa gwe mulamwa wano, so si "okusiga ensigo ey'okukkiriza" mu buweereza bw'omuntu.* Ekisanyusa, ate nga kikontana n'endowooza y'omubuulizi w'enjiri ey'okugaggawala ekwata ku sente, mu Mateeka ga Musa, *tewaaliwo nteekateeka ya kuwa ekimu eky'ekkumi ekya sente*. Ekitono ekikoona ku sente mu Mateeka ga Musa, nga kikwata ku kimu eky'ekkumi, kiri nti omuntu bw'aba ali wala nnyo okuva ku "kifo Mukama Katonda wo ky'alonze" (ekya wakati nga watukuvu) okuleetamu ekimu eky'ekkumi (ebivudde mu nnimiro oba ebisolo), awo omuntu alina kuwaanyisa ekimu eky'ekkumi ekyo ne sente, n'azireeta mu kifo Mukama ky'alonze, n'azigulamu emmere n'eby'okunywa ne bagirya mu kifo ekyo (**Ma 14:24-26**).

4. **Mak 10:28-30.** Ekyawandiikibwa kino y'ensibuko y'enjigiriza ey'okugaggawala eya "okukuddiza emirundi 100" ku sente zo singa osiga ensigo ey'okukkiriza okuyita mu kugabira obuweereza bw'omuyigiriza w'okugaggawala. Ebiri mu nyiriri ezo n'olulimi olukozesebwa bikontanira ddala n'enzivvuunula y'enjiri ey'okugaggawala.

a. *Ebirimu tebirina n'akatono kye bikola ku bantu "abasiga ensigo ey'okukkiriza" okuyita mu kugabira obuweereza bw'omuntu.* Amazima gali nti, sente tezoogerwanako mu nyiriri ezo. Wabula, kikwata ku abo *"abamaze okuleka ebyabwe byonna ne bagoberera* [Kristo]" (**10:28**).

b. *Yesu teyasaba muntu n'omu okuwa obuweereza bwe, oba mu ngeri y'okumusuubiza "okuddizibwa emirundi 100" ku ky'aba atodde, oba mu ngeri ndala.* Ebiri mu nyiriri

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

ezikulembera ekitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa bikwata ku "omufuzi omugagga omuto" Yesu gwe yagamba "genda otunde byonna by'oli nabyo *obigabire abaavu*" (**10:21**). Yesu teyasuubiza omusajja ono nti singa yali atunze ebibye n'abigabira abaavu yaalifunye sente endala nyingi ku nsi kuno. Wabula, Yesu yagamba nti, *"oliba n'obugagga mu ggulu"* (**10:21**). Mazima, okwongereza ku ky'okubeera ewala okuva ku kusuubiza omuntu nti okugaba kwongera okumufunisa sente n'obugagga, Yesu atulabula nti, *"nga kizibu abagagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda! . . . Kye kyangu eŋŋamira okuyingira mu nyindo y'empiso okukira omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda"* (**10:23, 25**). N'olw'ekyo, "okuddizibwa emirundi 100" okusuubizibwa abayigiriza b'okugaggawala tekufa ku ebyo era kuyigiriza essomo *erikontanira ddala* n'ebyo ebigenda mu maaso mu nyiriri ezo.

c. *Ekirala, ebirimu bikwata ku Yesu okuteekateeka abayigirizwa be olw'obuweereza bwabwe obw'obutume mwe bagenda okusisinkanira okuyigganyizibwa.* N'olw'ekyo, ekitundu ku ekyo Yesu ky'asuubiza nga "okuddizibwa" olw'omuntu okwewaayo gy'ali *kwe "kuyigganyizibwa"* (**10:30**). Omulamwa gw'okuyigganyizibwa n'obuwulize gwe gugenda mu maaso mu **10:32-45**. Era, kino nakyo kikontanira ddala n'engeri abayigiriza b'okugaggawala gye bakozesaamu enyiriri ezo.

d. *Enzivvuunula y'enjiri ey'okugaggawala ey'ekyawandiikibwa ekyo mu butuufu bwayo eri bw'eti: "singa owaayo siringi 10 eri obuweereza bwange, Katonda ajja kuzikuddizaamu siringi 1000."* Naye ate, okwongereza ku *"kuyigganyizibwa,"* mu butuufu Yesu kwe yasuubiza, "okuddizibwa" okulala Yesu kwe yasuubiza kuli *"ne mu mirembe egigenda okujja, obulamu obutaggwaawo"* (**10:30**). Ababuulizi b'okugaggawala singa baali batuufu mu nzivvuunula yaabwe, enzivvuunula yaabwe yalibadde egamba bw'eti: "singa owa obuweereza bwange siringi 10, Katonda alikuwa *"mu mirembe egigenda okujja, obulamu obutaggwaawo."* Amazima gali nti ennono eri emabega wa "okuddizibwa emirundi 100" efaananira ddala n'ekyo Abakatuliki ab'e Roma kye baagamba eky'okutunda obulamu obutaggwaawo okuyita mu kutunda ebintu okusumulula abantu okuva mu Purigaatooli mu Mirembe egya Wakati (Adeleye 1999:83).

e. *Ababuulizi ab'okugaggawala essira basinga kuliteeka ku sente (ezitoogeddwa) ne batafa ku "kuddizibwa emirundi 100" okw'amayumba, ab'oluganda, bannyoko, bamaama, bataata, abaana, n'ennimiro (Yesu, mu butuufu by'asuubiza).* Yesu ayogera ku ki? Eky'okuddamu kiri nti ayogera ku bakkiriza kati abali mu *maka amaggya* aga Kristo. Bwe tulokolebwa, Katonda atuyingiza mu maka ge (laba **Bar 8:15-17; Bef 1:5**). Ekkanisa eyitibwa *"ennyumba* [oba, amaka] *ya Katonda"* (**1 Tim 3:15;** laba ne **1 Tim 5:1-2**). Nga Sarles bw'akiteeka, "Abayigirizwa bwe baafiirwa ennyumba zaabwe olw'enjiri, bakkirizibwanga okuyingira mu maka ga bakkiriza bannaabwe abaagabananga nabo nga bwe baatambulanga okuva mu kifo ekimu okudda mu kirala nga babuulira enjiri. Mu ngeri y'emu abayigirizwa nga bwe baaleka amaka gaabwe ku lwa Yesu, baayingira mu bibiina ebipya mu maka ga Katonda ebyali ebinene emirundi kikumi." (Sarles 1986: 338)

5. **<u>Yok 10:10.</u>** *"Obulamu obungi"* obwasuubizibwa Yesu mu lunyiriri luno tebulina kye bukola ku kubeera ne sente enyingi oba eby'obugagga ebingi. "'Obulamu' oba 'obulamu obutaggwaawo' mu Njiri ya Yok kye kimu ne 'obwakabaka bwa Katonda' mu Njiri endala. Kitegeeza 'obulamu obw'omulembe ogujja'. Bwe bulamu Katonda bw'alina mu ye era ku lulwe; era kye kirabo kye eri abakkiriza mu mulembe guno oguliwo. Ekigambo eky'Oluyonaani *perrison,* ekivvuunulwa 'mu bungi okusinga', kitegeeza butegeeza nti abakkiriza ba kweyagalira mu kirabo kino eky'obulamu mu 'bujjuvu'. Obungi bw'ebintu tewali we bulagirwa oba mu kigambo 'bulamu' oba 'mu bujjuvu'. Ekirala, endowooza ng'eyo yonna nga bw'eri tekwataganira ddala ne Yok 10 era n'enjigiriza yonna eya Yesu." (Fee 1984: 40-41)

6. **<u>2 Kol 8:9.</u>** Ababuulizi b'okugaggawala okugamba nti Yesu yafuuka omwavu [kwe kugamba, yaleka eggulu, n'afuuka omuntu, n'afiira ku musalaba] *"ggwe olyoke ofuuke omugagga okuyita mu bwavu bwe* [tulyoke tubeere ne sente nyingi nnyo]" kikyamu. Olunyiriri olwo telutegeeza nti Kristo yalina sente nyingi naye n'afuuka omwavu tulyoke tufune sente nyingi. Lutegeeza nti yalina buli kimu mu ggulu, byonna n'abireka, n'afuuka omuntu, n'atwala ebibi byaffe n'afa tusobole okubeera n'obulamu obuggya, obutaggwaawo era tusikire ebintu byonna mu ye (laba ne **Baf 2: 6-11**). Ensonga yonna n'ensonga y'ekitundu kino kwe kuyigiriza kwa Pawulo Abakkolinso nti okuva Kristo bwe yabamaliriza bingi nnyo kulwabwe okuyita mu Kutangirira nga bwe balina okwongera okuwaayo ku bungi bwabwe obw'ebintu okuyamba abalala abali mu bwetaavu. Bwe kityo, ebigambo ebiriwo biraga nti Kristo yawaayo buli kimu kye yalina tusobole '*okugaggawala mu bugabi,'* so si mu kwekuŋŋaanyirizako obugagga obwaffe. Oba, nga Blomberg bw'akiteeka, "Kristo bw'aba yasobola okuwaayo bingi ebyenkanidde awo ku lwaffe, kikafuuwe ffe okugaana okuwangayo okuyamba abali mu bwetaavu!" (Blomberg 1999:193) ekyo kyennyini Pawulo kye

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

yayogera ne mu **1 Tim 6:17-18** mwe yagamba Timoseewo "*okuyigiriza abagagga mu nsi eno . . . okugaggawala mu bikolwa ebirungi, okuba abagabi era abetegefu okugabana.*"

Lowooza ku ekyo enjigiriza y'omuyigiriza ow'okugaggawala ky'ekola olunyiriri luno: Ensonga y'okufa kwa Kristo yali nti tusobole okubeera ne sente nyingi? Kyali *kyetaagisa* Kristo okutufiirira tulyoke tubeere ne sente nyingi? Nedda! Abantu bangi abatamanyi Katonda balina sente. Tebeetaaga kukkiriza Kristo okusobola okuzifuna, era okubeera nazo *si kabonero k'okuganja kwa Katonda gye bali*. Kifuula enjiri okubeera ekintu eky'omuwendo omutono okugamba nti Kristo yafa tusobole okufuna sente okubeera nazo ennaku entono ze tumala ku nsi. Okwongera ku ekyo, ensonga endala eziri mu nyiriri ezeetoolodde ekyawandiikibwa ekyo ziraga nti enkozesa y'omuyigiriza w'okugaggawala ey'olunyiriri olwo si ntuufu.

a. *Ekyawandiikibwa ekyo kyagendererwa okusomebwa ekkanisa y'omu Kkolinso yonna.* Ebigambo "mmwe" ne "lwammwe" mu **8:9** biraga abantu abangi, so si omu. Era bwe kiri ne ku "mmwe" ekiri mu **8:7**. N'olw'ekyo, Pawulo okusooka kwa byonna ayogera ku buvunaanyizibwa obw'awamu obw'ekkanisa emu.

b. *Abakkolinso tebaalina "kusiga nsigo" basobole okufuuka abagagga ab'ebintu, kubanga baali balina ebintu mu bungi (**8:14**).* Mu butuufu, mu **1 Kol 4:6-16** Pawulo yali *asekeredde* endowooza y'Abakkolinso nti baali "bagagga." Yabagamba nti ye kennyini yali "alumwa enjala n'ennyonta, ayambazibwa bubi, ayisibwa bubi, era nga talina maka," ate ng'eno bw'akubiriza Abakkolinso okumugobereranga!

c. *Ku ntandikwa y'ekyawandiikibwa, Pawulo yawaana ab'e Makedoni olw'obugagga bwabwe—naye n'akitangaaza bulungi nti bwali "bugagga bw'omutima gwabwe omugabi" mu kugaba newakubadde baalina "obwavu obwayinga obungi" (**8:1-5**).* Teyagamba nti, mu kugaba, ab'e Makedoni kati baali bafuuse abagagga oba baali bajja kufuuka abagagga. Wabula, Ab'e Makedoni baasukkirira mu *mikisa egy'omwoyo* Mukama gye yabayiira olw'obwesigwa bwabwe: *"ekisa kya Katonda"* ne *"ssanyu eryasukkirira"* (**8:1-2**). Pawulo akubiriza Abakkolinso okugoberera eky'okulabirako ky'ab'e Makedoni *eky'okugabira abaavu mu bungi* (**8:7**), basobole okukungula emikisa egy'omwoyo gye gimu.

d. *Pawulo akubiriza Abakkolinso okugoberera okuyita mu bweyamo bwabwe okuwaayo okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu mu Yerusaalemi—so si kuwa omubuulizi eyali yafuuka dda omugagga oba obuweereza bwe sente (**1 Kol 16:1-4; 2 Kol 8:6-15**).* Pawulo naddala yagamba nti okugaba *tekwali kwa "kuwummuzibwa kw'abalala"* (**8:13**). N'olw'ekyo okugaba kuyinza obutaba "olw'okuwummuzibwa kwaffe"! Era ng'ali wala n'okusuubiza nti, mu kugaba, Abakkolinso baalifunye sente nyingi ezisingawo, Pawulo yakikkaatiriza nti okuwa abaavu kuyamba okuwagira omwenkanonkano mu bakkiriza, era kyalisobodde okuyamba abakkiriza abalala okuyamba Abakkolinso *nga bali mu bwetaavu* (**8:14**). Ebigambo ebyo tebiggyawo ekigendererwa ky'enjiri ey'okugaggawala eky'okugaba kyokka, naye biggyawo *n'ekisuubizo* ky'enjiri eyo nti bw'ogaba tojja kusobola kubeera n'ebintu ebibyo ku bubwo.

7. **<u>2 Kol 9:6.</u>** Olunyiriri olwo kituufu nti lugeraageranya okugaba "n'okusiga" era **9:10** lwongerayo ekifaananyi ekyo n'okugeraageranya ebintu *"n'ensigo ez'okusiga."* Ekirala, olunyiriri telugamba nti Katonda ajja kutusasula mu ngeri y'emu nga bwe tuwa abalala. Wabula, enkozesa y'ebigambo n'omwaliro birina amakulu amaawufu okuva ku ekyo abayigiriza b'okugaggawala kye bategeeza bwe boogera ku "kusiga ensigo ey'okukkiriza" mu buweereza bwabwe "n'etteeka ery'okuddizibwa."

a. *Okugaba okwogerwako mu kyawandiikibwa kino kwe kugaba okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu so si okugaba olw'okuyamba abayigiriza b'okugaggawala abagagga (**1 Kol 16:1-4; 2 Kol 8:4, 14; 9:9, 12**).* Mu bayibuli yonna, Katonda abeera addamu okulaga okufaayo kwe ku abo abaavu ddala n'abeetaavu (laba **Kuv 23:10-11; Leev 19: 9-10; Ma 15:10-11; 24: 19-21; Zab 41:1; 112:5-6; Nge 14:21; 19:17; 22: 9, 22; 31:20; Isa 58:6-7; Ezeek 16:49; Mat 25:31-46; Mak 10:21; Luk 3:10-11; Bar 12:20; Bag 2:10; Bef 4:28; Yak 1:27**). Ekyo ky'ekyali kigenda mu maaso eyo.

b. *Ekigendererwa eky'okugaba mu kyawandiikibwa kino kyawukanira ddala n'eky'enjiri ey'okugaggawala.* Ekigendererwa ky'enjiri ey'okugaggawala mu kugaba kivumirirwa lwatu mu **9:5** ekitegeeza nti tulina okugaba mu bungi naye si lwa *"kwegomba."* Kubanga ekigendererwa ky'enjiri ey'okugaggawala mu kugaba kiwakanyiza ddala Ebyawandiikibwa, era kivumirirwa mu kyawandiikibwa kino kyennyini, era enzivvuunula yaakyo ey'ekywandiikibwa kino si ntuufu.

c. *Enjiri ey'okugaggawala egootaanya ennono eya "okusiga n'okukungula."*

(1) <u>Ennono eya "okusiga n'okukungula" ("etteeka ery'okuddizibwa") liba ttuufu ng'endagiriro oba ennono—ekyo ekiba kisigiddwa kinaakungulwanga.</u> Wabula, *si* "tteeka" eriweesa omuntu agabye empeera ez'ebintu eby'omuwendo

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

ogumanyiddwa okuva eri Katonda—oba empeera zonna ez'ebintu. **Yer 17:9-10** y'esinga okunyonnyola obulungi ennyo ennono ya "okusiga n'okugaba": emitima gyaffe gijudde obulimba, naye Katonda akebera emitima gyaffe era *"n'awa buli muntu okusinziira ku makubo ge."* Mu bigambo ebirala, Katonda ajja kutusasula nga bwe tugwanidde okusasulwa. Tuyinza okugaba sente nyingi nnyo, naye bwe tugaba olw'ebigendererwa ebikyamu (eky'okulabirako, singa tu"siga ensigo" kubanga tulina omululu ne tulowooza nti mu kukola ekyo tujja kufuna sente ezisingawo), ekyo Katonda abeera akimanyi era *tajja* kukiwa empeera.

(2) <u>Eky'okuba nti abantu bonna boonoonyi ku ludda olumu, ate nga ku ludda olulala Katonda wa kisa, kitegeeza nti ennono ya "okusiga n'okukungula" tetera kugobererwa butereevu, mbagirawo.</u> "Amagezi aga bulijjo galaba obulamu bulijjo okusinziira ku *ekyo ekya bulijjo,* ekintu ekimu okubaawo olw'ekirala. Eri buli ekibi, waliwo ensonga entereevu, ekwata ku kibi ekyo. . . . Era eri buli ekirungi, naddala buli mukisa ogw'ebirungi, waliwo ensonga entereevu emabega wagwo. . . . Naye amagezi aga bulijjo *si ga bayibuli. Newakubadde waliwo ebiseera Katonda lw'akuuma ababe, kitegeerekeka bulungi okuva mu Byawandiikibwa byonna nti enkuba n'omuzira bitonnya ku mwenkanya n'atali mwenkanya mu ngeri y'emu. . . .* Amagezi aga bulijjo tegeesigika. Okugwa kw'omuntu kwayingirira buli kanyomero k'obutonde ne kuleetera abantu bonna okukwatibwa ebyakuvaamu; Katonda ne yeebikkula ng'ajjudde ekisa—wadde eri omwonoonyi. Oluusi tewalabika kubaawo nsonga ntuufu lwaki aboonoonyi "balina omukisa" ate ng'abalungi tebalina, ate oluusi ng'abalungi balina, naye ng'ababi tebalina! . . . Amagezi aga bulijjo, n'olw'ekyo, tegayinza kukola ekitundu ku ntegeera ya bayibuli ey'obwavu n'okugaggawala." (Fee 1984: 41)

d. *Omwaliro gw'ekyawandiikibwa ekyo gulaga nti empeera ziweebwa eky'okusooka eri ekkanisa, so si bantu sekinn'omu.* Mu **9:8, 10,** ne **11**, ebigambo *"mmwe"* ne *"zammwe"* byogera ku bangi, so si omuntu omu. Okubuuka okuva ku muntu omu mu **9:6-7** okugenda ku bangi mu **9:8, 10-11** kugaana enkolagana eya 1:1 wakati wa bungi ki buli muntu sekinn'omu bw'asiga ne bungi ki bw'anaakungula ng'omuntu. Kiraga nti, newakubadde buli muntu alina okusalawo bungi ki bw'alina "okusiga," buli musizi akikola ng'omubaka w'ekkanisa. Awo Mukama ajja kuwa ekkanisa omukisa ng'omubiri ogumu abantu baayo bwe baba abantu abagaba mu bungi.

e. *Omwaliro gw'ekyawandiikibwa ekyo gwongera okutegeeza nti ddala, Katonda ajja kulabirira abo abagaba mu bungi, naye emikisa gye egisookerwako gya mwoyo.* Mu kyawandiikibwa ekyo n'empeera ez'ebintu ez'okugaba ezitalabikirawo lwatu zisooka kuteekebwa n'obwegendereza mu by'omwoyo: (1) Mu **9:8** "empeera" eri nti *"Katonda ayinza okwaza ekisa kyonna gye muli,"* n'ensonga ey'okubeera n'obugagga obw'ebintu eri nti omukkiriza *"alyoke asukkirirenga mu bikolwa byonna ebirungi."* (2) mu **9:10** "amakungula" agasuubizibwa ge *"makungula g'obutuukirivu bwe"* ekibaawo "omusizi" bw'awaayo ku by'afuna okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu. Bwe kityo, **9:10** lugamba nti ensonga lwaki Katonda agaba n'okukubisaamu "ensigo" y'omuntu *"ya kusiga n'okwongera ku makungula g'obutuukirivu bwe."* (3) Mu **9:11** ekigendererwa ekya "okugaggawazibwa" *kukola obugabi bwonna, ekivaamu okwebazisa Katonda okuyita my ffe."*

f. *Omwaliro omugazi ogw'Endagaano Empya mu ngeri y'emu gulaga nti "emikisa" oba "empeera" ezisooka ez'ennono ey'okusiga n'okukungula za mwoyo oba, bwe ziba ez'ebintu, zijja kubaawo mu Nsi Empya, so si mu bulamu buno.* N'olw'ekyo, **Luk 6:38** egamba, *"mugabenga, nammwe muligabirwa."* Wabula, buno si bwe bukakafu bw'okugaggawala mu bintu, singa tu"siga ensigo" nga tuwa obuweereza sente, kubanga ebigambo ebyo bikola kitundu ku kwogera okuwanvu okukwata ku ngeri abakkiriza gye balina okubeeramu. Mazima, mu kwogera kwe kumu Yesu yagamba nti tulina okugaba *"ne tutakisaba nate"* (**Luk 6:30**), era tulina okugaba, *"nga tetulina kye tusuubira okutuddizibwa"* (**Luk 6:35**). Bwe tukola ekyo, *"empeera yammwe eriba nnyingi, nammwe muliba baana b'Oyo Ali Waggulu ennyo"* (**Luk 6:35**). Mu **Bag 6:7-9** Pawulo addamu okukkaatiriza ennono eya "okusiga n'okukungula", naye akitangaaza bulungi nti *"asigira omubiri gwe ye, alikungula mu mubiri okuvunda; naye asigira Omwoyo, alikungula mu Mwoyo obulamu obutaggwaawo,"* era nti "okukungula" tekujja kukolebwa mbagirawo, oba kwa bintu, naye kujja kukolebwa *"ebiro bwe birituuka . . . nga tetuzirise."* Mu **1 Tim 6:18-19** Pawulo mu ngeri y'emu agamba nti abo "abagagga" ba *"kubeeranga abagagga mu bikolwa ebirungi, okubeeranga abagabi."* Era "empeera" ze bali "kungula" okusooka za mwoyo, era nga za bulamu obutaggwaawo kubanga, mu kugaba mu bungi ku sente zaabwe, *"beeterekera*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*eky'okuyimako ekirungi olw'ebiro ebigenda okujja, balyoke banywezenga obulamu ddala ddala"* (laba ne **Mak 10:21; Beb 10:34**).

8. **3 Yok 2.** Mu lunyiriri luno okusaba kwa Yok kwali nti mukwano gwe Gayo *"abeerenga bulungi mu bigambo byonna era abeerenga n'obulamu."* Abayigiriza b'okugaggawala tebategeera omwaliro gw'ebigambo ebyo newakubadde ekigambo ky'Oluyonaani ekivvuunulwa "gaggawala," n'olw'ekyo bavvuunula bubi olunyiriri olwo lwonna era ne balukozesa bubi.

a. *Ekigambo ekivvuunula "gaggawala" kye kigambo ek'Oluyonaani euodoō. Kitegeeza omuntu "ebintu okumubeerera obulungi" oba nti ebintu byalimu "gendedde bulungi" (Danker 2000: 410).* Ekigambo kye kimu ekikozesebwa mu **Bar 1:10** Pawulo w'ayogerera ku kugenda e Ruumi. Ekyo tekitegeeza nti ayagala kukola sente nyingi nnyo mu kugenda e Ruumi, naye nti ajja kuyitamu mu kugenda eyo. Enzivvuunula ya NIV eya **3 Yok 2** eraga bulungi ekyo Yok kye yali ategeeza, *"Nsaba nti osobole okweyagalira mu bulamu obulungi era nti byonna bikugendere bulungi, ng'omwoyo gwo bwe gubeera obulungi."*

b. *Omwaliro gw'olunyiriri luno kulamusa kwa Gayo okwangu, so si kunyonnyola, ndagiriro, kisuubizo, bukakafu, nnono, oba tteeka eri abakkiriza bonna.* Okusaba ebintu okugendera nannyini bbaluwa obulungi "ye yali enkola ey'okulamusa mu bbaluwa ey'obuntu mu mirembe giri egy'edda. Okutuusa okusaba kwa Yok eri Gayo okugaggawala mu bintu eri Abakristyaayo bonna *tekirina we kikwataganira* n'eky'awandiikibwa ekyo n'akatono. Yok naye teyagenderera nti Gayo akitegeere bwatyo." (Fee 1984: 40)

c. *Ekitundu kya **3 Yok** ekisigadde kikontana n'ekirowoozo nti **3 Yok 2** ewagira enjiri ey'okugaggawala.* Tewali mu kitundu ekisigadde eky'ekitabo ekyo Yok w'alagira nti enjiri ey'okugaggawala erina weekwataganira n'okulamusa kwe eri Gayo. Yok akkaatiriza *empisa* za Gayo n'embeera ye ey'omwoyo erabikirawo, so si obugagga bwe obw'ebintu. Mu nyiriri **3-4** akkaatiriza *"okutambulira mu mazima."* Mu lunyiriri **5** ayogera ku Gayo nga *"akola n'obwesigwa."* Mu nyiriri **6-8** awaana *"okwagala,"*kwa Gayo n'alaga nti abakkiriza abalala basaanye okuyambibwa (kwe kugamba, akkaatiriza nti tulina okuwa abalala, so si okunoonya okwefunira ffe). Amazima gali nti mu lunyiriri **9** Yok avumirira Diyotuleefe *"ayagala okubeera omukulu."* Endowooza ya Diyotuleefe efaanana n'ey'abayigiriza b'okugaggawala abatwala okubeera kwabwe obulungi mu bintu ng'ekisooka. N'olw'ekyo, mu butafa ku mwaliro n'enkosesa y'ebigambo mu byawandiikibwa, abayigiriza b'okugaggawala bawa olunyiriri amakulu amaawufu ennyo okuva ku makulu gaalwo amatuufu.

### H. *Ebirala ebyeyongerako ebikwata ku njiri ey'okugaggawala*

1. Newakubadde oluusi Yesu yalinga mukambwe eri abantu, naddala Abafalisaayo abaali balaga ekifaananyi ekibi ekya Katonda eri abantu, (laba **Mat 23:13-36**), ekintu kimu kyokka kye kyamusindikirizanga okukozesa eryanyi: *abantu abaali bakozesa obubi sente mu yeekaalu* (**Mat 21:12-16; Mak 11:15-18; Luk 19:45-47; Yok 2:13-16**). Kikulu nti Enjiri zonna zoogera ku kyaliwo ku lunaku olwo, ekintu ekiraga omugaso gwakyo. Mu buli kukyogerako, Yesu agamba nti ennyumba ye si ya kufuulibwa *"mpuku ya banyazi"* oba *"kifo ky'obusuubuzi."* Abayigiriza b'enjiri ey'okugaggawala balinga "abawaanyisa ba sente" mu yeekaalu, era tebeetaaga kugumiikirizibwa abantu ba Katonda olwaleero, nga Yesu bw'ataabagumiikiriza emyaka 2000 egiyise.

2. Newakubadde enjiri ey'okugaggawala esikiriza abantu abaavu n'abali mu mbeera enzibu, ebasuubiza eby'obulimba, era mu butuufu, *ebazikiriza buzikiriza.* Kubanga enjiri ey'okugaggawala njigiriza ya bulimba ekiikirira ebigendererwa ebikyamu, Katonda tayinza era tagiwa mukisa. Abantu abaavu abagabira abayigiriza b'okugaggawala nga basuubira nabo okugaggawala tebajja kugaggawala, naye bajja kweyongera bweyongezi okwavuwala. Enjigiriza y'enjiri ey'okugaggawala nti omuntu omwavu alwala oba asigala nga mwavu olw'ekibi kye ye kennyini oba obutaba na kukkiriza bwe "eteeka omugugu omunene ku baavu kubanga tekiba kya bwenkanya era si ya Bayibuli" (Editorial 2001: 2). Ekivaamu, enjiri ey'okugaggawala mu butuufu eyongera okuzikiriza abaavu *mu bintu ne mu mwoyo.* Abayigiriza b'okugaggawala, mu butuufu, *"babbi"* bennyini nga Yesu bwe yagamba.

3. Abayigiriza b'okugaggawala bannanfuusi abatakkiriza nabo bennyini bye bayigiriza. Singa abayigiriza b'okugaggawala baali bakkiririza ddala nti omuntu bw'awa abaavu sente Katonda amuddiza ezenkana ezo zaaba agabye emirundi 100, bo (abamaze okufuuka abagagga) baalibadde *bawaayo sente zaabwe okusinga okuggya sente mu bantu abaavu*, kubanga mu kukola ekyo baalibadde beeyongera okufuna obukadde n'obukadde bwa sente okuva eri Katonda. Eky'okuba nti tebawaayo sente zaabwe, naye bazitwala butwazi okuva ku bantu, kiraga nti nabo tebakkiriza ebyo bye bayigiriza.

4. Abayigiriza b'okugaggawala basalirwa omusango n'obukambwe emirundi egy'omuddiring'anwa mu Byawandiikibwa, era omusango ogutiisa gubalindiridde. Mu ndagaano enkadde, Katonda

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

avumirira nnyo abo abalagula olw'ensimbi, n'abo abasinga okwagala okuzimba amayumba amanene n'okweriisa okusinga okulabirira abaavu. Bavunaanibwa nga bannabbi ab'obulimba ababuza abantu ba Katonda era bajja kwolekagana n'omusango gwe. Laba **Yer 6:13; 8:10; 22:13-17; Ezek 34:7-10; Kos 7:14; Mik 3:5-7, 9-12**. Yesu yasalira Abafarisaayo omusango mu bukambwe olw'okulayira ezaabu ey'omu yeekaalu (**Mat 23:16-20**). Yabanenya naddala olwa "*obunyazi n'obuteegendereza*" (**Mat 23:25**). Yabayita *"emisota"* ne *"abaana b'embalasaasa"* (**Mat 23:33**) n'agamba nti, ekinaava mu bibi byabwe, tebali *"dduka omusango ogwa geyeena"* (**Mat 23:33**). Peetero agamba nti omuntu alina okulundanga ekisibo kya Katonda *"so si lwa kwegombanga amagoba mu bukuusa"* (**1 Peet 5:2**). Mu **2 Peet 2:3** agamba nti abayigiriza ab'obulimba *"olw'okwegomba"* bali *"baviisaamu amagoba."* Wabula, *"omusango gwabwe okuva edda tegulwa, n'okuzikirira kwabwe tekubongoota"* (laba ne **2 Peet 2:14**). Pawulo araga nti omuntu yenna alina "okwagala ssente" oba "ayagala ennyo amagoba amakyafu" talina bisaanyizo bya kubeera mukulembeze mu kkanisa (**1 Tim 3:3, 8; Tito 1:7**). Alumba abo aba *"tabangula ekigambo kya Katonda"* (**2 Kol 2:17**), era aboogera *"n'ensonga ey'okukisa okwegomba"* (**1 Bas 2:5**), era abayigiriza *"olw'okufuna amagoba amakyafu"* (**Tito 1:11**). Amazima gali nti, mu bukambwe Pawulo asalira abo omusango abayigiriza ne bakkiriza nti *"okutya Katonda kwe kufuna amagoba,"* era ayita abantu ab'ekika ekyo *"abayonooneka amagezi, abaggibwako amazima"* (**1 Tim 6:5**). Ekigambo ky'Oluyonaani ekivvuunulwa "okuggibwako" kye kigambo *diaphtheiro*. Kigambo kya maanyi ekitegeeza "okwonooneka mu mpisa, okuggibwako, okuzikirizibwa" (Danker 2001: 239), "Ebirowoozo ebyayonooneka," "okwonooneka wenna, okukyamya" (Zodhiates 1993: 445-46). Abayigiriza ng'abo balinda okusalirwa omusango omubi okusinga ogw omutume Pawulo gwayogerako mu **Bar 1:18-32**. Mu kitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa, abantu baali bamanyi nti Katonda waali naye ne basalawo obutamufaako ne basinza ebitonde. Ekyavaamu, Katonda *"yabawaayo"* eri ebibi byabwe (**Bar 1:24, 26, 28**), era nti baali *"basaanidde okufa"* (**Bar 1:32**). Singa omusango gwa Katonda gwali mukambwe bwegutyo eri abo abaali bamanyi Katonda kyokka ne bamubuusa amaaso, kale omusango ogunaasalirwa abo abatamubuusa amaaso, kyokka ne bagezaako okumukozesa n'Ekigambo kye okumatiza omululu gwabwe ogwa sente?

5. Enjiri ey'okugaggawala ya bulimba era etta; abasumba abo abasikiriziddwa enjiri eyo balina okwenenya ne bakulembera abantu baabwe n'amakanisa gaabwe okubayingiza mu kitangaala ky'amazima ga bayibuli. Eby'okwongerako A wansi ke katabo "Prosperity Preaching: Deceitful and Deadly" akaawandiikibwa John Piper. Kwegayirira kulungi nnyo eri abasumba okukulembera amakanisa gaabwe okugaggya ku nsobi y'enjiri ey'okugaggawala okugatwala eri amazima. Katonda akuwe omukisa nga bw'okola ekyo.

## EBY'OKWONGERAKO

http://www.desiringgod.org/ResourceLibrary/TasteAndSee/ByDate/2007/1993_Prosperity_Preaching_Deceitful_and_Deadly/

### Enjiri ey'Okugaggawala: ya Bulimba era Kutta, bya John Piper February 14, 2007

Bwe nsoma ku makanisa agabuulira okugaggawala, okwanukula kwange kuli: "Singa ssaasangibwa nga ndi munda mu Bukristaayo, ssaalyagadde kubuyingiramu." Okukyogera mu ngeri endala, obwo bwe buba nga bwe bubaka bwa Kristo, tewali kwebaza.

Okusendasenda abantu okubaleeta eri Kristo okufuna obugagga kya bulimba era kitta. Kya *bulimba* kubanga Yesu bwe yatuyita, yayogera ebintu nga: "Omuntu yenna ku mmwe bw'ateggyako byonna by'alina tayinza kuba muyigirizwa wange" (Luk 14:33). Era *kitta* kubanga okwagala okubeera omugagga "kunnyika abantu mu kubula n'okuzikirira" (1 Timoseewo 6:9). N'olw'ekyo, kuno kwe kukaaba kwange eri ababuulizi b'enjiri eyo.

**1. Tozimba endowooza ey'obuweereza ekalubiza abantu okuyingira mu ggulu.**

Yesu yagamba, "Nga kizibu abagagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!" Abayigirizwa be beewuunya, nga bangi mu mugendo gwa "okugaggawala" bwe basaanye okukola. Kale, Yesu yagenda mu maaso n'okusitula okwewuunya kwabwe bwe yagamba, "Kye kyangu eng'amira okuyita mu nnyindo y'empiso okukira omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda." Baayanukula mu butakkiriza nti: "Kale ani ayinza okulokoka?" Yesu agamba, "Mu bantu tekiyinzika, naye si bwe kityo eri Katonda; kubanga byonna biyinzika eri Katonda" (Mak 10:23-27).

Ekibuuzo kyange eri ababuulizi b'okugaggawala kiri nti: Lwaki walyagadde okutandika obuweereza obukalubiza abantu okuyingira mu ggulu?

**2. Tozimba endowooza ey'obuweereza ekolereza okwetta wekka mu bantu.**

Pawulo yagamba, "Naye okutya Katonda wamu n'obutayaayananga ge magoba amangi; kubanga tetwaleeta kintu mu nsi, kubanga era tetuyinza kuggyamu kintu; naye bwe tuba n'emmere n'eby'okwambala, ebyo binaatumalanga." Naye n'alabula ku ky'okwegomba okubeera abagagga. Era mu kutegeeza, yalabula eri ababuulizi abeegombesa abantu okuba abagagga mu kifo ky'okuyamba abantu okubwejjako. Yalabula, "Naye abaagala okugaggawala bagwa mu kukemebwa ne mu mutego n'okwegomba okungi okw'obusirusiru okwonoona, okunnyika abantu mu kubula n'okuzikirira.

Kubanga okwagala ebintu kye kikolo ky'ebibi byonna; waliwo abantu abayaayaanira ebyo, ne bakyamizibwa okuva mu kukkiriza, ne beefumitira ddala n'ennaku ennyingi" (1 Tim 6:6-10).

Kale, ekibuuzo kyange eri ababuulizi b'okugaggawala kiri: Walyagadde okutandika obuweereza obukubiriza abantu okwefumita n'ennaku ennyingi ne beeyingiza mu kubula n'okuzikirira?

**3. Tozimba endowooza ey'obuweereza ekubiriza abantu okweyingiza mu nnyenje n'obutalagge.**

Yesu atulabula eri okufuba okweterekera ebintu ku nsi. Kwe kugamba, atugamba okubeera abagabi, so si abateresi. "Temweterekeranga bintu ku nsi, kwe byonoonekera n'ennyenje n'obutalagge, n'ababbi kwe basimira ne babba" (Matayo 6:19). Yee, ffenna tulina kye tutereka. Naye awali eky'okwagala okwegomba ekiri mu ffe ffenna, lwaki tutwala okwekaliriza kwaffe ku Yesu ne tukufuula bugazi?

**4. Tozimba endowooza ey'obuweereza efuula okukola n'amaanyi okubeera ekkubo ery'okwekung'aanyiza obugagga.**

Pawulo yagamba nti tetuteekwa kubba. Eky'okukola ekitali ekyo kwe kukola n'amaanyi n'emikono gyaffe. Naye ekigendererwa ekikulu tekyali kwekung'aanyiza bintu oba okubeera nabyo. Ekigendererwa kyali "okugabanga." "Naye waakiri afubenga, ng'akola ebirungi n'emikono gye, *alyoke abeerenga n'eky'okumuwa* eyeetaaga" (Bef 4:28). Ekyo tekitegeeza nti olina *kubeera* omugagga okusobola okugabanga ekisingawo. Kwe kuyitibwa okukola n'amaanyi n'otereka ebitono okusinga by'obadde otereka osobole okugabanga ebisinga ku by'obadde ogaba. Tewali nsonga lwaki omuntu akola siringisi 4,000,000 omwezi abeera n'obulamu obulungi okusinga oli akola siringisi 160,000. N'onya obulamu obulinga obw'olutalo; saanikira ku nfulumya zo; ebisigala bigabe.

Lwaki walyagadde okukubiriza abantu okulowooza nti basaanidde kubeera n'eby'obugagga basobole okubeera abagaba mu bungi? Lwaki tobakubiriza okutambuliranga mu bulamu obwangu ne basobola okubeera abantu abagaba mu bungi? Ekyo tekyaligasse ku bugabi bwabwe obujulizi obw'amaanyi nti Kristo, so si bintu, bwe bugagga bwaffe?

**5. Tozimba endowooza ey'obuweereza ewagira okukkiriza okutono mu bisuubizo bya Katonda okutubeerera ekintu sente ze kitayinza kubeera.**

Ensonga lwaki omuwandiisi wa Abaebbulaniya atugamba okumatiranga bye tulina eri nti bwe twawukana n'ekyo tubeera n'okukkiriza okutono mu bisuubizo bya Katonda. Agamba, "Mubeerenga n'empisa ey'obutaagalanga bintu; bye mulina bibamalenga; kubanga ye yennyini yagamba nti Sirikuleka n'akatono, so sirikwabulira n'akatono. N'okwang'anga ne twang'anga nti, Mukama ye mubeezi wange; ssiritya; Omuntu alinkola ki?'" (Beb 13:5-6).

Bayibuli bw'etugamba nti okumatiranga bye tulina kuwa ekitiibwa ebisuubizo bya Katonda obutatwabuliranga, lwaki twalyagadde okuyigiriza abantu okwagala okubeera abagagga?

**6. Tozimba endowooza ey'obuweereza ereetera abantu bo okumenyeka okutuuka okufa.**

Yesu atulabula nti ekigambo kya Katonda, ekigendererwa okutuwa obulamu, kiyinza okuzika ne kitabala bibala olw'obugagga. Agamba nti kiringa ensigo ezaakulira mu maggwa agaaziziyiza ne zifa: "Abo be bawulira, awo bwe baagenda ne baziyizibwa . . . obugagga . . . n'essanyu ery'obulamu buno, ne batatuukiriza kukuza mmere" (Luk 8:14).

Lwaki twalyagadde okukubiriza abantu okugoberera ekintu Yesu ky'atulabula nti kijja kutuziyiza okutuusa okufa?

**7. Tozimba endowooza ey'obuweereza emalamu ensa mu munnyo gwaffe n'evvuunikira ettabaaza yaffe mu kibbo.**

Kiki ku Bakristaayo ekibafuula omunnyo gw'ensi n'omusana gw'ensi? Si bugagga. Okwagala okubeera n'obugagga n'okugobereranga obugagga kye kimu n'ensi era kulabika nga yo. Tekuwa nsi ekintu kyonna ekyawufu okuva ku ekyo kye kukkiririzaamu. Eky'ennaku eky'amaanyi ku kubuulira okw'okugaggawala kiri nti omuntu talina kubeera ng'azuukusiddwa mu mwoyo okusobola okukwaniriza; omuntu yeetaaga kubeera nga wa mululu kyokka kimala. Okugaggawala mu linnya lya Yesu si gwe munnyo gwa nsi oba omusana gw'ensi. Mu ekyo, ensi eraba okutangaala kwayo yennyini. Era bwe kiba nga kikola, banaakitwala.

Omwaliro gw'okwogera kwa Yesu gutulaga kiki omunnyo n'omusana kye biri. Ebyo kwe kwagala okwessanyu okubonaabonera Kristo. Wano tulaba Yesu kye yagamba, "Mmwe mulina omukisa bwe banaabavumanga , bwe banaabayigganyanga, bwe banaabawayiranga buli kigambo kibi, okubavunaanya nze. Musanyuke, mujaguze nnyo, kubanga empeera yammwe nnyingi mu ggulu, kubanga bwe batyo bwe baayiganya bannabbi abaasooka mmwe. Mmwe muli munnyo gwa nsi. . . . Mmwe muli musana gwa nsi" (Mat 5:11-14).

Ekinaaleetera ensi okulega (omunnyo) n'okulaba (omusana) gwa Kristo mu ffe si kwagala obugagga nga bwe bakola. Wabula, Kujja kuba okwagala n'obusobozi bw'Abakristaayo okwagala abalala nga bayita mu kubonaabona, n'okusanyuka okukuvaamu kubanga balina empeera mu ggulu ne Yesu. Ekyo tekinyonnyoka mu bigambo eby'abantu. Si kya butonde. Naye okusikiriza abantu n'ebisuubizo by'okugaggawala kya bulijjo. Si bwe bubaka bwa Yesu. Si kye yafiira.

© **Olukusa** lw'aba Desiring God**:** Okkirizibwa era okubirizibwa okuddamu okufulumya era okugaba ebigambo bino waggulu mu ngeri yonna kasita oba nga tokyusa ebigambo ebyakozesebwa mu ngeri yonna era tosaba sente ezisinga ku ezo z'oba okozesezza mu kubifulumya. Olw'okubitambuza mu mpewo, webusaiti yaffe ye yalibadde ekozesebwa. Ebiba byawukanye n'ebyo birina okumala okukakasibwa aba Desiring God. **Osabibwa okuteekamu ebigambo bino mu buli kopi yonna gy'ogaba:** By John Piper. © Desiring God. Website: desiringGod.org

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

## OBUWANIKA BW'EKKANISA

### I. Obubaka bw'Ekkanisa n'Ekigendererwa Kyayo

**A.** ***Ekkanisa eriwo olw'ekisa kya Katonda ne ku lw'ekitiibwa kye***

1. Katonda okuyita mu Kristo yatulokola n'atandika ekkanisa olw'ekisa kye (**Mat 16:18; Yok 1:14-17; Bar 3:21-24; 5:14-21; 8:29-30; 11:5-6, 36; 1 Kol 15:10; Bef 1:5-6, 18-23; 2:8-10; 3:1-7; Bak 1:13-23; 2 Bas 2:16-17; 1 Tim 1:12-15; 2 Tim 1:8-11; Tito 2:11; 3:5-7; Beb 2:9**).
2. Ekigendererwa ekikulu eky'ekkanisa kuweesa Katonda ekitiibwa (**Mat 5:16; Yok 5:44; 12:27-28; 14:13; 17:22-24; Bar 11:36; 15:7-9; 1 Kol 6:19-20; 10:31; Bef 1:3-14; Baf 1:9-11; 1 Peet 2:12; 4:11**).

**B.** ***Ekisa kya Katonda kilabisibwa mu ffe, era aweebwa ekitiibwa mu ffe, okuyita mu kukkiriza kwaffe mu ye***

1. Okukkiriza y'endowooza esinga okuweesa Katonda ekitiibwa kubanga, mu makulu gaakwo, okukkiriza kujja amaaso ku muntu akulina okugateeka ku Katonda. *"Awatali kukkiriza, tekisoboka kusanyusa Katonda"* (**Beb 11:6**). *"Buli ekitava mu kukkiriza kibi"* (**Bar 14:23**).
2. Okukkiriza kwe kukkiriza okulamba n'okwesiga Katonda mu byonna ebikwata ku bulamu bwaffe (**Beb 11**). Okukkiriza n'okwesiga Katonda kwe kunoonya kiki kye tuli, ekigendererwa kyaffe, n'okukkuta mu ye, so si mu bintu eby'ensi eno (laba **Baf 4:10-13; Beb 13:5-14**). Nga John Piper bw'agamba, "Katonda asinga kuweebwa ekitiibwa mu ffe lwe tusinga okubeera nga tukkusibbwa mu ye" (Piper 2003: 31).
3. Okukkiriza okwa namaddala bulijjo kweraga mu buwulize eri Katonda (**Mat 7:13-27; Yok 14:21-24; 15:1-11; Yak 1:22-2:26**).
4. Okukkiriza okwa namaddala n'obuwulize eri Katonda bijja kweraga mu kwagala Katonda n'abantu abalala.
   - a. Okwagala kye kiragiro ekisinga obukulu ekya Kristo (**Mat 22:36-40; Yok 13:34-35; 15:12-17**).
   - b. Okwagala kye kintu ekisinga okuba eky'omugaso (**1 Kol 12:31-13:13; Bag 5:6**).
   - c. Okwagala kye kiluubirirwa ky'ekiragiro eky'amazima (**1 Tim 1:5**).
   - d. Okulowooza ku bubaka n'ekigendererwa ky'ekkanisa mu kwagala kutwetaagisa:
     - (1) Okulowooza ku kkanisa mu ngeri *erimu enkolagana*; ne
     - (2) Okulowooza so si ku ekyo ekkanisa ky'eteekeddwa okukola kyokka, naye ne ku ngeri ekkanisa gy'eteekwa okukikolamu.
5. Ekkanisa ejja kulaga ekisa kya Katonda n'okwagala kwe mu makubo gano ana:
   - a. *Ensinza ya Katonda.* Okusinza *kumasamasa* nga kuzzaayo ekisa kya Katonda n'okwagala kwe gy'ali.
   - b. *Okukulaakulanya (okuleera) abakkiriza.* Okukulaakulanya (okuleera) abakkiriza *kuteeka* ekisa kya Katonda n'okwagala kwe ku mubiri gwa Kristo.
   - c. *Obuweereza (okutuukirira ab'ebweru) eri abatannakkiriza.* Obuweereza (okutuukirira ab'ebweru) *kutuusa* ekisa n'okwagala kwa Katonda eri abatannakkiriza.
   - d. *Obumu (obulamba).* Obumu n'obulamba *biraga* ekkanisa ng'omufunyi omulamu ow'ekisa kya Katonda n'okwagala kwe.

**C.** ***OKUSINZA—Obubaka bw'ekkanisa n'ekigendererwa kyayo bisangibwa mu kusinza Katonda***[7]

**Zab 29:2** etuyita okujja okusinza: *"Mumuwe Mukama ekitiibwa erinnya lye kye lisaanira; mumusinze Mukama mu butuukirivu obuwooma"* (laba ne **Zab 96:7-9**).

1. Okusinza okusooka ebeera endowooza ey'omunda era ey'omwoyo esaanikira obulamu bwaffe bwonna, okusinga okubeera ekikolwa eky'okungulu era eky'omubiri.
   - a. *Okusinza kwetooloolera ku Katonda ne Kristo.* Okusinza kwe *kwanukula* kwaffe eri oyo Katonda ky'ali, kiki ky'akoze, kiki ky'akola, ne kiki ky'agenda okukola. Omulamwa gw'okusinza kwe kumatira Katonda ne Kristo (laba **Zab 32:11; 37:4; 42:1; 100:2; Baf 1:20-21; 4:4, 10-13; Bak 3:4**).
     - (1) Okusinza Katonda mu ggulu kwekaliriza: Katonda y'ani (ekitiibwa kye; ekikula kye eky'entiisa), n'ekyo Katonda ky'akoze okuyita mu Kristo, ky'akola, ne ky'alikola (obutonde; obulokozi; obufuzi bwe; omusango gwe ogujja)—laba **Isa 6:1-8; Kub 4-5; 7:9-17; 11:15-19; 15; 19:1-6**.

---

[7] Bingi ku bino wammanga byajjibwa mu kitabo kya David Bruenning ekiyitibwa *International Pastors and Christian Leaders Seminar* (Neenah, Wis.: International Christian Assistance; International Children's Fund, n.d.).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

(2) Ebintu bye bimu—Ekikula kya Katonda n'ebikolwa bye—y'enkulungo y'okusinza mu Zabbuli enkulu ez'okusinza (laba **Zab 8; 19; 24; 29; 33; 46-48; 63; 65-68; 76; 84; 87; 92; 93; 96-100; 103; 104; 111; 113; 115; 117; 135; 145-150).**
(3) Okusinza kulibeerawo emirembe n'emirembe kubanga Katonda alibeerawo emirembe n'emirembe.

b. *Okusinza kuweesa Katonda ekitiibwa ne kuyamba okutukyuusa okutufaananya Kristo.*
(1) Katonda ayolesa empisa ezisinga okuba eza waggulu era ezisinga okuba ennungi—obutukuvu, obulungi, okwagala, amazima, amagezi, obwenkanya, okusaasira, ekisa, obwesigwa, n'endala.
(2) Abantu batwala ng'eky'omuwendo ekyo kye batendereza. "Bwe tutendereza Katonda olw'obwenkanya bwe, tuba tutwala obwenkanya okuba eky'omuwendo. Bwe tumutendereza olw'ekisa kye ekiva mu kwagala, tuba *tuwagira* okwagala. Mu kutendereza Katonda olw'empiza ng'ezo, tuzitereka ne tusembezebwa okujja gye ziri" (Doriani 2001: 92).

2. Waliwo ekitundu *ekigazi* eky'okusinza (okubeerawo ku lwa Katonda n'olw'okumuweereza mu bitundu byonna eby'obulamu bwaffe), n'ekitundu *ekifunda* eky'okusinza (okujja wamu ng'omubiri ogw'awamu okusinza Mukama). Ebitundu byombi bikolagana—*Mukama tumusinziza bwereere singa okusinza kwaffe okufunda tekugobererwa okugazi* (laba **1 Sam 15:22-23; Zab 51:14-17; Isa 1:11-17; 29:13-16; Yer 6:16-20; 7:21-26; Ezek 16:48-50; Kos 6:6; Mik 6:6-8; Mat 12:1-8; 15:5-9; 23:23; Mak 12:28-33; Luk 6:6-10; Bar 12:1; Bak 3:23-24; Yak 1:27**).

3. Okusinza kutwaliramu ebitundu byonna eby'obulamu bwaffe n'okubeerawo kwaffe.

a. *Okusinza okutuufu kubeerawo ebiseera byonna eby'obulamu bwaffe, so si ku lunaku lwa Ssande lwokka.* Endowooza gye tubeera nayo mu kusinza esaana efuge engeri gye tulabamu abantu n'ebitundu byonna eby'obulamu bwaffe (laba **Yok 4:21-24; Bar 1:9-10; 12:1; Baf 3:3).** Endowooza eno eteekeddwa mu bufunze mu **Bak 3:23** ekigamba, *"Buli kye munaakolanga mukolenga n'omwoyo, nga ku bwa Mukama waffe so si ku bwa bantu"* (laba ne **Bef 6:7**).

b. *Okusinza okw'amazima kuzingiramu ebitundu byonna eby'obulamu bwaffe (omutwe n'omutima ebirowoozo, obusimo, n'okuyaayaana).* Okusinza Katonda okw'amazima kuba kusinza *"mu mwoyo ne mu mazima"* (**Yok 4:21-24**).
(1) "Omwoyo" gulaga nti okusinza kulina kuzingiramu emitima gyaffe, emmeeme yaffe, n'obussimu bwaffe, nga bwe tusobozesebwa ne tuyingizibwa Omwoyo Omutukuvu mu kusinza (laba **Mat 15:8-9; 1 Kol 14:25**).
(2) "Amazima" galaga nti okusinza kulina kukolebwa nga kwekulungulira ku njiri n'Ekigambo (Bayibuli), kubanga Katonda ayimusa Ekigambo kye era atwebikkulidde mu Kigambo eyafuuka omuntu (Yesu) ne mu Kigambo kye ekyawandiikibwa (Bayibuli), nga ge mazima (**Zab 119; 138:2; Yok 1:1-14; 14:6; 17:17; Bef 1:13; 1 Tim 2:15; 3:16-17; Beb 1:1-2; Yak 1:18**).

4. Okusinza kulaga Katonda okwewaayo kwaffe gy'ali mu makubo gonna ge yatuwa okukozesa. N'olw'ekyo, tusinza Katonda okuyita mu:

a. *Kuyimba* (**Zab 47:67; 95:1-7; 96:1-10; 98:1-6; Mak 14:26; 1 Kol 14:26; Bef 5:18-19; Bak 3:16; Kub 5:8-10**).
b. K*umutendereza* (**Zab 111:1-10; 112:1; 135:1-4; 144:1-150:6; Luk 24:52-53; Bik 2: 46-47; Bar 15:7-13; Beb 2:11-12; 13:15; 1 Peet 4:11; Kub 4:8-11; 5:11-14; 7:9-14; 19:4-6**).
c. K*watula n'okwenenya ekibi.* Okuyimusa Katonda kulina kututwala mu ntegeera ekwatagana nakwo ey'obyonoonyi bwaffe. Ekyo kirina kututwala eri okwenenya okw'amazima, okuva awo, obukakafu obw'okusonyiyibwa (laba **Zab 34:18; 51:16-17; Isa 6:3-7; Luk 5:8; 2 Kol 7:9-11; Yak 5:16; 1 Yok 1:5-9; Kub 5:2-5**).
d. *Emmeeza ya Mukama* (**1 Kol 10:16-17; 11:23-26**).
e. *Okusoma, okubuulira, n'okuyigiriza Ekigambo kye* (**Bik 2:42; 5:42; 1 Kol 14:19; 2 Kol 4:5; 1 Tim 4:6, 11, 13, 16; 6:2b; 2 Tim 2:2; 3:16-17; 4:1-4; Tito 2:1**).
f. *Okusaba* (**Bik 1:14; 2:42; 1 Tim 2**).
g. *Okugaba* (**1 Kol 16:1-2; 2 Kol 8-9**).
h. *Okwanukula n'obulamu obwa ssaddaaka* (**Yok 10:27; 15:8; Bar 12:1; Bef 2:8-10; 4:11-5:21; Bak 1:9-10; 2:6-7; 3:23-24**).

***D. ENKULAAKULANYA (OKULEERA)—Obubaka n'ekigendererwa ky'ekkanisa kisangibwa mu kuteekateeka abatukuvu olw'omulimu gw'obuweereza***

1. Omulimu gw'ekkanisa, naddala ogw'abakulembeze, kuteekateeka n'okusobozesa abantu mu kKanisa okukola obuweereza bwabwe.

a. *Ekyawandiikibwa ekikulu ekinyonnyola obubaka obwo obukulu n'omulimu*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*ogusookerwako ogw'ekkanisa ye* ***Bef 4:11-16:*** *11Era oyo n'awa abalala okubeera abatume, n'abalala bannabbi, n'abalala ababuulizi, n'abalala abalunda n'abayigiriza; 12olw'okutuukiriza abatukuvu, olw'omulimu ogw'okuweereza, olw'okuzimba omubiri gwa Kristo; 13okutuusa lwe tulituuka fenna mu bumu obw'okukkiriza, n'obw'okutegeera Omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba omuntu omukulu okutuuka mu kigera eky'obukulu obw'okutuukirira bwa Kristo. 14tulemenga okubeera nate abaana abato, nga tuyuuganga nga tutwalibwanga buli mpewo ey'okuyigiriza, mu bukuusa bwa'abantu, mu nkwe, olw'okugoberera okuteesa okw'obulimba; 15naye, bwe twogeranga amazima mu kwagalana, tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe, Kristo, 16mu oyo omubiri gwonna bwe gugattibwa obulungi ne gunywezebwa awamu buli nnyingo ng'ereeta ebyayo, ng'okukola mu kigera okwa buli kitundu bwe kuli, omubiri gweyongerenga okukula olw'okwezimba mu kwagalana.*

b. *"Okutuukiriza kw'abatukuvu olw'omulimu gw'okuweereza, olw'okuzimba omubiri gwa Kristo" kulimu ebitundu bingi:*

(1) Okumanya ebirabo, talanta, n'obusobozi bw'ebitundu by'omubiri, n'okukubiriza enkozesa y'ebirabo, talanta, n'obusobozi obwo (laba **Bar 12:6-8; 1 Kol 12:7-31; 14:12; 1 Peet 4:10-11**).

(2) Okuyigirizanga, okubuulirirangà, okugumyanga, n'okulabulanga omubiri, okuva mu Kigambo kya Katonda, ku bikwata ku bikulu ennyo eby'enjigiriza ey'Ekikristaayo n'obulamu (laba **Bik 2:42; 5:42; 1 Kol 14:19; 2 Kol 1:34; 4:5; 10:8; 1 Bas 4:1; 5:12-14; 1 Tim 4:1-6, 11, 13, 16; 6:2b; 2 Tim 2:2; 3:16-17; 4:1-4; Tit. 2:1**).

(A) Okusobola okuyigiriza obulungi omusumba yeetaaga okubeeranga n'eby'okukozesa ebikwatagana ne bayibuli, nga ebitabo ebinyonnyola, ebiraga buli awakozesebwa ebigambo ebikulu mu bayibuli, akakisa okugendanga mu masomo, n'ebitabo ebirala ebiyigiriza ku Katonda n'ebiyamba mu kuyiga bayibuli, abeerenga nabyo.

(B) Kubanga ebyo byonna bitwala sente, ekkanisa erina okubeera n'enteekateeka ez'okufuna ebintu ebyo mu mbalirira yaayo.

(C) Kubanga amakkanisa mangi, naddala mu byalo, gayinza okubeera ne sente ntono nnyo ze gayinza okukozesa, abakulu abatwala amakkanisa ago ku ddaala erya distulikiti balina okukola embalirira ey'okuteekawo ebifo awaterekerwa ebitabo ng'ebyo abasumba bonna basobole okugendangayo okubikozesaako.

(3) Okumanyanga n'okuyimusanga abakulembeze abaggya mu kkanisa (laba **Kuv 18:17-26; Ma 34:9; 2 Bassek 2:1-15; Yok 17:18; Bik 1:15-25; 6:1-7; 14:23; 2 Kol 8:16-22; 1 Tim 3:1-13; Tito 1:5**). Ekyo kyetaagisa abakulembeze abaliwo okumanya abantu baabwe obulungi, n'okutwala obudde bwabwe nga bali n'abasuubirwa okufuuka abakulembeze, nga babayigiriza n'okubawa eky'okulabirako eky'obukulembeze Obukristaayo.

(4) Okukangavvulanga abo abaleeta enjawukana, abayigiriza eby'obulimba, oba abeenyigira mu mpisa ezeesittaza (laba **Bar 16:17-20; 1 Kol 5:1-8, 12-13; 1 Tim 1:3; 2 Tim 2:14-18**). Akakiiko k'ekkanisa, n'ekkanisa yonna ng'omubiri ogumu, yeetaaga okwenyigira mu kukangavvula okwo (laba **2 Kol 2:6**). Okukangavvula kukolebwa olw'obulungi bw'omuntu oyo aba akoze ekibi (**1 Kol 5:5; 1 Tim 1:20**), n'olw'obulungi bw'ekkanisa yonna okutwaliza awamu. Ekkanisa yonna bwe yeenyigira mu kikolwa eky'okukangavvula, abantu bawulira nti balina omugabo mu bulamu bw'ekkanisa, batwala obuvunaanyizibwa bwabwe ng'Abakristaayo n'amaanyi okusinga, era beeyongera okusembezebwa eri ekkanisa.

(5) Okukomyangawo mu kusseekimu abo ababa bakangavuddwa, abeenenyezza, ne bakyuusa obulamu bwabwe (laba **2 Kol 2:5-11; 7:8-12; Bag 6:1**).

2. Obuweereza buzingiramu abantu bonna abali mu kkanisa, so si abasumba bokka.

a. *Amakkanisa mangi gaddukanyizibwa ng'abasumba be bavunaanibwa ku buli kintu—y'alina obuyinza obwa waggulu, era y'asalawo ekiyinza okukolebwa n'ekitayinza kukolebwa.* Abantu bali awo balinda bulinzi—bamala gajja ne "basinza" ku lunaku olw'okusinza. Enkola eyo ey'okuddukanya ekkanisa si ya Bayibuli, kubanga:

(1) Newakubadde mu Ndagaano Enkadde waalingawo enkola ey'obwakabona, mu Ndagaano Empya abakkiriza bonna batwalibwa okuba "bakabona" (**1 Peet 2:9; Kub 1:6**).

(2) Abakkiriza bonna baweereddwa ebirabo ebirina okukozesebwa olw'obulungi obw'awamu obw'omubiri (**Bar 12:6-8; 1 Kol 7:7; 12:7-11, 28; 14:12; Bef 4:7-8; 1**

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**Peet 4:10-11**).

(3) Newakubadde waliwo okukyuusaamu kungi mu Ndagaano Empya okukwata ku nzirukanya y'ekkanisa, era buli muntu tayitiddwa kukulembera, obuyinza bw'ekkanisa bulijjo busigala n'abakadde oba abakulembeze b'ekkanisa, so si omuntu omu (**Bik 11:30; 14:23; 15:2-6, 22-23, 28; 16:4; 20:17-18; 21:18; Baf 1:1; 1 Tim 5:17; Tito 1:5; Yak 5:14; 1 Peet 5:1**).

b. *"Okukola obuweereza" mu makulu gakwo amakusifu kitegeeza "kuweereza."*

(1) Ekigambo ekikulu eky'Oluyonaani ekya "obuweereza" mu Ndagaano Enkadde ye *diakonia* ekitegeeza "okuweereza" (laba **Bik 1:17, 25; 6:4; 12:25; 20:24; 21:19; Bar 11:13; 12:7; 1 Kol 16:15; 2 Kol 4:1; 6:3; 8:4; 9:1; Bef 4:12; Bak 4:17; 1 Tim 1:12; 2 Tim 4:5, 11**).

(2) Ekigambo ekikulu mu Ndagaano Empya ekitegeeza "abaweereza" ye *diakonos* (laba **Mat 23:11; Mak 9:35; 10:43; Yok 12:26; Bar 16:1; 1 Kol 3:5; 2 Kol 3:6; 6:4; Bef 3:7; 6:21; Bak 1:7, 23, 25; 4:7; 1 Bas 3:2; 1 Tim 4:6**), ne *doulos* ekitegeeza "omuddu" (laba **Mat 24:45, 46, 48, 50; 25:14, 19, 21, 23, 26, 30; Mak 10:44; Luk 17:10; Yok 13:16; 15:20; Bik 2:18; 4:29; Bar 1:1; 2 Kol 4:5; Bag 1:10; Bef 6:6; Baf 1:12 Tim 2:24; Tito 1:1; Yak 1:1; 1 Peet 2:16; 2 Peet 1:1; Yud 1:1; Kub 1:1**).

(3) Omugaso gw'ebigambo bino eri abakulembeze mu kkanisa kwa mirundi ebiri:

(A) Endagaano Empya naddala yeewala okuwa abakulembeze b'ekkanisa ebifo ebiraga amaanyi, ekitiibwa, n'emirimu gya "obwakabona".

(B) Kristo yakikkaatiriza nti abakulembeze b'ekkanisa, omuli abatume be bennyini, baali ba kuweereza ekkanisa (**Mat 18:1-4; 20:25-28; 23:8-12; Mak 9:33-35; Luk 9:46-48; 22:24-27**).

(4) Enkozesa y'ebigambo bino nayo ekkaatiriza ekyo kubanga abakkiriza bonna be baddu ba Kristo, abakkiriza "baweereza" era balina "obuweereza" mu bwakabaka.

3. Endeera n'enkulaakulanya mu kkanisa ezingiramu obuweereza mu "by'omubiri" ne mu "by'omwoyo".

a. *Yesu n'abatume, mu bye baayigirizanga ne mu bye baakolanga, bakkaatirizanga omugaso gw'okulabirira ebyetaago eby'omubiri n'eby'omwoyo, eby'abakkiriza bannaabwe.*

(1) "Etteeka eriggya" erya Yesu "okwagalananga, nga bwe nnabaagalanga mmwe," lyaweebwa abayigirizwa (**Yok 13:34**). Okwagala kwabwe okwalagibwa *eri buli omu ku bo* ke kaali akabonero *"bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange"* (**Yok 13:35**).

(2) Ebigambo bya Yakobo nti *"okukkiriza awatali bikolwa kufu"* (**Yak 2:26**) byaweebwa mu mwaliro gwa *"'ow'oluganda omusajja oba omukazi' atalina kyakwambala era ali mu bwetaavu obw'emmere eya bulijjo"* (**Yak 2:15**).

(3) Pawulo yakubiriza ekkanisa okuwangayo sente okusisinkana ebyetaago by'abakkiriza bannaabwe (**2 Kol 8-9**). Ekkanisa yalaga okufaayo kwayo ku bulungi bw'abakkiriza bannaabwe mu bintu eby'omubiri (**Bik 2:44-45; 4:32-37**). Ddala, ekkanisa eyasooka yatandikawo ofiisi y'abaweereza naddala okusisinkana mu ngeri enteeketeeke obulungi ebyetaago eby'omubiri eby'abakkiriza (**Bik 6:1-6;** laba **1 Tim 3:8-13**).

b. *"Ebirabo eby'omwoyo"bitwaliramu ebirabo ebikola ku bintu eby'omubiri mu bulamu bwaffe.* Ebirabo "eby'omwoyo" birimu ebintu nga: obuweereza n'okuweereza (**Bar 12:7**); okugaba (**Bar 12:8**); okusaasira (**Bar 12:8**); okuwonya (**1 Kol 12:9, 28**), okuyamba (**1 Kol 12:28**), okutambuza omulimu (**1 Kol 12:28**). Ekyo kiraga nti Katonda afaayo ku bintu byonna ebikwatagana n'obulamu bwaffe. N'olw'ekyo, tulina okufa ku bintu byonna ebikwatagana n'obulamu bw'abakkiriza bannaffe.

**E. *OBUWEEREZA OBW'EBWERU (OKUTUUKIRIRA AB'EBWERU)—Obubaka n'ekigendererwa ky'ekkanisa bisangibwa mu kuweereza n'okutuukirira abo abali ebweru w'ekkanisa***

1. Ekkanisa eyitiddwa okugenda okufuula abantu abayigirizwa mu nsi zonna.

a. *"Omulimu Omukulu" ogw'ekkanisa gusangibwa mu **Mat 28:18-20:** [18]Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. [19] Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu, [20]nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe; era laba nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo."*

b. *Ebyawandiikibwa ebifaanana ng'ebyo ebikkaatiriza omugaso gw'okujulira Kristo birimu: **Mat 9:35-38; Mak 16:15; Yok 17:18-21; Bik 1:8; 5:27-32; 10:34-43; Bar 10:14-***

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

***17; 15:18-21; 1 Kol 1:21-25; 2 Kol 4:4-13; 2 Tim 4:1-2; 1 Yok 1:1-3.*** Ekitabo ky'**Ebikolwa** kituwa eky'okulabirako buli luvannyuma lw'eky'okulabirako eky'abakkiriza okujulira eri abalala mu mbeera eza buli kika.

c. *Obukristaayo ddiini ya "genda obuulire". Abakkiriza bonna bayitiddwa okubeera abajulizi ba Kristo.*

(1) Obuvunanyizibwa okubeera omujulizi tebukoma ku abo abalina ofisi oba ekirabo eky'enjawulo eky'okubuulira enjiri bokka. Eyo y'ensonga lwaki, mu **Bef 4:11-16,** abo Katonda b'ayise okubeera "ababuulizi," balina okukozesa ebirabo byabwe n'okuyitibwa kwabwe *"okutuukiriza abatukuvu"* olwo nabo, basobole okubeera abajulizi abalungi.

(2) Ekkanisa eweereddwa omulimu ogwa "okusindika" abantu okugenda okubuulira enjiri n'okufuula abalala abayigirizwa (**Bar 10:14-15**). N'olw'ekyo, sente eziyamba omulimu ogw'okutuukirira ab'ebweru zeetaaga kubeera kitundu ku mbalirira y'ekkanisa.

d. *Ekkanisa eyitiddwa okufuula abalala "abayigirizwa," so si "bakyuuse" (**Mat 28:18-20**).*

(1) Omuyigirizwa abeera muyizi, ayiga omulimu, omuntu asazeewo okubeera n'omukugu oba omuyigiriza (wano, ye Yesu), okusobola okufuuka nga mukama we oba omuyigiriza we. Omuyigirizwa atwala ekikula n'enneeyisa ya mukama we oba omuyigiriza we, era akola ebyo mukama we oba omuyigiriza we by'akola (laba Willard 1997: 282-310).

(2) Eky'okuba nti tulina okufuula abantu abayigirizwa, so si abakyuuse obukyuusi, mu mawanga gonna kiraga nti "Omulimu Omukulu" gusukka ku kubuulira enjiri. Okukyuuka kubeera entandikwa y'obulamu obw'obuyigirizwa yokka. Obuyigirizwa butwaliramu eby'omwoyo n'eby'omubiri. Obuyigirizwa buzingiramu okutukuzibwa kw'abantu, so si okuweebwa obutuukirivu kwokka. Obuyigirizwa buzingiramu obulamu bw'omuntu bwonna. N'olw'ekyo, Omulimu Omunene ogwatuweebwa Kristo guzingiramu obulamu bw'abantu bwonna.

e. *Omulimu Kristo gwe yatutuma ogw'okufuula abantu "abayigirizwa" gutwaliramu "okubayigiriza okukwata byonna bye nnabayigiriza mmwe."* Waliwo ebintu bibiri eby'omugaso kino bye kiraga ekkanisa:

(1) Abo abali mu bukulembeze bw'ekkanisa beetaaga okubeera abayigiriza abalungi ab'enjiri n'eky'okulabirako eky'enjiri eyo mu buntu. Abantu b'ekkanisa beetaaga okubeera n'okutegeera okutuufu okw'ekyo Obukristaayo kye buli, enjigiriza enkulu ez'enzikiriza eyo kye ziri, n'engeri Abakristaayo gye balina okubeeramu. Eyo y'ensonga lwaki ogumu ku mitindo gy'okubeera omukulembeze mu kkanisa gulimu okubeera nga *"osobola okuyigiriza"* (**1 Tim 3:2; 2 Tim 2:24**). Ku makubo ag'enjawulo ag'okuyigiriza n'okusendasenda, enneeyisa [*ethos*] y'omuntu y'esinga okuba enkulu" (Cooper 1932: 9). N'olw'ekyo, nziramu, obuyigirizwa bukola ku bulamu obw'omwoyo n'obw'omubiri; buzingiramu obulamu bw'omuntu bwonna.

(2) Ekkanisa erina kuteekawo engeri y'ekibiina ekya "okuyigiriza" abakkiriza abaggya—okubanyweza mu kukkiriza n'okuwanvuya okutegeera kwabwe. Mu kifo ky'okubeera abamativu n'eky'okubatiza abakkiriza abaggya abajja ku kkanisa buli lwa Sande, wateekeddwa okubeerawo "ebibiina by'obuyigirizwa" abakkiriza abaggya bye bayigirizibwamu basobole okufuuka "abayigirizwa" ab'amazima. Okukubiriza abantu abali mu kanisa okukola obubiina mwe basisinkana buli luvannyuma lw'ekiseera ekigere okusaba, okuyiga bayibuli, n'okusseekimu kkubo ddungi nnyo okuyamba Abakristaayo okukula mu kukkiriza kwabwe ne mu kwewaayo kwabwe eri abalala n'ekkanisa.

f. *Ekitundu eky'okutuukiriza "Omulimu Omukulu" ogwatuweebwa Kristo kwe kuteekawo amakkanisa amaggya.* Ekkanisa si kwe kusseekimu kw'Abakkiririza mu Kristo mu nsi yonna kwokka, naye etwaliramu n'abakuŋŋaana mu kifo ekimu awantu. Eky'okulabirako ekyateekebwa mu buwandiike mu **Bikolwa by'Abatume** kiraga nti abakkiriza baabuuliranga enjiri mu bifo eby'enjawulo; baayigirizanga abakkiriza abaggya, nga babanywezanga mu kukkiriza; ne bateekangawo amakkanisa amaggya (laba **Bik 14:21-23**).

2. Ekkanisa eyitiddwa okubeera omujulirwa wa Kristo ng'eyita mu kubeera eky'okulabirako ne mu kuweereza abalala okuyita mu kukola obulungi mu nsi.

a. *Ekyo kye tukola kyogera n'eddoboozi ery'omwanguka okusinga ekyo kye twogera n'akamwa, era kiraga amazima g'ekyo kye tukkiriza.* Mu **Mat 5:13-16** Yesu yatugamba nti okuyita mu ebyo bye tukola tulina okubeera eky'okulabirako eky'okwagala kwe eri ensi: ***13*** *"Mmwe muli munnyo gwa nsi; naye omunnyo bwe guggwaamu ensa, balirungamu munnyo nnabaki? Tegukyasaana nate, wabula okusuulibwa ebweru, abantu okugulinnyirira.*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*[14]Mmwe muli musana gwa nsi. Ekibuga bwe kikubibwa ku lusozi, tekiyinzika kukisibwa; [15]So tebakoleeza ttabaaza okugivuunikira mu kibbo, wabula okugiteeka waggulu ku kikondo kyayo; nayo ebaakira bonna abali mu nju. [16]Kale omusana gwammwe gwakenga bwe gutyo mu maaso g'abantu, balabenga ebigambo ebirungi bye mukola, balyoke bagulumizenga Kitammwe ali mu ggulu."*

b. *Eby'okulabirako bya Yesu ebya "omunnyo" ne "omusana" biraga nti ekkanisa erina okukola ku bulamu bwonna, so si kukoma ku "kubuulira n'okutendereza" ku Sande kwokka.*

(1) Omunnyo gukola nga *ekikuuma emmere obutayonooneka.* Ekkanisa erina okukola ng'ekintu ekikuuma ensi obutayonooneka mu by'omwoyo ne mu mpisa. Omunnyo nagwo gutuwa *obuwoomi* bw'emmere;ekkanisa erina okuwa obuwoomi bw'obulamu obutaggwaawo n'obuwoomi obusooka obw'eggulu mu nsi eno embi era enzibu.

(2) Ekitangaala kirina *kulabika.* Ekkanisa erina okubeera n'okukola mu ngeri abantu gye bayinza okulabamu enjiri n'obulamu obuggya obw'okwagala, ekisa, emirembe, n'amazima Kristo g'aleeta. Ekitangaala nakyo kirabula abantu; kiggyawo ekizikiza; kireeta obutangaavu; kireeta okukula; kiyamba abantu okulaba gye balaga; kireetera abantu abaagala okukola ebibi oba eby'ensonyi okwekweka; kireeta essanyu. Ekkanisa erina okukola mu ngeri egisobozesa okukola ebyo byonna abantu ne baba nti bagiraba bulungi.

c. *Mu Byawandiikibwa byonna waliwo enyingo erabika obulungi ennyo wakati w'ebyo bye twogera, nga bwe tukola, ne bye tukkiriza.*

(1) Yesu yafanga ku mbeera z'abantu ez'ebintu eby'omubiri n'embeera z'abwe ez'eby'omwoyo. N'olw'ekyo, yaliisanga abayala n'awonyanga abalwadde. Amazima gali nti, obuweereza bwa Yesu mu bintu eby'omubiri bwe bwalaga obuyinza bwe mu by'omwoyo (laba **Mat 8:5-13; 9:1-8; 11:2-6; Mak 2:1-12; Luk 5:17-26; 7:1-10, 18-23**).

(2) Ekkanisa *eteekwa* okulaga okwagala kwa Kristo, obusaasizi eri abaavu, obuyambi eri abeetaavu n'abali mu buzibu, n'abalala bw'eba eneetuukiriza omulimu gwayo ogw'okutuukirira ab'ebweru n'okuweereza abalala (laba **Mat 5:38-48; Luk 10:25-37; Bar 12:9-21; 15:1-3; 2 Kol 8:21; Bag 6:9-10; Bak 4:5; Tit 2:7-8; Yak 1:27; 1 Peet 2:12**). Amazima gali nti, ekyo kye tukkiriza bwe *kitagobererwa* ebikolwa ebirungi, awo okukkiriza kwaffe "kufu" (**Yak 2:14-26**).

**F. *OBUMU (OBULAMBA)—Obubaka n'ekigendererwa ky'ekkanisa bisangibwa mu kulaga obumu n'obulamba***

1. Kristo ayise ekkanisa okulaga obumu mu Kusaba Kwe okw'Obwakabona Obusinga Obukulu mu **Yok 17:18-21**: *[18]Nga bwe wantuma mu nsi, nange bwe nnabatuma mu nsi. [19]Era nze nneetukuza ku bwabwe, nabo bennyini batukuzibwe mu mazima. [20]So sibasabira bano bokka, naye n'abo abanzikiriza olw'ekigambo kyabwe; [21]bonna babeerenga bumu, nga Ggwe Kitange bw'oli mu Nze, nange mu Ggwe, era nabo babeerenga mu Ffe; ensi ekkirize nga Ggwe wantuma.*

2. Obumu n'obulamba bw'ekkanisa buva ku kikula ky'ekkanisa.

a. *Kristo yasaba nti ffe tu-"beerenga bumu, nga Ggwe Kitange bw'oli mu Nze, nange mu Ggwe, era nabo babeerenga mu Ffe" (**Yok 17:21;** labe ne **Yok 17:11**).* Pawulo yagamba nti kubanga Kristo tayawuliddwamu, naffe tetuteekwa kwawulibwamu (**1 Kol 1:11-13**).

b. *Ebifaananyi Pawulo by'akozesa okunyonnyola ekkanisa biraga nti ekkanisa eteekwa okwolesa obumu n'obulamba.*

(1) Ekkanisa gwe mubiri gwa Kristo. Ekkanisa gwe mubiri gumu ogulina omutwe gumu (Kristo). Buli muntu sekinn'omu wa mugaso, kubanga abeera "kitundu" ku mubiri ogwo. Ekimu bwe kibonaabona, omubiri gwonna gubonaabona. Ebitundu byonna byetaagibwa, era byetaaga kukola bulungi, omubiri okusobola okubeera obulungi nga mulamba (**1 Kol 12;** laba **Bar 12:4-5; Bef 1:22-23; 4:1-6, 11-16; Bak 1:18, 24; 2:19; 3:15**).

(2) Ekkanisa kye kizimbe oba yeekaalu ya Katonda. Tuli "amayinja amalamu" agalina ebifo ebyatuukirira buli omu mu kizimbe kimu. Ekitundu ky'omubiri ekivudde mu kifo kyakyo oba ekikutuddwako kigootaanya ekizimbe kyonna era si y'engeri ekizimbe gye kirina okubeera. (laba **1 Kol 3:9-17; 2 Kol 6:16; Bef 2:19-22; 1 Peet 1:4-6**).

(3) Ekkanisa ge maka ga Katonda. Amaka amalungi, agakola obulungi tegabeeramu busungu, enjawukana, oba okulwana wakati w'abantu abagalimu. Amaka amalungi, agakola obulungi goolesa okwagala, okussaamu ekitiibwa, essanyu, obumu, n'empisa endala ennungi. Ekkanisa yeetaaga okwolesa, munda mu yo n'eri ensi,

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

amaka amalungi agakola obulungi bwe gafaanana (laba **Mak 10:29-30; Bar 8:14-17; 2 Kol 6:18; Bef 1:5; 2:19; Bag 3:26-4:7; 1 Tim 3:15; 5:1-2**).

3. Obumu n'obulamba bw'ekkanisa buva ku ekyo Kristo ky'akoze.

a. *Kristo amaze okututabaganya ne Kitaffe*. N'olw'ekyo, tulina obuweereza obw'okutabaganya abalala (**Bar 5:10; 2 Kol 5:18-20; Bef 2:16; Bak 1:21-22; Beb 2:17**).

b. *Kristo yamenyawo ekisenge kyokka eky'enjawukana ekyalina amakulu mu Ndagaano Enkadde (ekisenge wakati w'Abayudaaya n'Ab'amawanga)*. N'olw'ekyo, tetuteekwa kubeera nga tuzimba ebisenge ebiggya wakati waffe (**Yok 17:11, 20-21; Bar 3:21-22; 1 Kol 12:12-13; Bag 3:26-28; Bef 2:11-3:6; Bak 3:9-11**).

c. *Kristo yakola ekisinga ku kumenyawo obumenyi ekisenge ky'enjawukana wakati w'abantu; yatonda "omuntu omuggya omu" okuva ku abantu abaali baawukanye*. N'olw'ekyo, tulina okwolesa obumu n'obuggya mu Kristo (**Bef 2:11-22**).

d. *Kristo yagula abantu be okuva mu buli kika, lulimi, bantu, n'eggwanga mu nsi*—n'olw'ekyo tulina okutwala Kristo okubeera namba emu ne tuba nga tetweyawulayawulamu olw'enjawukana mu mawanga, endyo, ennimi, oba obuwangwa (**Kub 5:9; 7:9**).

4. Obumu n'obulamba bw'ekkanisa bya mugaso eri obujulizi bw'ekkanisa mu nsi.

a. *Kristo yasaba nti tusobole okubeera omu "ensi ekkirize nga Ggwe wantuma" (**Yok 17:21**).* Obumu bwaffe, oba obutaba na bumu awamu n'obulamba bwaffe ng'omubiri, butereevu kirina kye kikola ku ntegeera y'abantu abalala eya Kristo. Amazima gali nti, akabonero akamu kokka Kristo ke yatuwa *"abantu bonna kwe banaalabira nti muli bayigirizwa Bange"* kali nti *"mwagalanenga"* (**Yok 13:34-35**). Singa tubeera n'okwagalana okwo, ne tukulaga, awo *tujja kubeera n'obumu awamu n'obulamba*.

b. *Abatume baalaga obumu era ne batusaba okulaga obumu n'obulamba obwo (**Zab 133:1; Bik 1:14; 4:32; Bar 12:16; 15:5-6; 1 Kol 1:10; 12:24-25; 2 Kol 13:11; Bef 4:11-13; Baf 1:27; 2:1-5; Bak 3:14; 1 Peet 3:8**).*

5. Obumu n'obulamba birina kwolesebwa ku madaala gonna—mu muntu sekinn'omu; mu ngeri y'enkolagana mu kkanisa emu; era ne wakati w'amakkanisa ag'enjawulo.

a. *Obumu butandika mu muntu sekinn'omu.* Kristo alokola abantu mu bibi byabwe mu ngeri eyo n'aleeta okuwonyezebwa (**Mat 1:21**; **8:16-17; 1 Peet 2:24**). Yaweereza Omwoyo Omutukuvu okubeera mu bakkiriza (**Yok 14:16-18**). Atuluŋŋamya okututwala mu mazima (**Yok 14:26; 16:13**). Atuwa emirembe ne "ekibala ky'Omwoyo" ekitwala eri obulamu obuzimbiddwa wamu obulungi (**Yok 14:27; Bag 5:22-23**). Tulina endowooza ya Kristo (**1 Kol 2:16**). Yatufuula abaana ab'omu nju ye (**Bar 8:14-17**). Mazima, Yesu yajja nti abantu *"babeere n'obulamu, era babeere nabwo mu bungi"* (**Yok 10:10**). Nga Kristo bw'akola mu bulamu bwaffe, era nga bwe tumugondera ne tumugoberera ne tweyongera okumufaanana, buli mukkiriza sekinn'omu alina okweyongeranga okwolesa obulamba obw'omunda.

b. *Okuyita kw'abatume okw'okukola obumu kwalagirizibwa okusinga eri abantu mu buli kkanisa.* Abatume bakkaatiriza okufaanagana mu ndowooza n'obumu *bw'enkolagana* mu mubiri gwa Kristo (laba **Bar 12:16; 15:5-6; 1 Kol 1:10; 12:24-25; 2 Kol 13:11; Bef 4:11-13; Baf 1:27; 2:1-5; 1 Peet 3:8**). Obumu ng'obwo obw'enkolagana butambula mu ngeri ya bulijjo era bujja kulabikirawo mu maaso g'abalala singa ekkanisa egondera "etteeka eriggya" erya Kristo lye yawa abayigirizwa be ekiro nga tannaba kukomererwa, *"nti mwagalanenga; nga bwe nnabaagalanga mmwe, era nammwe mwagalanenga"* (**Yok 13:34-35**). Singa ddala tutunuulira ekkanisa yaffe ng'amaka, era ne twetunuulira ng'ab'oluganda, mu ngeri eya bulijjo tuteekwa okwolesa okwagala n'obumu eri buli omu.

c. *Ekintu ekirala eky'omugaso mu bumu n'obulamba bw'ekkanisa bwe bumu wakati w'amakanisa ag'enjawulo n'ebibiina eby'enjawulo eby'amakanisa.*

(1) Newakubadde ebibiina by'amakkanisa byatandika nga Bayibuli emaze okuwandiikibwa, okusaba kwa Yesu mu **Yok 17**, n'okuyitibwa kwaffe okwakolebwa Yesu n'abatume mu Ndagaano Empya yonna okubeera n'obumu bigazi ekimala okutwaliramu obumu wakati w'amakanisa ag'enjawulo ne wakati w'ebibiina by'amakanisa.

(2) Ebigambo ebirala ebyayogerwa Yesu (**Mat 12:25, 30; Mak 3:24-25; 9:38-40; Luk 9:49-50; 11:17, 23**) ne Pawulo (**1 Kol 1:10-15; Baf 1:12-18**) nabyo bikola ku bumu wakati w'ebibiina ebiva mu njawukana mu kanisa.

(3) Obumu wakati w'amakanisa oba ebibiina eby'enjawulo tebutegeeza nti tulina okusuula enjigiriza oba ebikolwa eby'omugaso gye tuli. Twetaaga okwawula wakati w'enjigiriza enkulu n'ebikolwa ebikulu eby'okukkiriza kwaffe (ka tugambe nga, Bayibuli kye Kigambo kya Katonda; Ekikula kya Katonda; obubi bw'omuntu n'obutasobola kwerokola; omuntu n'omulimu gwa Kristo; ekkubo lyokka ery'obulokozi, olw'ekisa okuyita mu kukkiriza mu Kristo; etteeka ery'okwagala)

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

n'ezitali nkulu. Obumu bulina kusinziira ku nsonga enkulu ez'okukkiriza kwaffe. Tulina okukola, okugabana, n'okuteekawo enkolagana wakati waffe. Tetuteekwa kukkiriza enzikiriza oba ebikolwa ebitali bikulu okwawukanya obumu bwaffe. Bwe tukola ekyo, tujja kusanga nti bingi nnyo okusinga ku ebyo ebijja okutugatta okusinga okutwawula.

6. Obumu n'obulamba mu kkanisa bwolesebwa mu ngeri ez'enjawulo.

a. *Okukuŋŋaana awamu mu kusinza okwa bonna (**Beb 10:23-25**).*

b. *Okwetaba mu sakalamento (laba **Mat 28:19; Bik 2:38; 1 Kol 10:17**).* Newakubadde okubatiza, ng'emmeeza ya Mukama, kwa kukolebwa omulundi gumu gwokka, ekikolwa ekirungi ekiyamba okugatta ekkanisa awamu kwe kujjukira okubatizibwa kwaffe buli kiseera. Ekkubo limu ery'okukola ekyo kwe kulaba nti ebitundu eb'omubiri gwa Kristo bituukiriza obweyamo bwabyo obw'okubatizibwa omuntu bw'aba abatizibwa, n'okusuubiza okusabiranga omuntu oyo agenda okubatizibwa.

c. *Ekijjulo ekya bonna n'okussa ekimu (**Bik 2:42, 46-47**).* Okussa ekimu okw'Ekikristaayo mu kkanisa kulagibwa ekigambo ky'Oluyonaani *koinonia* ekitegeeza "okukolagana okulimu ebigendererwa eby'awamu n'okugabana; okussa ekimu; endowooza ya buli omu okwagaliza munne ebirungi eyolesa okwetaba mu nkolagana ennuŋŋamu. Okussa ekimu ng'okwo kulina kubeera obumu bwennyini, okwagala, n'okweyagala okwolesebwa ab'oluganda abaagalana ab'enju emu buli omu eri munne. Enkung'aana ezikolebwa ekkanisa yonna n'obubiina obutono mu kanisa makubo malungi ag'okusitula okussa ekimu.

d. *Okugabana n'okuyambagana mu bintu (**Bik 2:44-45**).* Ab'enju emu bayambagana. Okuyamba abali mu bwetaavu kulaga nti ddala tuli ba nju emu (laba **Bag 6:10; Yak 2:14-26**).

7. Obumu n'obulamba bye bijja okuvaamu singa ekkanisa ekola ekyo ky'eteekeddwa okukola.

a. *Okusaba kwa Kristo "nti bonna babeerenga bumu" (**Yok 17:21**).* Engeri ekyo gye kyogeddwamu eraga nti obumu (obulamba) ky'ekintu ekiva mu kintu ekirala, so si ekintu kye tuyinza okufuna "obutereevu". "Ekintu ekirala" ekyo bwe bubaka obulala obusatu obusooka n'ebigendererwa eby'ekkanisa: okusinza; okukulakulanya (okuliisa); n'obuweereza (obw'ebweru.)

b. *Ekkanisa ejja kwolesa obumu n'obulamba singa—eyolesa obuweereza bwaayo obwo obusatu obusookerwako n'ebigendererwa byayo.*

(1) Tetuli "balamba" singa tuleka ekimu ku bigendererwa ebikulu eby'ekkanisa. Awo minzaani yaffe ejja kuba teyenkanyenkanye.

(2) Ng'ekkanisa bw'esinziza ddala Katonda, "mu mwoyo ne mu mazima", teyinza kulemwa kwegatta mu bumu n'okubeera ennamba.

(3) Ekkanisa nga bw'eyisa abagirimu ng'abaagalwa ab'omu nju emu, abakkiriza bajja kufuuka omuntu omu omulamba nga bwe baliisibwa, bakulaakulanyizibwa, era nga bwe batuukirizibwa.

(4) Ekkanisa nga bw'eweereza n'etuukirira n'ab'ebweru, abakkiriza mu kanisa bajja *kukozesa* ebirabo byabwe n'obusobozi bwabwe ebibaweereddwa. Bajja kuba bazimba "emisuwa egy'omwoyo" mu ngeri y'emu ng'okwemanyiiza okukola emizannyo bwe kuzimba emisuwa egy'omubiri (laba **1 Tim 4:7-8**).

(5) Ekkanisa nga bw'eweereza n'etuukirira n'ab'ebweru, abo abalala bajja kufuuka abakkiriza bajje mu kkanisa. Mu ngeri eyo ekkanisa ejja kukula.

(6) Abakkiriza abaggya bajja kufuuka abasinza. Ng'abakkiriza abo abaggya bwe bafuulibwa abayigirizwa, bwe balabirirwa, era bwe batuukirizibwa, bajja kufuuka abalamba. Bajja kukozesa ebirabo byabwe n'obusobozi bwabwe batuukirire n'abalala ab'ebweru. Omulimu ogwo gujja kugenda gudding'ana.

c. *Obubaka bwonna obusookerwako n'ebigendererwa eby'ekkanisa bikolagana era byetaagibwa.*

Tewali n'akamu ku bubaka bw'ekkanisa obusookerwako n'ebigendererwa byayo obwemalirira. Okukola obulungi obubaka obusatu obusookerwako n'ebigendererwa *kivaamu* obumu n'obulamba *ne kyongera n'amaanyi* mu kusinza, okukulaakulana, n'obuweereza obw'ebweru. Ensonga eri nti ekkanisa eba ekola ekyo ky'eteekeddwa okukola. Eyo y'endowooza ey'okusinza; ekyo ky'ekikula ky'okwagala. Ekkanisa bw'ekola ekyo ky'eteekeddwa okukola, tuyinza okutuula nga tuli bakakafu nti *"Katonda y'akoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi"* (**Baf 2:13**), olw'okuweesa Kristo ekitiibwa, kati, n'emirembe n'emirembe.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

## II. Ekkanisa ne Sente

### A. *Ekkanisa yeetaaga okulaga enkozesa y'ensimbi zaayo*

1. Ennono, n'eky'okulabirako, eky'okulaga ensaasaanya y'ensimbi etuweereddwa mu **2 Kol 8:16-24**: [16]*Naye Katonda yeebazibwe, eyassa mu mutima gwa Tito okufuba okwo ku lwammwe.* [17]*Kubanga okukkiriza akkirizza okubuulirira kwaffe; kubanga naye yennyini alina okufuba okungi, asitula okugenda gye muli nga yeetuma.* [18]*Era tutuma wamu naye ow'oluganda, atenderezebwa mu njiri mu kanisa zonna;* [19]*so si ekyo kyokka, era naye oyo ye yalondebwa ekkanisa okutambula naffe olw'ekisa ekyo, kye tuweereza ffe Mukama waffe aweebwe ekitiibwa, era tulage okwagala kwaffe amangu,* [20]*nga twewala ekyo, omuntu obutatunenyaolw'ekirabo kino kye tuweereza;* [21]*kubanga tuteekateeka ebirungi, si mu maaso ga Mukama waffe mwokka, era naye ne mu maaso g'abantu.* [22]*Era tutuma wamu nabo muganda waffe, gwe twakemanga emirundi emingi mu bigambo ebingi nga munyiikivu, naye kaakano munyiikivu nnyo okusingawo, olw'okwesiga okungi kw'alina eri mmwe.* [23]*Omuntu bw'anaabuuzanga ebya Tito,ye assa ekimu nange era ye mukozi munnange eri mmwe; oba bya baganda baffe, be babaka ab'ekkanisa, aabo kye kitiibwa kya Kristo.* [24]*Kale mubalage mu maaso g'ekkanisa ekiraga okwagala kwammwe n'okwenyumiriza kwaffe ku lwammwe.*

2. Omwaliro gw'ekitundu ekyo eky'ebyawandiikibwa kwe kukuŋŋanya sente Pawulo ze yalina okutwala olw'okuyamba abakkiriza abaavu mu Yerusaalemi (laba **Bar 15:25-27; 1 Kol 16:1-4; 2 Kol 8:1-15**).

3. Pawulo yateekawo enkola ey'okulaga ensaasaanya y'ensimbi mu kukozesa sente ezaali zikuŋŋaanyizibwa.

   a. Pawulo teyaweebwa oba okukwasibwa sente ezo mu buntu.

   b. *Yateekawo akakiiko akakwata sente ezo n'akalaga enfuluma yaazo.*

      (1) Akakiiko kaalimu abantu basatu—Tito n'abasajja abalala babiri (**2 Kol 8:16, 18, 22**).

      (2) Buli omu ku basajja abo yali amanyiddwa mu kkanisa, yali agezeseddwa, era ng'akakasiddwa okubeera omwesigwa (**2 Kol 8:18-19, 22-23**).

      (3) Waakiri omu ku bo yalondebwa ekkanisa, so si Pawulo (**2 Kol 8:19**). Ekyo kyakolebwa okusinziira ku nkola eyaliwo ey'okulonda abakadde *mu kkanisa* (so si abatume okubalonda) mu **Bik 6:3**. N'olw'ekyo wano Pawulo alekedde okusalawo kw'ekkanisa obuyinza bwe obw'obutume.

      (4) "Ab'oluganda" ababiri ku kakiiko baali babaka b'amakkanisa (**2 Kol 8:23**).

   c. *Ensonga eyateekesaawo akakiiko ak'ensimbi yali kukakasa nti sente ezo zikwatibwa bulungi*
   (**2 Kol 8:20-21**).

      (1) Waliwo ebintu ebiteekwa okukolebwa okutangira enkozesa embi eya sente (**2 Kol 8:20**).

      (2) Tulina okulaga Katonda, ekkanisa, n'abalala okutwaliza awamu enkwata yaffe eya sente (**2 Kol 8:21**). Enkozesa y'ebigambo mu **2 Kol 8:21** ekkaatiriza omugaso gw'obwesigwa *"mu maaso g'abantu"* (olw'okuba nti Katonda amanyi obwesigwa bw'abali mu mulimu ogwo).

      (3) Obwesigwa mu sente n'enkwata yaazo entuufu ku nkomerero byeraga mu *"kitiibwa kya Mukama waffe Yesu Kristo"* (**2 Kol 8:19, 23**).

4. Enzimba y'akakiiko ka Pawulo akalabirira eby'ensimbi ekwatagana n'engaba y'obuyinza mu makanisa agasigadde ag'omulembe ogw'Endagaano Empya.

   a. Ekkanisa ey'Endagaano Empya ku bwayo yalina ekikula eky'obuyinza obugabanibwa (**Bik 6:1-7; 14:23; 16:4; 20:17, 28; 21:18; 1 Tim 3:1-13; Tito 1:5-9**).

   b. *Kubanga abantu mu kikula kyabwe boonoonyi, tekiba kya magezi eri omuntu yenna, ne bw'aba ng'atya nnyo Katonda, okubeera nga y'alina obuyinza bwonna mu kanisa.* N'ol'wekyo, akakiiko akalabirira, akatera okubeeramu omusumba, nga kali wamu keetaaga okubeera nga ke kafuga ekkanisa n'enkwata ya sente mu yo.

   c. *Sente eziba ziyingidde zirina okubalibwa, okujulirwa, ne zikeberebwa abantu abasukka ku omu.* Ekyo kijja kuyamba okwewala enkwata ya sente embi, obubbi, n'obukumpanya.

5. Enkola ey'okulaganga enkozesa ya sente erina kubeeramu ebintu ebiwerako, okwongereza ku ky'okubeera nga zikwatibwa abantu abasukka ku omu (Obiero 1995:52; Hussein 1998: 21):

   a. *Walina kuteekebwawo amateeka agafuga enkozesa ya sente z'ekkanisa.*

      (1) Enkwata ya sente z'ekkanisa erina kusinziira ku "nkola ekkiriziddwa bonna ey'okulaga enkozesa yaazo."

         (A) Amazima gali nti, "ebbaluwa za Pawulo ziraga enkola ey'okuddukanya omulimu n'ebigambo ebyakozesebwanga mu mateeka mu biseera biri. . .

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

[kubanga] obwesigwa bw'amakkanisa n'okukkirizibwa kwago ng'ebitongole ebyefuga byesigamizibwanga ku ngeri amakkanisa ago gye gaali gasobola okutambulira ku nkola ezaaliwo mu biseera ebyo mu kutambuza emirimu gyago emitongole" (Betz 1985: 134).
(B) Obwesigwa bw'amakkanisa n'okukkirizibwa kwago n'olwaleero bikyasinziira ku busobozi bwago mu kukozesa enkola entuufu eziri mu mateeka ez'okukwatanga sente n'okutambuza emirimu.

(2) <u>Okubeera n'amateeka kuyamba omuntu yenna akola ku bya sente n'okulaga ensaasaanya yaazo okusalawo mu ngeri ekkirizibwa, mu budde obutuufu, era ekwatagana n'ekigendererwa.</u> Bwe tusalawo okusinziira ku ndowooza yaffe ng'abantu sekinn'omu, abalala bajja kusigala nga beebuuza oba be bajja okukulembera mu kusalawo obubi mu biseera eby'omu maaso; ekintu ekiyinza okumalamu abalala amaanyi ne kitwala n'ago agaalibadde gakozesebwa mu kukola ku nsonga endala ez'omugaso.

(3) <u>Amateeka gayamba okukuuma ebintu by'ekkanisa ne gaziyiza enkwata yaabyo embi, ne galeetawo okwesiga, ne gaziyiza ebibuuzo ebiteetaagisa ebiyinza okuva mu bantu.</u> Amateeka ago galimu:
(A) Okuteekateeka omusaala gw'omusumba n'ebirala ebyeyongerako ebimwetaagisa okusasulwa.
(B) Okuteekawo amadaala ag'enfulumya ezeetaagisa olukusa lw'obukulembeze oba abantu b'ekkanisa. Eky'okulabirako, oyinza okwetaaga okulaganga lisiiti ya sente ezikozeseddwa waggulu wa siringisi 10,000 oba okusooka okukkirizibwa ekkanisa bw'oba olina okukozesa sente eziri waggulu wa siringisi 100,000.
(C) Okuteeka mu biwandiiko enkozesa y'ebintu by'ekkanisa, katugambe, mugenda okukkirizanga entebe z'ekkanisa, ebyuma ebikozesebwa mu kuyimba, n'ebirala, okweyazikibwanga abantu abatali ba kanisa nga tebalina kintu kye babalekedde?
(D) Tewali sente nyingi eziteekwa okuterekebwa ku kanisa. Wabula, ekkanisa erina kubeera n'ensawo mu banka esobole okuterekangayo sente zaayo.

b. *Okukuumanga ebiwandiiko ebirungi eby'enyingiza n'enfulumya.* Okukuuma ebiwandiiko ebirungi kulimu okutandika ekika ky'enkola ey'okubalirira.

(1) <u>Ekitono ennyo, ebiwandiiko ebiraga embalirira byalibaddemu bino wammanga:</u> (A) enyingiza n'enfulumya; (B) sente ezirina okufunibwa; (C) sente ezirina okufuluma; (D) empapula eziraga sente ezifisseewo; ne (E) akatabo ka banka.
(2) Ebiwandiiko ebiraga embalirira birina okubeera nga bisobola okulabibwa omuntu yenna ayagala okumanya emirimu egikolebwa ekkanisa.
(3) Ebiwandiiko ebirungi biyamba obukulembeze bw'ekkanisa okwogera n'obuyinza ku nsonga ezikwata ku kanisa n'omuntu yenna ayagala okwenyigira mu mirimu gyayo.
(4) Ebiwandiiko ebirungi nabyo bisikiriza abagaba sente n'ebibiina ebirala ebiyambi ebirina okuwa alipoota eri ebibiina ebiba bibitumye.
(5) Ebiwandiiko ebirungi biraga ebyafaayo bya sente z'ekkanisa. Biraga obuwanika obulungi oba obubi, era ekyo kijja kubaako ne kye kikola ku kuwaayo sente mu biseera eby'omu maaso n'obulamu bw'ekkanisa.

c. *Lisiiti eziraga ebintu ebiguliddwa zirina okukuumibwa, n'obuyambi obuba bufuniddwa okuva awantu bulina okukakasibwa mu buwandiike. Lisiiti n'ebiwandiiko ebirala bijjawo okubuusabuusa ku mazima n'obwenkanya ebiri mu ntambuza y'emirimu gy'ekkanisa.* Emu ku mpisa enkulu ekkanisa z'eddukanyizibwako ge mazima; n'olw'ekyo, okubalirira obulungi enyingiza n'enfulumya kya mugaso.

d. *Mukuume ebiwandiiko ebiggule.* Ebiwandiiko by'ekkanisa ebikwata ku sente birina kubeera nga biggule eri abantu b'ekkanisa okusobola okubirabangako. Ekirala, obukulembeze bw'ekkanisa bulina *okufuna* alipoota ekwata ku sente buli luvannyuma lw'ekiseera ekigere (katugambe, buli mwezi) era bulina kuwa ekkanisa amawulire buli luvannyuma lw'ekiseera ekigere (omwezi gumu, oba ena, oba mukaaga) okutegeeza abantu ku bungi bwa sente eziba ziyingidde ne kye zikoze (eky'okulabirako, alipoota eyo mu bufunze bwayo eyinza okuteekebwa ku lubaawo lw'ekkanisa abantu basobole okugisoma n'okuba ne kye bagyogerako).

(1) Abantu b'ekkanisa balina <u>eddembe okumanya</u> kiki ekikolebwa ku sente zaabwe.
(2) Okwongerezaako, abantu b'ekkanisa <u>baagala okumanya</u> kiki ekikolebwa ku

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

sente zaabwe—abantu baagala "okuddizibwa amawulire."
(3) Okufulumyanga amawulire agafa ku sente okukolebwa buli luvannyuma lw'ekiseera ekigere kujja kuwummuzaamu okutya nti sente zoonoonebwa era kijja kukakasa ekkanisa nti sente zaabwe zikozesebwa bulungi.
(4) Okufulumyanga amawulire agafa ku sente kujja n'okulaga ekkanisa obwetaavu obw'amaanyi obwa sente wa we buli.

e. *Mukubirize abantu b'ekkanisa okubaako ne kye bagamba.* Mubeere n'ekibokisi abantu b'ekkanisa mwe bayinza okuteeka ebirowoozo bye baagala okuwa. Ensonga ez'amaanyi zoogerweko mu kanisa. Okukola ekyo kujja kuyamba okuziyiza obutategeeragana, kijja kuyamba abantu okwenyigira mu nsonga z'ekkanisa, era kiyinza okuvaamu ebirowoozo bingi ebirungi ebiyinza okutereeza ekkanisa.

**B.** ***Ekkanisa yeetaaga okukozesa sente zaayo n'ebikozesebwa byayo okusinziira ku mbalirira eri mu buwandiike***

1. Embalirira ebeera nteekateeka ya kukozesanga sente era egendererwa:
   a. okulaga ebisookerwako ebikulu ennyo eby'ekkanisa;
   b. okukozesa sente so si mu kwanukula ebyetaago eby'amangu, naye okusinziira ku nteekateeka ezingiramu byonna ebirina okukolebwa;
   c. okukwatagana n'obutamala bw'ensimbi oba okusukkirira kwazo mu ngeri ey'amagezi; ne
   d. okubeeramu enjuyi zonna eziyingiza n'ezifulumya, ez'ekiseera ekimpi n'ekiwanvu.
2. Ebikwata ku kubalirira:
   a. *Embalirira erina kukolebwa buli mwaka.*
   b. *Embalirira y'omwaka erina kumenyebwamenyebwamu enyingiza oba enfulumya eza buli mwezi abakulembeze b'ekkanisa basobole okumanyira ddala kiki ekyetaagibwa okuddukanya obuweereza bw'ekkanisa.*
      (1) Buli mbalirira y'omwezi eyinza okwenkanankana ne 1/12 eky'embalirira y'omwaka oba omuwendo omulala (enyingiza oba enfulumya gye zitasuubirwa okwenkanankana buli mwezi okuyita mu mwaka gwonna).
      (2) Enfulumya eza buli mwezi zirina okukuumibwa nga zenkanankana n'enyingiza yennyini.
   c. *Okukola ebitongole n'okwekebejja enfulumya birina okukolebwa.*
      (1) Eby'okulabirako eby'ebitongole biyinza okubeera: Abakozi b'ekkanisa; Obuyigirize obw'Obukristaayo; Okuyimba; Ebyeyambisibwa; Entambula; Obuweereza eri abantu abali mu kitundu; Obuweereza eri ensi zonna; n'Entambuza y'emirimu gy'ekkanisa.
      (2) Ng'omwaka gw'eby'ensimbi tegunnatandika, okusaba kulina okwanirizibwa okuva eri buli kimu ku bitongole ebikulu. Okusaba okwo kulina okulaga emiwendo gy'ebintu ebisuubirwa okufunibwa mu kitongole ekyo (birina kuteekebwa mu bibinja). Abo abakola ku mbalirira bateekwa okulaga bitundu bimmeka ku buli kikumi eky'omugatte gw'enyingiza buli kitongole bye kinaakozesa. Buli mwaka embalirira ya buli kitongole etandikira ku siringisi 0, era erina kukolebwa buli mwaka omuggya. Okweyongera kwokka mu mbalirira kuleme kusuubirwa mu kibinja kyonna oba ekitongole kyonna.
      (3) Ebirala eby'eyongerako mu bujjuvu n'ebibinja ebirala eby'embalirira biyinza okugattibwako nga bwe kiba kisaanidde.
   d. *Embalirira erina kukyusibwamu n'okuddibwamu mu mwaka nga bwe kiba kisaanidde okusobola okwenkanyankanya enfulumya n'enyingiza.*
3. Omusingi gw'embalirira. Bino wammanga by'ebintu ekkanisa by'erina okulowoozaako mu kukola embalirira yaayo:
   a. Ebisookerwako mu buweereza bw'ekkanisa bye biki (laba "**Obubaka n'Ekigendererwa ky'Ekkanisa"** mu bulambulukufu buno)?
   b. Ebigambo ebyogera ku buweereza bw'ekkanisa bigamba ki?
   c. Okwolesebwa kw'ekkanisa kiki?
   d. Enfulumya za sente *eziriwo* ziraga obubaka n'okwolesebwa kwennyini okw'ekkanisa yaffe, oba birina okukyuusibwamu?
   e. *Olukalala lw'obuweereza obwo obusookerwako luyimiridde lutya (okutandika n'obusinga okuba obw'omugaso okudda ku butali bwa mugaso nnyo)?*
      (1) Ebisookerwako ebikwata ku ffe fekka biki?
      (2) Okugaba kwaffe eri obuweereza obuli ku mutindo gw'ensi yonna kwenkana wa nga kugeraageranyiziddwa n'enfulumya yaffe ku kkanisa yaffe?
   f. Ebiruubirirwa by'ekkanisa eby'ekiseera ekitono (emyezi 12) biki, era binaatwala sente

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

mmeka buli mwaka (ne buli mwezi)?

g. *Ebiruubirirwa eby'ebiseera ebiwanvu eby'ekkanisa (ebisukka ku mwaka gumu) bye biri wa?*

(1) Ebiruubirirwa ebyo binaatwala sente mmeka?

(2) Ebiruubirirwa ebyo binaatwala sente mmeka mu buli gumu ku myaka etaano egijja?

h. Biruubirirwa ki ebiyinza okulekebwa singa wabeerawo obutamala bwa sente, oba biruubirirwa ki ebiggya ebiyinza okuteekebwamu singa wabaawo sente endala ezifuniddwa?

i. Sente mmeka ekkanisa ze yeetaaga ez'okwekuumisa?

4. Eby'okulowoozaako eby'awamu ebikwata ku bikulu ebiri mu mbalirira.

a. *Waliwo ebigendererwa bibiri ebikulu ebimu eby'ekkumi n'ebiweebwayo by'ekkanisa mwe birina okukozesebwa.*

(1) Ekisooka kwe kusasulira enfulumya z'ekkanisa ez'omunda: abakozi, eby'obugagga, ebikozesebwa n'ebyetaagibwa obuweereza obw'enjawulo mu kkanisa (nga **1 Kol 9:7-14**).

(2) Eky'okubiri kwe kusasulira omulimu gw'ekkanisa ogw'obuweereza Obw'Ekikristaayo ogukolebwa ebweru: obubaka obw'ebweru, obubaka obw'awaka, obubaka obw'ekisa, n'ebirala (eky'okulabirako, **1 Kol 16:1-4; 2 Kol 8-9**).

b. *Ekkanisa kasita ekkiriza okukola ebintu ebyo ebibiri ebikulu, ekibuuzo eky'omugaso kiba: Sente mmeka ezirina okukozesebwa mu nfulumya e z'ekkanisa, era sente mmeka ezirina okugabibwa?* Ebyawandiikibwa tebituwa kiragiro kitangaavu ku ekyo, n'olw'ekyo amakkanisa gatera okwekolera amateeka gaago agakifuga. Abakulembeze b'ekkanisa bateekwa okwekolera amateeka gaabwe okusinziira ku kuluŋŋamya kwa Mukama n'ekyo Bayibuli ky'eyigiriza.

c. *Bulijjo kiba kirungi okwebuuza ekibuuzo: Ffe ng'ekkanisa twesigaliza sente nnyingi ezikukkiridde oba?* Mu kuddamu ekibuuzo ekyo, twetaaga okulowooza ku bino ebisatu wammanga:

(1) Ebyawandiikibwa biraga nti amakanisa amagagga geetaaga okulowoozanga ku buvunanyizibwa obw'okuyamba ago agatali (**2 Kol 8:13-15**).

(2) Tewali wonna Ebyawandiiibwa we biyigiriza nti ekimu eky'ekkumi kyonna kya kukozesebwanga mu kanisa ey'awaka oba okusasula abakadde b'ekkanisa ate endala ezijja mu makubo amalala za kukozesebwanga mu buweereza obw'ebweru.

(3) Okugabira abaavu sente n'abali mu bwetaavu ky'ekibinja ky'okugaba ekikyasinze okunyonnyolwa mu Ndagaano Empya.

d. *Amakanisa gonna geetaaga okwebuuzanga ekibuuzo:* "Okusinziira ku Kigambo kya Katonda, ffe ng'ekkanisa twetaaga okukyuusaamu ku nfulumya yaffe oba nedda?"

5. Eky'okulabirako eky'embalirira—Embalirira y'ekkanisa, ey'omwaka:

| *EBIKOZESEBWA MU BUWEEREZA:* | *EBYETAAGO BY'OBUWEEREZA:* |
|---|---|
| 1. Sente eziriwo | 1. Abakozi abakola ku busumba |
| 2. Okugaba okwa bulijjo (ebimu eby'ekkumi n'ebiweebwayo) | 2. Okuddukanya emirimu: |
| 3. Ebiweebwayo eby'Enjawulo | a. Abakozi |
| 4. Ebirabo | b. Okupangisa ennyumba |
| 5. Enyingiza Endala | c. Okuddaabiriza |
| OMUGATTE | d. Ebyeyambisibwa |
| | e. Ebikozesebwa |
| | f. Ebyetaago bya ofiisi |
| | g. Okwekuuma |
| | h. Emmere |
| | i. Entambula |
| | j. Ebirala |
| | 3. Obuweereza obw'okuyigiriza n'obuyigirizwa |
| | 4. Obubaka obw'ebweru n'okubuulira enjiri |
| | 5. Sente ez'okuyamba abaavu |
| | 6. Ebyuma eby'okuyimba n'okusinza |
| | 7. Emikolo egy'enjawulo |
| | 8. Ezigenda mu ofiisi eza waggulu |
| | 9. Ezifisseewo (Ezirinda obulinzi) |
| | OMUGATTE |

**C. *Ekkanisa erina okusasula omusumba waayo***

1. Endagaano Empya eraga nti ekkanisa erina okusasula omusumba waayo oba omukadde ayigiriza **1 Kol 9:7-14**: [7]*Ani agenda okutabaala yonna yonna n'atabaaza ebintu bye ye? Ani asimba olusuku n'atalya ku mmere yaamu? Oba ani alunda ekisibo n'atanywa ku mata g'ekisibo ekyo?* [8]*Ebyo bye*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*njogera bya buntu? Oba era n'amateeka tegoogera bwe gatyo?* ***9****Kubanga kyawandiikibwa mu mateeka ga Musa nti, "TOGISIBANGA KAMWA ENTE NG'EWUULA." Katonda alowooza bya nte?* ***10****Oba ayogera ku lwaffe fekka? Kubanga kyawandiikibwa ku lwaffe: kubaga alima kimugwanira okulima ng'asuubira, era n'awuula kimugwanira okuwuula ng'asuubira okuweebwako.* ***11****Oba nga ffe twabasigamu eby'omwoyo, kya kitalo ffe bwe tulikungula ebyammwe eby'omubiri?* ***12****Oba nga abalala balina obuyinza obwo ku mmwe, ffe etusinga bo? Naye tetwakoza buyinza obwo; naye tygymiikiriza byonna, tulemenga okuleeta ekiziyiza enjiri ya Kristo.* ***13****Temumanyi ng'abo abaweereza ebitukuvu balya ku by'omu yeekaalu, n'abo abaweereza ku kyoto bagabana n'ekyoto?* ***14E****ra ne Mukama waffe bw'atyo yalagira ababuulira enjiri baliisibwenga olw'enjiri* (laba ne **Bar 15:27; Bag 6:6; 1 Tim 5:17-18**)

2. <u>Endagaano Empya teraga obungi bwa sente ekkanisa bw'erina okusasula omusumba oba enkola gy'erina okukozesa mu kumusasula.</u>

a. Abamu baweebwa omusaala gwennyini, abalala baweebwa ekitundu ku buli kikumi eky'ebimu eby'ekkumi n'ebiweebwayo ebirala.

b. *Mu ngeri emu oba endala ennyingiza y'omusumba erina okwenkana n' enyingiza eya wakati ey'abantu b'ekkanisa, katugambe ng'omusomesa w'essomero z'aafuna.* Wajja kubaawo enjawuulo nnene wakati w'emisaala amakkanisa gye gasasula abasumba baago, ne wakati w'amakkanisa ag'omu byalo n'ago agali mu bibuga, kubanga ennyingiza z'abantu baago z'awukanira ddala. Wabula bwe wabaawo amaka 10 mu kkanisa, era buli maka nga gawa ekimu eky'ekkumi, ekkanisa eyo esobola okuyimirizaawo omusumba waayo.

c. *Mu kulima olw'okubeezaawo obulamu mu byalo, ebitundu ebirimu abantu abatakolera misaala, abasumba balina okusasulwa n'ebiva mu nimiro awamu n'ebisolo.* Mu bitundu ng'ebyo, ekitundu ky'ennimiro kiyinza okuweebwa ekkanisa oba omusumba. Era mu bitundu ng'ebyo omusumba ayinza okusasulwa n'emirimu (katugambe, okumuzimbira ennyumba, okumusimira k'abuyonjo, okumulimirako, n'ebirala).

d. *Omutume Pawulo, ng'omubuulizi era omutandisi w'amakanisa, oluusi yakolanga emirimu "egitali gya Katonda"(okukola weema) okufuna sente ng'ali mu buweereza obw'enjiri (laba* ***Ebikolwa 20:33-34; 2 Kol 11:9-12; 1 Bas 2:7-9; 2 Bas 3:7-8****).* Pawulo yafunanga n'ebirabo okuva eri abakkiriza (**2 Kol 11:8; Baf 4:14-18**).

e. *Kubanga Pawulo teyali musumba wa kkanisa emu, embeera ye teyali ng'ey'omusumba.* Wabula, abasumba bwe batandika amakkanisa, oba mu makkanisa agalimu abantu abatono abatasobola kuyimirizaawo omusumba mu bujjuvu, omusumba ayinza okwetaaga okukola omulimu ogw'ebweru okweyimirizaawo nga Pawulo bwe yakolanga. Naye, ekkanisa nga bw'ekula, erina okubeera ng'esemberera obuvunaanyizibwa obw'okusasulanga omusumba waayo omusaala ogumubeezaawo okusinziira ku kuluŋŋamya okwo kwe tulabye waggulu.

f. *Waliwo ensonga nyingi lwaki kiba kya kabi omusumba okugenda mu maaso n'okweyimirizaawo yekka n'omulimu ogw'okukozesebwa ebweru ng'ekkanisa weeri:*

(1) <u>Mu ngeri eyo ekkanisa ekkirizibwa obuteefiirayo ku buvunaanyizibwa bwayo obuva mu bayibuli obw'okuyimirizaawo omusumba.</u> Ekyo kivaamu okufiirizibwa emikisa egy'omwoyo n'okwolesebwa.

(2) <u>Ekkanisa enyagibwako ebibala eby'obuweereza bw'omusumba obw'obudde obujjuvu.</u> Omusumba abeera n' essaawa ntono ez'okukyalanga, ez'emisomo gya Bayibuli egikolebwa wakati mu wiiki, n'emirimu emirala egirina okukolebwa wakati mu wiiki.

(3) <u>Omusumba ayisibwa bubi awamu n'obuweereza bwe.</u> Abeera na budde butono n'amaanyi matono ag'okuyiga bayibuli, okusaba, okukyalanga, n'okukola ebirala ebyetaagisa ennyo mu buweereza.

(4) <u>Omulimu ogutali gwa bwakatonda guyinza okuba omutego ogukema omusumba okuleka obuweereza bw'ekkanisa bwonna.</u>

(5) <u>Ekkanisa obutayimirizaawo omusumba waayo gufuuka omuze ogwekola gwokka.</u> Kijja kubeera kizibu eri abasumba abapya okukola mu busumba obwo, kubanga abantu b'ekkanisa eyo bajja kwagala n'abo beeyimirizeewo bokka. (Hodges 1953: 81)

3. <u>Amakanisa (ne, naddala, agali awamu) galina okuteekawo ensawo omuva sente ez'okulekulira kw'abasumba.</u> Abasumba bangi abalekulira, oba abeetaaga okulekulira, bava ku buweereza nga tebaweereddwa kantu konna. Amakkanisa mangi agakolera awamu, n'ago agakola gokka nga tegeegasse n'amalala, kati galaba nti buno butali bwenkanya bwa maanyi. Ekivuddemu, kati gataddewo ensawo omuva sente ez'abasumba abalekulira. Sente ntonotono eziteekebwa mu nsawo eyo buli mwezi oba buli mwaka zijja kukula zifuuke sente nyingi nnyo oluvanyuma lw'emyaka mingi. Eyo nsonga ya buwanika bwa sente, era ebeera ngeri ya kuwa abakadde b'ekkanisa abakoze omulimu omulungi ekitiibwa (**1 Tim 5:17-18**).

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**D.** ***Enkozesa ya sente ekolagana butereevu n'obubaka obw'omwoyo obw'ekkanisa n'obulungi bwayo***

1. Ekkanisa bw'ekwata obulungi sente zaayo, kiwa obubaka bw'ekkanisa amaanyi ne kiraga n'abakkiriza n'abatali bakkiriza nti kye kitangala ky'ensi.

2. Enkwata entuufu eya sente ejja kukendeeza nnyo enkozesa embi eya sente mu kanisa. Enkozesa ya sente embi teteekwa kubeera mu kanisa kubanga eraga ensi nti ekkanisa nayo nyonoonefu, si ntuukirivu. Ensi bw'eraba ekyo, tewali nsonga lwaki ejja eri Kristo—kale obubaka n'ekigendererwa ekisooka eky'ekkanisa kigootaanyizibwa.

3. Enkwata entuufu eya sente erina okuviiramu ekkanisa okugaba okweyongedde. Amakkanisa mangi gafuba okufuna sente ezimala okusisinkana ebyetaago byago mu mirimu gyago n'okuddukanya omulimu gw'obubaka obw'ebweru n'ebigendererwa eby'ekkanisa. Bayibuli awamu n'okunoonyereza ku kugaba biraga ebintu ebitakka wansi w'ebisatu ekkanisa by'eteekeddwa okukola, ebiyinza okugiviiramu okweyongera okugaba.

a. *Ekkanisa erina okuyigirizibwa obulungi ku nkwata ya sente entuufu n'eby'omwoyo ebivaamu ku nkozesa ya sente (laba* ***"Obuwanika bwa sente n'eby'obugagga,"*** *waggulu).* Okugaba mpisa ya buntu. "Yesu Kristo yanyonnyola sente ng'engeri y'ekyuma ekipima embeera y'omutima: ebintu byo gye biri, n'omutima gwo gye gubeera (**Mat. 6:24**). . . . Okusitula enkozesa ya sente okutuuka ku ddaala ery'okwesalirawo mu bikwata ku mpisa, nga y'engeri gye kinyonnyoddwamu mu Bayibuli yonna, kujja kuyamba abantu b'ekkanisa okupima ebikulu ebisookerwako mu bulamu bwa buli omu sekinn'omu, ne mu mirimu gy'amakung'aniro gaabwe. Kisobokera ddala nti, ng'abantu bwe baleeta okukkiriza kwabwe n'ebikolwa byabwe ne babikwanaganya ne sente, enkyuukakyuuka eyo eyinza okuvaamu ebirungi mu bitundu ebirala eby'empisa zaabwe mu bulamu bwabwe, ne mu bantu abalala okutwaliza awamu." (Ronsvalle and Ronsvalle 2005: 121-22)

b. *Ekkanisa yo ku bwayo erina okuteeka sente nyingi nga bw'esobola mu mbalirira y'obubaka n'emirimu abantu gye bamanyi nti gya mugaso era gya muwendo nnyo.* "Engeri ekkanisa gy'ekozesaamu sente zaayo nayo eyinza okulabibwa ng'empisa ennungi. Ekkanisa eyanguwa okusala ku mbalirira y'obuweereza obw'ebweru kubanga ebyetaaga okukolebwako mu kkanisa byeyongedde, okusinga okukubiriza abantu okwongera okugaba okusobola okusisinkana ebyetaago ebyo n'okugayiza obuweereza, eba ekola okusalawo okw'empisa." (Ibid.: 121)

(1) Abantu batera okwagala okweyongera okugaba singa bakkiriza nti ekyo kye bateekamu sente kya muwendo. Okunoonyereza okwakolebwa mu Amerika okukwata ku kugaba kw'ekkanisa kwakizuula nti abantu bangi abaalisobodde okuwa sente nyingi okusinga ze baali bawa ekkanisa baali tebawa okusingawo kubanga "ekkanisa terina ky'ekola eky'omugaso ekimala, okusobola okufuna obuwagizi obutuufu omuntu oyo bwe yaalibadde asobola okuwa. Bangi ku bantu abo baagala okugaba mu bungi bwe baba basoomoozeddwa ekintu kye balaba nti kya mugaso. Obuzibu buyinza okuba nti ekiteeso eky'endabirira y'emirimu gy'ekkanisa tekibawa nsonga ematiza okubasobozesa okuwa ekkanisa yaabwe okusinziira ku busobozi bwabwe." (Ronsvalle ne Ronsvalle 2002: 100). Abakulembeze b'ekkanisa beetaaga okuyigiriza abantu baabwe ku mugaso n'omuwendo—eri obubaka bw'ekkanisa n'eri abantu bennyini—ogw'emirimu gye baagala abantu baabwe bateekemu sente.

(2) Abantu batera okwagala okuteeka sente mu mirimu egimanyiddwa obulungi, okusinga okuziteeka mu "nsawo ey'awamu." "Newakubadde waliwo eky'amakkanisa agakolera awamu okwagala okugaba sente ezitalagiddwa kye zigenda kukola, okuteeka sente eziriko kye ziragiddwa okukola mu mulimu gw'obuweereza ogumanyiddwa kusigala nga kwe kusinga okukolebwa ku ddaala ery'ekkanisa emu" (Ibid.: 105). Eky'okuba nti abantu balina okuwa eri emirimu egimanyiddwa okwawukana n'okugaba "okw'awamu"—singa emirimu egyo girowoozebwa abantu okuba egy'omuwendo era gya mugaso—kituufu mu bibiina byonna ebiyambi, so si makkanisa gokka.

c. *Sente zonna eziweereddwa zirina okunyonnyolwa obulungi kiki kye zikoze, n'okuddizibwa amawulire agakwata ku ngeri gye zikozesebbwamu galina okuweebwa abaazitoola.* "Abantu baagala okumanya kiki sente zaabwe kye zikola. Mu ntaana enjereere, mu kunoonyereza ku Mulimu gw'Obuwanika ogw'eggwanga lyonna, 89 ku buli 100 eky'abasumba abaayanukula bakkiriza nti, 'Abantu b'ekkanisa abasinga baagala okumanya "kiki sente zaabwe kye zigula" bwe ziba zivudde mu bantu.' . . . Ebibiina ebikulu ebisinga eby'amakkanisa tebitera kuzza amawulire amajjuvu eri abantu abatoola sente olw'emirimu gy'obuweereza bwabyo. Oluusi, n'abantu b'ekkanisa ababa basabye okumanyisibwa ku mulimu ogumanyiddwa tebajja kumanyisibwa okuva ku nteekateeka eva mu ofiisi eya

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

waggulu. Obutawuliziganya obwo bukontana butereevu n'eky'abagabi b'obuyambi okwagala okumanya kiki sente ezaatoolebwa kye zikola. . . . Ne mu makkanisa agagabira emirimu egy'obuweereza obumanyiddwa, osanga waggulu w'obuwagizi obw'awamu obw'enzikiriza emu, tewali nkola nuŋŋamu ya kuzzaayo amawulire ageetaagibwa eri abantu. Sente zaatuuka? Kiki ekigenda mu maaso mu mulimu ogwo?" (Ronsvalle ne Ronsvalle 2002: 101-02, 105) Okutya enkozesa embi eya sente kuvaamu okugaba okukendedde n'okwetaba kw'abantu b'ekkanisa kubanga babuusabuusa obukulembeze bw'ekkanisa eyo. Okulaga lwatu ebifa ku sente kuyinza okuvaamu okugaba okweyongedde singa abantu balaba nti sente zaabwe zigenda kukola ku byetaago eby'amaanyi era zikozesebwa bulungi.

4. <u>Obuwanika bwa sente obulungi butegeeza nti amakkanisa (aga Afirika) gasobola okweyimirizaawo gokka era buwa amakkanisa ago amaanyi (Hussein 1998: 14-15; Hodges 1953: 67-86; laba ne Obiero 1995).</u>

a. *Okubeera nga geeyimirizaawo gokka kya mugaso kubanga:* (1) <u>Kiva mu Bayibuli</u>—amakkanisa gonna Pawulo ge yatandika geeyimirizaawo gokka okusinga okuyimirira ku buyambi okuva e Yerusaalemi oba abaminsani ab'ebweru; (2) <u>Kitegeerekeka</u>—n'amaka 10 agawa ekimu eky'ekkumi kyokka gayinza okuyimirizaawo omusumba ebiseera byonna; n'abakkiriza abaavu baalina sente okuyimirizaawo bakabona n'abalogo, okugula omwenge, n'ebirala nga tebannaba kufuuka bakkiriza; (3) <u>Obulungi bw'abantu obw'omwoyo bukyetaaga</u>—endowooza ey'okubeera n'obuvunaanyizibwa ewagira okuyiiya awamu n'emikisa egy'omwoyo; (4) <u>Abakozi ab'obuweereza obw'obudde bwonna babeera bulungi awatali kufuna buyambi buva bweru</u>—abantu b'ekkanisa lwe basinga okubeera kumpi n'omusumba, era tewali ku bo ayinza okuloopebwa olw'okubeera embega w'ensi eziweereza obuyambi; ne (5) <u>Okweyimirizaawo gokka kuggulirawo amakanisa omulyango ogw'okwegaziya okutaliiko kkomo</u>—okwesigama ku buyambi obuva ebweru kuvaamu endowooza ey'okulera obulezi engalo n'okwesigamanga ku balala, era kukomya okuyayaana kw'ekkanisa n'obusobozi bwayo okwegaziya.

b. *Okufuuka abeeyimirizaawo bokka kulimu ebintu bibiri ebijjirawo:* (1) Ekkanisa ebeera n'endowooza ey'okutandika okubuulira enjiri n'okukola obuyigirizwa (okuzaala amakkanisa amalala); ne (2) Ekkanisa esobola okwefuga yokka.

c. *Amakkanisa okufuuka ageeyimirizaawo gokka kwetaagisa nti enjigiriza entuufu ku kugaba n'okulaga enkozesa ya sente kukolebwenga ekkanisa lw'eba etandikiddwa, n'amangu ddala ng'omuntu yaakakyuuka*. Kiba kyangu okusiga emize emirungi mu muntu okusinga okugezaako okumujjamu emize emibi. Abantu abaakakyuka balina okumanya kiki ekibasuubirwamu nga tebannaba kukkirizibwa ng'abantu b'ekkanisa. Hodges agamba, "Abasumba baffe ab'Amerika eya Wakati bayigiriza abantu abaakakyuuka nti balina okuwa ebimu eby'ekkumi, wadde nga tebannaba kubatizibwa mu mazzi. Tewali muganyulo mu kukkiriza abantu abaakakyuka abatalina ekigendererwa ey'okutuukiriza obuvunaanyizibwa obw'omukristaayo owa bulijjo ng'abantu b'ekkanisa" (Hodges 1953: 80). Ennono eno egendera ddala n'okuyisa obuvunanyizibwa bw'omuntu w'ekkanisa obukwata ku sente. "Kyogeddwa nti Ekkanisa y'e Korea yeetaaga buli akyuse omuggya alina okuwangula omuntu okumuleeta eri Kristo nga ye kennyini tannaba kubatizibwa" (Ibid.: 35). Singa abakulembeze b'ekkanisa bayigiriza ne bakuza abakkiriza abaggya mu ekyo Obukristaayo n'okubeera omuntu w'ekkanisa kye bitegeeza, ne bakiteeka mu nkola bo bennyini, ne bakakasa nti kikolebwa, ekkanisa ejja kusobola okweyimirizaawo, ejja kuzaala, era ejja kusobola okwefuga yokka.

d. *Amakanisa n'obubondo bwago gayinza okutwala eddaala okutandika okweyimirizaawo gokka.* Amakkanisa gayinza okwetaba mu mirimu egivaamu sente, galeme okwesigama ku bugabirizi bw'abantu baago bwokka olw'enfuna yaago. Amakkanisa mangi galina amataka, naye tegakozesa amataka ago okugafunamu amagoba. Amakkanisa gayinza okulima ku mataka gaago ne gatunda ebirime ebiba bivudde mu nnimiro. Amakkanisa agamu gasimba emiti, egiyinza okugulibwa ab'amasanyalaze, kampuni enzimbi, oba okugikolamu amanda. Eky'okulabirako, omusumba omu ow'e Kenya yalaga nti emiti 200-250 egya kalitunsi giyinza okusimbibwa ku ttaka eriweza ika emu. Emiti egyo bwe gitundibwa, eri ewaabwe giyinza okuvaamu ensimbi eziwerera ddala siringisi 10,000 ez'ewaabwe, nga ze siringisi 250,000 eza Uganda buli gumu. Ate omusumba omu owa Uganda yageraageranya nti ensawo y'obumonde obuzungu eyinza okugula siringi 120,000 eza Uganda. Kale, ika y'ettaka nga esimbiddwamu obumonde obuzungu eyinza okuvaamu ensimbi eziwerera ddala wakati w'obukadde 5 ne 10 eza Uganda. Eby'obugagga ebyo (n'enfuna) biyinza okuzzibwa obuggya. E Kenya eriyo obusumba obwatandika okulunda embizzi, kati Omulabirizi waabwe ayagala buli busumba bubeere n'ente yaabwo. Amakkanisa gayinza

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

okufuna sente okuva ku bantu abaagala okukola embaga mu bizimbe byago olw'okukozesa ebizimbe byago, amasanyalaze, n'ebirala. Amakkanisa agamu galina obuweereza obw'okufumba emmere oba ennyumba z'abagenyi ezivaamu sente. Amakubo agayinza okuvaamu sente mangi ddala era tegalina kkomo, okusinziira ku kulowooza kw'abakulembeze n'ebintu bye bayinza okukozesa. Wabula, bulijjo kiteekwa okujjukirwa nti ekigendererwa ky'omulimu ogw'okukola sente kuyamba obuweereza bw'ekkanisa okugenda mu maaso n'ekiruubirirwa kyayo. Okukola sente tekuteekwa kufuuka omulimu gw'ekkanisa omukulu, oba okunafuya obubaka bw'ekkanisa obusooka n'ekigendererwa kyayo.

## III. Obuvunaanyizibwa bw'Ekkanisa eri Abaavu n'Abali mu Bwetaavu

**A.** ***Mu Bayibuli yonna okufa ku baavu n'abali mu bwetaavu kukkaatirizibwa***

1. Ekkanisa erina okuyamba abakkiriza abaavu n'abali mu bwetaavu (**Bar 12:13; 15:25-27; 1 Kol 16:1-4; 2 Kol 8-9; Yak 2:14-18; 1 Yok 3:17-18).**

2. Era ekkanisa erina okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu okutwaliza awamu (**Kuv 23:10-11; Leev 19: 9-10; Ma 15:11; 24: 19-21; Zab 41:1; 112:5-6; Nge 14:21; 19:17; 22: 9, 22; 31:20; Isa 58:6-7; Ezek 16:49; Mat 25:31-46; Mak 10:21; Luk 3:10-11; Bar 12:20; Bag 2:10; Bef 4:28; Yak 1:27).**

**B.** ***Ekitundu ekikulu eky'ebyawandiikibwa ekyogera mu bujjuvu ku ngeri ekkanisa gy'erina okuyambamu abaavu n'abali mu bwetaavu ye 1 Tim 5:3-16***

*3 Obawenga ekitiibwa bannamwandu ababa bannamwandu ddala; 4 naye nnamwandu yenna bw'aba n'abaana n'abazzukulu, basookenga okuyiga okwegendereza eri ab'omu nnyumba zaabwe, n'okusasula bakadde baabwe; kubanga ekyo kye kikkirizibwa mu maaso ga Katonda. 5 Naye abeera nnamwandu ddala n'alekebwa yekka, asuubira Katonda, n'anyiikiranga okusaba n'okwegayiriranga emisana n'ekiro. 6 Naye oyo awoomerwa ebinyumu ng'afudde newakubadde ng'akyali. 7 Era n'ebyo obalagire, balemenga okubaako eky'okunenyezebwa. 8 Naye omuntu yenna bw'atajjanjaba babe, n'okusinga ab'omu nnyumba ye, nga yeegaanyi okukkiriza, era nga ye mubi okusinga atakkiriza. 9 Nnamwandu yenna tawandiikibwanga nga tannatuusa myaka nkaaga, eyafumbirwa omusajja omu, 10 asiimibwa mu bikolwa ebirungi; oba nga yaleranga abaana, oba nga yayanirizanga abagenyi, oba nga yanaazanga abatukuvu ebigere, oba nga yabeeranga ababonaabona, oba nga yagobereranga nnyo buli kikolwa ekirungi. 11 Naye bannamwandu abakyali abato obagaanenga; kubanga bwe balikabawala eri Kristo, nga baagala okufumbirwa, 12 nga bazza omusango kubanga basuula okukkiriza kwabwe okw'olubereberye. 13 Era ate bayiga okubeeranga abagayaavu, nga batambulatambula okubuna amayumba; nga tebagayaala bugayaazi, era naye balina olugambo n'akajanja, nga boogera ebitasaana. 14 Kyenva njagala abakyali abato bafumbirwenga, bazaalenga abaana, bafugenga ennyumba, balemenga okuwa omulabe ebbanga w'ayima okuvuma; 15 kubanga walio kaakano abakyuka okugoberera Setaani. 16 Omukazi yenna akkiriza bw'abanga ne bannamwandu, abayambenga, era ekkanisa eremenga okuzitoowererwa, eryoke eyambenga bannamwandu ddala ddala.*

**C.** ***Pawulo ateesa ku nnono ez'enjawulo eziraga ani ekkanisa gw'erina okuyamba***

1. Mu mwaliro gw'ebyawandikibwa bino *"okuwa ekitiibwa"* bannamwandu kwogera ku *buyambi obw'ebintu* obuweebwa bannamwandu abali mu bwetaavu (laba **1 Tim 5:4, 8, 17-18**).

2. Bannamwandu baali abantu abaasinganga okukosebwa n'okwesigamanga ku bantu abalala mu biseera eby'edda kubanga okutwaliza awamu baali bayimiridde ku babbaabwe.

3. Ebyawandiikibwa bino biwa *kyakulabirako* eky'obuyambi obuweebwa ekibinja kimu eky'abantu abali mu bwetaavu. Pawulo atuwa enyinyonnyola esinga okuba enzijuvu ey'ennono ey'awamu eteekeddwa mu **Yak 1:27**, *"Eddiini ennongoofu eteriimu kko mu maaso ga Katonda Kitaffe ye eno, okulambulanga abafuuzi ne bannamwandu mu bunaku bwabwe, n'okwekuumanga obutaba na mabala ag'oku nsi."* Eky'okuba nti Pawulo okujuliza mu **5:3-16** ku "bannamwandu" kyakulabirako ky'ebika by'abantu abali mu bwetaavu ekkanisa berina okuyamba kirabibwa mu **5:4** ekitegeeza "abazadde," ne mu **5:8** ekitegeeza omuntu ng'alabirira "ababe." Ensonga zombi zigaziya omusingi gw'okuyamba abali mu bwetaavu okusukka "bannamwandu." Ennono Pawulo zaayogerako ziyinza okukozesebwa ne ku bibinja ebirala eby'abantu abali mu bwetaavu, katugambe ng'abasajja abakadde n'abakazi abakadde; abantu abatalina mirimu; bamulekwa; abalwadde b'emitwe, n'abalala.

4. Ebyawandiikibwa bino birimu obutundutundu obuzimbi butaano obwesigamizibwa ku njawulo wakati wa b'ani ekkanisa b'eteekeddwa okuyamba n'abo beeteteekeddwa kuyamba, nga wano wammanga:

a. *Obawenga ekitiibwa bannamwandu ababa bannamwandu ddala (**5:3**)*— naye abo abalina

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

ab'omu nju balabirirwenga ab'omu nju zaabwe (**5:4**).
b. *Nnamwandu owa ddala y'oyo alekeddwa yekka, asuubira Katonda, n'anyiikiranga okusaba Katonda (5:5)*—naye abo ababeera mu binyumu bafu (**5:6**).
c. *Era n'ebyo obalagire, balemenga okubaako eky'okunenyezebwa (5:7)*—Naye omuntu yenna bw'atajjanjaba ab'omu nnyumba ye, nga yeegaanyi okukkiriza, era nga ye mubi okusinga atakkiriza (**5:8**).
d. *Bannamwandu abatya Katonda abali mu myaka egitakka wansi wa 60 bateekebwe ku lukalala (**5:9-10**)*—naye totekanga bannamwandu abato ku lukalala kubanga basuubirwa okufumbirwa ne bafuuka abagayaavu (**5:11-13**).
e. *Obufunze:* bannamwandu abato baddemu okufumbirwa (**5:14-15**); abo abalina ab'ennyumba zaabwe bafune obuyambi okuva gye bali (**5:16a**)—naye ekkanisa erina okulabirira bannamwandu "ddala" (**5:16b**).

5. <u>Ebyawandiikibwa byogera ku bika bisatu eby'abantu, ebiteekeddwako akakomera ku buli nkomerero n'ensonga y'okulabiriranga ababa "bannamwandu ddala," nga wano wammanga:</u>

**5:3**—*Okuyambanga "bannamwandu ddala"*

**5:4, 7-8, 16a**—Obuvunaanyizibwa bw'ab'omu nnyumba eri bannamwandu
**5:5, 9-10**—"Bannamwandu ddala"
**5:6, 11-15**—Bannamwandu abato abawoomerwa ebinyuumu

**5:16b**—*Ekkanisa ejja kuyamba "bannamwandu ddala"*

6. <u>Okuva mu byawandikibwa bino, tulaba ennono bbiri:</u>
a. *Lowooza ku kyetaago ky'omuntu*. Omuntu oyo anoonya obuyambi "ddala ali mu bwetaavu," oba ayinza okuyambibwa okuyita mu nju ye oba mu makubo amalala (nga obuyambi obuva mu gavumenti, ebibiina ebiyamba abantu okweteekateekera ebizibu, sente eziweebwa abavudde ku mirimu, eby'obusika, oba ensibuko endala ez'obuyambi)?
b. *Lowooza ku ndowooza y'omuntu oyo, enneeyisa ye, oba engeri y'obulamu bwe.*
(1) <u>Omuntu oyo muwombeefu oba wa malala?</u> Omuntu oyo ateekateeka oba agenda mu maaso n'okubeera mu bulamu obw'ekibi oba nedda? Omuntu oyo yeesiga Katonda oba nedda?
(2) <u>Abantu bangi abajja mu kkanisa okunoonya obuyambi si Bakristaayo era bayinza okuba n'obulamu obujjulidde ddala ebibi.</u> Singa abantu ng'abo bajja mu kkanisa n'obuwombeefu, ekkanisa eyinza okugezaako okubayamba. Mu kubayamba waliwo ekkubo eriggulwawo ery'okubabuulira ku Kristo.

**D.** ***Ebirowoozo ebirala ebikwata ku 1 Tim 5:3-16 n'okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu***

1. <u>Ekyetaago ekya</u> <u>"okubeera ow'emyaka 60" si "tteeka" erikola ku bonna.</u> Amakkanisa mangi kino gakikozesezaawo nga bwe kiri, ng'ekiragiro eri amakanisa gonna olwaleero:
a. *Okutegeera omwaliro gw'ebyafaayo n'ogw'obuwangwa bino mwe byawandiikirwa kituwa ekifaananyi ekirungi ekisingako.* Enkaaga gy'egyali emyaka egimanyiddwa mu nsi ey'edda omuntu mwe yalowoozebwanga okuba "omukadde" (Knight 1992: 223). Enkaaga "osanga giraga emyaka egyali gisinga okuba egya waggulu mu nsi ey'edda abantu mwe baasuubirwanga okwekolera n'okwegabirira" (Blomberg 1999: 209). Mu mulembe ogwasooka wansi wa 4 ku buli 100 ku bakazi baatuukanga ku myaka 50 (Lysaught 2005: 67n.18). Be baali abantu abaasinganga okutwalibwa ng'abalina omugaso omutono, era baalina ebikozesebwa bitono eby'okuyimirirako.
b. *Okwawukana n'ekyo, olwaleero, waakiri mu nsi z'Abazungu ezisinga, omuntu ow'emyaka 60 talowoozebwa kuba "mukadde," era waliwo ebintu bingi ebiva eri gavumenti n'ensibuko endala ebikozesebwa olw'okulabirira abakadde.* N'olw'ekyo, ekyetaago ekya "obukadde obw'emyaka enkaaga" kyategeeza kintu kirala nnyo mu buwangwa bwa Pawulo okuva ku kutegeera kwakyo mu buwangwa bungi olwaleero.
c. *Ekirala, omwaliro ogw'empandiika ogw'ekitundu ekisigadde ekya bayibuli tegulaga nti oba ennamba enkaaga, oba emyaka enkaaga egy'obukadde, girina amakulu ge gikola* (naye geraageranya, **Leev 27:1-7** awaali ekipimo eky'omuwendo ogw'okununula abantu abaali bakoze ebirayiro ebizibu; omuwendo ogwo gwakka wansi okutuuka ku myaka nkaaga egy'obukadde). Ebyo biraga nti ekyetaago eky'emyaka 60 tekyetaaga kukozesebwa ku bonna nga "etteeka," naye kiyinza okukyusibwamu okusinziira ku mbeera.

2. <u>Kisoboka nti</u> <u>"olukalala" olwogeddwako mu **1 Tim 5:9** lwogera ku bannamwandu abaali bawandiikiddwa mu buweereza obutongole mwe baali baweereza olw'okufuna obuyambi okuva eri ekkanisa.</u>
a. *Abantu bangi bakkiriza nti "olukalala"bannamwandu lwe baawandiikibwamu (**1 Tim 5:9**) lwandiba "nteekateeka oba ofiisi"bannamwandu mwe baali beewandiisizza era mwe baaweerwa emirimu egikwata ku kusaba mu kanisa n'obuweereza obw'okuyambanga*

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

*abaavu n'abali mu bwetaavu mu kuwaanyisa n'okubeera nga bayambibwa ekkanisa.* Ekyo bwe kiri kubanga ebyetaago mu **5:9-10** si bye bimu n'ebiri mu **5:5**, ebisaanyizo ebyogeddwako mu **5:9-10** bifaanana n'eby'o ebirala ebiri mu buweereza bw'ekkanisa obutongole (laba **1 Tim 3:1-13**). Mazima, ekkanisa mu mirembe egy'oluvanyuma yakolawo enteekateeka ey'ekika ekyo ng'esinziira ku byawandiikibwa ebyo. "Enteekateeka eri bannamwandu yagenda mu maaso okutuusa mu mulembe ogw'okuna. Naye nga ofiisi y'abaweereza yagenda yeeyongera okubeera buli wamu mu bitundu eby'enjawulo eby'Obukristaayo Obuyonaani n'Obulatini, ng'ekintu ekivudde mu **5:3-10**. Abakulembeze abakazi baalabika okusaanira bulungi obuweereza obw'okusaba n'obw'emikono, omwali obwo abasajja mwe baali tebasaanidde kuweereza—naddala ng'okubuulirira, okukyala, okuyigiriza oba okubatiza abakazi abalala." (Blomberg 1999: 209)

b. *Newakubadde ebiwandiiko tebitusaba kuwa enyinyonnyola eyo, naye kubanga edda ekkanisa yakozesa abakazi mu buweereza mu kuwaanyisa n'obuyambi obw'ebintu obwabaweebwanga, ekkanisa n'olwaleero esaanidde okukola ekintu ng'ekyo.* Abantu abakadde balina obumanyirivu bungi n'amagezi agasaanidde era agayinza okukozesebwa mu kuzimba ebitundu ebisigadde eby'omubiri gwa Kristo.

3. <u>Ekkanisa esaana egezeeko okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu okufuuka abantu abeeyimirizaawo bokka.</u>

a. *Abantu abasinga abali mu bwetaavu basobola okweyimirizaawo bokka okusinga okubeera abasabiriza.* Ekkanisa esobola okubayamba okufuuka abantu abeeyimirizaawo bokka. Amagezi agaweebwa ku kino galimu:

(1) <u>Okuwola abantu abali mu bwetaavu basobole okutandikawo obulimu obutonotono.</u> Ekyo kyetaagisa abantu abawolebwa okubeera n'emirimu egimanyiddwa obulungi, egikkiriziganyiziddwako. Kijja n'okwetaagisa okulondoolanga okulaba engeri emirimu gye gitambulamu n'okulaga enkozesa ya sente mu mirimu egyo. Ekizibu kimu kitera kuba kya mabanja agatasasulwa.

(2) <u>Okuwa abali mu bwetaavu omulimu.</u> Kino kijja kwetaagisa okumanya ani mu bantu bo ayinza okuba n'omulimu, ayagala obuyambi obw'awaka, ekitegeeza ayinza okuwa omuntu omulimu. Ekkanisa ku bwayo eyinza okusasula abantu okuyonja ekizimbe n'awalala aweetaaga okuyonja, oba okukolera ekkanisa omulimu omulala gwonna. Endowooza eya "enteekateeka ku lwa bannamwandu" ndowooza ndala.

(3) <u>Okuwa obuyambi obutali bwa sente.</u> Ekkanisa eyinza okuba "eggwanika" nga yeekaalu ey'edda bwe yali (laba **Mal 3:10**), ery'engoye, emmere eteyonooneka, oba ebintu ebirala ebyetaagibwa abantu. Ekirala, ekkanisa erina okumanya bantu ki abayinza okuwa abali mu bwetaavu emmere, engoye, oba ebintu ebirala. Ekkanisa emu ey'Ekkung'aniro lya Katonda erya Pentekoote mu Uganda yalina bannamwandu 43. Mu kifo ky'okubawa sente, yabagulira embuzi. Oluvanyuma lw'emyaka ebiri, embuzi 43 zaali zifuuse 281. Bannamwandu abo baasobola okweyimirizaawo bokka: baalina amata, baatunda embuzi ezo ne bafuna sente, abamu ku bo baagula ente oluvanyuma lw'okusuubula oba okutunda ku mbuzi zaabwe. Ekyavaamu, bannamwandu beeyongera okusembezebwa eri ekkanisa era bangi baasobola okubeera "abasabi abazira" abeesigwa era abagabi abaddiza ekkanisa.

b. *Ekkanisa erina okumanya ensibuko endala ez'obuyambi eziri mu kitundu kyayo.* Ekkanisa terina busobozi bwa kuwa abantu byonna bye beetaaga. Wabula, eyinza okukwatagana ne, oba okulagiriza abantu abali mu bwetaavu eri, ebibiina ebirala ebiyinza okuwa obuyambi ekkanisa bw'etesobola kuwa.

(1) <u>Ensibuko endala ez'obuyambi obw'ebintu zirimu:</u> ebitongole ebya gavumenti; Ebibiina bi nakyewa; Ebibiina ebiyambi eby'Ekikristaayo.

(2) <u>Amakanisa agali awamu mu bibiina eby'enjawulo galina obuyambi n'ebitongole ebikola ku bulungi bw'abantu.</u> Ekkanisa ya Angilikani erina "Obwegassi bwa Bamaama." Ekkuŋŋaniro lya Katonda erya Pentekoote mu Uganda lirina "Ekitongole Ekiteesiteesi eky'Enkulaakulana y'Ekkuŋŋaniro lya Katonda erya Pentekoote." Amakkanisa ag'enjawulo, n'amalala okuva mu bubondo obw'enjawulo, geetaaga okukolera awamu okusobola okusisinkana ebizibu by'ebitundu byago. Okukola ekyo nakwo kwaliraze obumu, obubaka obukulu era ekigendererwa eky'ekkanisa.

c. *Amakkanisa ag'enjawulo, n'amalala agava mu bubondo obw'enjawulo, geetaaga okukolera awamu okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu.*

(1) <u>Amakkanisa mangi go ku bwago maavu.</u> Naye, amakkanisa ag'enjawulo bwe

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

gakolera awamu ne gaba nga gagatta amaanyi gaago n'ebyeyambisibwa byago wamu, ebirungi bingi biyinza okutuukibwako ekkanisa emu by'etaalisobodde kutuukako. Okukolera awamu nakwo kuyamba okwewala okuddiŋŋana kw'ebyo ebikoleddwa awalala n'amaanyi.

(2) Obwetaavu bw'amakanisa okukolera wamu kwa mugaso nnyo mu mbeera nyingi. Eky'okulabirako, abantu bwe bakyuka okuva ku Buisiraamu, bayinza okugaanibwa oba okutiisibwatiisibwa ab'ennyumba zaabwe oba abali mu bitundu mwe babeera. Amakanisa galina okuba ameetegefu okuwa abantu ng'abo emmere, engoye, aw'okusula, sente, obuyigirize, n'emirimu. Bwe tukola ekyo, tulaga okwagala kwa Kristo n'amaanyi ge; bwe tutakikola, tulaga nti, okwawukana n'abasiraamu abawa abantu abakyuse ebintu ebyo, okukkiriza kwaffe kufu (**Yak 2:14-26**).

**E.** ***Ebiva mu kanisa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwayo obw'okulabirira abaavu n'abali mu bwetaavu***

1. Ekkanisa bwetuukiriza obuvunaanyizibwa bwayo obw'okulabirira abaavu n'abali mu bwetaavu okutwaliza awamu:

a. Katonda asanyuka, kubanga okulabirira abaavu n'abali mu bwetaavu kitundu ku kikula kyennyini eky'eddiini ey'amazima, ngeri ya buweereza obwenkana ne ssaddaaka ey'Endagaano Enkadde eyaweebwanga Katonda n'ekkanisa eba eyolesa okukkiriza kwayo mu Yesu Kristo, **(2 Kol 9:1, 12-13; Baf 4:18; Beb 13:16; Yak 1:27; 2:14-18; 1 Yok 3:17-18).**

b. Katonda atugabirira singa tumutwala okuba namba emu era ne tuba abeesigwa **(Zab 41:1-3**
**Nge 3:9-10; 11:24-25; 28:27; Mal 3:8-12; Mat 6:33; Mak 10:28-31; Luk 6:38; Bag 6:6-7; 2 Kol 9:6-11;** laba ne **Nge 22:16, 22-23).**

2. Bwe tulabirira abakkiriza abaavu n'abali mu bwetaavu:

a. Tetujja kuswala olw'okulemererwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaffe (**2 Kol 9:1-4**);

b. Okwebaza, okutendereza, n'ekitiibwa kya Katonda bijja kubaawo (**2 Kol 9:11-15**).

c. Katonda awa omugabi ekisa eky'enjawulo n'essanyu (**2 Kol 8:1-2; 9:8**).

d. Okulabirira abakkiriza abaavu n'abalimu bwetaavu kuzimba ekkanisa yonna kubanga*:*

(1) Kuyamba abatukuvu mu by'omubiri ne mu by'omwoyo (**2 Kol 9:12**);

(2) Kusobozesa abatukuvu okuyambagana; ne kutondawo omwenkanonkano abakkiriza abaali abaavu mwe babeera n'ebintu bye bayinza okukozesa okuyamba abakkiriza abalala abayinza okugwa mu bwavu n'obwetaavu mu biseera eby'oluvanyuma (**2 Kol 8:13-15**);

(3) Kuyunga ekkanisa wamu (**2 Kol 9:14**);

(4) Kuluŋŋamya abatukuvu okuyambagana (**2 Kol 9:2**).

## EBITABO EBYEYAMBISIBBWA


Adeleye, Femi. *Preachers of a Different Gospel.* Kampala, Uganda: International Fellowship of Evangelical Students.

Adeyemo, Tokunboh, ed. 2006. *Africa Bible Commentary.* Nairobi, Kenya: WordAlive.

Aristides. c.124. *Apology.* Online: http://www.earlychristianwritings.com/text/aristides-kay.html.

Arthur, Kay. 1994. *How to Study Your Bible.* Eugene, OR: Harvest House.

Belleville, Linda. 1986. "'Under Law': Structural Analysis and the Pauline Concept of Law in Galatians 3:21-4:11." *Journal for the Study of the New Testament* 26: 53-78.

Betz, Hans Dieter. 1985. *2 Corinthians 8 and 9* (Hermeneia). Philadelphia: Fortress.

Blanchard, Kenneth, and Spencer Johnson. 1982. *The One Minute Manager.* New York: William Morrow.

Blomberg, Craig. 1990. *Interpreting the Parables.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

_______. 1999. *Neither Poverty nor Riches* (NSBT 7). Nottingham, England: Apollos.

Bruenning, David. n.d. *International Pastors and Christian Leaders Seminar.* Neenah, WI: International Christian Assistance; International Children's Fund.

_______. n.d. *Successful Christian Living*. Neenah, WI: International Christian Assistance; International Children's

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

Fund, Inc.

Capps, Charles. 2008. "God's System for Your Success." Online: http://charlescapps.com/cc_1st_qutr_05.html.

Carson, D. A. 1991. *The Gospel According to John* (Pillar). Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Chapman, Gary. 1992. *The Five Love Languages.* Chicago: Northfield.

________. 2009. *The Five Love Languages Singles Edition.* Chicago: Northfield.

________. 2010. *The Five Love Languages of Teenagers.* Chicago: Northfield.

Chapman, Gary, and Ross Campbell. 1997. *The Five Love Languages of Children.* Chicago: Northfield.

Chapman, Gary, and Paul White. 2011. *The Five Love Languages of Appreciation in the Workplace.* Chicago: Northfield.

Covey, Stephen. 1989. *The 7 Habits of Highly Effective People.* New York: Fireside.

Danker, Frederick, ed. 2000. *A Greek-English Lexicon of the New Testament and Other Early Christian Literature.* Chicago: The University of Chicago Press.

*Didache.* c.90. Online: http://www.ccel.org/ccel/richardson/fathers.viii.i.iii.html.

Dollar, Creflo. 2008. "Your Inheritance of Wealth and Riches" (July 2008). Online: http://www.creflodollarministries.org/Public/Bible/Article.aspx?id=303.

Doriani, Daniel. 1996. *Getting the Message.* Philllipsburg, NJ: P&R.

________. 2001. *Putting the Truth to Work.* Philllipsburg, NJ: P&R.

Editorial. 2001. "The Prosperity Gospel: An *AJET* Editorial." *Africa Journal of Evangelical Theology* 20: 1-2.

Fee, Gordon. 1984. "The 'Gospel' of Prosperity—an Alien Gospel." *Reformation Today* 82: 39-43.

France, R. T. 1992. "Faith." In *Dictionary of Jesus and the Gospels,* ed. Joel Green, Scot McKnight, and I. Howard Marshall, 223-26. Downers Grove, IL: InterVarsity.

Global Handwashing Day. 2008. "Background." Online: http://www.globalhandwashingday.org/Background.asp.

Hodges, Melvin. 1953. *The Indigenous Church.* Springfield, MO: Gospel.

Hoekema, Anthony. 1986. *Created in God's Image.* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Hummel, Charles. 1967. *Tyranny of the Urgent.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Hurowitz, Victor. 2002. "*akl* in Malachi 3:11—Caterpillar." *Journal of Biblical Literature* 121: 327-336.

Hussein, Bedru. 1998. *Stewardship in the Self-Supporting Church.* Mwanza, Tanzania: Inland.

Irenaeus. c.175-180. *Against Heresies.* Online: http://www.ccel.org/ccel/schaff/anf01.ix.vi.xiv.html.

Jamieson, Robert, A. R. Fausset, and David Brown. 1961. *Commentary on the Whole Bible.* Grand Rapids, MI: Zondervan.

Johnson, Dennis. 2007. *Him We Proclaim.* Phillipsburg, NJ: P&R.

Julian the Apostate. c.360-363. *Letter to Arsacius.* Online: http://www.thenagain.info/Classes/Sources/Julian.html.

Justin Martyr. c.150-155. *First Apology.* Online: http://www.ccel.org/ccel/richardson/fathers.x.ii.iii.html.

Kenneth Copeland Ministries. 2008. "Finances: Foundational Teachings." Online: http://www.kcm.org/real/index.php?p=finances_teachings_01.

Knight III, George. 1992. *The Pastoral Epistles* (NIGTC). Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

Koukl, Gregory. 2001. *Never Read a Bible Verse.* Online: http://www.str.org/site/News2?page=NewsArticle&id=5466.

Lakein, Alan. 1989. *How to Get Control of Your Time and Your Life.* New York: Signet.

Lehrer, Steve. 2006. *New Covenant Theology: Questions Answered.* Steve Lehrer.

Lewis, C. S. 1980. *The Weight of Glory.* New York: Macmillan.

Lucian of Samosata. c.165. *Death of Peregrinus.* Online: http://www.tertullian.org/rpearse/lucian/peregrinus.htm.

Lysaught, M. Therese. 2005. "Practicing the Order of Widows: A New Call for an Old Vocation." *Christian Bioethics* 11: 51-68.

MacDonald, William. 1975. *True Discipleship.* Kansas City, KS: Walterick.

Mathetes. c.130-200. *Epistle to Diognetus.* Online: http://www.earlychristianwritings.com/text/diognetus-roberts.html.

Ngundu, Onesimus. 2006. "Revelation." In *Africa Bible Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 1543-79. Nairobi: WordAlive.

Obiero, Daniel Oguso. 1995. *Christian Giving.* Nairobi: O.A.I.C./T.E.E.

"Pallisa District sets penalties to fight cholera spread." 2008, June 26. *Daily Monitor*. 12.

Peck, John, and Charles Strohmer. 2000. *Uncommon Sense.* Sevierville, TN: The Wise Press.

Piper, John. 2003. *Let the Nations Be Glad!,* 2nd ed. Grand Rapids, MI: Baker Academic.

________. 2007. "Prosperity Preaching: Deceitful and Deadly." Online: http://www.desiringgod.org/ResourceLibrary/TasteAndSee/ByDate/2007/1993_Prosperity_Preaching_Deceitful_and_Deadly/.

________. 2009. *Finally Alive.* Geanies House, Fearn, Ross-shire, Scotland: Christian Focus.

Rayburn, Robert. 1989. "Hebrews." In *Evangelical Commentary on the Bible,* ed. Walter Elwell, 1124-49. Grand Rapids, MI: Baker.

Ronsvalle, John, and Sylvia Ronsvalle. 2002. *The State of Church Giving Through 2000,* 12th ed. Champaign, IL: empty tomb, inc. Online: http://www.emptytomb.org/scg002Sol.pdf.

________. 2005. *The State of Church Giving Through 2003,* 15th ed. Champaign, IL: empty tomb, inc. Online: http://www.emptytomb.org/SCG03Priorities.pdf.

Sarles, Ken. 1986. "A Theological Evaluation of the Prosperity Gospel." *Bibliotheca Sacra* 143: 329-52.

Schaeffer, Francis. 1982. *The Complete Works of Francis A. Schaeffer.* 5 vols. Westchester, IL: Crossway.

Schowalter, Daniel. 1993. "Faith." In *The Oxford Companion to the Bible,* ed. Bruce Metzger and Michael Coogan, 222-23. New York: Oxford University Press.

Tertullian. c.197-200. *Apology.* Online: http://www.earlychristianwritings.com/text/tertullian01.html.

Theroux, Paul. 2003. *Dark Star Safari.* Boston: Houghton Mifflin.

Travis, Stephen. 1982. *I Believe in the Second Coming of Jesus.* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Trench, Richard. 1989 (reprint). *Synonyms of the New Testament.* Grand Rapids, MI: Baker. Online: http://faculty.gordon.edu/hu/bi/Ted_Hildebrandt/New_Testament_Greek/Text/Trench-Synonyms.pdf.

Willard, Dallas. 1997. *The Divine Conspiracy.* New York: HarperSanFrancisco.

Wolvaardt, Bennie. 2005. *How to Interpret the Bible: A Do-It-Yourself Manual.* London: Veritas College.

Zodhiates, Spiros. 1993. *The Complete Word Study Dictionary: New Testament,* rev. ed. Chattanooga, TN: AMG.
.

Copyright © by Jonathan Menn 2008-2016. All rights reserved.

**OMUWANDIISI**



Jonathan Menn abeera mu Appleton, WI, Amerika. Yafuna diguli ya B.A. mu by'obufuzi okuva mu Yunivasite y'e Wisconsin-Madison, n'ebitiibwa, mu 1974, era n'ayingizibwa mu kibiina ky'ekitiibwa ekya Phi Beta Kappa. Oluvannyuma yafuna diguli ya J.D. okuva mu Cornell Law School, magna cum laude, mu 1977, era n'ayingizibwa mu kibiina kya Order of the Coif legal honor society. Emyaka 28 egyaddirira yagimala ng'akola mu by'amateeka, nga munnamateeka w'emisango gy'amateeka, mu Chicago n'oluvannyuma ng'omukwanaganya mu Menn Law Firm e Appleton, WI. Yafuuka omukkiriza era omugoberezi wa Yesu Kristo mu 1982. Okwagala okweyongera mu by'okutegera katonda n'obuweereza kwamuviirako okusoma Master of Divinity mu Trinity Evangelical Divinity School e Deerfield, IL. Yafuna diguli ye eya M.Div. okuva mu TEDS, summa cum laude, mu May 2007. Wakati wa 2007-2013 yali Dayirekita wa Equipping Pastors International mu buva njuba bwa Africa. Kati Jonathan ye Dayirekita wa Equipping church leaders-East Africa (www.eclea.net). Ebiwandiiko bye ebingi eby'okusomesa ku nsonga za Bayibuli bisangibwa ku mukutu gwa www.eclea.net. Jonathan oyinza okumutuukirira ku: jonathanmenn@yahoo.com.